*158. N'olw'okwogera kwabwe nti: Mazima twatta Masihi, 'Isa, mutabani wa Maryamu Omubaka wa Allah; songa tebaamutta, wadde tebaamuttira ku musaalaba, wabula yafaananyirizibwa bufaananyirizibwa gye bali ng'afudde. Era ddala abo abatakkiriziganya ku kyo, mazima bali mu kubuusabuusa ku kyo. Tebalina kye bakimanyiiko, okuggyako okugoberera okuteebereza kwokka, naye nga mu butuufu tebaamutta,

*159. Wabula Allah yamugulumiza gy'ali. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

يَسْعَلُكَ آهُلُ الْكِتْبِ آنْ تُنَزِّلُ عَلَيْهِمْ كِتْبًا مِّنَ السَّمَاءِ فَقَدْ سَاكُوا مُوْلِّيَ اكْبَرُمِنْ ذَلِكَ فَقَالُوْآارِنَا اللّهَ جَهْرَةً فَاخَذَ تُهُمُ الصِّعِقَةُ بِظُلْمِهِمْ مَثْمَّةً اتَّخَذُوا الْعِجْلَ مِنْ بَعْدِمَا جَاءَ تُهُمُ الْبَيِّنْكُ فَعَفَوْنَا عَنْ ذَلِكَ مَوَاتَيْنَا مُوسِى مُلْطِنًا مُّهِينًا آهِ

وَرَفَعْنَافَوْ قَهُمُ الطُّوْرَبِمِيْ تَا قِهِمْ

وَ قُلْنَا لَهُمُ ادْخُلُواالْبَابِ سُجَّدًا

وَ قُلْنَا لَهُمْ لَا تَعْدُوْا فِ السَّبْتِ وَ
وَقُلْنَا لَهُمْ لَا تَعْدُوْا فِ السَّبْتِ وَ
احَدْنَا مِنْهُ مُ مِّيْنَا قَهُمْ وَكُفْرِهِمُ
فَيمَا نَقْضِهِمْ مِيْنَا قَهُمْ وَكُفْرِهِمُ
عِلْيُوسُ اللّهِ وَ قَتْرُهِمُ الْأَنْبِينَآءَ بِغَيْرِ
عِلْيُوسُ اللّهِ وَ قَتْرُهِمُ الْأَنْبِينَآءً بِغَيْرِ
عَقَرَّ قَوْلِهِمُ قُلُو بُنَاعُلْفُ وَمِنُونَ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ وَعَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ وَعَلَيْهُ اللّهُ وَعَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ وَعَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ وَعَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَعَلَيْهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللللّهُ الللللّهُ الللّهُ اللللللّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ ال

وَّ بِكُفْرِهِمْ وَ قَوْلِهِمْ عَلَى مَرْيَـمَ بُهْتَا لُّا عَظِيْمًا ۞

وَّ قَوْلِهِمْ رَبَّا قَتَلْنَا الْمَسِيْحَ عِيْسَى
ابْنَ مُرْيَمَ رَسُولَ اللهِ وَمَا قَتَلُوهُ وَ
ابْنَ مُرْيَمَ رَسُولَ اللهِ وَمَا قَتَلُوهُ وَ
مَا صَلَبُوهُ وَلَكِنْ شُتِهَ لَهُمْ وَ إِنَّ
الَّذِيْنَ اخْتَلَفُوا نِيْهِ لِفِيْ شَلْقٍ يِتْنَهُ اللهُ مَا نَصَلَهُ عِنْهُ وَلَا التَّبَاعَ الظَّيِّ وَ مَا فَتَلُهُ هُ مَا لَكُهُ مُ بِهِ مِنْ عِلْمِ اللهِ التِّبَاعَ الظَّيِّ وَ مَا لَكُمُ مُنِهُ مِنْ عِلْمِ اللهِ التِّبَاعَ الظَّيِّ وَ مَا فَتَلُهُ هُ لَهُ مُنْ عَلْمُ اللهِ الْمَا الْمُلْقِ وَلَيْهِ اللهِ الْمُنْ اللهُ الْمَا عَلَيْهُ اللهُ الْمَا عَلَيْهُ اللهُ الْمَالِقُ الْمُنْ الْمُنْ اللهُ الْمُنْ اللّهُ اللّ

بَـُلدَّ فَحَـهُ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهِ عِنْ كَانَ اللَّهُ عَزِيرًا اللَّهُ عَزِيرًا اللَّهُ عَزِيرًا المَّامَ

4:158,159. Aya eno okussa essira ku kwoleka nti Abayudaaya baalemwa okutemula Nabbi 'Isa (a.s.) n'okumuttira ku musaalaba, kitegeeza bulungi nti wano Allah asambajja okwewaana kwabwe bwe baagamba nti: Mazima twatta Masihi 'Isa mutabani wa Maryamu, Omubaka wa Allah. Kur'āni Entukuvu egaanira ddala okwewaana kuno nga eggumiza nti mu byonna ebyatuuka ku 'Isa (a.s), eky'Abayudaaya okumutta tekyalimu; era y'ensonga lwaki Aya eno efundikira

n'ebigambo ebigamba nti'...naye mu butuufu tebaamutta'. Mu kigambo 'wamaa swalabuuhu'('5)ekigaanibwa si kuwanikibwa kwa Yesu ku musaalaba oba okumubambako, wabula kuttirwa ku gwo; kubanga singa aba yattirwa ku gwo, olwo Abayudaaya baba batuufu mu kwewaana kwabwe olw'okuba nti be baasala olukwe olwamutuusa ku musaalaba. N'olwekyo oyo agamba nti 'Isa(a.s) yafiira ku musaalaba, aba awagira kwewaana kw'Abayudaaya.

Ate bwe kigambibwa nti 'Isa(a.s) teyattibwa Bayudaaya, tekitegeeza nti teyafa, kubanga era omuntu bw'asimattuka olukwe lw'okumutta, tekitegeeza nti talifa. Ekigambo 'Walaakin shubbiha lahum' (كَوْمَ وَالْهُ وَالْهُ) wano kisaana kutunuulirwa n'obwegendereza. Ekigambo kino okusinziira ku ntegeka y'ebigambo nga bw'eri mu Aya eno, kidda eri 'Isa(a.s), kuba y'eyakolwako ekikolwa kino ekya 'shubbiha' (i.e.ye yennyini ye 'yafaananyirizibwa' ng'afudde). Okusinziira ku mateeka g'Oluwarabu, pronoun 'hu' oba 'huwa' eri mu kigambo 'shubbiha' (\$\frac{1}{2}\$) esaana kudda eri Nabbi 'Isa (a.s). N'olwekyo 'Isa (a.s) yennyini y'eyafaananyirizibwa eri abalabe ng'afudde, so si muntu mulala. Kino kitegeeza nti okusinziira ku mivuyo egyaliwo, Abayudaaya okugamba nti battira 'Isa (a.s) ku musaalaba, baali bateebereza buteebereza kubanga yafaananyirizibwa bufaananyirizibwa ng'afudde, naye nga ddala si bwe kyali.

Ekigambo 'shubbiha' oba 'yafaananyirizibwa' bwe kizzibbwa eri ekyafaayo ky'okuwanikibwa kwa 'Isa (a.s) ku musaalaba, kiba kitegeeza nti ab'enjuyi zombi — Abakulisitaayo n'Abayudaaya—bali mu bya kuteebereza ebitaliiko bukakafu. Abakulisitaayo abagamba nti Yesu yabafiiririra ku musaalaba, tebalina bujulizi bukakasa nti ddala yafiira ku musaalaba. N'olwekyo eddiini y'Abakulisitaayo n'eba nti etambulira ku bya kuteebereza, so si bukakafu. Ate Abayudaaya abeewaana nti batta 'Isa(a.s), nabo tebalina bujulizi bulaga nti ddala baamutta, okuggyako okuteebereza obuteebereza. Okumanya nga n'abaaliwo tebaakakasa nti 'Isa(a.s) ddala yali afiiridde ku musaalaba, baasaba Gavana Pilato akuume butiribiri 'omulambo' gwa 'Isa (a.s). Okumanya nga bo bennyini baali tebakakasa, baatuuka n'okulabula Pilato nti 'Isa(a.s) bw'aba nga mulamu, yandiddamu okulabika neyerangirira nti azuukidde! Matayo (27:63-64). Abaffe, ddala ekyo tekimala okukakasa nti 'Isa(a.s) teyafiiririra Bakulisitaayo? Ekyo kye tunnyonnyodde waggulu ky'ekyogerwako mu bigambo bya Aya eno ebigamba nti 'Wa innalladhiina...' ekitegeeza nti 'Ddala abo abatakkiriziganya ku kyo... mazima bali mu kubuusabuusa ku kyo'.

Abasiraamu bangi batwala ekigambo 'bal' (בּלּילִבּצֹּה 'pekiri mu 'Bal rafa'ahullahu ilaihi' (בּלּילִבּצֹה ')nti kiraga nti Isa teyafiira ku musaalaba wabula Allah yamusitula n'omubiri gwe mbu n'amutwala mu ggulu mu kifo ky'okumuleka afiire ku gwo. Olwo asaana kuba nga ali eyo mu bwengula n'omubiri gwe gweyalina mu kusooka! Endowooza y'Abasiraamu abo ereeta ebibuuzo ebiwerako, gamba: (a) Oba ddala 'Isa (a.s) teyawanikibwako ku musaalaba, abaffe ebyaafaayo byonna ebikwaata ku kuwanikibwa kwe ku gwo ebittottolwa Abakulisitaayo, Abayudaaya n'Abarooma nga biriko n'obujulizi, by'ebituufu oba ebigambo obugambo Abasiraamu ab'endowooza eyo bye boogera?. (b) Mu Aya eno, nga oggyeeko ekigambo 'rafa', ekitegeeza okusituka mu madaala, wa ate wekyawandiikibwa nti Allah yasitula 'Isa (a.s) n'omubiri gwe n'amutwala mu ggulu?

Mu kuddamu ekibuuzo ekisooka, Abasiraamu abagamba nti 'Isa (a.s) yasitulwa n'atwaalibwa mu ggulu, bajwetekawo ekyafaayo, kyokka nga mu kyo tebagaana kuwanikibwa ku musaalaba wabula bagamba mbu omuntu omulala y'eyawanikibwa ku gwo era mbu ku lw'ekiragiro kya Allah, malayika zaamufaananya nga 'Isa (a.s), mbu era eby'okuteebereza bikwata kw'oli eyateekebwa ku musaalaba so si 'Isa (a.s) yennyini. Kino, mu kifo ky'okugonjoola, kyongera kusajjula nsonga yaabwe, kuba tewali bujulizi bwonna okuva mu biwandiiko eby'edda, oba Kur'ani Entukuvu wadde mu Hadith entuufu eza Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) bukakasa kujweteka kwabwe kuno; okuggyako nti ate kyo kijweteka nnyo n'okusingako

*160. Era tewali n'omu mu bantu b'Ekitabo wabula *buli omu ku bo* alikkiririza mw'ekyo nga okufa kwe tekunnatuuka; naye ku lunaku lw'enkomerero '*Isa* aliba mujulizi ku

bo.

وَإِنْ مِّنْ اَهْلِ الْكِتْبِ اِلْاَلِكُؤْمِ نَنَّ بِهِ قَبْلَ مَوْتِهِ ءَوَ يَوْمَ الْقِيلُمَةِ يَكُوْنُ عَلَيْهِمْ شَهِيْدًاشَ

n'ebyabalala! Kya nnaku nnyo era kyesisiwaza ku ludda lw'abo abaayiiya okujweteka kuno, okulaba nti baagezaako okulaga Abasiraamu nti baali bategeera nnyo ebyaafa ku 'Isa (a.s) okusinga ne Allah yennyini oba ne Nabbi Omutukuvu Muhammad (a.s). Mu kuddamu ekibuuzo eky'okubiri, obunafu bwabwe bweyolekera mu kulemwa kwabwe okutegeera enkozesa y'ekigambo 'rafa' mu Kur'ani Entukuvu, Ekigambo 'rafa' mu Kur'ani Entukuvu kitegeeza 'kusitulwa' oba 'kugulumiza mu madaala' oba 'kuwa kitiibwa'. Era buli lwe kigambibwa nti 'Allah asitula' oba 'yasitula omuntu', kiba kitegeeza nti 'yamusitula' oba 'yamugulumiza mu madaala'; ekitiibwa' so si 'kumusitula 'yamuwa mu mubiri' (Soma: 2:254;6:84,166;7:177;19:58;58:12 etc). N'olw'ekyo, tekisoboka mu Aya eno ekigambo ʻrafa' kuwa makulu malala okuggyako aga ʻIsa (a.s) okusitulwa mu mwoyo. Mu Aya egamba nti Allah yagulumiza 'Isa (a.s) gy'ali (4:159) tetulabamu wagamba nti yamutwaala mu ggulu; ekitegeeza nti Allah yagulumiza 'Isa (a.s) nga akyali wano wennyini ku nsi weyali; kubanga okugamba nti Allah asitula oba agulumiza omuntu mu mubiri, kiba kikyaamu. N'ekirala, tetusaanye kwerabira nti Allah ali buli wamu, tali mu ggulu wokka. Kale nno okugulumizibwa kwa 'Isa(a.s) kwali kumutaasa kufa nga omukolimire nga afiiridde ku musaalaba. N'olwekyo mu kifo kya Allah okumuleka afiire ku nga omukolimire, nga Abayudaaya bwe baali baagala, Allah yamuwonya obuswaavu obwo n'amugulumiza mu kitiibwa n'afa enfa eya bulijjo. Y'ensonga lwaki ne Aya yennyini (4:159) efundikira nga egamba nti, 'Wa kaanallahu 'aziizan hakiiman' (كنائاكيكا) 'era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo'. Ddala kiba kuba nti Allah, mu kifo ky'okuwonya 'Isa(a.s) mu ngeri eya bulijio, ate Ye yayambaza omuntu omulala — atalina w'ayogerwako wonna mu Kur'ani wadde mu Hadith entuufu — ekifaananyi kya 'Isa(a.s) Abayudaaya nebamukomerera mu kifo kya 'Isa(a.s) bo gwe baali bavunaana; ate naddira 'Isa(a.s) n'amutwaala mu ggulu mu bubba, olwo Allah okweyita 'aziizi' (Luwangula) lwandibadde lusaago lwennyini. Abo abagamba nti Allah yasitula 'Isa (a.s) n'amutwaala mu ggulu mu butuufu baba bagamba nti Allah yatya Abayudaaya n'abbawo 'Isa(a.s) n'amutwaala mu ggulu ng'atya okwetantala ebitonde, bw'atyo n'alaga obutiitiizi; n'olwekyo si Luwangula.

4:160. Aya eno etera okutawaanya abantu abamu okugitegeera. Abayivu abamu balowooza nti Aya eno eyogera ku biseera eby'omu maaso ennyo, nga amakulu ga yo geekuusaako ku kyafaayo ky'omusaalaba nga kitwalibwa nti luliba lumu Abayudaaya bonna ne bakkiriza nti Yesu ddala yali Mubaka wa Allah. Era bagamba nti kino kiribaawo nga ne Yesu mwennyini mulamu atemya era mbu ekyo bakiggya mu bigambo 'qabla mautihi' (בּעֹל בּעָבּא), ekitegeeza 'nga okufa kwe tekunnatuuka'. Era basinziira ku kino nebagamba nti kati nga Abayudaaya bonna bwe batannaba kukkiriza nti Yesu yali Nabbi mutuufu, n'olwekyo ateekwa kuba nga akyaali mulamu. Abamu batera n'okugamba nti ebigambo 'nga okufa kwe tekunnatuuka' bikwata ku Bayudaaya abaaliwo mu mulembe gwa Yesu; amakulu nti buli omu ku bo yakkiriza Yesu awo nga asemberedde okufa. Kino nno Allah yekka y'ayinza okukiwaako obujulizi kubanga wetwoogerera kati, tewali muntu yenna alina bujulizi bwesimbu bukakasa nti ddala buli Muyudaaya eyaliwo mu kiseera ekyo, yasookanga kukakasa nti ddala Yesu Nabbi mutuufu, n'alyoka afa. Mu nkola eya bulijjo, Aya eno etera okuvvuunulwa nti '...Era tewali n'omu mu bantu b'Ekitabo wabula (buli omu ku bo) alikkiririza mw'ekyo...'. Mu Luwarabu, ekigambo 'n'omu' tekiriimu, wabula abavvuunuzi bakinyigawo bunyizi; era kiba kubaamu, olwo mu Luwarabu Aya yaalibadde bw'eti:(كَافَاكَتُو تَّفَالُولَا لَكِتُّبُ)Kati okugonza ensonga eno, mu kifo ky'abavvuunuzi okunyigangawo ekigambo 'Ahad'(كَذَا)ekitaja nawo, waakiri banyigewo ekigambo 'fariiq' (בֹוָנָה) ekitegeeza 'ekibiina; olwo amakulu ganjulukuka

C 99

161. Kale olw'obukyaamu bw'abo Abayudaaya, n'olwokuziyiza kwabwe *abantu* abangi mu kkubo lya Allah, twabaziyiza ebirongoofu ebyali bibakkiriziddwa,

162. N'olwokutwala kwabwe enkizo songa yabaziyizibwa, n'olwokulya kwabwe ebintu by'abantu mu bulimba. Era abatakkiriza mu bo twabategekera ekibonerezo ekirumya.

163. Naye abakugu mu bo mu kumanya n'abakkiriza, bo bakkiriza ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa olubereberye lwo, naddala abo abajjumbira essaala nebatoola zaka ne bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Abo tulibawa empeera ensukkirivu.

Ruku 23

164. Mazima twakubikkulira nga bwe twabikkulira Nūhu ne ba Nabbi ab'oluvannyuma lwe. Era twabikkulira Ibrāhimu, ne Ismaili, ne Isihāka, ne Ya'qūbu, n'ezadde lye ne 'Isa, ne Ayyūbu, ne Yūnusu, ne Hārūna, ne Sulaimāni, era Dāūda twamuwa Zabuli.*

165. Era Abatume abamu twabakutegeezaako olubereberye naye Abatume abalala tetwabakutegeezaako, era Allah yayogera ne Mūsa olwogera*

فَبِظُلْمِ مِّنَ الَّذِينَ هَادُوْا حَرَّمُنَا عَلَيْهِمْ طَيِّبْتِ أُحِلَّتْ لَهُمْ وَبِصَدِّهِمْ عَنْ سَبِيْلِ اللَّهِ كَيْثِيْرًا اللهِ

وَّآخَذِهِمُ الرِّبُوا وَ قَدْ نُهُوَا عَنْهُ وَ آكُلِهِمْ آمُوالُ النَّاسِ بِالْبَاطِلِ وَ آغَتَدْنَا لِلْكُفِرِيْنَ مِنْهُمْ عَذَابًا آلِنْمَاسَ

لَكِنِ الرَّاسِخُوْنَ فِي الْحِلْمِ مِنْهُمْ وَ الْمِلْمِ مِنْهُمْ وَ الْمُؤْمِنُونَ بِمَا أَنْزِلَ إِلَيْكَ وَ الْمُؤْمِنُونَ بِمَا أَنْزِلَ إِلَيْكَ وَ الْمُؤْمُونَ الْرَّكُونَ الْمُؤْمِنُونَ الصَّلُوةَ وَالْمُؤْمِنُونَ الرَّكُوةَ وَالْمُؤْمِنُونَ الصَّلُوةَ وَالْمُؤْمِنُونَ بِاللّهِ وَ الْمَيُومِ الْاَخِرِ مَ الْمِلْكَ بِاللّهِ وَ الْمَيُومِ الْاَخِرِ مَ الْمِلْكَ بِاللّهِ وَ الْمَيُومِ الْمُخْرِمُ الْمُؤْمِنَةُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ الللللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّ

وَ دُسُلُا قَدْ قَصَصْنٰهُمْ عَلَيْكَ مِنْ قَبْلُ وَدُسُلًا لَمْ نَقْصُصْهُ مْ عَلَيْكَ مُ وَكَلَّمَا لِلْهُ مُؤْلِى تَكْلِيْمًا شَ

ne gaba nti 'tewali kibiina mu bantu b'Ekitabo, wabula balimukkiriza nga okufa kwe tekunnatuuka. Kino kiba kituukagana bulungi n'ekyafaayo ekimanyiddwa nti Yesu oluvannyuma lw'okuwona okuttirwa ku musaalaba, yasengukira mu bitundu ebyalimu amawanga g'Abaisirairi agaabula olwo ne kituukirira nti yatuusa obubaka bwe ku buli ggwanga ly'Abaisirairi era nebamukkiriza. Ennyinyonnyola eno ewagirwa okulanga okuli mu Baibuli (Mat.15:24) okutegeeza nti Yesu yali ajja kulondoola amawanga gonna agaabula ag'enju ya Israili abatuuseeko obubaka bwe yajja nabwo (Mat.15:24).

^{4:164. &#}x27;Zaboor' (زَبُورًا) wano kitegeeza Ekitabo kya Baibuli ekiyitibwa Zabuli.

^{4:165.} Okusinziira ku mateeka g'Oluwarabu, ekigambo bwe kidding'anwa nga bwe kiri wano, 'kallama... takliima' (בَשُرُونَ وَكُونَ عَلَيْهُ) amakulu ga kyo gabaamu okuggumiza, okunogaanya ensonga, okwoleka omutindo ogwa waggulu mu bukugu bw'olulimi, n'okutangaaza. Era ebyo byonna biyinza okugendera awamu.

166. Abo be Batume abawi b'amawulire amalungi era abalabuzi, walyooke waleme kubaawo kwekwasa kwonna eri abantu ku Allah oluvannyuma lw'Abatume okubalabula. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

167. Naye Allah akakasa ebyo bye yassa gy'oli nti yabissa mu kumanya kwe, ne ba malayika bawa obujulizi *ku byo*. Era Allah ng'omujulizi, amala bulungi.

168. Mazima abo abatakkiriza era abeekiika mu kkubo lya Allah, mazima baabula okubula okw'ewala.

169. Mazima abo abeerema era abaalyazaamaanya, Allah tagenda kubasonyiwa wadde talibalung'amya mu kkubo,

170. Okuggyako ekkubo ly'omu muliro; omwo mwe balibeera ekiseera ekiwanvu ennyo. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

171. Abange mmwe abantu, ddala Mutume amaze okujja gye muli n'amazima agava eri Mukama wammwe; kale mukkirize, ky'ekisinga obulungi gye muli. Naye bwe muneerema, *mumanye nti* ddala ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

172. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temusukkanga kigero mu ddiini yammwe era temwogeranga ku Allah okuggyako eby'amazima. Tewali kubuusabuusa, ddala Masihi 'Isa, mutabani wa Maryamu, Mutume wa Allah era y'eyatuukiriza ekigambo kye kye yassa ku Maryamu, era kwe kusaasira okuva gy'ali. Kale mukkirize Allah n'Abatume be era temugambanga nti: Ba Katonda bali basatu. Mubonerere, ky'ekisinga obulungi gye muli. Mazima ddala Omusinzibwa Allah ali Omu yekka. Ye okuba n'omwana kiri wala nnyo n'obutuukirivu bwe, kuba byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Era Allah ng'omukuumi, amala bulungi.

رُسُلًا مُّبَشِرِينَ وَ مُنْذِرِيْنَ لِئَلًا يَكُوْنَ لِلنَّاسِ عَلَى اللهِ حُجَّةُ بَعْدَ الرُّسُلِ وَكَانَ اللهُ عَزِيزًا حَجَةً بَعْدَ الرُّسُلِ وَكَانَ اللهُ عَزِيزًا حَكِيمًا اللهِ حُجَةً بَعْدَ الرُّسُلِ وَكَانَ اللهُ عَزِيزًا حَكِيمًا اللهِ عَلَيْهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْهِ مَا اللهُ اللهُ

رائلا طَرِيقَ جَهَنَّمَ خُلِدِيْنَ فِيْهَا اَبْدَا وَكُانَ ذَٰلِكَ عَلَى اللهِ يَسِيْرًا ﴿ اللهُ عَلَى اللهِ يَسِيْرًا ﴿ الدَّسُولُ لِللَّهُ عَلَى اللهِ يَسِيْرًا ﴿ لَا لَهُ سُولُ لِللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ مَا فَى اللَّهُ مَا فَى اللَّهُ مَا فَى اللَّهُ مُؤْدُوا فَإِنَّ يِلْهِ مَا فِى السَّمَٰ وَ كَانَ اللّهُ اللَّهُ مَا مَنْ اللّهُ مَا مَنْ اللّهُ عَلَى اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ ال

آآهُلَ الْكِتْبِ لَا تَعْلُوْا فِيْ دِيْنِكُمْوَلَا تَقُولُوا عَلَى اللّهِ الْآلَا الْحَقَّ الْمَا الْمُولُ الْمَسْيَحُ عِيْسَى ابْنُ مَرْ يَسَمَرَ سُولُ الْمَسِيْحُ عِيْسَى ابْنُ مَرْ يَسَمَرَ سُولُ اللّهِ وَكُلِمَتُكُمُ الْقُلُهُ آلِلْ مَرْ يَمَرَدُوْحُ اللّهِ وَكُلِمَتُكُمُ الْقُلُو وَ رُسُلِهِ ﴿ وَلا لِللّهِ وَ رُسُلِهِ ﴿ وَلا تَتْهُوْ الْحَيْرُالِكُ وَلا يَتْهُوْ الْحَيْرُاللّهُ وَلا يَتْهُوْ الْحَيْرُاللّهُ وَلا يَتْهُوْ الْحَيْرُاللّهُ وَلا اللّهُ وَالْمَدُونِ النّهُ وَلَا يَكُو لَا لَكُولُونِ السّمَوٰ فِي اللّهُ وَلَا يَكُولُ السّمَوٰ فِي اللّهُ وَكُولُونُ اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَى اللّهُ وَلِي اللّهُ وَكُولُونُ اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَاللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ وَلَا اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَاللّهُ وَلَا اللّهُ وَاللّهُ اللّهُ اللللّهُ الللللّهُ اللللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللللّهُ الللللّهُ الللللّهُ الللللّهُ اللللللّهُ اللللللّهُ اللللللّهُ اللللللللّهُ الللللّهُ اللللللّهُ اللللللّهُ الللللللّهُ الللللللّ

Ruku 24

173. Mazima Masīhi tayinza kunyoomerera kuba muwereza wa Allah, wadde ba malayika ab'okulusegere *lwa Allah*. Era yenna anyoomerera okusinza *Allah* neyeekuza, kale *abo* bonna *Allah* alibakung'aanyiza gy'ali.

174. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, kale alibasasula empeera yaabwe mu bujjuvu era alibawa n'ennyongeza ku mikisa gye. Naye abo abanyoomerera ne beekuza, kale alibabonereza ekibonerezo ekirumya. Era tebalifunayo na mukuumi wadde omuyambi ebbali wa Allah.

175. Abange mmwe abantu, mazima mumaze okutuukibwako obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wammwe, era twassa ne gye muli obutangaavu obwetadde.

176. Naye abo abakkiriza Allah era nebanywerera ku Ye, kale mazima alibayingiza mu kusaasira n'emikisa egiva gy'ali era alibalung'amya mu kkubo eggolokofu eliraga gy'ali.

177. Bakubuuza *ebifa ku kalaala*, gamba nti: Allah y'abawa okusalawo kwe ku kalaala nti: Singa omuntu afa nga talina mwana, naye ng'alina mwannyina, kale afune kimu kya kubiri eky'ebyo *afudde* by'alese. Naye (omusajja) asikira mwannyina bw'aba nga talina mwana. Naye bannyina b'omusajja bwe baba ababiri, kale bafune bibiri bya kusatu eby'ebyo by'aleseewo. Naye ab'oluganda bwe baba nga basajja na bakazi, olwo omusajja afune kyenkanyi n'omugabo gw'abakazi ababiri. Allah abannyonnyola, muleme kuwaba. Era Allah ye Mumanyi wa buli kimu.


كَنْ يَسْتَنْكِفَ الْمَسِيْحُ آنْ يَكُوْنَ عَبْدُاتِلْهِ وَلَا الْمَلَيْحَةُ الْمُقَرَّبُوْنَ الْمَدَاتِهِ وَ وَمَنْ يَكُوْنَ مَنْ عَنْ عِبَادَتِهِ وَ وَمَنْ يَسْتَثْكِفْ عَنْ عِبَادَتِهِ وَ يَسْتَثْهُ هُ هُ هُ لِلَيْهِ يَصْمَعُ هُ هُ هُ لِلَيْهِ جَمِيْعًا اللهِ عَمْدُمُ اللهِ عَمْدُمُ اللهِ حَمِيْعًا اللهِ اللهِ عَمْدُمُ اللهِ عَمْدُمُ اللهِ عَمْدُمُ اللهِ عَمْدُمُ اللهِ عَمْدُمُ اللهُ اللهُ

فَامَّاالَّذِيْنَ الْمَنُوْاوَعَمِلُواالصَّلِحْتِ
فَيُوَقِّيْهِمُ الْجُوْرَهُمْ وَيَزِيدُهُمْ وَيَزِيدُهُمْ وَتَن فَيُوَقِيْهِمُ الْجُوْرَهُمْ وَيَزِيدُهُمُ مُتَّنَكُفُوْا وَ فَضْلِهِ * وَ امَّا الَّذِيْنَ اسْتَنْكَفُوْا وَ اسْتَكُبُرُوْا فَيُعَزِّ بُهُمْ عَذَابًا الِيمَا اللهُمَا اللهُمَا وَلِيمًا اللهُمُ وَلَا يَجِدُونَ لَهُمُ مِنْ دُونِ اللهِ وَلِيمًا اللهُمُ وَلِيمًا اللهُمُ وَلِيمًا اللهُمُ وَلَا يَجِدُونَ لَهُمُ مُتِنْ دُونِ اللهِ وَلِيمًا اللهُمُ وَلَا يَعْمُواللهُمُ اللهُمُونَ اللهُمُ اللهُمُونَ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُونَ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُونُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُونِ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُونُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُمُ اللهُمُ اللهُمُ اللهُمُونُ اللهُ

يَا يُهُا النَّاسُ قَدْ جَاءً كُمْ بُوهَاكُ قِن رَّيِكُمْ وَانْزَلْنَا إِلَيْكُمْ نُوْرًا شُيِينًا

قَامَّاالَّذِيْنَ اَمَنُوْا بِاللهِ وَاعْتَصَمُوْا بِهِ فَسَيُهُ خِلُهُ مُفِيْرَحُمَةٍ مِّنْهُ وَفَصْلِ، وَ يَهْدِيْهِ مُ الَيْهِ صِرَاطًا مُشتَقَدْمًا أَهُ

يَسْتَفْتُونَكَ، قُلِ اللهُ يُفْتِ يَكُمْ فِ
الْكُلْلَةِ، إِنِ امْرُؤُا هَلَكَ لَيْسَ لَهُ
وَلَدُّ وَلَهُ الْمَانَ لَمْ يَكُنُ لَيْسَ لَهُ
وَلَدُّ وَلَهُ الْمَانِ لَمْ يَكُنُ لَهَا وَلَهُ،
وَهُوَ يَرِ ثُهُا إِنْ لَكُمْ يَكُنُ لَهَا وَلَهُ،
وَهُو يَرِثُهُا إِنْ لَكُمْ يَكُنُ لَهُا وَلَهُ،
وَ إِنْ كَانُوا الْمُولِكُ وَ إِنْ كَانُوا الْحُوقُ وَلِمَا عَلَيْهُمَا اللهُ لَكُمْ اللهُ كَلِهُ مَلِلهُ مَظِ اللهُ لَكُمْ اللهُ لِكُلُو شَيْءً عَلِيمُ اللهُ لَكُمْ اللهُ الل







AL-MĀ'IDAH

(Yakka luvannyuma lwa Hiira)

Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

کوعاتها ۱۶

- 2. Abange mmwe abakkiriza, mutuukirizenga ebisuubizo. Mukkirizibwa okulya ebisolo eby'amagulu ana, okuggyako ebyo ebirangiriddwa gye muli nti tebikkirizibwa; wabula temukitwala nti okuyigga kukkirizibwa nga muli mu Ihrāmu. Mazima Allah alagira ky'aba ayagadde.
- 3. Abange mmwe abakkiriza, temudibaganga bintu Allah bye yatukuza* wadde Omwezi Omutukuvu oba ebisolo ebireeteddwa olw'okusaddaaka oba ebisolo bya saddaaka ebirina ebbona mu bulago oba abaluubirira eri Enju Entukuvu nga banoonya emikisa n'okusiima okuva eri Mukama waabwe. Naye bwe mweyambulanga engoye za Ihrāmu, olwo muyinza okuyigga. Era obulabe bw'abantu. olw'okuba nti baabaziyiza okugenda eri Omuzigiti Omutukuvu, tebubapikirizanga nemusukka ekigero. Era muyambaganenga bulungi n'okutya Allah, naye temuyambagananga kihi n'okulumbagana. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah mukakali mu kubonereza.
- 4. Mwaziyizibwa *okulya* kalannamye, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekiramiriziddwako elinnya ly'atali Allah, n'ekitugumbuddwa, n'ekifudde olw'okukubwa, n'ekifudde olw'okugwa, n'ekifumitiddwa ejjembe ne kifa, n'ekiririddwako ensolo enkambwe, okuggyako ekyo kye mwesalidde mu butuufu. Era muziyizibwa n'ebyo ebisaliddwa olw'ebifaananyi n'amasabo, n'okweraguza n'obusaale; ebyo *byonna* bya bujeemu. Olwa leero, abo abatakkiriza baweddemu essuubi ku kumenyawo eddiini yammwe; kale temubatya, naye mutye Nze nzekka. Olwa leero mbatuukiririzza eddiini yammwe n'embajjuuliriza ebyengera byange era mbalondedde Obusiraamu nga y'eddiini. Naye oyo awalirizibwa ku byaziyizibwa

بشم الله الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

﴿ لِمَا يُتُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوْ آارُ فُوْا بِالْحُقُودِة أجلَّتْ لَكُمْ بَهِيْ مَدُّ الْا نْعَامِ إِلَّا مَا يُتَّلَّى عَلَيْكُمْ غَيْرَمُ حِلَّى الصَّيْدِ وَٱنْتُمْ حُرُمُ و اِنَّ اللَّهُ يَحْكُمُ مَا يُرِيدُن

ذين أَمَنُهُ الآرُعِيثُهُ الشَعَالِينَ الله وكالشُّهُ الْحَدَامَوَلَا لَهُدَى وَ كُمْ شَنَّانُ قَوْمِ آنْ صَدُّوكُمْ جدالكرام آن تعتدوارو تَعَاوَنُوا عَلَى الْبِيرِ وَ التَّقُوٰى ﴿ وَلا تَعَاوَنُوْ اعَلَى الْاشْمِوَ الْعُدْوَا بِي وَاتَّقُوا الله والله الله الله الله الموقاب

حُدِّمَتْ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةُ وَالدَّمُولَاهُمُ الْخِنْزِيْرِ وَمَّا أُهِلُّ لِغَيْرِ اللهِ بِهِ وَ المُنْخَنِقَةُ وَالْمَوْ قُوْدَةً وَالْمُتَرَدِّيَةُ وَ النَّطِيْحَةُ وَمَّا آكِلَ السَّيْعُ إِلَّا مَا مْ وَمَا ذُبِحَ عَلَى النَّصُبِ وَآنَ وْ بِالْأَزْلَامِ وَ ذَٰلِكُمْ فِسْقُ وَ ئِسَ الَّذِ يُنَ كُفَّرُوْا مِنْ حِ يُنِكُمُ تَخْشَوْ هُمْرُاخْشَوْنِ ﴿ ٱلْكِوْمُ ٱكْمَلْتُ لَكُمْ وِيُنَكُمْ وَ آثْمَمْتُ عَلَيْكُمْ نِعْمَتِيْ وَرَضِيْتُ لَكُمُ الْرِسُلَا مَرِدِينًا ﴿

^{5:3. &#}x27;Ebyo Allah bye yatukuza' kitegeeza ebintu,ebiseera,ebifo oba ebitonde ebirina obulamu.

olw'enjala,nga tawugukidde eri kibi mu bugenderevu, mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

5. Bakubuuza nti biki bye bakkirizibwa okulya? Gamba nti: Mukkirizibwa ebirongoofu byonna era n'ebyo ebikwatibwa ebisolo n'ebinyonyi bye muyigirizza nga mubigunjula mu kuyigga nga mubiyigiriza kw'ebyo Allah bye yabayigiriza. Kale mulye kw'ebyo bye biba bibakwatidde, naye mukiraamiririzangako elinnya lya Allah. Era mutye Allah. Mazima Allah Mwangu nnyo mu kubala.

6. Olwa leero, mukkiriziddwa ebirongoofu byonna. N'emmere y'abo abaaweebwa Ekitabo ebakkiriziddwa, n'emmere yammwe nabo ebakkiriziddwa, n'abakazi abalongoofu mu bakkiriza, n'abakazi abalongoofu mw'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe, bwe muba nga mubawadde amahare gaabwe, nemubawasa mu bufumbo obutuufu; so si kukola bya bwenzi wadde okutwaala emikwano egy'obubba. Naye oyo agaana okukkiriza, ddala ebikolwa bye biba by'onoonese; era oyo ku nkomerero y'aliba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

Ruku 2 7. Abange mmwe abakkiriza, musitukanga okugenda eri essaala, kale munaabenga amaaso gammwe n'emikono gyammwe okutuuka ku nkokola, era muyisenga amazzi mu mitwe gyammwe, era munaabenga ebigere byammwe okutuusa ku bukongovvule. Naye bwe mubanga ne janaba, olwo munaabenga mubiri. Naye bwe mubanga abalwadde oba nga muli mu oba nga omu mu mmwe ava lugendo weyeyambidde oba nga muyiseeko eri abakyala naye nemutafuna mazzi, olwo muluubirirenga eri enfuufu ennyonjo mugiyise mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe. Allah tayagala kubassaako buzito naye ky'ayagala kwe kubatukuza era alyooke atuukirize enneema ye ku mmwe, mulyooke mwebaze.

8. Era mujjukire enneeema ya Allah eri ku mmwe n'endagaano ye eyo gye yalagaana nammwe, bwe mwagamba nti: Tuwulidde

لِّاثْمِ افَإِنَّ اللَّهُ غَفُوْ زُرَّحِيْمُ تَسْتَلُهُ نَكَ مَا ذَآاُ حِلَّ لَهُمْ وَثُلُ أُجِلَّ لَكُمُ الطَّتِيْتُ ، وَ مَا الْجَوَارِج مَّكَلِّبِيْنَ تُحَلِّمُوْنَهُنَّ مِ عَلَّمَكُمُ اللَّهُ افْكُلُوْا مِمَّا أَمْسَكُمَ عَكَنْكُمْ وَاذْكُرُواا شَمَا لِتَّهِ عَلَيْهِ مِوَاتَّقُوا الله م إِنَّ اللَّهُ سَرِيْحُ الْحِسَابِ اللَّهِ الْحِسَابِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ ٱلْدَهُ مَ أُحِلُّ لَكُمُ الطَّتِيْتُ وَطَعَامُ الَّذِيْنَ أُوْتُوا الْكِتْبَ حِلُّ لَّكُوْرٍ وَ طَعَامُكُمْ حِلُّ لَّهُمْ: وَا كُرُوْ انِعْمَةَ الله عَلَيْكُمْ وَمِثْتَاقَهُ

الَّذِي وَا ثُقَكُمْ بِهَ ، رِذْ قُلْتُمْ سَمِعْنَا وَ

amanyi bulungi ebiri mu bifuba.

9. Abange mmwe abakkiriza, mubeerenga besimbu ku lwa Allah, abawa obujulizi mu obulabe bw'abantu bwenkanya. Era tebubapikirizanga nemutaba benkanya. Mubeerenga benkanya bulijjo, ekyo ky'ekiri okumpi ennyo n'obutuukirivu. Era mutye هُوَ آَقُرُ كِ لِلتَّقُولِي وَاتَّقُوا اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللهُ Allah, Mazima bye mukola, Allah abitegeera.

10. Allah yasuubiza abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi nti balifuna okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.

11. Naye abo abeerema era nebalimbisa وَالْكِذِينَ كَفَرُوْا وَكَذَّبُوا بِأَيْتِنَا لَهُ اللَّهِ اللَّهُ اللَّاللَّ اللَّهُ الللَّا اللَّهُ اللللَّ obubonero bwaffe, abo nno be bantu b'omuliro.

12. Abange mmwe abakkiriza, mujjukire ekisa kya Allah ekiri ku mmwe awo abantu bwe baamalirira okugolola emikono gyabwe ku mmwe, kale n'aziyiza emikono gyabwe ku mmwe. Kale mutye Allah, era abakkiriza beesige Allah yekka.

Ruku 3

13. Era mazima Allah yatwala endagaano ku baana ba Isirairi, era netusitula mu bo abakulembeze* kkumi na babiri. Era Allah n'agamba nti: Mazima ndi wamu nammwe bwe munajjumbiranga essaala, nemutoola zaka, nemukkiriza Ababaka bange era nemubawagira, nemuwola Allah okuwola okulungi, mazima ndibasangulako ebibi byammwe era ddala ndibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Naye oyo alyerema mu mmwe oluvannyuma lw'ekyo, mazima aliba amaze okuwaba ku kkubo ettuufu.

14. Kale olw'okumenya kwabwe andagaano yaabwe, twabakolimira era emitima gyabwe netugifuula emikakanyavu. Bakyuusakyuusa ebigambo ne babiggya mu nteeko ya byo,

era tugonze. Era mutye Allah. Mazima Allah مَطَعْنَا وَاتَّقُوا اللَّهُ وَإِنَّ اللَّهُ عَلِيمٌ اللَّهُ عَلِيمً بذات الصُّدُورِ ٨

> يُّهَا الَّذِيْنَ أَمَنُواكُونُوْ اقْتُوَامِيْنَ بِلَّهِ شُهَدًاءً بِالْقِسْطِ وَكَايَجْرِمَنَّكُمْ شَنَانُ قَوْمِ عَلَى ٱلْا تَعْدِلُوْا و إِعْدِ لُوْاتِ الله خبير إلى ما تعملون

> وَعَدَ اللَّهُ الَّذِيْنَ الْمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ اللَّهُ مُ تَعْفِرَةٌ وَّآجُ إِعَظِيْمٌ ١

أُولِينُكَ آصْفِتُ الْجَحِيْمِ الْ يَا يُتُهَا لَذِيْنَ أَمَنُوا اذْكُرُوْا نِعْمَتَ اللهِ عَلَيْكُمْ إِذْ هَمَّ قَوْمٌ آنَ يَيْسُطُوْآ النَّهُمُ آيْدِيَهُمْ فَكُفَّ آيْدِيَهُمْ عَنْكُمْ وَاتَّقُواا بِلَّهِ وَعَلَى اللَّهِ فَلْمَتَوَّكُمْ الْمُؤْمِنُونَ شَ

دآء يل ويعثنا منه قديًا و قال الله إني مَعَ

قُلُوْ يَهُمُ قُسِيَةً ء يُحَدِّفُونَ نْ مُّوا ضِعِهِ وَنُسُوْا حَظًّا مِّمَّا

^{5:13.} Tewali kigambo kisaana kukozesebwa wano okusinga 'Naqeeb', (تَقَدُبُ kubanga kyo tekikoma ku makulu ga 'mukulembeze' gokka, wabula kitegeeza omulanzi, avunaanyizibwa ku kufulumya ekirango kyonna oba okulamula ku lw'eggwanga oba ku lw'oyo amusingako.

nebeerabira n'ekitundu ekimu kw'ebyo bye baabuulirirwa na byo. Era tojja kukoma kuzuula bukumpanya mu bo, okuggyako abatono ennyo mu bo. Kale baddiremu era obesonyiwe. Mazima Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi.

15. Era n'okuva eri abo abagamba nti: Ffe tuli Bakulisitaayo, twatwala endagaano yaabwe, naye nebeerabira ekitundu kw'ebyo bye baabuulirirwa na byo. Kale twassa* obulabe n'obukyayi wakati waabwe okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira. Era mangu nnyo Allah ajja kubategeeza ebyo bye baakolanga.

17. Allah ky'alung'amizisa abo abagoberera okusiima kwe mu makubo ag'emirembe, era n'abaggya mu kizikiza n'abalaza mu butangaavu olw'okulagira kwe era n'abalung'amya eri ekkubo eggolokofu.

18. Mazima baamala okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Masihi, mutabani wa Maryamu ye Allah. Gamba nti: Ani alina obuyinza bwonna ku Allah bw'aba nga ayagadde okuzikiriza Masihi mutabani wa Maryamu, ne nnyina, n'abali mu nsi bonna? Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi bwa Allah. Atonda nga bw'aba ayagadde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

19. Era Abayudaaya n'Abakulisitaayo bagamba nti: Ffe tuli baana ba Allah era ffe baagalwa be. Gamba nti: Ate lwaki ababonereza olw'ebibi byammwe? Si kyo, nammwe muli bantu abali mw'abo be yatonda. Asonyiwa oyo gw'aba asiimye, n'abonereza oyo gw'aba asalidde. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, bwa Allah. Era gy'ali y'eri obuddo.

ڎؙڲؚۯۉٳؠؚ؋؞ۘۘۅؘڵڗؘڒؘٵڷؙٛٛڗڟؖڸۼؙۼڶۼۜٚٳٝؽڬڎٟ ڛۜٮٛۿۿٳ؆ۛۊٙڸؽڸٞڒۺڹٛۿۿڣؘٵۼڡؙؙۼڹٛؠٛؗؠٛ ۘۘۘۉٳڞڣؘڅ؞ٳ؆ٳٮڵ۬ؗؗؗؗڎؽؙڿۺؙٳڷؙٛڡؙۿڛڹؽؚؽ۞

وَمِنَ الَّذِينَ قَالُوۤ الرَّا نَصٰرَى اَحَدْ نَا مِيثَا قَهُمْ فَنَسُوْا مَظَّا رِّمَّا ذُكِرُوْا مِيثَا قَهُمْ فَنَسُوا مَظَّا رِّمَّا ذُكِرُوْا مِيثَا قَهُمْ الْعَدَادَةَ وَ الْمَخْفُوا الْمَخْفُونَ الْمَخْفُونَ الْمَكْنَا بَيْ فَهُ الْمَكْنَاءُ وَ سَوْفَ يُنَا مِنْ فُلْكَا الْمُؤَالِكُمْ نَصُولُنَا يُنَا مُكُمُ الْمُحَدُّونَ وَ سَوْفَ يَهُمُ اللهُ مِنَا اللهُ الْمُكْتُلُمُ اللهُ فَوْدَ جَاءً كُمْ وَسُولُنَا يَكُمْ لَا الْمَكْفُونَ اللهِ اللهُ مُولِ اللهُ اللهُ مُنَا اللهُ وَ يُخْدِجُهُمْ مِنَا اللهُ اللهُ اللهُ وَ يُخْدِجُهُمْ مِنَ اللهُ اللهُ اللهُ وَالْمُولِيَا اللهُ اللهُ اللهُ وَ يُخْدِجُهُمْ مِنَ اللهُ الل

كَقَدْ كَفَرَ اللَّذِيْنَ قَالُوَّا إِنَّ اللَّهَ هُوَ الْمَسِيْحُ ابْنُ مَرْيَمَ ﴿ فَلْ فَمَنْ اللَّهِ هُوَ يَمْلِكُ مِنْ مَرْيَمَ ﴿ فَلْ فَمَنْ اللَّهِ شَيْعًا إِنْ اَرَادَ اَنْ يُهْلِكَ الْمَسِيْحُ ابْنَ مَرْيَمَ وَأُمَّنَهُ وَمَنْ فِي الْمَسِيْحُ ابْنَ مَرْيَمَ وَأُمَّنَهُ وَمَنْ فِي الْمَسِيْحُ ابْنَ مَلْكُ السَّمَوْتِ الْاَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا وَيَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءً قَدِيْرُ ()

وَقَالَتِ الْيَهُودُ وَالتَّصْرَى تَحْنَ آهَنَّوا اللهِ وَ آحِبَا وُهُ وَلَا فَلِمَ يُعَوِّبُكُمُ اللهِ وَ آحِبَا وُهُ وَقُلْ فَلِمَ يُعَوِّبُكُمُ اللهُ وَلِمَ يُعَوِّبُكُمُ اللهُ وَيَعَلَى اللهُ وَيَعَلَى اللهُ وَيَعَلَى اللهُ وَلَكُ السَّمَا وَ يَعَلَيُ السَّمَا وَ يَعْلَى السَّمَا وَ اللهِ مَلْكُ السَّمَا وَ وَ اللهِ مَلْكُ السَّمَا وَ وَ الْآلِيهِ وَ مَا بَيْنَهُمَا وَ وَ اللهِ وَالْآلِيهِ وَالْآلِيةِ وَالْآلِيهِ وَاللّهُ وَالْحَالِقُ وَاللّهُ وَالللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ

20. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mazima mumaze okutuukibwako Omutume waffe lw'akabuliriro oluvannyuma k'Abatume, abannyonnyole *buli kimu*, si kulwa nga mugambanti: Tetwatuukibwako muwi wa mawulire malungi wadde omulabuzi. Mazima Omuwi w'amawulire amalungi era Omulabuzi amaze okubatuukako. Era Allah ye Muyinza wa byonna.

Ruku 4

- 21. Era mujjukire nga Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Abange, mujjukire emikisa gya Allah egiri ku mmwe era mujjukire nga bwe yassa mu mmwe ba Nabbi era n'abafuula bakabaka, era n'abawa n'ebyo by'atawanga yenna mu nsi.*
- 22. Abange, muyingire mu nsi entukuvu eyo Allah gye yabalagira, naye temudda emabega wammwe nemufuuka abafaafaaganiddwa.
- 23. Nebagamba nti: Owange Musa, mazima mu yo mulimu abantu bannalukalala, era ddala ffe tetujja kugiyingiramu okutuusa lwe baligivaamu. Kale bwe baligivaamu, olwo ddala ffe tuliyingira.
- 24. Abantu babiri kw'abo abatya Allah era Allah be yawa ebyengera bye nebagamba nti: Mubayingirire lumu mu mulyango; kale فَاذًا كَتَلْتُمُوْهُ فَاِتُّكُمْ غَلِبُوْنَ ۚ وَعَلَى bwe munaayingiramu, mazima mmwe mujja okubeera abawanguzi. Era mwesige Allah, bwe muba nga muli bakkiriza.
- 25. Nebagamba nti: Owange Musa, mazima ffe tetujja kugiyingiramu ddi na ddi nga bo bakyagirimu. Kale genda ggwe ne Katonda wo mulwane, ffe twetuulidde wano.
- 26. N'agamba nti: Mukama wange, nze sirina buyinza ku yenna, okuggyako ku nze ne muganda wange; kale yawula wakati الْمُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْمُؤْرِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْفُورِمِ الْمُؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمُؤْرِمِ الْمِؤْرِمِ الْمِلْمِ لِي الْمُؤْرِمِ الْمِنْ لِي الْمِنْمِ لِلْمِ لِمِ لِلْ waffe n'abantu abajeemu.
- ebaziyiziddwa okumala emyaka amakumi مَنَا الْمُعْدُونَ فِي الْمُرْضَ الْمُلَاتَا مُنَا اللَّهُ الْمُرْدُونَ ف ana, nga bayengeetana mu nsi. Kale tolumirwa bantu bajeemu.

يَاهُلَ الْجِتْبِ قَدْجَا رُكُمْرَسُوْلُنَا يُبَيِّنُ لَكُمْ عَلْ فَتْرَةٍ يِّنَ الرُّ سُلِ آن تَتَقُوْ لُوْا مَا جَاءَنَا صِنْ بَشِيْر وَّ كَا تَذِيْدِ نَقَدْ جَآءَكُمْ بَشِيْرُ وَّ في نَذِيرُ و اللهُ عَلى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرُ ١٠ وَإِذْ قَالَ مُوْسَى لِقَوْمِهِ لِنَقَوْمِ اذْكُووْا نِعْمَةَ اللهِ عَلَيْكُمْ إِذْ جَعَلَ فِيْكُمْ نَبِيَآءَ وَجَعَلَكُمْ مُنُوْكًا الرَّالْالْكُمْ مَّا كَمْ يُؤْتِ آخَدًا مِنَ الْعُلَمِينَ يْقَوْمِ ادْخُلُوا الْأَرْضَ الْمُقَدَّسَةَ الكبين كتنب الله ككم وَلا يَن تَدُواعِلَ آذباً رِكُمْ فَتَلْقَلِبُوا خُسِرِينَ قَالُوا يُمُوْسَى إِنَّ فِيْهَا قَوْمًا جَيَّا رِيْنَ ﴿ وَإِنَّا لَنْ تَدْخُلُهَا كُمُّ اللَّهُ يَخْرُجُوْامِنْهَاء فَإِنْ يَخْرُجُوْ امِنْهَا فَإِنَّا دَاخِلُوْنَ ٢

قَالَ رَجُلُن مِنَ الَّذِينَ يَخَافُوْنَ ٱنْعَمَ الله عَلَيْهِمَا ادْخُلُوا عَلَيْهِمُ الْبَابِ اللهِ فَتُوكُّلُو الآن كُنْتُومُ مُؤْمِنين ١

قَالُوْالِمُوْلِينَ لِنَّالِينَ ثَكُدُخُلُهَا أَكِدًا مَّا دَامُوْا فِيْهَا فَاذْهَبْ آنْتُ وَ رَبُّكَ فَقَارِتُلا إِنَّا هَهُنَا قَاعِدُوْنَ

قَالَ رَبِّ إِنِّي كُمْ آمُلِكُ إِلَّا نَفْسِيْ وَ آخِيْ

كَالَ فَإِنَّهَا مُحَرَّمَةً عَلَيْهِمْ ٱلْبَعِيْنَ Mazima ensi eyo عَالَ فَإِنَّهَا مُحَرَّمَةً عَلَيْهِمْ ٱلْبَعِيْنَ ﴿ عَلَى الْقُوْمِ الْفُسِقِيْنَ ﴿ Ruku 5

Adamu bombi mu butuufu, awo bwe baawaayo saddaaka; kale ey'omu ku bo اَحَدِ هِمَا اَتُوْبَا نَّا فَتُقُبِّلُ مِنْ اَحَدِ هِمَا bo لَا اللهُ n'ekkirizibwa, naye ey'omulala n'etakkirizibwa. Eyaziririrwa n'agamba munne nti: Mazima nzija kukutta. *Munne* n'agamba nti: Ddala Allah akkiriza biya eri bamutya.

29. Kale bw'onogolola omukono gwo gyendi nti onzite, nze sijja kugolola mukono gwange gy'oli nti nkutte. Nze ntya Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.

30. Nze njagala ggwe weetikke ekibi kyange eky'okunzita n'ekibi kyo, kale obeere mu bantu b'omuliro. Era eyo y'empeera y'aboononefu.

okutta muganda we, kale n'amutta. Bw'atyo n'afuuka omu mw'abo abaafaafaaganirwa.

- 32. Awo Allah n'atuma namung'oona atakuletakule mu ttaka alyooke amulage engeri y'okukweeka enjole ya muganda we. N'agamba nti: Zinsanze! Abaffe, sisobodde na kuba nga namung'oona ono n'enkweka enjole ya muganda wange? Kale هذا الْغُرَابِ قَالُورِي سَوْاَةً الْخِيْءِ فَاصْبَحَ n'afuuka omu mw'abo abejjusa.
- 33. Olw'esonga eyo, twalifuula tteeka ku baana ba Isirairi nti ddala oyo yenna anattanga omuntu nga tewali muntu gw'asse oba anaaleetanga akatabanguko mu nsi, kale anaabanga ng'asse abantu bonna. N'oyo anaamulamyanga, ddala anaabanga ng'alamizza abantu bonna. Era ddala Ababaka baffe bajja gye bali n'obubonero obw'olwaatu, nate era bangi mu bo oluvannyuma lw'ebyo, beesukkulumya mu nsi.
- 34. Mazima empeera y'abo abalwanyisa Allah n'Omutume we era nebanyiikira okuleeta obutabanguko mu nsi. *eba* kuttibwa oba kuttirwa ku musaalaba oba kusalibwako mikono gyabwe n'amagulu gaabwe mu mpulinkanya oba bawang'angusibwe okuva mu nsi. Bwe kityo, balifuna obuswaavu mu nsi, era balifuna ekibonerezo kisuffu ku nkomerero:

28. Era babuulire ebyafa ku baana ba أَوَّ وَاتْلُ عَلَيْهِ مُزْنَبَا ابْنَيْ الْأُمْوِالْحَقِّ وَإِذْ يُتَقَبَّلُ مِنَ الْأَخَرِ الْأَكْرِ اللَّهُ اللَّهُ كَ قُتُلَنَّكُ وَالَ مِانَّمَا كِتَقَتُلُ مِنَّهُ المُتَّقِيْنَ

لَئِنْ بَسَطْتً إِلَّ يَهَ كَ لِتَقْتُلُبِيْ مَا أَنَا بِهَا سِطِيِّدِي إِلَيْهِ لِكَ لَا قُتُلَكَ، النَّ اَخَافُ اللَّهُ رَبُّ الْعُلَمِيْنَ إِنِّي أُدِيدُ أَنْ تَبُوْءَ إِبِا ثُونِ وَإِثْمِكَ فَتَكُوْنَ مِنْ آصْحْبِ التَّارِّ وَ ذَٰلِكَ

فَطُوَّ عَتْ لَهُ نَفْسُهُ قَتْلَ آخِنُهِ فَقَتْلَ الْمُنْهُ فَتُلِّلَ الْمُعْمُ فَقَدَّلَ الْمُعْمُ فَقَدَّلَ فَأَصْبَحَ مِنَ الْخُسِرِ يُنَ 🗇

لَيْحَتَ اللهُ عُرَايًا يُتَدِيحَتُ فِي الْأَرْضِ لِيُرِيَّةُ كَيْفَ يُوَارِئُ سَوْاَةً أَخِيْدِهِ لَتِي أَعَجَزْتُ أَنْ أَكُوْنَ مِثْلَ في مِنَ النَّدِي

إِنَّ مِنْ آهِلِ ذَٰلِكَ ﴿ كَتَبْنَا عَلَى بَنِيْ إشراء يل آنك من قتل نفسنا يعير نَفْسٍ أَوْ فَسَادٍ فِي الْأَرْضِ فَكَأَنَّمَا قَتَكَا التَّأْسَ حَمِيْعًا وَمَنْ آحْيَا هَا فَكُمَّاتُّمَ زُوُّا اللَّذِينَ يُحَارِبُوْنَ اللهُ وَ رَسُوْ كَــهُ وَيَسْعَوْنَ فِي الْأَرْضِ فَسَاكًا إِنْ تُقَتَّلُوْ الْوَيُصَلِّكُوْ الْوَتُقَطَّعَ أَيْدٍ يُهِمْ وَ ٱلْجُلُهُمْ مِنْ خِلَافٍ آوْ يُنْفَوْا مِنَ الا رض ﴿ ذَلِكَ لَهُمْ أَخِزْيُّ فِي الدُّنْكِا وَ لَهُمْفِ الْإِجْرَةِ عَذَابٌ عَظِيْمُ الْ

35. Okuggyako abo ababonerera nga temunnafuna buyinza ku bo. Kale mumanye nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 6

36. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era munoonye engeri y'okusembera gy'ali, era munyiikire nnyo mu kkubo lye, mulyooke muganyulwe.

- 37. Mazima abo abeerema ne bwe baalibadde n'ebiri mu nsi byonna nga bigattiddwako n'ebibyenkana, nti beenunuze nabyo ku kibonerezo ky'olunaku lw'okuzuukira, tebyalikkiriziddwa ku bo; era balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.
- 38. Balyagala okuva mu muliro, naye tebalisobola kuguvaamu; era balifuna ekibonererezo eky'enkalakkalira.
- 39. Era omubbi omusajja n'omubbi omukazi, kale mubasaleko emikono gyabwe nga kwe kusasulwa kw'ekyo kye bakoze, *era* nga ky'ekibonerezo eky'okulabirako okuva eri Allah. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 40. Naye oyo alibonerera oluvannyuma lw'okwonoona kwe n'atereerera ddala, mazima Allah alimuddiramu. Ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 41. Abaffe, tomanyi nti ddala Allah ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi? Abonereza oyo gw'aba asalidde, n'asonyiwa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 42. Owange ggwe Mutume, baleme kukunakuwaza abo abanguyira eri obutakkiriza mw'abo aboogera n'emimwa gyabwe nti: Tukkiriza, so nga emyoyo gyabwe tegikkirizza. Era ne mw'abo Abayudaaya mulimu abanyumirwa ennyo okuwuliriza eby'obulimba nga babiwuliriza olw'abantu abalala abatannajja na gy'oli. Era bafuulafuula ebigambo oluvannyuma lw'okussibwa mu nteeko ya byo, nga bagamba nti: Bwe muwebwanga kino, kale mukitwale. Naye bwe mutakiwebwanga, olwo mwerinde! Era oyo Allah gw'aba ayagadde

اِلَّا الَّذِيْنَ تَا بُوا مِنْ تَبْلِ آنْ تَقْدِ رُوْا عَلَيْهِمْ مَ فَاعْلَمُوْا آنَّ اللَّهُ غَفُورً رَّجِيْمُنُ

يٓاُ يُهَا الَّذِينَ الْمَنُوااتَّقُوااللَّهَ وَ ابْتَغُوۤالالَيْدِالْوَسِيْكَةَ وَجَاهِدُوْافِيْ سَبِيْلِهِ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُوْنَ۞

اِنَّ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَوْ اَنَّ لَهُمْ مَّا فِي الْهَرْ الْوَ اَنَّ لَهُمْ مَّا فِي الْهَرْضِ جَمِيْعًا وَّ مِثْلَهُ مَعَهُ لِيَفْتَدُوْا بِهُمْ مِنْ عَذَابِ يَوْمِالْقِيْمَةِ مَا تُقْتِدُوْا بِهُمْ مَوْلَهُمْ عَذَابُ يَوْمِالْقِيْمَةِ مَا تُقْتِدُونَ اَنْ يَخْدُجُوْا مِنَ التَّارِوَمَا يُورِمِنْ مَنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ هُمْ مِنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ هُمُ مِنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مُنْ مَنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مُنْ مَنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مُنْ مَنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مُنْ مِنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مِنْ مِنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مُنْ مِنْهَا وَ لَهُمْ عَذَابُ مُنْ مِنْهَا وَ لَهُمْ عَذَا بُ

وَ السَّادِقُ وَ السَّارِقَةُ فَاقْطَعُوْا ايْدِيَهُمَا جَزَاءُ بِمَا كَسَبَا نَكَالًا مِّنَ اللهِ وَاللهُ عَزِيزُ حَكِيمُ

فَمَنْ تَابَ مِنْ بَعْدِظُلْمِهِ وَأَصْلَحَ فَإِنَّ اللهَ عَفُوْدُ اللهَ عَفُوْدُ اللهَ عَفُوْدُ اللهَ عَفُودُ اللهُ اللهُ عَفُودُ اللهُ اللهُ عَفُودُ اللهُ الله

اَكُمْ تَعْكَمُ اَنَّ اللهَ لَهُ مُلْكُ السَّمُوتِ
وَالْاَرْضِ مِيُعَزِّبُ مَنْ يَشَا عُوَيَعْفِرُلِمَنْ
يَشَاعُورَ اللهُ عَلْيُ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ فِيرُ

يَايَّهُا الرَّسُولُ لَا يَحْرُنْكَ الَّذِيْنَ يُسَادِعُونَ فِي الْكُفْرِ مِنَ الَّذِيْنَ قَالُوَا امْتَابًا فَوَاهِهِ مُوَلَمْتُوُمِنَ أَوْ قُلُوبُهُمْ * وَ مِنَ الَّذِيْنَ هَادُوْا * سَمْعُونَ لِلْكَذِبِ سَمْعُونَ لِقَوْمٍ الْمَرِيْنَ الْمَكَذِبِ سَمْعُونَ لِقَوْمٍ الْمَلِمَمِنْ الْمَكِذِبِ سَمْعُونَ لِقَوْمِ الْكَلِمَمِنْ الْمُكِذِبِ سَمْعُونَ لِقَوْمِ الْكَلِمَمِنْ الْمُعْدِمَوا ضِعِهِ مِيقُولُونَ لِنْ الْوَلِيْتُمُهُ هٰذَا فَخُذُونَ وَ إِنْ لَمْ ku ye ku Allah. Abo be bo Allah b'ataasiima kutukuza myoyo gyabwe; balina obuswaavu ku nsi, ne ku nkomerero baliba n'ekibonerezo ekisukkirivu.

43. Bawuliriza nnyo eby'obulimba, balya nnyo ebyaziyizibwa. Naye bwe bajjanga gy'oli, kale lamula wakati waabwe oba baleke. Bw'olibaleka, tebalikulumya wadde akatono. Naye bw'olamulanga, olwo olamulanga wakati waabwe mu bwenkanya. Mazima Allah ayagala nnyo abenkanya.

Allah? So nno oluvannyuma lw'ebyo, gy'eri عُدُ اللّٰهِ ثُمَّ يَتُو لُّوْنَ مِنْ بَعْدِ bakubayo mabega; ddala abo si ba kukkiriza.

Ruku 7

45. Mazima twassa Taurēti nga erimu obulung'amu n'obutangaavu. Ba Nabbi abaali abawulize baagiramuzisa Abayudaaya, bwe batyo n'abantu ba Allah n'abakugu mu by'eddiini baagiramuzisa kubanga be baasigirwa Ekitabo kya Allah era be baali abalabirizi ba kyo. N'olwekyo temutya bantu naye mutye Nze nzekka. Era temuwanyisanga Ava zange mu muwendo omutono. Era ovo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be batakkiriza.

46. Era twabalagira mu yo nti: Omuntu ku muntu, n'eliiso ku liiso, n'ennyindo ku nnyindo, n'okutu ku kutu, n'elinnyo ku linnyo, n'ebiwundu kyenkanyi. Naye oyo akuleka ku lwa Allah, kale ekyo kiba kyetangiriro gy'ali. Era oyo تَصَدَّقَ بِهِ فَهُو كَفَّارَةً لَّهُ وَمَنْ لَمْ atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale تَصَدَّقَ بِهِ فَهُو كَفَّارَةً لَّهُ وَمَنْ لَمْ abo be boonoonefu.

47. Nate twagobereza 'Isa mutabani wa وَقَفَّيْنَا عَلَى أَثَارِهِمْ بِعِيْسَى آبُنِ إِيْنِ Maryamu mu buwufu bwabwe, nga ye

okugezesa, kale toliba na buyinza bwonna عُوْتَوْهُ فَاحْدَرُوْا لَمْ وَ مَنْ يُبُرِدِ اللَّهُ فِتْنَتَكَ فَلَنْ تَمْلِكَ لَهُ مِنَ اللَّهِ شَيْعًا . أُولَيْكَ الَّذِيْنَ لَمْ يُردِدِ اللَّهُ أَنْ يُطَيِّرَ تُلُوْ بَهُمْ الهُمْ فِي أَلَدُّ نَيّا خِزْيُ الْجُوَّ لَهُمْ فِي الْأَخِرَةِ عَذَا بُ عَظِيْمٌ اللهُ سَمُّعُوْنَ لِلْكَذِبِ ٱلْكُوْنَ لِلسُّحْتِ ع فَإِنْ جَآءُوكَ فَأَهْكُمْ يَسْنَهُمْ أَوْ ٱ عْرِضْ عَنْهُمْ ، وَإِنْ تُعْرِضْ عَنْهُمُ فَكُنْ يَضُرُّو كَ شَيْعًا وَانْ حَكَمْتُ فَاحْكُمْ بَيْنَهُمُ بِالْقِسْطِ وَإِنَّ اللَّهَ يُحِ المُقْسِطِيْنَ ﴿

44. Ye bakufuula batya omulamuzi waabwe عُدَدُهُ مُ التَّهُ إِنْ عَنْدُهُ مُ التَّهُ إِنْ اللَّهُ اللَّهُ اللّ عُ ذَٰلِكَ وَمَا أُولَيْكَ بِالْمُؤْمِنِيْنَ ١٠

> إِنَّا آنْزَلْنَا التَّوْرِيةَ فِينَهَا هُدِّي وَّ نُوْرُه يَحْكُمُ بِهَا النَّبِيُّونَ الَّذِينَ آسْكَمُوْا لِلَّذِيْنَ هَادُوْا وَالرَّبَّانِيُّوْنَ وَ اككفبا ربمااشتكفظؤامن كتب الله وَكَانُوْا عَلَيْهِ شُهَدّاءَ مَ فَلَا تَخْشُوا التَّاسَ وَاخْشُونِ وَلَا تَشْتَرُوا بِأَيْتِي تُمَنَّا قَلِيْلًا وَمَنْ لَهْ يَحْكُمْ بِمَا ٱنْزَلَ اللَّهُ فَأُولِينِكَ هُمُ الْخُقِرُونَ

وَكُتَيْنَا عَلَيْهِمْ فِيْهَا آنَّ النَّهْسَ بِالنَّفْسِ وَالْعَيْنَ بِالْعَيْنِ وَ الْأَنْفَ بِالْاَنْفِ وَالْاُذُنَ بِالْاُذُنِ وَ السِّنَّ byesasuzibwe بِالسِّتِهِ وَ الْجُرُوحَ قِصاً صُ ا فَمَنْ يَجْكُمْ بِمَاآنْزَلَ اللهُ فَأُولَئِكَ هُمُ

الظُّلِمُوْنَ ۞

mu Taurēti, era twamuwa Enjiri nga erimu مِنَ التَّوْرُ مِدْ وَأَنْدُنْهُ الْرُنْحِيْلُ فِيْهِ obulung'amu n'obutangaavu era obulung'amu n'obutangaavu era nga أَنُوْرُ " وَ مُصَدِّقًا لِنَّا مِيْنَ الْمُعَالِّيِّةَ اللَّهَ عَلَيْنَ الْمُ يَدَيْدِ مِنَ التَّوْرَبَةِ وَ هُدِّى وَ Taurēti era nga bulung'amu n'okubuulirira eri abatya Allah.

n'ebyo Allah bye yassa mu yo. Era oyo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be bajeemu.

49. Era twassa gy'oli Ekitabo ekirimu amazima ekikakasa ebyo ebyakikulembera ebyali mu Kitabo kya Taurēti era nga ky'ekirabirizi kya kyo. N'olwekyo lamula wakati waabwe n'ebyo Allah bye yassa, naye togobereranga kwagala kwabwe n'ova أَهْوَ أَوَهُمْ عَمَّا جَآءَكَ مِنَ الْحَقَّ مِ kw'ebyo eby'amazima ebyakutuukako. Mazima مُو الْحَقَّ مِن الْحَقّ م buli omu mu mmwe twamuteerawo amateeka g'eddiini ag'olwaatu n'ekkubo elyetadde. Era singa Allah yayagala kukaka, yaalibafudde ekibiina kimu, naye yakireka alyooke abagezese mw'ebyo bye yabawa. Kale muvuganyenga mu birungi. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe mwenna; olwo alibategeeza ebyo bye mwaali mwawukanamu.

50. Era lamula wakati waabwe n'ebyo Allah bye yassa, naye togobereranga kwagala kwabwe; era beerinde baleme kukussa mu bigezo olw'ebimu kw'ebyo Allah bye yassa gy'oli. Naye bwe beefuulanga, kale manya nti ddala Allah kubatuusako kibonerezo agenderera olw'ebimu ku bibi byabwe. Era ddala bangi mu bantu bajeemu.

51. Abaffe, okulamula *okw'edda* okw'omu butamanya era kwe baagala? Naye ani asinga Allah mu kulamula eri abantu abalina obukakafu?

Ruku 8 52. Abange mmwe abakkiriza, temufuulanga Bayudaaya na Bakulisitaayo okuba

mukakasa w'ebyo ebyamukulembera ebiri مَرْيَـمَ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مَوْعِظَةً لِلْمُتَّقِبْنَ أَنْ

48. Era abantu b'Enjiri basaana balamule وَلَيَحْكُمْ آهْلُ الْاِنْجِيْلِ بِمَآ ٱنْزَلَ اللهُ عُلَامِينَ فِيْدِهِ وَمَنْ لَّمْ يَحْكُمْ بِمَآا نُزَلَ اللَّهُ فَأُولِيَاكَ هُمُ الفِسقُونَ

> وَ ٱنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتْبِ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا لِنَمَّا بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ الكِتُبِ وَ مُهَيْمِنًّا عَلَيْهِ فَاحْكُمْ بَيْنَهُمْ بِمَا آنْزَلَ اللَّهُ وَلا تَتَّبِهُ لِكُلِّ جَعَلْنَا مِنْكُمْ شِرْعَةً مِنْهَا جًا ، وَكُوْ شَاءً اللهُ لَجَعَلَكُمْ أُمَّةً وَّاحِدَ قُوَّ لِكِنْ لِتَعْلُو كُمْ فِي مَا أَثْنَكُمْ فَاسْتَبِقُو االْخَيْرُتِ وإِلَّ اللَّهِ مَرْجِعُكُمْ جَوِيْعًا فَيُنَبِّتُكُمُّ مِمَا كُنْتُمْ وْيْدِ تَخْتَلِفُونَ أَنْ

> وَآنِ احْكُمْ بَيْنَهُمْ بِمَا آنْزَلَ اللَّهُ وَ كَ تُتَّبِعُ آهُوٓ آءٌ هُمُ وَ احْذَدُهُمُ آن يَّفْتِنُوكَ عَنْ بَعْضِ مَّا آنْزَلَ المِنْهُ الْمُلْكُ وَلَا اللَّهُ اللَّهُ الْمُلَاكِمُ اللَّهُ اللّ يُرِيْدُ اللهُ أَنْ يُصِيْبَهُمْ بِبَعْضِ ذُنُوْيِهِهُ ﴿ وَإِنَّ كُتِنْ يُرًّا مِّنَ النَّاسِ لَفْسِقُوْ كَ⊙

ٱۏٞۿؙػٛم الْجَاهِلِيَّةِ يَبْغُوْنَ ﴿ وَمَنْ آحْسَنُ ﴿ مِنَ اللَّهِ مُكْمًا لِلَّقَوْمِ يُبُوقِنُونَ ﴿

يَكَيُّهُمَا النَّذِينَ المَنْوَا لَا تَتَخِذُوا لَا تَتَخِذُوا لَا تَتَخِذُوا لَا يَتَخِذُوا لَا يَتُخِذُوا النَّطْرَى اَوْلِيَاءَ مَبَعْضُهُمْ

ab'emikwano. Bo ba mikwano bokka na bokka. Era yenna mu mmwe alibafuula ab'emikwano, kale naye aliba mu bo. تَكُ مِنْهُمْ مَالِتَّ اللَّهُ لِا يَهْدِى الْقَوْمَ الْقَوْمَ اللهِ عَلَيْهُمْ مَالِتًا اللهُ Allah talung'amya Mazima bantu bakumpanya.

53. Kale ojja kulaba abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe nga beeyunira nnyo mu bo, nga bagamba nti: Tutya nti tuyinza okutuukibwako emitawaana. So nno ob'olvawo Allah n'aleeta obuwanguzi oba ensonga endala eva gy'ali, olwo bafuuke abejjusa olw'ebyo bye baakisanga mu myoyo gyabwe.

54. N'abo abakkiriza bagambe nti: Abaffe, bano be bo abaalayiranga Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza nti ddala bali wamu nammwe? Abo ebikolwa byabwe byayonooneka nebafuuka abafaafaaganiddwa.

- 55. Abange mmwe abakkiriza, yenna mu mmwe alyekyuusa n'ava mu ddiini ye, kale akimanye nti mangu nnyo Allah ajja kuleeta mu kifo kye abantu b'alyagala era abalimwagala, abeetoowaze, ab'ekisa eri abakkiriza, abanywevu eri abatakkiriza, abatakabana mu kkubo lya Allah era abatatya kunenya kwa munenyi yenna. Egyo nno gy'emikisa gya Allah gy'awa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.
- 56. Mazima mukwano gwammwe *owa ddala* ye Allah n'Omubaka we n'abo abakkiriza, abo abajjumbira essaala era abatoola zaka nebakutama n'obwesimbu gy'ali.
- n'abo abakkiriza, amanye nti ddala ekibiina kya Allah ky'ekiteekwa okuwangula.

Ruku 9 58. Abange mmwe abakkiriza, abo abatwala eddiini yammwe nga eky'okubalaata n'okuzannya- abali mw'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe n'abeerema — temubafuulanga ab'omukwano. Era mutye Allah, bwe muba nga ddala muli bakkiriza.

59. Era nga bwe mukoowoola *abantu* eri essaala, bo bakitwala nga eky'okubalaata n'okuzannya. Ekyo lwa kubanga be bantu abatategeera.

اَوْلِيَاءُ يَغِضِ «وَ مَنْ يَتِتَوَلَّهُمْ مِّنْكُمْ

فَتَرَى الَّذِينَ فِي قُلُهُ بِهِمْ مَّاضَّ بُسَارِ عُوْنَ فِيْهِمْ يَقُوْلُوْنَ نَخْشَى آنَ تُصِيْبَنَا دَائِرَةً ، فَعَسَى اللهُ آن يَّا رَبِي بِالْفَتْحِ أَوْ آهْرِ مِّنْ عِنْدِهِ فَيُصْبِحُواْ عَلَى مَنَّا ٱسَدُّوْ افِينَّ ٱنْفُسِهِ مِنْ فِيمِينَ شِي وَ يَقُولُ الَّذِينَ امَنُوٓا آهَوُلاَ النزين أقسموا بالله جهدا يمانهم إِنَّهُمْ لَمَعَكُمْ الْمَعِكُمُ الْمُعَمَّالُهُمْ

الله فَكُمْ بَحُوا خُسِرِيْنَ ﴿ فَكُوا مَنْ يَكُونَ اللهِ اللهُ اللهِ المِلْمُلِي ا مِنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فَسَوْفَ يَأْتِي اللهُ بقَوْمِ يُحِبُّهُمْ وَيُحِبُّوْنَهُ ، أَذِلَّةٍ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ آعِزَّةِ عَلَى الْكُفِرِيْنَ: يُجَاهِدُونَ فِي سَبِيلِ اللهِ وَلا يَخَا فُونَ كَوْمَةَ لَا رَعِمِ وَذَٰ لِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيْهِ مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَالسَّعُ عَلِيهُ اِنَّمَا وَلِيُّكُمُ اللهُ وَرَسُولُهُ وَالَّذِيْنَ أَمُّنُوا الَّذِيْنَ يُقِيْمُوْنَ الصَّلُوعَ وَ يُؤْ تُوْنَ الرِّحُوةَ وَهُمْرَاكِعُونَ 57. Era oyo akwana Allah n'Omubaka we كَمَنْ يَتَوَكَّ اللَّهُ وَرَسُولَكُ وَالَّذِيْتَ الْمُنْوَا الله فَا لَكُ حِزْبَ اللهِ هُمُ الْغُلِبُونَ اللهِ هُمُ الْغُلِبُونَ اللهِ

يَاكَتُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوالَا تَتَّخِذُوا الَّذِيْنَ اتَّخَذُوْا دِينَكُمْ هُزُوًّا وَّلَحِبًا مِّنَ الَّذِينَ اُوْتُواالْكِتْبَ مِنْ قَبْلِكُمْ وَالْكُفَّارَ ٱۉڔڸێؖٳٚء؞ۉٳؾۧٛڡؙۅٳٳٮڷٚڡٳؽػؙؽٛؿۿۄؙٷٛڡۣڹؽؽ۞ وَ إِذَا نَادَيْتُمْ إِلَى الصَّلُوةِ اتَّخَذُوْهَا هُزُوًا وَ كَعِبًا ﴿ ذَٰ لِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ لَّا يَعْقِلُوْنَ۞

- 60. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mutukijjanya lwa kuba nti tukkiriza Allah n'ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebyo ebyassibwa olubereberye, oba lwa kubanga nti abasinga obungi mu mmwe bajeemu?
- 61. Gamba nti: Abaffe, mbategeeze abo abalifuna okusasulwa okuva eri Allah okusinga obubi kw'okwo? Be bo nno Allah be yakolimira era n'abasunguwalira, era n'afuula *abamu* mu bo enkima n'embizzi era abasinza sitaani. Abo nno be bali mu mbeera embi ennyo era be basinga okuba ababuze ku kkubo elyenkamu.
- 62. Era bwe bajja gye muli, bagamba nti: Tukkiriza, so nga baayingira n'obutakkiriza era ne bafuluma nabwo. Naye Allah amanyi bulungi ebyo bye bakisa.
- 63. Era olaba bangi mu bo nga banguyira eri ebibi n'obujeemu n'okulya kwabwe ebintu ebyaziyizibwa. Ddala bibi nnyo ebyo bye bakola.
- 64. Lwaki bannaddiini n'abakugu mu mateeka g'eddiini tebabaziyiza kwogera kwabwe okwo okubi n'okulya kwabwe ebintu ebyaziyizibwa? Mazima bibi nnyo ebyo bye bakola.
- 65. Era Abayudaaya bagamba nti: Omukono gwa Allah musibe. Nedda, emikono egyabwe gy'egyasibibwa era nebakolimirwa olw'ebyo bye boogera. Si kyo, emikono gye gyombi myanjulukufu nnyo; asaasaanya nga bw'aba ayagadde. Era ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo bijja kwongera bangi mu bo obujeemu n'obutakkiriza. Era twateeka wakati wabwe obulabe n'obukvayi okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira. Buli lwe bakoleeza omuliro olw'olutalo, Allah aguzikiza. Era bafuba nnyo okutabulatabula mu nsi; naye Allah tayagala batabuzitabuzi.
- 66. Era singa abantu b'Ekitabo bakkiriza الْكِتْبِ أَمَنُوا وَاتَّقَوْا وَاتَّقَوْا ne batya Allah, mazima twalibasanguddeko ebibi byabwe era ddala twalibayingizza mu

قُلْ يَا هُلَ الْكِتْبِ هَلْ تَنْقِمُوْنَ مِنَّا الآآن امتابالله ومآانز لركيناو مَّآ اُنْزِلَ مِنَّ قَبْلُ ﴿ وَ آنَّ ۖ ٱكْثَرَكُمْ فسقون ن

هَلُ أُنَبِّئُكُمْ بِشَرِّ مِّنْ ذَٰلِكَ مَثُوْبَةً عِنْدَ اللهِ امَنَّ لَّعَنَهُ اللهُ وَ غَضِبَ عَلَيْهِ وَجَعَلَ مِنْهُمُ الْقِرَدَةُ وَ الْخَنَازِيرِ وَ عَبِدَ الطَّاعُونَ ا أُولِيَكَ شَةٌ مَّكَانًا وَّ أَضَلُّ عَنْ سَوّاء

وَإِذَاجَاءُ وْكُمْ قَالُوٓ الْمَنَّاوَ قَدْدَّ خَلُوْ ا بِالْكُفْرِوَهُ مُقَدْ خَرَجُوْ ابِهِ وَاسْتُ آغكم بماكا نوايك تشمون

وَ تَكُوٰى كَيْشِيْرًا يِمِنْهُمْ يُسَارِعُوْنَ فِي اكه شيرة الْعُدْة وَانِ وَٱكْلِهِمُ السُّهُتُ، لبئس مَا كَا ثُوْا يَعْمَلُوْنَ ١

كَوْلَايَنْهُا لِمُ الرَّبَّالِنِيُّوْنَ وَاكْمَ كُمِّياً رُ عَنْ قَوْلِهِمُ الْإِنْمَ وَآكُلِهِمُ السُّحْتَ ع لَينُسُ مَا كَا نُهُ ١ يُصْنِعُهُ مَا كَا نُهُ ١ يُصْنِعُهُ مَا كَا وَقَالَتِ الْيَهُوْدُ يَدُ اللهِ مَغْلُوْكَةً ،

إلى عُلَّتْ أَيْدِ يُهِمْ وَلُعِنُوا بِمَا قَالُوا مِبَلْ يَدْهُ مَبْسُوْ طَتْنِ ، يُنْفِقُ كَنْفَ يَشَاءُ ، وَ لَيُزِيْدُتُ كَثِيْرًا مِنْهُمْ مَّا أَنْ لَ كَ مِنْ زَّبِكَ طُخْ ٱلْقَيْنَا كِيْنَهُمُ الْعَدَاوَةَ وَالْتَغْضَاءَ الى يَوْمِ الْقِيلِمَةِ ، كُلُّمَا ٱوْقَدُوْا نَارًا لِّلِحَرْبِ آطْفَآهَا اللهُ و يَشْعَوْنَ فِي الْاَرْضُ فَسَادًا ﴿ وَ اللَّهُ كَا يُحِبُّ

المُفْسِدِينَ ككَفَّرْنَاعَنْهُمْ سَيِّاٰتِهِ ۚ هُرَوَلَا دَخَلْنْهُ مُ nsuku ez'essanyu erijjuvu.

67. Era singa bassa omwoyo ku Taurēti n'Enjiri n'ebyo ebyassibwa gye bali okuva eri Mukama waabwe, mazima baaliridde ku biri waggulu waabwe n'ebiri wansi w'ebigere byabwe. Mu bo mulimu abantu abesimbu, naye abasinga obungi mu bo bye bakola bibi nnyo.

Ruku 10

- 68. Owange ggwe Omubaka, tuusa *eri abantu* ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo; naye bw'otookikole, onooba totuusizza bubaka bwe. Era Allah ajja kukukuuma ku bantu. Mazima Allah talung'amya bantu beeremye.
- 69. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temulina kye muliko okutuusa lwe mulissa mu nkola Taurēti, n'eEnjiri, n'ebyo ebyassibwa gye muli okuva eri Mukama wammwe. Era ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo bijja kwongera bangi mu bo obujeemu n'obutakkiriza. Kale tonakuwala ku lw'abantu abatakkiriza.
- 70. Mazima abo abakkiriza, n'abo Abayudaaya, n'Abasabiyi, n'Abakulisitayo, yenna *mu bo* alikkiriza Allah *mu butuufu* n'olunaku lw'enkomerero era n'akola ebikolwa ebirungi, kale *abo abatuukiriza ebyo* tebaliba na kutya kwonna, wadde tebalinakuwala.
- 71. Mazima twatwala endagaano y'abaana ba Isirairi era netubatumira Ababaka. Naye buli lwe bajjirwanga Omubaka n'ebyo emyoyo gyabwe bye gitayagala, abamu baabalimbisanga, n'abalala baagezaako okubatta.
- 72. Era baalowooza nti tewagenda kubaawo kubonereza, kale nebaziba amaaso nebaziba n'amatu. *Naye* oluvannyuma Allah yabaddiramu; naye ate era bangi mu bo baaziba amaaso nebaziba n'amatu. Naye bye bakola, Allah abiraba bulungi.
- 73. Mazima bamaze okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Masihi mutabani wa Maryamu ye Katonda, so nga Masihi

جَنَّتِ النَّعِيْمِ ﴿

وَلَوْا نَّهُمْ اَقَامُوا التَّوْرُ لِهَ وَاكْرُ نَجِيْلَ
وَمَا اُنْزِلَ إِلَيْهِمْ مِّنْ تَبِّهِمْ لَاَنْجِيْلُ
فَوْقِهِمْ وَمِنْ تَحْتِ اَرْجُلِهِمْ مِنْهُمْ
اُمَّةً مُ قَتَصِدَةً ﴿ وَكَثِيْرُ مِنْهُمْ سَاءً ﴿
فَا يَحْمَلُوْنَ ﴿

يَّا يَّهُمَا الرَّسُولُ بَلِّعُ مَا أُنْزِلَ الدَّكَ مِنْ آيُهُمَا الرَّسُولُ بَلِّعُ مَا أُنْزِلَ الدَّكَ مِنْ آيَّكَ مِنْ آيَّةً عَلَى فَمَا بَلَّعْتَ مِنْ آيَّةً عَلَى فَمَا بَلَّعْتَ النَّاسِ، وسَلَّتَهُ وَاللَّهُ يَعْصِمُكَ مِنَ النَّاسِ، النَّالِ النَّهُ وَاللَّهُ وَالْكُفِرِ مِنْ هَيْ عِحَتَّى النَّاسِ فَكُلُ مَنْ النَّاسِ، فَكُلْ مَنْ النَّالِ النَّوْلُ الْمَنْ الْمَنْ الْمَنْ اللَّهُ وَاللَّهُ وَلَيْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ مَنْ النَّالِ اللَّهُ مَنْ اللَّهُ مَنْ اللَّهُ اللَّهُ مَنْ اللَّهُ مَنْ اللَّهُ اللَّهُ مَنْ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ مَنْ اللَّهُ الْمُعْلِيلُ اللَّهُ الْمُعْلِيلُولُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلِيلُولُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعْلِيلُولُولُ اللْمُعْلِيلُولُ اللللْمُعِلِيلُولَ الللْمُعَلِيلُولُ الللْمُعَالِمُ اللَّهُ الْمُعْلِيلُولُ الْمُلْمُ اللْمُولِيلُولُ اللْمُعَلِيلُولُ الللْمُعَالِمُ اللَّهُ الْم

اِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَالَّذِيْنَ هَا دُوَا وَالصَّابِعُونَ وَالنَّصْرَى مَنْ اَمِنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْأَخِرِوَ عَمِلَ صَالِحًا فَلَا خَوْفُ عَلَيْهِ مُولَا هُمْ يَحْزَنُوْنَ ۞ عَلَيْهِ مُولَا هُمْ يَحْزَنُوْنَ ۞

لَقَدْ آخَذْنَا مِيْتَاقَ بَنِيْ اِسْرَاءِيلَ وَ

اَدْسَلْنَا اِلَيْهِمْ رُسُلًا مُخَلَّمًا جَاءَهُمْ

رَسُولُ بِمَالَا تَهْوَى آنْفُسُهُمْ هُ فَرِيْقًا

كَذَّ بُوْادَ فَرِيعًا يَتَقْتُلُونَ ﴿

وَحَسِبُوْا أَلَّا تَكُوْنَ فِتْنَةً فَعَمُوا وَ صَمُّوا ثُمَّ تَابَ اللهُ عَلَيْهِ هُ ثُمَّعَمُوا وَصَمُّوْا كَثِيرُ مِّنْهُ هُدُوا للهُ بَصِيرُ بِمَا يَعْمَلُونَ ۞

لَقَدْكَفَرَ الَّذِيْنَ قَالُوْۤ ا رِقَ ا لِللهَ هُوَ الْمَسِيْحُ ا بْنُ مَرْيَمَ وَقَالَ الْمَسِيْحُ yennyini yagamba nti: Abange mmwe abaana ba Isirairi, musinze Allah Mukama wange era Mukama wammwe. Ddala oyo eyenkanya ekirala ne Allah, ddala Allah yamuwera mu Janna, era obuddo bwe muliro. Era aboononefu tebaliba na bayambi.

74. Mazima bamaze okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Allah wa kusatu ku *bakatonda* abasatu, so nga teri musinzibwa mulala wabula Omusinzibwa Omu yekka. Naye bwe bataalekere awo ekyo kye boogera, mazima abo abatakkiriza mu bo bajja kutuukibwako ekibonerezo ekirumya.

75. Abaffe, tebeenenye eri Allah n'okumusaba okubasonyiwa? Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

76. Masihi mutabani wa Maryamu si mulala wabula Mubaka bubaka; n'Ababaka abaamukulembera ddala baafa. Ne nnyina yali mukazi mutuukirivu. *Era* bombi baalyanga emmere. Kale laba nga bwe tunnyonnyola gye bali obubonero, n'oluvannyuma laba nga bwe bawugulwa.

77. Gamba nti: Abaffe, musinza mu kifo kya Allah ebyo ebitalina buyinza ku mmwe kubakosa wadde okubagasa? Naye Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

78. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temusukkanga *nsalo za* ddiini yammwe mu butali butuufu, wadde temugobereranga okwagala kw'abantu abaamala edda okubula era nebabuza bangi era ne bawaba ku kkubo ettuufu.

Ruku 11

79. Abo abatakkiriza mu baana ba Isirairi baakolimirwa n'olulimi lwa Dāūdi ne 'Isa mutabani wa Maryamu. Ekyo lwa kubanga baajeemanga era baabuukanga ensalo.

80. Baalinga tebaziyizagana ku bitasaana bye baakolanga. Ddala byali bibi nnyo ebyo bye baakolanga.

81. Ojja kulaba bangi mu bo nga bakwanagana n'abo abatakkiriza. Ddala bibi nnyo ebyo bye beekulembereza bokka; n'ekyavaamu, Allah yabasunguwalira era mu

يَبَنِيَ اِسْرَآءِيلَ اعْبُدُوا اللّهُ رَبِّيُ وَرَبُّكُمُ اللّهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَ مَأْدِ لَهُ مَرَّمَ اللّهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَ مَأْدِ لَهُ النَّارُ ، وَمَا لِلظَّلِمِيْنَ مِنْ انْصَارِ اللهَ لَكَةَ وَمَا لِلظَّلِمِيْنَ مِنْ انْصَارِ اللهَ لَكَةَ وَمَا لِلظَّلِمِيْنَ مِنْ انْصَارِ اللهَ تَلْكَ اللهُ تَالِثُ لَقَةَ مُواعَمًا يَقُولُونَ لَيَمَسَّنَ اللهُ وَيَكُ مَنَ اللهُ وَيَسَتَخُونُونَ لَيَمَسَّنَ اللهُ وَيَسَتَخُونُونَ لَيَمَسَّنَ اللهُ وَيَسْتَخُونُونَ لَيَمَسَّنَ اللهُ وَيَسْتَخُونُونَ لَيَمَسَّنَ اللهُ وَيَسْتَخُونُونَ لَهُ اللهُ وَيَسْتَخُونُونَ لَهُ وَاللّهُ وَيُسُتَخُونُونَ لَهُ وَاللّهُ وَيَسْتَخُونُونَ لَهُ وَاللّهُ وَيُسُتَخُونُونَ لَهُ وَاللّهُ وَيُسُتَخُونُونَ لَهُ وَاللّهُ وَيُسْتَخُونُونَ لَهُ وَاللّهُ وَيُسْتَخُونُونَ لَكُونَ لَكُونُ لَكُونَ لِلْكُونَ لَكُونَ لَكُونُ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونَ لَكُونُ لَكُونُ لِلْكُونُ لَكُونُ لَكُونُ لَكُونُ لَل

مَاالْمَسِيْحُ ابْنُ مَرْيَهُمَ إِلَّا رَسُولُ ، قَدْ فَكُ مَرْيَهُمَ الْأَرْسُولُ ، وَ أُمُّهُ فَلَتُ مِنْ قَبْلِهِ الرُّسُلُ ، وَ أُمُّهُ صِدِّيْقَةً ، كَانَا يَا كُلْسِ الطَّعَامَ ، أُنْظُرُ كَيْفَ نُبَيِّنُ لَهُ مُالْأَيْتِ ثُمَّ انْظُرُ آتَٰ لَيْ فَكُونَ ۞

قُلْ آتَعْبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ مَالَا يَمْلِكُ لَكُمْ ضَرَّا وَلَا نَفْعًا وَاللهُ هُوَ السَّمِيْعُ الْعَلِيمُ

قُلْ يَا هَلَ الْكِتْبِ لَا تَغْلُوا فِي دِينِكُمْ غَيْرَ الْحَقِّ وَلَا تُتَّبِعُوْا اَهْوَاءَ قَوْمِ قَدْضَلُوا مِنْ قَبْلُ وَ اَضَلُوا كَنِيْكُوا إِنَّى ضَلُوا عَنْ سَوَاءِ السَّبِيْلِ ﴾

لُعِنَ الَّذِيْنَ كَفَرُدُا مِنْ بَنِيْ إِشْرَاءِيْلَ عَلْ لِسَانِ دَاؤُدَ وَعِيْسَى ابْنِ مَرْيَمَ، ذَلِكَ بِمَاعَصُواةً كَانُوا يَعْتَدُدُنَ۞ كَانُوا لَا يَتَنَاهَوْنَ عَنْ مُّنْكَرٍ فَعَلُوْهُ. لَائُوا لَا يَثَنَاهَوْنَ عَنْ مُّنْكَرٍ فَعَلُوْهُ.

تُرِّى كَثِيْرًا مِنْهُمْ يَتَوَكُّوْنَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا مَ لَيِئْسَ مَا فَدَّمَتْ لَهُمْ آنْفُسُهُمْ آنَ سَخِطَ اللهُ عَلَيْهِمْ وَفِي kibonerezo, bo mwe balibeera.

82. Naye singa baali bakkiriza Allah ne وَكُوْ كَا نُوْا يُؤْمِنُوْنَ بِاللَّهِ وَالنَّبِيِّ وَ النَّا عِنْ اللهِ وَالنَّا عِنْهُ اللَّهِ عَلَى اللَّهِ وَالنَّبِيِّ وَ اللَّهِ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهِ عَلَى اللَّهِ عَلَى اللَّهِ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهِ عَلَى اللَّهُ عَلَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ Mutume n'ebyo ebyassibwa gy'ali, مَا أَنْزِلَ النَّهِ وِمَا أَنْ فَدُوْهُ هُ اوْلِيّاءًو tebaalibatutte nga ab'emikwano; naye abasinga obungi mu bo bajeemu.

83. Mazima ojja kukisanga nti abasingira لَتَجِدَتُّ ٱشَدَّ النَّاسِ عَدَاوَةً لِلنَّذِيْنَ ddala abantu bonna obulabe eri abakkiriza, be Bayudaaya n'abo abenkanya Allah n'ebirala. Era ddala ojja kusanga nga abasingira ddala okuba okumpi kwagalana n'abakkiriza, be bo abagamba nti: Ffe tuli Bakulisitaayo. Ekyo lwa kuba nti mu bo mulimu abagunjule mu by 'eddiini ne bakabona, n'olwokuba nti bo tebeekuza.

Juzu 7

84. Era bwe bawulira ebyo ebyassibwa eri Omubaka, olaba amaaso gaabwe nga gakulukusa amaziga olw'amazima gebategedde nga bagamba nti: Mukama waffe, tukkirizza, kale tuwandiike mu bajulizi.

85. Ye lwaki tetukkiriza Allah n'amazima agatutuuseeko, ng'ate tusuubira Mukama waffe okutuyingiza mu bantu abatuukirivu?

86. Kale Allah yabasasula olw'ebyo bye baayogera, ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo ng'omwo mwe balibeera; era evo y'empeera y'abakozi b'ebirungi.

Ava zaffe, abo be bantu b'omuliro.

Ruku 12

88. Abange mmwe abakkiriza, temuzizanga birongoofu ebyo Allah bye yabakkiriza era temusukkanga kigero. Mazima Allah tayagala basukka kigero.

yabagabula ebyakkirizibwa, ebirongoofu. Era mutye Allah oyo mmwe gwe mukkiriza.

V يُوَّاخِذُ كُمُ اللهُ بِاللَّغُورِ فِيَ آيْمَارِنُكُمْ Allah tabavunaana olw'ebirayiro byammwe eby'olusaago, naye abavunaana

الْعَذَابِ هُمْخُلِدُوْنَ

لَكِنَّ كُثِيرًا مِّنْهُمْ فْسِقُونَ ١٠

أَصَنُواالْيَهُوْدَ وَالَّذِينَ ٱشْرَكُواءِ وَ لتَجِدَ تَ اقْرَبَهُمْ شَوَدًةً لِللَّذِيْنَ أَمَنُوا لَّذِيْنَ قَالُوٓ الرَّانَطُوٰى ﴿ ذَٰلِكَ بأن مِنْهُمْ قِسِيِّسِينَ وَرُهْمَا نَاوًا نَّهُمْ لايشتكيرون

﴿ وَإِذَا سَمِعُوا مَا أَنْزِلَ إِلَّا الرَّ سُوْ لِ تَرْى اعْيُنَهُ وَيَفِيْضُ مِنَ الدَّمْعِ مِمَّاعَرُفُوامِنَ الْحَقِّ مِيَقُولُونَ رَبَّنَا أَمَنَّا فَا كُتُبْنَا مَعَ الشَّهِدِينَ ﴿ وَمَا كِنَا لَا نُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَمَا جَآءَنَا مِنَ الْحَقِّي ﴿ وَنَطْمَعُ أَنْ يُتُدْخِلْنَا رَبُّنَا مع القور مالصلحين

فَأَثَا بُهُمُ اللَّهُ بِمَا قَالُواجَنَّتِ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْمَ ثَهْرُ خُلِدِيْنَ فِيْهَا وَ ذٰلِكَ جَرّاءُ الْمُحْسِنِيْنَ ١٠

87. Naye bo abatakkiriza era abaalimbisa وَالَّذِيْنَ كُفُرُ وَاوَكُذَّا بُوْا بِالْمِينَآ الْوَلِيَّاكُ وَالْكُونِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّ وع أصحب الْجَحِيْمِ ﴿

> يَاكَيُهُا الَّذِينَ أَمَنُوا لَا تُحَرِّمُوا طَيِّباتٍ مَاآحَتُ اللهُ لَكُمْ وَلَا تَعْتَدُوْا وَإِنَّ اللَّهُ لايُحِبُ الْمُعْتَدِيْنَ ۞

89. Era mulye kw'ebyo Allah bye وَكُلُوا مِمَّا رَزَّقَكُمُ اللَّهُ حَلِلاً طَيِّيًّا مِنَّ اللَّهِ اللَّهِ عَلِيًّا مِنْ اللَّهُ عَلِلاً طَيِّيًّا مِنْ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلِيهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ وَاللَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْكُوا عِلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْكُوا عِلْمُ عَلَّهُ عَلَيْكُوا عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَيْكُوا عِلْمُ عَلَّهُ عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عِلَّهُ عَلَيْكُوالِكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عِلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَّا عَلَاكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْكُوا عَلَيْ اتَّقُوااللَّهُ الَّذِي آنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ ١٠ oyanınıwe coy olusaago, naye abavunaana lwa birayiro ebyo bye mukakasiriza ddala. وَلَكِنْ يُوَا خِذْ كُمْ بِمَا عَقَدْ تُتُمُالاً يُمَانَ * Kale okutangirira kw'ekyo ky'omenye, kuliisa baavu kkumi ku by'omu makkati bye muliisaako ab'omu maka gammwe, oba okubambaza, oba okuwa omuddu eddembe. Naye oyo atalibifuna, kale asiibe ennaku ssatu. Okwo nno kwe kutangirira kw'ebirayiro byammwe bwe muba nga mulayidde ne mubimenya. Era mukuumenga nnyo ebirayiro byammwe. Bwe kityo Allah abannyonnyola ebiragiro bye, mulyooke mwebaze.

- 91. Abange mmwe abakkiriza, mazima ebitamiiza n'ezzaala n'ebifaananyi ebisinzibwa n'obusaale obw'okweraguza, byenyinyalwa era biri mu bikolwa bya Sitaani. Kale mubyewale, mulyooke muganyulwe.
- 92. Mazima Sitaani ky'ayagala kwe kuteeka obulabe n'obukyayi wakati wammwe olw'ebitamiiza n'ezzaala era abaziyize okujjukira Allah n'essaala. Abaffe, munalekayo?
- 93. Era mugondere Allah era mugondere n'Omubaka, nate mwerinde. Naye bwe mulyekyuusa, kale mumanye nti ddala ekiri ku Mubaka waffe, kwe kutuusa *obubaka* mu lwaatu.
- 94. Abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi tebabaako kinenyo kw'ebyo bye baba balidde, kasita batya Allah era nebakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, n'oluvannyuma ate nebatya nnyo Allah nebeeyongera n'okukkiriza, nate nebayooyoota ebikolwa ebirungi. Anti Allah ayagala nnyo abayooyoota ebikolwa ebirungi.

Ruku 13

95. Abange mmwe abakkiriza, mazima Allah ajja kubagezesa n'ekimu ku biyiggibwa ebituukwako emikono gyammwe n'amafumu gammwe, kale Allah alyooke amanyise oyo amutiira ddala munda. Naye oyo alisukka ekigero oluvannyuma lw'ekyo, y'alifuna ekibonerezo ekirumya.

96. Abange mmwe abakkiriza, temuttanga ekiyiggibwa nga muli mu *mikolo gya* Hijja. Era oyo alikitta mu mmwe nga agenderedde,

فَكُفَّارَتُكَ الْمُعَامُ عَشَرَةِ مَسْكِيْنَ مِنْ اَوْسَطِمَاتُطُعُمُ وَنَاهْلِيْكُمْ اَوْكِسُوتُهُمْ اَوْسَطِمَاتُطُعِمُ وَنَاهْلِيْكُمْ اَوْكِسُوتُهُمْ اَوْسَيَامُ اَوْسَيَامُ الْمَنْقِ النَّيْمَا نِكُمْ اِذَا تَلْاثَةِ النَّامَا نِكُمْ الْذَا لَكَ مَلَاثَةً النَّمَا نِكُمْ الْذَا لَكَ مَلَاثَةً النَّمَا الْخَمْرُ وَ لَيْبَيِّنُ اللَّهُ الْمَنْوَا اِنَّمَا الْخَمْرُ وَ لَيَبَيِّنُ اللَّهُ الْمَنْوَا الْمَنْوَا الْمَنْوَا الْمَمْرُ وَ لَيَبَيِّنُ اللَّهُ الْمُنْوَلِ وَالْمَنْوَلِ اللَّهُ الْمُنْوَلِ وَالْمَنْوَلِهُ اللَّهُ مُلِكُمْ اللَّهُ الْمُنْوَلِ فَاجْتَنِبُوْهُ لَعَلَّكُمْ لَعَلَّكُمْ اللَّهُ الْمُنْوَلِ فَاجْتَنِبُوهُ لَعَلَّكُمْ لَعَلَّكُمْ اللَّهُ الْمُنْوَلِ فَاجْتَنِبُوهُ لَعَلَّكُمْ لَعَلَّكُمْ اللَّهُ الْمُنْوَلِ فَاجْتَنِبُوهُ لَعَلَّكُمْ لَعَلَّكُمْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ اللْهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْم

إِنَّمَّا يُرِيدُ الشَّيْطِنُ آنَ يُوْقِعَ بَيْنَكُمُ الْحَكَادَةَ كَالْبَغْضَاءَ فِالْخَصْرِدَالْمَيْسِرِدَ يَصُدَّكُمْ عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَعَنِ الصَّلُوةَ * فَعَلْ اَنْتُمُمُّنْتَهُوْنَ۞

وَ اَطِيْعُوا اللهَ وَ اَطِيْعُوا الرَّسُولَ وَاعْدَدُوا الرَّسُولَ وَاعْدَدُوا الرَّسُولَ وَاعْدَدُوا الرَّسُولَ وَاعْدَدُوا الرَّسُولَ وَاعْدَدُوا اللَّمَاعَلُ وَاعْدَدُوا اللَّمَاعَلُ وَاعْدَدُوا اللَّمَاءَ لَيْ الْمُدِينُ ﴿

كَيْسَ عَلَى الَّذِيْنَ أَمَنُوْا وَعَمِلُوا الصَّلِخْتِ جُنَاحُ فِيْمَا طَعِمُوَا إِذَا مَا اتَّقَوْا وَّا مَنُوْا وَعَمِلُوا الصَّلِخْتِ ثُمَّ اتَّقَوْا وَّا مَنُوْا ثُمَّ اتَّقَوْا وَّا حَسَنُوا وَ ﴿ اللّٰهُ يُحِبُ الْمُحْسِنِيْنَ ﴾ اللهُ يُحِبُ الْمُحْسِنِيْنَ ﴾

يَا يُهُا الَّذِيْنَ أَمَنُوْا لَيَبْلُوتَكُمُ اللهُ يَنْكُمُ اللهُ يَشَكُمُ اللهُ يَشْكُمُ وَ يِشْكُمُ وَ يَشَكُمُ وَ يَشَكُمُ وَ مِنْكُمُ مَنْ يَخَافُهُ وَمَا حُكُمُ اللهُ مَنْ يَخَافُهُ كَاللهُ مَنْ يَخَافُهُ كَاللهُ مَنْ يَخَافُهُ كَاللهُ مِنْ اعْتَدَى بَعْدَ ذَٰلِكَ بِالْكَنْفِ اعْتَدَى بَعْدَ ذَٰلِكَ فَمَنِ اعْتَدَى بَعْدَ أَنْ اللهُ اللهُ

يَا يُهَا الذينَ أَمَنُوا لا تَقْتُلُوا الطّيدَ

kale engassi ya kyo mu bisolo by'omu nju yenkanenkane n'ekyo ky'asse, nga emusalirwa abasalawo babiri abenkanya abava mu mmwe, nga ekisalibwa ky'agasse kituusibwa ku Ka'ba; oba okwetangirira kw'okuliisa abaavu emmere oba okusiiba ennaku ezenkanankana na kyo, alyooke aloze ku bubi bw'ekikolwa kye. Kyokka ebyayita, byo Allah abisonyiwa; naye oyo aliddira, kale Allah gw'alibonereza. Era Allah ye Luwangula, Nannyini kwesasuza.

97. Mukkirizibbwa okuyigga eby'omu nnyanja, n'okubirya kwa mugaso gye muli n'eri abatambuze. Naye muziyiziddwa okuyigga kw'oku lukalu bwe muba nga mukyali mu mikolo gya Hijja. Era mutye Allah oyo gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.

98. Allah yassaawo Ka'ba, Enju Ey'emizizo, nga y'eyokuyimirizaawo n'okusitula abantu, ssaako n'Omwezi Omutukuvu, n'ebisolo ebisalibwa, n'ebisolo ebirina ebbona mu bulago. Olwo nno mulyooke mumanye nti mazima Allah amanyi ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi, era nti ddala Allah y'amanyi obulungi buli kimu.

99. Mumanye nti ddala Allah mukakali mu kubonereza era nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

100.Omubaka taliiko *kirala* okuggyako okutuusa obubaka. Naye Allah y'amanyi ebyo bye mwooleka ne bye mukisa.

101.Gamba nti: Ekibi n'ekirungi tebyenkanankana, obungi bw'ekibi ka bube nga bukwewuunyisa butya. Kale mutye Allah, abange mmwe abategeevu, mulyooke muganyulwe.

Ruku 14

102. Abange mmwe abakkiriza, temubuuzabuuzanga ku bintu *ebyo* singa nga biba bibalagiddwa, bibaleetera emitawaana; newaakubadde nga bwe mubibuuza awo nga Kur'āni ekyassibwa, bijja kubalagibwa. Ebyo Allah yabireka *lwa kubasaasira*. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Alumirwa *abawereza be*.

فَجَزَآءُ مِّشُلُ مَا قَتَلُ مِنَ التَّعَمِ يَحْكُمُ مِه ذَوَا عَدْلٍ مِّنْكُمْ هَدْيُّا بُلِغَ الْكَعْبَةِ آوْكَفَّارَةً طَعَامُ مَسْكِيْنَ آوْ عَدْلُ ذٰلِكَ صِيَامًا رَبِّدُوْقَ وَبَالُ آمْرِةِ الْمَعَادُ فَيَنْتَقِمُ عَفَا اللهُ عَمَّا سَلَفَ وَمَنْ عَادَ فَيَنْتَقِمُ اللهُ مِنْهُ وَاللهُ عَزْيَرُ ذُوْا انْتِقَامِ (اللهُ عَادَ اللهُ عَزْيَرُ ذُوْا انْتِقَامِ (اللهُ عَادَ اللهُ عَزْيَرُ ذُوْا انْتِقَامِ (اللهُ عَنْ اللهُ عَزْيَرُ ذُوُا انْتِقَامِ (اللهُ عَنْ اللهُ عَزْيَرُ ذُوْا انْتِقَامِ (اللهُ عَنْ اللهُ عَزْيَرُ ذُوْا انْتِقَامِ (اللهُ عَنْ اللهُ عَزْيَرُ ذُوْا انْتِقَامِ (اللهُ عَنْ اللهُ عَزْيَرُ خُوْا اللهُ عَنْ اللهُ عَلَى اللهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ عَنْ اللهُ عَنْ اللهُ عَنْ اللهُ عَلَى اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْهُ اللهُ اللّهُ اللهُ اللّهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ ال

أُحِلَّ لَكُمْ صَيْدُ الْبَحْرِ وَطَعَامُهُ مَتَاعًا تَكُمْ وَلِلسَّيَّا وَقِهِ وَحُرِّمَ عَلَيْكُمْ صَيْدُ الْبَرِّمَادُ مُنَّمُ هُورُمًا وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِيْ الْبَيْدِ تُحْشَرُونَ ۞

جُعَلَ اللهُ الْكَعْبَةَ الْبَيْتَ الْحَرَامَ وَيَعَلَ الْحَرَامَ وَيَعَلَ الْحَرَامَ وَيَعَلَمُ وَيَعَلَمُ وَيَعَلَمُ وَالْفَارِيَةَ الْحَرَامَ وَالْهَدْيَةُ الْقَلَائِدُ وَلَكَ لِتَعْلَمُ وَالْقَالِثَ اللهَ يَعْلَمُ مَا فِي الْاَرْضِ وَ اَنْ الْاَرْضِ وَ اَنْ الْاَرْضِ وَ اَنْ الْدَيْمِ وَ اللهَ اللهُ اللهُ

اعْلَمُوْااَتَ الله شَدِيدُ الْعِقَابِ وَاتَّ الله عَفُورُ لَيْحِقًا بِ وَاتَّ الله عَفُورُ لَرِّحِيمُ شَ

مَاعَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلْغُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَلَا الْبَلْغُ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَنَ وَمَاتَكُ تُمُونَ فَنَ المَّيْمُ وَنَ فَ مَاتَكُ تُمُونَ فَنَ فَلْكَمْ وَلَا تُعْلِينَ فَوَالطَّيِّبُ وَلَوْ وَمَا تَعْبَلُكُ كَثْمُ وَالْخَبِينَ فَي وَاللَّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ الْخَبِينِ فَي اللَّهُ وَاللَّهُ الْخُونَ فَلُهُ وَاللَّهُ الْمُعْلِمُ وَلَا اللَّهُ الْمُؤْنِ فَلْ اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَا اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَا اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَى اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَا اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَى الْمُؤْنِ وَلَى الْمُؤْنِ وَلَى اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَى اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَا اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْنِ وَلَا اللَّهُ اللْمُؤْنِ اللَّهُ الْمُؤْنِ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْنِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُؤْنِ الْمُؤْنُ الْمُؤْنُ الْمُؤْنِي الْمُؤْنِ الْمُؤْنِ الْمُؤْنِ الْمُؤْنِ الْمُؤْنُ الْمُؤْنُ ال

يَهَ يُهُا الَّذِيْنَ أَمَنُوا لَا تَشْعُلُوا عَنَ اَشْعُلُوا عَنَ اَشْكَاءُ إِنْ تَشْعُلُوا عَنَ اَشْكَاءُ إِنْ تَشْكُوا عَنْهَا حِيْنَ يُكُرِّلُ الْقُوالُ تُشْكُلُوا عَنْهَا حِيْنَ يُكُرِّلُ الْقُوالُ تُشْكُلُوا عَنْها مِنْكَ عَنْها وَاللّه عَنْها وَاللّه عَنْها وَاللّه عَنْها وَاللّه عَنْها وَاللّه عَنْها مَلِيْمُ فَلَا تَلْهُ عَنْها وَاللّه وَاللّه عَنْها وَاللّه وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّه وَاللّه وَاللّه وَاللّه وَاللّه وَاللّهُ وَاللّه وَاللّه وَاللّهُ وَلّهُ وَاللّه وَاللّهُ وَلّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَلّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَلّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَلّهُواللّهُ وَاللّهُ وَلّهُ وَ

5:102. Tewali kiragiro kya Allah kigendererwamu kukosa oba kulumya bakkiriza. Era Allah, olw'ekisa kye ku bakkiriza, ebimu abireka olw'obutayagala kukaluubiriza. 103. Ddala abantu abaabasooka baabibuuza naye oluvannyuma baafuuka abatakkiriza.

104. Allah tassangawo Bahira oba Sāiba oba Waswila wadde Hāmi;* naye abo abatakkiriza be bapaatiika ku Allah eby'obulimba era abasinga obungi mu bo tebategeera.

105. Era bwe bagambibwa nti: Mujje eri ebyo Allah bye yassa n'eri Omubaka, bagamba nti: Ffe bye twasangako bakitaffe bitumala. Abaffe, bakitaabwe ne bwe baba nga baali tebalina kyonna kye bamanyi era nga si balung'amu, era bo nga bagoberera?

106. Abange mmwe abakkiriza, musinge kwefaako mmwe bennyini. Oyo awabye tayinza kubalumya, singa mmwe muba nga mulung'amye. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe mwenna; kale alibategeeza ebyo bye mwakolanga.

107. Abange mmwe abakkiriza, obujulizi obutuufu wakati wammwe mu kiseera ky'okulaama nga omu mu mmwe agenda kufa, kussaawo abajulizi abasajja babiri abenkanya okuva mu mmwe. Naye bwe mubanga mutambuddeko mu nsi ne mutuukibwako omutawana gw'okufa, olwo

قَدْ سَالَهَا قَوْمُ مِّنْ قَبُلِكُمْ ثُمَّ اَصْبَحُوْا بِهَالْفِرِيْنَ شَيْ قَبُلِكُمْ ثُمَّ اَصْبَحُوْا بِهَالْفِرِيْنَ ﴿
مَاجَعَلَ اللهُ مِنْ بَحِيْرَةٍ وَّلَا سَأَيْبَةٍ
وَلَا وَصِيْلَةٍ وَّلَا حَامِ * وَ لَكِنَّ الَّذِيْنَ الَّذِيْنَ لَكُونَ الَّذِيْنَ لَكُونَ اللهِ الْحَذِبَ ، وَ لَكُنُ اللهِ الْحَذِبَ ، وَ لَكُنُ اللهِ الْحَذِبَ ، وَ لَكُنُ اللهِ الْحَذِبَ ، وَ الْكُذِبَ ، وَ الْكُذُونَ فَي اللهِ الْحَذِبَ ، وَ الْكُذُبُ وُلَا يَعْقِلُونَ ﴿

يَّايَّهُمَا الَّذِيْنَ أَمَنُوا شَهَادَةُ بَيْنِكُمْ لِذَا مَضَرَ اَحَدَّكُمُ الْمَوْتُ حِيْنَ الْوَصِيَّةِ اثْنُنِ ذَوَاعَـدْلِ مِّنْكُمْ آوْ الْوَصِيَّةِ اثْنُنِ ذَوَاعَـدْلِ مِّنْكُمْ آوْ اخْرُنِ مِنْ غَيْرِكُمْ إِنْ آئْتُمْ

^{5:104.} Bahiira (בֹּבְּלֹק) ly'elinnya Abawarabu abasamize lye baawanga eng'amira enkazi eyawezanga ennyana omusanvu, era oluvannyuma lw'okwabuluzaamu amatu ga yo,baagirekanga n'erya butaala. Eyo nno baagisamirirangako omu ku ba lubaale baabwe. Amata ga yo tegaakozesebwanga era teyeebagalwanga. Saaiba (سَائِعِية) y'eng'amira enkazi eyazaalanga ennyana ettaano. Eno baagirekanga n'erya era n'enywa nga bw'eyagala. Waswiila (دُوسِيْلَةِ) y'eng'amira oba endiga oba embuzi eyazaalanga ennyana omusanvu omuddiring'anwa, nayo baagirekanga n'erya butaala ku lwa lubaale. Ate oluzaala olw'omusanvu bwe yazaalanga ebbiri, ennume n'enkazi, nazo baazirekanga nezeetaaya. Haami (🔊 y'eng'amira ennume eyazaazanga ennyana omusanvu. Eno nayo yateebwanga era teyeebagalwanga wadde okutikkibwa ekintu kyonna. Oluvannyuma lwa Aya okugamba nti Allah ebiba bisigalidde yabirekera akole nga obwetaavu bwe buba (5:102), eggumiza nti mu by'ennono y'eddiini, omuntu teyalekerwa ddembe olw'okuba nti mu byo kyetaagisa okukwatagana mu ndowooza n'enkola. Era wano eby'okulabirako biweereddwa okulaga nti omuntu ku lulwe tasobola kusalawo bulungi mu bintu eby'ennono y'eddiini. Abawarabu abasamize, ku lwa balubaale baabwe, baalekanga ebisolo eby'enjawulo okwetaaya nga bwe byagala. Enkola eno yali ya kisamize ate nga ya butategeera kubanga ebisolo ebyo byayonoonanga ebintu bingi. Kur'ani Entukuvu wano eyoleka obukyaamu bw'amateeka agakolebwa abantu era erabula Abakulisitayo abagaana amateeka agaava eri Katonda nga balowooza nti kikolimo, kubanga Abawarabu baabula lwa mateeka ge beetekerawo ku lwabwe kyokka nga tegagasa.

musseewo abalala babiri abatali bammwe. Mu kiseera ky'okuwa obujulizi, mubaziyizanga okuvaawo oluvannyuma lw'essaala. Bwe mubanga mulinamu enkenyera, kale bombi balayire mu linnya lya Allah nti: Obujulizi tetujja kubuwaanyisaamu muwendo gwonna, akaayana ne bw'anaaba nga waffe, era tetujja kukisa bujulizi obwalagirwa Allah; kubanga ekyo bwe tunaakikola, ddala olwo naffe tunaaba mw'abo aboononyi.

108. Naye bwe kizuukanga nti ddala abajulizi bombi abaalibadde basinza okuwa obujulizi obutuufu ate bakakaseeko ekisobyo, kale abalala babiri bayimirire mu kifo kyabwe nga bava mw'abo abajulizi abaasoose be babadde bafiiriza. Kale nabo balayire mu linnya lya Allah nti: Mazima obujulizi bwaffe bwe butuufu okusinga obujulizi bwa bali bombi abasoose era tetuwaayiddemu; kuba tutya nti bwe tunaakikola, olwo naffe tujja kuba mu balyaake.*

109. Ekyo ky'ekisingira ddala *okubawaliriza* balyooke bawe obujulizi obwa nnamaddala, oba *waakiri* batye nti okulayira kukyayinza okuddibwamu *abalala* oluvannyuma lw'okulayira kwabwe *okuwakanyizibwa*. Kale mutye Allah era muwulirize *ensonga*. Era Allah talung'amya bantu bajeemu.

Ruku 15

110.Olunaku Allah lw'alikung'aanya Ababaka,aligamba nti: Kiki kye mwaddibwamu? Baligamba nti: Ffe tetulina kye tumanyi. Mazima Ggwe osinga okumanya ebyaama.

111. Awo Allah bw'aligamba nti: Owange 'Isa mutabani wa Maryamu, jjukira enneema yange eri ku ggwe ne ku nnyoko *era ojjukire* nga bwe nnakuwagira n'omwoyo ogw'obutukuvu n'oyogera n'abantu mu buto* ne mu kutuuluula. Era *jjukira* nga bwe nnakuyigiriza Ekitabo n'ebyamagezi ne Taurēti n'Enjiri, era *jjukira* nga bwe wabumba

ضَرَبْتُمْ فِي الْأَرْضِ فَاصَابَتُكُمْ مُّصِيْبَةُ الْمَوْتِ وَتَحْيِسُوْنَهُمَامِنْ بَعْدِ الصَّلُوةِ فَيُقْسِمْنِ بِاللهِ إِنِ ارْتَبَتُهُ لَا نَشْتَرِيْ بِهِ ثَمَنًا وَّلَوْكَانَ ذَا تُرْبِى وَ لَا نَكْتُمُ شَهَادَةً اللهِ إِنَّا إِذًا لَيْنَ الْإِنْجِيْنَ

فَإِنْ عُرِّرُ عَلَى اَنَّهُمَا اسْتَحَقَّا اِثْمًا فَا خَرْنِ عَلَى الَّذِيْنَ فَاخَرْنِ يَقُوْشِ مَقَامَهُمَا مِنَ الَّذِيْنَ اسْتَحَقَّ عَلَيْهِمُ الْأَوْلَيْنِ فَيُقْسِمْنِ اسْتَحَقَّ عَلَيْهِمُ الْأَوْلَيْنِ فَيُقْسِمْنِ بِاللهِ لَشْهَا دَتُنَا آتَ احَقُّ مِنْ شَهَا دَتُنَا آتُونَ الظَّلِمِيْنَ فَيَ مَا اعْتَدَيْنَا آتُوا الْأَلِمِيْنَ فَي الْطَلِمِيْنَ فَي الْطَلِمِيْنَ فَي الظَّلِمِيْنَ فَي الْطَلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْطُلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فِي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فِي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمُ الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فِي اللَّهُ الْمُلْلِمُ الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنِ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَيْمِ لَيْنَا الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنَ فَلْمُ الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْلِمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنِ فَي الْمُلْمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنِ فَلْمُ الْمُلْمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنَ فَي الْمُلْمِيْنَ فَلِمِيْنَ فَلْمُ الْمُلْمِيْنَ فَلْمُ لِمِيْنَ فَلْمُ الْمُلْمِيْنَ فَلِيْنَا لِمِنْ الْمُلْمِيْنَ فَلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ فَلِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَا لِمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمُ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنِ الْمُلْمِيْنِ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَا لِمُلْمُ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمُ الْمُلْمِيْنَ الْمُلْمُ الْمُلْمِيْنِ الْمُلْمِيْنِ الْمُلْمِيْنَا الْمُلْمُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ الْمُلْمُ ال

ذُلِكَ آدُنَى آنَ يَنَا تُوْا بِالشَّهَا كَوَّ عَلَٰ وَجُهِهَا آوْ يَخَا فُوْا آنْ تُكَرَّ آيُمَانَ بَعْدَ آيُمَا رُنِهِمْ وَاتَّقُوا اللهَ وَاسْمَعُوْا ﴿ وَاللهُ غُيْ لَا يَهُدِى الْقَوْمَا لَفْسِقِيْنَ ۞

يَوْمَ يَهْمَعُ اللّٰهُ الرُّسُلَ فَيَقُوْلُ مَا ذَآ اُحِبْتُمْ ﴿ قَالُوْا لَا عِلْمَ لَنَا ﴿ إِنَّكَ آئْتَ عَلَّا مُالْغُيُوْبِ ۞

اِذْ قَالَ اللَّهُ يُولِيكَ ابْنَ مَرْيَمَ اذْكُرُ إِذْ مَانِي عَلَيْكَ وَعَلْ وَالِدَتِكَ مِ إِذْ اَتَّذَ تُكَ مِرُوْحِ الْقُدُسِ سُكُلِّمُ الثّاسَ فِ الْمَهْدِ وَكَهْلًا مِوْرِدْ عَلَّمْتُكُ الْكِتٰبِ وَ الْمِهْدِ وَكَهْلًا مِوْرِدْ عَلَّمْتُكُ الْكِتٰبِ

5:108. Aya eno eraga nti mu kuwa obujulizi, abajulizi okuva ku njuyi zombi basaana okubaawo, ababiri abasooka abalina oluganda wakati waabwe bebaba basooka okuwa obujulizi. Kino kyeraga kaati mu Aya ekulembedde.

5:111. Kino kiraga nti 'Isa yava buto nga ayogera eby'amagezi okutuusa mu bukadde. Ekigambo 'kahlan' (3255) kitegeeza ebbanga ly'obuwangaazi bw'omuntu okuviira ddala w'amerera envi n'okweyongerayo. Kino kiraga nti ba Nabbi ba Allah obulamu bwabwe bwonna baleeta enkyuukakyuuka sinziggu mu by'omwoyo, era wano 'Isa(a.s) aleeteddwa nga eky'okulabirako mu nsonga eno.

mu budongo ekifaanana n'enkola y'ennyonyi olw'okulagira kwange, n'okifuuwamu omukka nekifuuka ekibuuka olw'okulagira kwange. Era n'owonya abatalaba n'abagenge olw'okulagira kwange. Era jjukira nga bwe wazuukiza abafu olw'okulagira kwange, era jjukira nga bwe nnaziyiza abaana ba Isirairi ku ggwe okukutta awo nga ozze gye bali n'obubonero obw'olwaatu; kale abo abatakkiriza mu bo ne bagamba nti: Kino si kirala wabula kubuzaabuza kwa lwaatu.

112. Era *mujjukire* awo bwe twabikkulira abayigirizwa (ba 'Isa) *nti*: Mukkirize Nze n'Omubaka wange. Baagamba nti: Tukkirizza era kakasa nti ddala tuli bajeemulukufu.

113. Era *mujjukire* nga abayigirizwa bwe baagamba nti: Owange 'Isa Mutabani wa Maryamu, abaffe Mukama wo asobola okutussiza ekijjulo okuva mu ggulu? N'agamba nti: Mutye Allah obanga muli bakkiriza.

114. Nebagamba nti: Twagala kukiryako emitima gyaffe gimatire era tumanye nti by'otugamba bya mazima, era tubeere bajulizi ku byo.

115. 'Isa mutabani wa Maryamu n'agamba nti: Ayi Allah Mukama waffe, tussize ekijjulo okuva mu ggulu kibeere embaga gye tuli olw'abolubereberye lwaffe n'aboluvannyuma lwaffe, era nga ke kabonero akava gy'oli era tugabule; anti Ggwe Osinga abagabuzi bonna.

116. Allah n'agamba nti: Mazima nzija kukissa gye muli. Naye oyo alyerema mu mmwe oluvannyuma, mazima ndimubonereza ekibonerezo kye sibonerezanga yenna mu bantu.

Ruku 16

117. Era awo Allah bw'aligamba nti: Owange 'Isa Mutabani wa Maryamu, abaffe ggwe wagamba abantu nti muntwale nze ne mmange nga tuli bakatonda babiri ebbali wa Allah? Aliddamu nti: Obutuukirivu bubwo! Tekinsaanira kwogera ekyo kye sirinaako buyinza. *Naye* bwe mba nga nakyogera, ddala waalibadde okimanyi. Ggwe omanyi ebiri mu mwoyo gwange, naye

تَعْلُقُ مِنَ الطِّيْنِ كَهَيْتُةِ الطَّيْرِيا ذَنِيَ فَتَنْفُخُ بِنِيهَا فَتَكُونُ طَيْرًا بِإِذْنِيَ وَتُبْرِئُ الْآكَمَة وَالْآبُرَ صَ بِإِذْنِيْءَ إِذْ تُغْرِجُ الْمَوْتُ بِإِذْنِيْءَ وَإِذْ كَفَفْتُ بِذِينَ اِسْرَاءِيلَ عَنْكَ رِذْ جِئْتَهُمُ بِالْبَيِّنْتِ فَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوْا مِنْهُمُ إِلْبَيِّنْتِ فَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوْا مِنْهُمُ إِلْبَيِّنْتِ فَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوْا مِنْهُمُ

وَإِذْ اَوْ حَيْثُ إِلَى الْحَوَادِيِّنَ اَنْ أُمِنُوا بِيَ وَ بِرَسُولِيْ * قَالُوْا اَمَنَّا وَ اشْهَدْ بِاَ ثَنَا مُشْلِمُونَ ﴿

اِذْ قَالَ الْحَوَادِيُّوْنَ لِعِيْسَى ابْنَ مَرْيَمَ هَلْ يَسْتَطِيْعُ رَبُّكَ آنَ يُنُزِّلَ عَلَيْنَا مَاشِدَةً يِّنَ السَّمَاءِ فَالَ الْكَفُوا اللهَ مِنْ كُنْتُومُهُمُ فَيْدِينَ آ

قَالُوْا ثُرِيدُ آَنْ قَاكُلَ مِنْهَا وَ تَطْمَئِنَّ قُلُوْبُنَا وَ نَعْلَمَ آَنْ قَدْ صَدَقْتَنَا وَ آَنَ نَكُوْنَ عَلَيْهَا مِنَ الشَّهِدِيْنَ ﴿

قَالُ عِيْسَى اَبْنُ مُرْيَهُ مَرَاللَّهُ مَّ رَبَّنَآ آثَوْلُ عَلَيْنَا مَا رُحُةً مِّنَ السَّمَاءِ تَكُونُ لَنَا عِيْدًا لِا زَّرِنَا وَاخِرِنَا وَالْيَةَ مِنْكَ مَ وَ ارْزُقْنَا وَآثَتَ خَيْرُ الرِّزِقِيْنَ ﴿

قَالَ اللهُ إِنِّي مُنَزِّلُهُا عَلَيْكُمْ مَ فَمَنْ يَكُفُوْ بَعْدُ مِنْكُمْ فَاثِّيْ اُعَذِّبُهُ عَذَابًا عُلَّا اُعَذِّبُهُ آحَدًا اِمِّنَ الْعَلَمِيْنَ أَعَذِّبُهُ عَذَابًا عُلَّا الْعَذِّبُهُ آحَدًا اِمِّنَ الْعَلَمِيْنَ أَعَدِّبُهُ مَا اللهِ الْعَلَمِيْنَ أَعَدِّبُهُ الْعَلَمِيْنَ

وَإِذْ قَالَ اللّهُ يُعِيْسَى ابْنَ مَرْيَمَ وَآثَتَ قُلْتَ لِلنَّاسِ اتَّخِذُ وْنِيْ وَ اُرِّيَ إِلْهَيْنِ مِنْ دُوْنِ اللّهِ ، قَالَ سُبْحُنْكَ مَا يَكُوْنُ مِنْ دُوْنِ اللهِ ، قَالَ سُبْحُنْكَ مَا يَكُوْنُ لَيْ آنَ آنَ آقُوْلَ مَا لَيْسَ لِيْ ، مِحَقِّ مَا إِنْ كُنْتُ قُلْتُهُ فَقَدْ عَلِمْتُهُ ، وَعَلَمُ مَا فِيْ نَفْسِيْ وَ لَا آعْلَمُ مَا فِيْ نَفْسِكَ ، وَلَا اللّهِ nze simanyi biri mu mwoyo gwo. Mazima Ggwe osinga okumanya eby'enkiso byonna.

119. Obanga onoobabonereza, kale ddala bo baweereza bo; naye bw'obaddiramu, ddala Ggwe Luwangula, Omugezi ennyo.

120. Allah aligamba nti: Luno lwe lunaku ab'amazima lwe banaagasibwa amazima gaabwe. Banaafuna ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera olubeerera. Allah nga musanyufu gye bali, nga nabo basanyufu gy'ali. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.


121. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah ne byonna ebibirimu; era Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.

اَنْتَ عَلَّامُ الْغُيُوْ بِ

ا عَبُدُوا الله كَبِي وَ رَبُّكُمْ مَ وَ كُنْتُ عَلَيْهِمْ مَنْتُ عَلَيْهِمْ مَنْتُ وَيَهُكُمْ مَ وَنُيْهِمْ مَكَلِكَ عَلَيْهِمْ مَكَانُتَ الرَّوْفِيْتِ عَلَى كُنْتَ الْنَوْقِيْتُ الرَّوْفِيْتُ عَلَى كُلِّ شَيْءُ شَهِيدُ هُ عَلَيْهُمْ الْكُورِيُ مِنْ تَحْدِيْهُ الْكَارِيْرُ الْحَكِيْمُ الْكَارِيْرُ الْحَكِيْمُ الْكَارِيْرُ الْحَكِيْمُ الْكَارِيْرُ الْحَكِيْمُ الْكَارِيْرُ الْحَكِيْمُ الْكَارِيْنُ الْحَكِيْمُ اللّهُ مُ حَدَّا يَوْمُ يَنْفَعُ الطَّرِيْرُ الْحَكِيْمُ الْكَارِيْرُ الْحَكِيْمُ اللّهُ وَدَيْنَ الْحَدْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْاَنْهُ وَرُفُوا عَنْهُ مَ الْكَالْفَاذُ الْحَلْمُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ الْمَدْرُ وَحِيَ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ الْمَدْرُ وَحِيَ اللّهُ عَلَيْهُ الْكَالْفَاذُ الْحَلْمُ الْمُلْكِ اللّهُ الْمَدْرُ وَحِيَ اللّهُ عَلَيْهُ الْمَلْمُ الْمُلْكَانُ اللّهُ الْمُؤْمُ الْمُلْكَامُ اللّهُ الْمُؤْمُ الْمُلْكِالْفَاذُ الْمُعْلَمُ اللّهُ الْمُؤْمُ الْمُلْكِالْفَاذُ الْمُعْلَمُ اللّهُ اللّهُ الْمُؤْمُ الْمُلْكِالْفَالْفَاذُ الْعَلْمُ الْمُلْكِالْمُ اللّهُ الْمُلْكُولُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الْمُؤْمُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ ال

بِلْنِي مُلْكُ السَّلْمُوْتِ وَ الْاَرْضِ وَ مَا غُ فِيْهِنَّ دَوْهُوَ عَلْ كُلِّ شَيْءٍ فَدِيْرُشُ

سُوَرَقُ الْأَنْعَامِ مَلِّيَّةُ ٦





AL-AN'ĀM

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Amatendo gonna ga Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi era n'assaawo ekizikiza n'obutangaavu; naye era abo abatakkiriza benkanya Mukama waabwe n'ebirala.

3. Ye y'eyabatonda mu budongo, n'oluvannyuma n'assaawo entuuko. N'entuuko endala eyagerekebwa eri gy'ali. Nate era mmwe mubuusabuusa.

4. Era ye Allah mu ggulu ne mu nsi. Y'amanyi ebyaama byammwe n'ebyo bye mwoleka, era y'amanyi bye mufuna.

5. Era tebatuukwako kabonero konna mu bubonero bwa Mukama waabwe, wabula bakakuba mabega.

6. Era baalimbisa n'amazima nga gabatuuseeko, naye mangu nnyo bajja kutuukibwako amawulire g'ebyo bye baajereganga.

7. Abaffe, tebalaba emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe egy'abo be twatebenkeza mu nsi mu ngeri mmwe gye tutabatebenkezzaamu? Era twaweereza n'ebire waggulu waabwe ebyaafukumula nnamuttikwa w'enkuba era netussaawo n'emigga egikulukuta wansi waabwe, naye twabazikiriza olw'ebibi byabwe; n'oluvannyuma lwabwe twasibulawo omulembe omulala.

8. Era singa twassa gy'oli obuwandiike nga buli ku kipande era nebakikwatako n'engalo zaabwe, ddala era abatakkiriza baaligambye nti: Kino si kirala wabula bulogo bwa lwaatu.

9. Era baagamba nti: Lwaki tassizibwa malayika? Naye singa twassa malayika, ddala ensonga yaalisaliddwawo, n'oluvannyuma tebaaliweereddwa kaagaanya.

بِسْوِاللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ٱلْحَمْدُ بِلَّهِ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمُوٰتِ وَ الْأَرْضَ وَ جَعَلَ الظُّلُمْتِ وَاللَّهُوْرَة ثُمَّ الَّذِينَ كُفَرُوْا بِرَيِّهِمْ يَعْدِ لُوْنَ هُوَ الَّذِيْ خَلَقَكُمْ رِّنْ طِيْنِ ثُمَّ قَضَى ٱجَلَّاء وَ ٱجَلُّ شُسَمًّى عِنْدَةٌ ثُمَّ ٱثْنَهُ تَمْتَرُوْنَ 🕤

وَ هُوَ اللَّهُ فِي السَّمَٰوْتِ وَ فِي الْاَرْضِ ا يَعْلَمُ سِرَّكُمْ وَجَهْرَكُمْ وَيَعْلَمُ مَا الكيسيكة

وَمَا تَازِيهِ مُرِّنَ أَيَةٍ مِّنَ أَيْتِ رَبِّهِ مُالَّا كَانُوْاعَنْهَا مُعْرِضِيْنَ

نَقَدْ كُذَّبُوا بِالْحَقِّ لَمَّا لِمَاءُ هُمْ وَنَسَوْفَ يَارِتِيْهِمْ أَنْكُوا مَا كَانُوا بِهِ يَشْتَهْزِءُوْنَ۞

ٱلمُيرَواكُمُ آهَلَكُنَا مِنْ تَبْلِهِمْ مِّنْ قَرْبِ مُّكَّنَّهُمْ فِي الْأَرْضِ مَا لَمْ نُمُكِّنَ لَكُمْ وَارْسُلْنَا السُّمَاءَعُلَيْهِمْ مِّدْدَادًا اردَّجَعَلْنَا الكَانْهُوَ تُجْرِيْ أُمِنْ تُحْتِهِمْ فَا هَلَكُنْهُمْ بِذُنُوْبِهِمْ وَٱنْشَانَا مِنَ بَعْدِ هِمْ قَرْئًا اخْرِيْنَ

وَلَوْ نَزُّلْنَا عَلَيْكَ حِثْبًا فِي قِرْطَاسِ فَكُمَسُوهُ بِٱيْدِيْهِ مْلَقَالَ الَّذِيْنَ كُفَرُّوْ اِنْ هٰذَ اللَّهِ سِحْرُ سُّبِيْنَ

وَ قَا لُوْا لُوْكُمْ أُنْزِلَ عَلَيْهِ مَلَكُ وَكُو ٱنْزَلْنَا مَلَكًا لَّقُضِيَ الْأَمْرُ ثُمَّ لَا يُنْظُرُونَ ٠

- 10. Era *Omubaka* singa twamussaawo nga malayika, mazima *malayika oyo* twalimufudde n'alabika nga omuntu era twalibatabudde butabuzi mw'ebyo bye batabukamu.
- 11. Era ddala n'Abatume abaakukulembera baaieregebwa. Nave abo mu bo abaabaiereganga, bye baajereganga ate by'ebyabebungulula.

Ruku 2

- 12. Gamba nti: Mutambuleko mu n'oluvannyuma mulabe enkomerero y'abaalimbisanga *Ababaka* nga bwe yali.
- 13. Gamba nti ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi by'ani? Gamba nti: Bya Allah. Yeekakasaako obusaasizi. Ddala ajja kugenda nga abakung'aanya okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira,ekyo tekiriimu kubuusabuusa. Naye abo abazikiriza emyoyo gyabwe si ba kukkiriza.
- bibye, Era ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.
- 15. Gamba nti: Abaffe, atali Allah Omutonzi w'eggulu n'ensi, gwemba nfuula Omukuumi ng'ate Allah y'aliisa bonna so nga Ye taliisibwa? Gamba nti: Nze n'alagirwa okuba omubereberye mw'abo abeewaayo, era nagambibwa nti: Tobanga mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.
- 16. Gamba nti: Mazima nze ntya ekibonerezo ky'olunaku olw'ekitalo, singa mba njeemedde Mukama wange.
- 17. Oyo alikyewazibwa ku lunaku olwo, kale ddala Allah aliba amusaasidde. Era obwo bwe buwanguzi obw'olwaatu.
- 18. Era Allah bw'akutuusaako obuzibu, kale tewali *mulala* asobola kubuggyawo okuggyako Ye yekka. Ate bw'akutuusaako obulungi, tewali abuziyiza; anti ye Muyinza wa buli kimu.
- ye w'Amagezi ennyo, Ategeera byonna.
- 20. Gamba nti: Kintu ki ekisinga obukulu mu kuwa obujulizi? Gamba nti: Allah ye

وَ لَهُ جَعَلْنَهُ مَلَكًا لَّجَعَلْنَهُ رَجُلًا وَ لكبك أعكيهم مكايليسون

وَلَقَوا شَتُهُزِئَ بِرُسُلِ مِنْ قَبُلِكَ فَكَأَقَ بِالَّذِيْنَ سَخِرُوْا مِنْهُمْ مَّا كَانُوْا بِهِ الله يَشتَهْزِءُونَ شَ

قُلْ سِيْرُوْافِ الْأَرْضِ ثُمَّ انْظُرُوْاكِيهِ كان عَاقِبَةُ الْمُكَذِّبِيْنَ ١

قُلْ لِلْمَنْ مَّافِي السَّمَوْتِ وَالْهَ رَضِ قُلْ يِتْلُو اكتَبَ عَلَى نَفْسِهِ الرَّحْمَةَ لَيَهْمَعَنَّكُمْ إِلَى يَوْمِ الْقِيلِمَةِ لَارَيْبَ فِيْهِ وَالَّذِينَ خَسِرُوْا ٱنْفُسَهُمْ فَهُمْ لَا يُوْمِنُوْنَ 🕝

14. Era byonna ebibeera mu kiro n'emisana وَلَهُ مَا سَكُنَ فِي النَّيْلِ وَ النَّهَارِ وَ هُوَ يَاكُنُ مِن اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ ال السّمينة الْعَلْمُونَ

> قُلُ ٱغَيْرُ اللهِ ٱتَّخِذُ وَلِيًّا فَاطِرٍ السَّمُوٰتِ وَ الْأَرْضِ وَ هُوَ يُطْعِمُ وَلَا يُطْعَمُ وَقُلُ إِنِّي آمِرْتُ آنُ ٱكُوْنَ ٱوَّلَ مَنْ أَسْلَمُ وَ لَا تَكُوْنَتَ مِنَ المُشْرِكِيْنَ

> قُلْ إِنِّي آخًاكُ إِنْ عَصَيْتُ رَبِّيْ عَذَابَ يؤم عظيم

> مَنْ يُصْرَفْ عَنْهُ يَوْمَئِذٍ فَقَدْرَ حِمَهُ وَذَٰ لِكَ الْفَوْزُ الْمُبِينُ

> وَإِنْ يَتَمْسَسُكَ اللَّهُ بِضُرِّ فَلَا كَاشِفَ كَهُ إِلَّا هُوَ وَرَانَ يُمْسَشَكَّ بِخَيْرِ فَهُوعَلَ كُلِّ شَيْء قديرُ

19. Era ye Mukasi ku baweereza be, era وَهُوَ عِبَادِهِ ﴿ وَهُو الْقَاهِ لِهِ الْقَاهِ لِهِ الْقَاهِ لَهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ اللّ الْحَكِيْمُ الْخَيِيْرُ 🛈

قُلْ أَيُّ شَيْءٍ ٱلْكَبُرُشَهَا دَقَّاء قُلِ اللَّهُ سُ

Mujulizi wakati wange nammwe. Era nabikkulirwa Kur'āni eno ndyooke ngirabuze mmwe ne bonna b'erituukako. Abaffe, mmwe mukakasa nti ddala waliwo bakatonda abalala ebbali wa Allah? Gamba nti: Nze ekyo sikijulira. Gamba nti: Mazima ddala Omusinzibwa Allah ali Omu yekka, era ddala nze neewala nnyo ebyo bye mumwenkanya nabyo.

21. Abo betwawa Ekitabo *Mutume* bamumanyi *bulungi* nga bwe bamanyi abaana baabwe. Abo abeefiiriza bokka, kale bo si ba kukkiriza.

Ruku 3

- 22. Era ani omwonoonefu ennyo okusinga kw'oyo apaatiika ku Allah eby'obulimba oba alimbisa Aya ze? Mazima aboononefu si baakuganyulwa.
- 23. Era jjukira olunaku lwe tulibakung'aanya bonna, n'oluvannyuma tuligamba abo abenkanyanga Allah n'ebirala nti: Baluwa abammwe be mwalowoozanga nti benkanankana ne Allah?
- 24. N'oluvannyuma tebaliba na kye beekwasa, wabula baligamba nti: Mu mazima ga Allah, Mukama waffe, tetwali benkanya Allah na birala.
- 25. Kale laba nga bwe beerimba bokka. Era ebyo bye baajinganga biribaabulira.
- 26. Era mu bo mulimu abakuwuliriza; naye twassa ku mitima gyabwe ebibikka, baleme kugitegeera ne mu matu gaabwe mulimu obuggavu. Ne bwe balaba obubonero obwa buli ngeri tebabukkiriza, okutuusa lwe bajja gy'oli nebakuwakanya nga abatakkiriza bagamba nti: Kino si kirala wabula z'engero z'abedda.
- 27. Era *Kur'āni* bagiziyiza n'abalala era nabo *bennyini* nebagyesamba. Naye tebazikiriza mulala wabula bezikiriza bokka, naye tebategeera.
- 28. Era singa olaba awo nga basimbiddwa awali omuliro, kale baligamba nti: Woowe! Singa nno tuzzibbwaayo, tetwalirimbisizza

شَهِيْدُ بَيْنِيْ وَبَيْنَكُمْ وَ أُوْرِي إِلَيَّا هَٰذَا الْقُوْانُ لِأُ نُذِرَكُمْ بِهِ وَ مَنَ اللهِ لَكُمْ اللهِ بَلَغَ اللهِ بَلَغَ اللهِ اللهِي

وَ يَوْمُ لَكُشُوهُمُ جَمِيْعًا ثُمَّ نَقُولُ لِللَّذِينَ الْمُعَ نَقُولُ لِللَّذِينَ الْمُكَادُونَ الْمُرَكُوا الْمُنَافُ الْمُؤْنَى الْمُرْكَادُ الْمُحَادُونَ الْمُرْكَادُ الْمُحَادُونَ الْمُنْ الْمُحَادُونَ الْمُحَدُونَ اللَّهُ اللَّالَةُ اللَّا اللَّهُ اللَّالِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّا

ثُمَّ لَمْ تَكُنَّ فِتْنَتُهُمْ رَآثَ آنْ قَالُوْا وَاللّهِ رَبِّنَا مَا كُنَّا مُشْرِكِيْنَ

ٱنْظُرْكَيْفَكَدَّبُوا عَلَى آنْفُسِهِمْ وَضَلَّ عَنْهُمْ مَّاكَانُوا يَفْتَرُوْنَ۞

وَمِنْهُمْ مَّنْ تُكَفَّتُمِعُ الْكِيكَ ﴿ وَجَعَلْنَاعَلِى قَلْوَهِمْ الْكِيكَ ﴿ وَجَعَلْنَاعَلِى قَلْوَهِمْ الْكِنَّةُ انْ يَفْقَهُوْ ﴾ وَفَيْ الْحَالَ الْكِيةِ لَا الْحَالُولَ اللّهُ اللّهِ اللّهُ اللّه

وَهُ هَ يَنْهَوْنَ عَنْهُ وَيَنْعُوْنَ عَنْهُ وَ مَا اللهِ اللهُ اللهُ

وَكُوْ تُزَى إِذْ رُقِفُوا عَلَى التَّارِ فَقَالُوْا يَلِيَّ التَّارِ فَقَالُوْا يَلِيثِ مُنِينًا وَ يَلْنَا وَ لِلنَّا وَلَا نُكُذِّب بِالْنِتِ رَبِّنَا وَ

nate kulabula kwa Mukama waffe era twalibadde mu bakkiriza.

- 29. Ddala byeyolese ebyo bye baakisanga olubereberye. Era ne bwe baalizziddwayo, ddala era baaliddidde *okukola* ebyo bye baaziyizibwako, era ddala balimba.
- 30. Era baagamba nti: Teri kirala nate okuggyako obulamu bwaffe buno obw'oku nsi, era ffe tetulizuukizibwa.
- 31. Era singa olaba awo nga basimbiddwa mu maaso ga Mukama waabwe, aligamba nti: Abaffe, kino si kya mazima? Baliddamu nti: Yee, mu mazima ga Mukama waffe. Aligamba nti: Kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mwagaananga.

Ruku 4

- 32. Mazima baamala okufiirwa abo abaalimbisa okusisinkana ne Allah, okutuusa ekiseera lwe kiribatuukako ekibwatukira. baligamba nti: O! Nga kya kusaalirwa gye tuli olw'ebyo bye twalagajjalira. Era balyetikka obuzito bw'ebibi byabwe ku migongo gyabwe. Mwetegereze, nga bibi nnyo ebyo bye balyetikka!
- 33. Era obulamu bw'ensi si kirala wabula muzannyo na kwegayaaza. Naye ddala amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi eri abo abatya Allah. Abaffe, temukozesa magezi?
- 34. Mazima tumanyi bulungi nti ddala ebyo bye boogera bikunakuwaza. Naye ddala tebalimbisa ggwe, wabula aboonoonyi bubonero bwa Allah bwe bawakanya mu bugenderevu.
- baalimbisibwa naye nebagumiikiriza kw'ebyo bye baalimbisibwamu, era baakijjanyizibwa okutuusa lwe baatuukwako obuyambi bwaffe. Naye tewali yenna asobola kukyuusa bigambo bya Allah. Era ddala omaze okutukibwako ebimu ebyafa ku Batume.
- 36. Era obanga okalubiriddwa olw'okwesamba kwabwe, kale obanga osobola okunoonya omuwulukwa mu ttaka oba enkandaggo okulinnya mu ggulu obaleetereyo akabonero, kikole. Naye singa Allah yayagala kukaka, bonna yaalibakung'aanyirizza ku bulung'amu.

نَكُوْنَ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ

بَلْ بَدَا لَهُمْ مَّا كَانُوا يُخْفُوْنَ مِنْ قَبْلُ وَكُوْرُدُّ وَالْعَادُوْ الْمِمَا نُهُوْ اعْدُهُ وَلا تُهُمْ لَكُذِيُون ٠٠٠

وَقَا لُوْ الده هِيَ راكم حَيَّا تُنَّا الدُّ ثِيَّا وَمَا نَحْنُ بِمَبْعُوْ ثِيْنَ ﴿

وَكُوْ تَرْكَى إِذْ وُقِفُوا عَلَى رَبِّهِمْ مِقَالَ ٱكَيْسَ هٰذَا بِالْحَقِّ ﴿ قَالُوْا بَلِّي وَرَبِّنَا ﴿ قَالَ فَذُوْقُوا الْعَذَاتِ بِمَا الم تكفرون الله

قَدْ خَسِرَ الَّذِيْنَ كُذَّبُوا بِلِقَآءِ اللهِ حَتَّى إِذَا كِمَاءَ ثُهُمُ السَّاعَةُ يَعْتَدُّ قَالُوْا لحش تناعل مافة طنافيها وهه يَحْمِلُونَ ٱوْزَارَهُمْ عَلَى ظُهُوْرِهِمْ و ٱلَّا سَآءَمَايُزِرُوْنَ۞

وَ مَا الْحَيْوِةُ الدُّنْيَآ إِلَّا لَعِبُ وَ لَهُؤَهُ وَكُلَّمَّ ارُ الْمُ خِرَةُ خَيْرٌ لِلَّذِيْنَ يَتَّقُونَ ا آفَلَا تَعْقِلُوْنَ ا

قَدْنَعْكُمُ إِنَّهُ لَيَحْزُنُكَ الَّذِيْ يَقُولُونَ فَإِنَّهُمْ لَا يُكَذِّبُوْنَكَ وَلَكِنَّ الظَّلِمِيْنَ بالنو الله يَجْحَدُونَ ١٠

35.Era ddala n'Abatume abaakukulembera وَلَقَدُكُ يَّ بَتُ رُسُلُ مِّنْ قَبُلِكَ فَصَيْرُوا عَلَى مَا كُذِّ بُوْا وَ أُوْذُوْا كِتِّي ٱلْحِيهُم نَصْرُنَا ﴿ وَكَا مُبَدِّ لَ لِكُلَّمْتِ اللَّهِ ، وَ لَقَدْ جَآءَ كَ مِنْ تَبَاعُ الْمُرْسَلِيْنَ وَإِنْ كَانَ كُبُرُعُلَيْكَ إِعْرَاضُهُمْ فَإِنِ استطعت أن تبتني نفقًا في الأرض أو سُكُمًا فِي السَّمَاءِ فَتَأْتِيكُمْ بِأَيَّةٍ ، وَكُوْ شَاءُ اللَّهُ لَجَمَّعُهُمْ عَلَى اللَّهُدَى فَكُرّ

Kale tobanga mw'abo abatamanyi.

37. Era ddala abaanukula be bo abawuliriza *n'obwesimbu*. Naye abafu, Allah alibazuukiza, n'oluvannyuma gy'ali gye balizzibwa.

38. Era bagamba nti: Lwaki tassizibwako kabonero okuva eri Mukama we? Gamba nti: Mazima Allah asobola bulungi okussa akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

39. Era tewali kiramu kyonna *ekitambula* ku nsi oba ennyonyi ebuuka n'ebiwawaatiro bya yo byombiriri, wabula nabyo bibinja nga mmwe. Tetulina kyonna kye twalekayo mu Kitabo. N'oluvannyuma eri Mukama waabwe gye balikung'aanyizibwa.

40. Era abo abaalimbisa obubonero bwaffe, bazibu ba matu era bakasiru, bali mu kizikiza. Oyo Allah gw'aba asalidde, amulekulira n'abula. N'oyo gw'aba asiimye, amussa ku kkubo eggolokofu.

41. Gamba nti: Mulabye mutya? Ye muliddamu ki singa mutuukibwako ekibonerezo kya Allah oba ne mutuukibwako Ekiseera ekyagerekebwa, abaffe ddala muliwanjagirayo omulala atali Allah, bwe muba nga ddala muli bamazima?

42. Wabula Ye yekka gwe muwanjagira, kale n'abaggyirawo kye mumuwanjagiddeko bw'aba nga ayagadde; era olwo ne bye mumwenkanya nabyo mubyerabira.

Ruku 5

43. Era ddala twatuma *Ababaka* eri amawanga olubereberye lwo. *Bwe baajeema*, netubakangavvula n'obwavu n'obuyinike, balyooke beetoowaze.

44. Naye lwaki bwe baatuukibwako okukangavvula kwaffe tebeetoowaza? Wabula emitima gyabwe gyakakanyala bukakanyazi era Sitaani n'abalungiyiza ebyo bye baakolanga.

45. Naye bwe beerabira ebyo bye baabuulirirwako, kale twabaggulirawo emiryango gya buli kimu — okutuusa lwe baajaganya olw'ebyo bye baaweebwa — netubakangavvula kibwatukira; okwejjuukiriza nga قَ تَكُوْنَقُ مِنَ الْجِهِلِيْنَ ۞ قَعْدًا تُكُونَنُ مِنَ الْجِهِلِيْنَ ۞

إِنَّمَا يَسْتَجِيبُ الَّذِينَ يَسْمَعُونَ اَوَ اللهُ اللهُ

وَقَالُوْالُوْكُ نُزِّلُ عَلَيْدِ أَيَةً مِّنْ رَّبِّهِ، قُلْ إِنَّ اللَّهَ قَادِرٌ عَلْ آنْ يُنَزِّلُ أَيَةً وَّ لَكِنَّ آكُثُرُهُ مُلِا يَعْلَمُوْنَ ۞

وَمَا مِنْ وَآبَةٍ فِ الْأَرْضِ وَ لَا طَبْرِ تَطِيدُ بِجَنَا مَيْدِ إِنَّ أَمُمْ إَمْثَا لُكُمْ ا مَا فَرَّطْنَا فِي الْكِتْبِ مِنْ شَيْءِ ثُمَّ إِلَى رَبِّهِمْ يُحْشَرُونَ ﴿

وَالْكَوْيُنَ كَذَّ بُوْا بِالْيَتِنَاصُمُّ وَبُهُ عُمُوْفِ الظُّلُمْتِ مَنْ يَشَاا لللهُ يُضْلِلْهُ وَمَنْ يَشَا يَجْعَلْهُ عَلْ صِرَاطٍ مُّسْتَقِيْمٍ ۞ تَشَارُ اَرَءُ يَتَكُمُ إِنْ اللهِ مُنْ عَذَا بُ اللهِ اَوْ اَتَتْكُمُ السَّاعَةُ اَغَيْرًا للهِ تَدْعُوْنَ مِ انْ كُنْتُمُ صَدِقِيْنَ ۞

مَلْ إِيَّاهُ تَدْعُوْنَ فَيَكْشِفُ مَا تَدْعُوْنَ فَيَكْشِفُ مَا تَدْعُوْنَ ﴾ الله عِران شَاءً وَتَنْسَوْنَ مَا تُشْرِكُوْنَ ﴿

وَ لَقَدْ آرْسَلْنَآ اِلَى أُمَدٍ يِّنْ قَبْلِكَ فَاخَذْنْهُ مُهِمْ بِالْبَاْسَاءِ وَالْضَّرَّاءِ لَعَلَّمُمْ يَتَضِرَّعُونَ ۞

فَكُوْلَا إِذْ بَكَاءَ هُمْ بَاسُنَا تَضَرَّعُوْا وَلَكِنَ قَسَتْ قُلُوْ بُهُمْ وَزَيَّنَ لَهُمُ الشَّيْطِيُ مَا كَانُوْا يَعْمَلُوْنَ ۞

فَلَمَّا نَسُوا مَا ذُكِّرُوا بِهِ فَتَحْنَا عَلَيْهِمْ الْمُواتِ عَلَيْ الْمَا عَلَيْهِمْ الْمُواتِ عُلِّ شَيْءً عَلَيْ الْمَا فَرَحُوا بِمَا أُوْتُوَا الْخَذْ لُهُمْ مَبَغْتَةً فَإِذَا

baweddemu essuubi.

46. Olwo emirandira gy'abantu abo aboononyi negikutulwa. Era amatendo gonna ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

47. Gamba nti: Mulabye mutya? Singa Allah aggyawo okuwulira kwammwe n'okulaba kwammwe era n'assa n'envumbo ku myoyo gyammwe, kale musinzibwa ki nate atali Allah ayinza okubibaddiza? Kale laba engeri gye tukyuusakyuusaamu okulabula, ate bo nebakubayo mabega.

mutuukibwako ekibonerezo kya Allah kibwatukira oba mu lwaatu, abaffe waliwo omulala azikirizibwa okuggyako abantu aboononefu?

ba mawulire ag'essanyu era nga balabuzi. مُنْذِرِيْنَ مِذَمَنَ أَمِنَ وَآصَلَحَ فَلاَ خَوْفً Kale abo abakkiriza era nebalongookera مُنْذِرِيْنَ مِذَمَنَ أَمِنَ وَآصَلَحَ فَلاَ خَوْفً ddala, olwo tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

50. Naye abo abalimbisa obubonero bwaffe be balituukibwako ekibonerezo olw'okubanga baaieema.

51. Gamba nti: Sibagamba nti nze nnina amawanika ga Allah wadde nti mmanyi eby'enkiso, era sibagamba nti ndi malayika. Nze sigoberera kirala okuggyako ebyo ebimbikkulirwa. Gamba nti: Abaffe, omuzibu w'amaaso n'oyo alaba bafaanagana? Abaffe, temufumiitiriza?

Ruku 6

52. Era labula nayo (Kur'āni) abo abatya balikung'aanyizibwa eri Mukama waabwe, era nti tebalinaayo muyambi wadde omuwolereza yenna ebbali we (Allah), balyooke beekuume.

53. Era togobanga abo abakoowoola Mukama waabwe enkya n'eggulo nga banoonya okusiima kwe. Ggwe tovunanyizibwa ku kubalirirwa kwabwe n'akatono, nabo tebavunanyizibwa ku kubalirirwa kwo n'akatono. Kale bw'onobagobaganya, ojja kuba mw'abo abakyaamu.

هُمْ شُيْدِ سُونَ

الظّلمُون

فَقُطِعَ دَابِرُ الْقَوْمِ الَّذِيْنَ ظَلَمُوا اوَ الْعَمْدُرِيثُهِ رَبِّ الْعُلَمِيْنَ الْعُلَمِيْنَ

قُلْ أَرْءَيْنُهُ إِنْ أَخَذَ اللَّهُ سَمْعَكُمْ وَ اَبْصارَكُمْ وَخَتَمَ عَلْ قُلُوْ بِكُمْ مَّنْ اللَّهُ غَيْرُ اللهِ يَأْتِيْكُمْ بِهِ ﴿ أُنْظُرُ كَيْفَ نُصَرِّفُ الْأَيْتِ ثُمَّهُمُ مُرْيَصْدِ فُوْنَ ۞ 48. Gamba nti: Mulabye mutya? Singa عَذَابُ اللهِ عَذَابُ اللهِ عَذَابُ اللهِ عَذَابُ اللهِ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ اللهِ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ اللهُ عَدَابُ ع بَغْتَةً ٱوْجَهْرَةً هَلْ يُهْلَكُ إِلَّا الْقَوْمُ

49. Era tetutuma Babaka wabula baba bawi وَمَا نُوْسِلُ الْمُوْسَلِلْيَنَ وِلَّا مُبَيِّشِوِيْنَ وَ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْدُ نُوْنَ ١٠

> وَالَّذِيْنَ كُذَّهُوا بِأَيْنِنَا يُمَسُّهُمُ الْعَذَابُ بماكا نوا يَفْسُقُون

> قُلُكُم اَقُوْلُ لَكُمْ عِنْدِيْ خَزَائِنُ اللهِ وَلَا ٱعْلَمُ الْغُيْبُ وَلَا آتُوْلُ لَكُمْ إِنِّي مَلَكَ ، رِانَ ٱتَّبِيعُ رِالَّا مَا يُؤْخَى رِالِيَّا ، قُلْ هَلْ يَسْتُوى الْآعْلَى وَ الْيَصِيْرُ مِ أَفَلًا

> وَٱنْذِرْبِهِ الَّذِيْنَ يَخَافُوْنَ آنْ يُحْشُرُوْا إِلَى رَبِّهِ مُلَيْسَ لَهُمْرِيِّنَ دُوْنِهِ وَإِلَّ وَكُ شَفِيْعُ لَكَاهُمُ مُنْتُقَوْنَ ١٠

رُكُ تَطْرُدِ الَّذِيْنَ يَدْعُوْنَ رَبُّهُمْ بِالْغَدُوةِ وَ الْعَشِيِّ يُرِيْدُوْنَ وَجْهَهُ اللَّهُ مَا عَكَيْكَ مِنْ حِسَابِهِمْ مِّنْ شَيْءٍ وَ مَا مِنْ حِسَابِكَ عَلَيْهِ هُرَيِّنَ شَيْرٍ فَتَطُرُدَ هُمْ فَتُكُوْنَ مِنَ الظَّلِمِينَ @

54. Era bwe kityo twagezesa abamu ku bo ku balala, balyooke bagambe nti: Bano nno be bo Allah be yasaasira mu ffe? Abaffe, Allah si y'asinga okumanya abeebaza?

55. Era abo abakkiriza Ava zaffe bwe bajjanga gy'oli, kale gambanti: Emirembe gibeere ku mmwe. Mukama wammwe yeekakasaako yennyini okusaasira. Bwe kityo, yenna mu mmwe alikola ekibi olw'obutamanya, n'oluvannyuma lwa kyo n'abonerera era n'atereerera ddala, kale Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

56. Era bwe tutyo tuttottola amateeka olwo ekkubo ly'aboonoonyi liryooke lyeyerule.

Ruku 7

57. Gamba nti: Nze naziyizibwa okusinza ebyo bye mulaajanira ebbali wa Allah. Gamba nti: Nze sijja kugoberera kwagala kwammwe, kuba olwo nange nnaaba mbuze era nnaaba siri mw'abo abaalung'amizibwa.

obw'olwaatu obuva eri Mukama wange, naye mmwe mubulimbisa. Era ebyo bye musaba okwanguyizibwa sibirina. Okusalawo si kwa mulala, wabula kwa Allah yekka. Y'annyonnyola amazima era y'asinga abalamuzi bonna.

59. Gamba nti: Singa ebyo bye musaba okwanguyirizibwako mbirina, olwo ensonga yandisaliddwawo mangu wakati wange nammwe. Era Allah y'asinga okumanya aboonoonefu.

60. Era ebisumuluzo by'ebyenkiso biri gy'ali; tewali abimanyi okuggyako Ye. Era y'amanyi ebiri ku lukalu ne mu nnyanja. Era tewali kakoola konna kagwa wabula akamanya; wadde empeke mu kizikiza ky'ensi— k'ebe mbisi obankalu— wabula byonna biri mu Kitabo ekitangaaza.

61. Era y'Oyo atwala emyoyo gyammwe ekiro nga mwebase era y'amanyi byonna bye mukola emisana; nate y'abazuukiza mu gwo, ekiseera ekyagerekebwa kiryooke kituukirire. N'oluvannyuma gy'ali y'eri obuddo bwammwe; nate era y'alibategeeza ebyo bye mwakolanga.

اللهُ بِأَعْلَمُ بِالشَّكِرِيْنَ 6

وَاذَاجَآءَكَ الَّذِيْنَ يُؤْمِنُوْنَ بِالْيِتِنَافَقُلْ الآهمة الله مَنْ عَمِلَ مِنْكُمْ سُوّ يجهاكة ثُمَّاتًا بُرِينُ بَعْدِهِ وَآَصْ

وكذلك ثفصل الإيت ولتشتيثن سييل ع الْمُجْرِمِيْنَ أَن

قُلُ إِنِّي نُهِيْكُ أَنْ آعَبُدَ الَّذِيْنَ تَدْعُونَ مِنْ دُوْنِ اللهِ وَقُلْ ﴾ آنكيمُ آهُوَ آءَكُدُه قَدْضَلَلْتُ رادُ اوَّمَآانَامِنَ الْمُهْتَدِيْنَ۞ 58. Gamba nti: Nze ndi ku bukakafu هُلُ إِنِيْ عَلَى بَيِسَنَةِ رَبِّنَ دَيِّ وَكُذَّ بُتُمْ بِهِ الْمُ مَا عِنْدِيْ مَا تَسْتَعْجِلُوْنَ بِهِ ﴿ إِنِّ الْحُكُمُ إِلَّا رِلْتِهِ ﴿ يَقُصُّ الْحَقُّ وَهُو خَيْرُ الْفَاصِلِينَ ۞

> قُلْ لَوْاتً عِنْدِيْ مَاتَسْتَعْجِلُوْنَ بِمِ لَقُضِيَ الأَمْرُ بَيْنِيْ وَ بَيْنَكُمْ وَ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بالظّلمين

> وَعِنْدَهُ مَفَاتِحُ الْغَيْبِ لَا يَعْلَمُهَا إِلَّا هُوَ ا وَيَعْلَمُ مَا فِي الْبَرِّوَ الْبَكْرِ ، وَمَا تَشْقُطُ مِنْ زُرَقَةٍ إِلَّا يَعْلَمُهَا وَلَا حُبَّةٍ فِي ظُلُمْتِ الْأَرْضِ وَ لَا رَطْبِ وَ لَا يَابِسٍ ركم فِي كِتْبِ مُّبِيْنِ

وَهُوَالَّذِيْ يَتُوَفَّىكُمْ بِالَّيْلِ وَيَعْلَمُ مَا جَرَعْتُمْ بِالنَّهَارِ ثُمَّ يَبْعَثُكُ ڔڸؽڨٛۻۜٵۘڮڶؖۺؙۺۜڲؖ؞ؿ۠ؗ۫۫ٚٙۯۜٳڵؽۅڡٙۯڿۼػؙۿ عُ ثُمَّ يُنَبِّ تُكُمْ بِمَا كُنْتُوتَعْمَلُونَ ﴿ Ruku 8

62. Era Ye ye mukasi ku baweereza be era y'abaweereza abakuumi,okutuusa omu mu mmwe lw'atuukibwako okufa, Ababaka baffe ne bamufiisa, era bo tebagayaalirira *kiragiro*.

63. N'oluvannyuma bazzibwayo eri Allah, Mukama waabwe Ow'amazima. Mutegeere, obulamuzi bubwe, era y'asinga ababalirizi bonna obwangu.

64. Gamba nti: Ani abawonya mu mitawaana gy'oku lukalu ne ku nnyanja nga mumuwanjagira n'obwetoowaze ate munda ddala, nti: Bw'anatuwonya *ekizibu* kino, mazima tujja kuba mw'abo abeebaza?

65. Gamba nti: Allah y'abibawonya era y'abawonya ne mu buli mutawaana; nate bwe muva awo nemumwenkanya n'ebirala.

66. Gamba nti: Y'alina obuyinza okubasindikira ekibonerezo okuva waggulu wammwe oba okuva wansi w'ebigere byammwe, oba okubatabulatabula* *nemuba* bubiinabiina, *olwo* n'abaloza ku mitawaana egiva mu mmwe bennyini. Kale laba nga bwe tukyuusakyuusa obubonero, balyooke bategeere.

67. Era abantu bo *obubaka* baabulimbisa, so nga ge mazima. Gamba nti: Nze siri mulabirizi ku mmwe.

68. Buli ekirangibwa kibaako ekiseera ekigere; era mangu nnyo mujja kumanya.

69. Era bw'olabanga abo abayingirira okuvvoola Aya zaffe, kale ggwe beesambenga, okutuusa lwe bayingira mu mboozi *endala* etali eyo. Naye Sitaani bw'abanga akwerabizza, kale oluvannyuma bw'ojjukiranga, totuulanga awamu n'abantu aboononefu.

70. Naye abo abeekuuma tebavunanyizibwa n'akatono ku kubalirirwa kwabwe, okuggyako okubabuulirira, balyooke batye Allah.

وَ هُوَ الْقَاهِرُ فَوْقَ عِبَادِمٍ وَ يُرْسِلُ عَلَيْكُمْ حَفَظَةً عَتَى إِذَا جَاءَ آحَدُكُمُ عَلَيْكُمْ حَفَظَةً عَتَى إِذَا جَاءَ آحَدُكُمُ الْمَوْتُ وَ هُمْ لَا الْمَوْتُ اللَّهُ لَا اللَّهُ لَا اللَّهُ اللّلِهُ اللَّهُ اللَّالِمُ اللّهُ اللَّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ ا

ثُمَّرُدُّ وَالِكَ اللهِ مَوْلُسَهُ مُالْكَقَّ الَاكَهُ الْحُكُمُ الْكَالِمُ اللهِ مَوْلُسَهُ مُالْكَقَّ الْكِنْ الْحُكُمُ الْكَلَمُ الْكَلَمُ الْكَالِسِ الْكِرِّ وَ الْكِحْرِ الْمُحْرِثَدْ عُوْلُكَ الْصَدَّرُ عَالَّا خُفْلِيَةً اللَّمِنَ الْبُحْدِينَ مِن هٰ فِيهٖ لَلْكُوْلَقَ مِنَ الشَّكِرِينَ اللهِ السَّكِرِينَ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللّهُ اللهُ اللهُ

قُلِ اللّٰهُ يُنَجِّ يَكُمْ مِّنْهَا وَمِنْ كُلِّ كَرْبٍ نُمَّا نَهُمْ تُشْرِكُونَ۞

قُلْ هُوَ الْقَادِرُ عَلَى آنَ يَبْعَثَ عَلَيْكُمْ عَذَابًا مِّنْ فَوْقِكُمْ اَوْ مِنْ تَحْتِ اَدُجُلِكُمْ اَوْ يَلْبِسَكُمْ شِيَعًا وَ يُزْيِقَ بَعْضَكُمْ بَاْسَ بَعْضِ الْنَظْرَكَيْفَ نُصَرِّفُ الْالِتِ لَعَلَّمُمْ يَفْقَهُونَ ۞

ٷۘػڐؙۧۘٙٙۘۘۛۛۛۛۛػڔۣؠ؋ڡۜٙۉڡؙڬٙۘۘۘۘۏۿۅٵڷػؿٞ۠ٷٛڶڷۜۺؿؙ عَلَيْكُمْ بِۅؘڮؽڸؚڽ۠

لِكُلِّ نَبَا مُسْتَقَرُّ وَسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ ۞

رَادَارَايَتَ الَّذِينَ يَخُوْضُوْنَ فِيَ الْيَتِنَا فَأَعْرِضْ عَنْهُمْ حَتَّى يَخُوْضُوْا فِيْ حَدِيْثِ غَيْرِهِ وَامَّا يُنْسِيَنَّكَ الشَّيْطُنُ فَلَا تَقَعُدُ بَعْدَ الزِّكْرِى مَعَ الْقَوْمِ الظِّلِمِيْنَ ()

وَمَا عَلَى اللَّذِينَ يَتَقَوُنَ مِنْ حِسَابِهِمْ مِّنْ شَيْءً وَ لَكِنْ ذِكْرَى لَعَلَّهُمْ يُتَّقُونَ

^{6.66.} Ekigambo 'yalbisakum' (کَلُوسَکُمْ) wano kiwa amakulu g'ekibonerezo ekyerippa ku muntu oha ku bantu nekibeera ng'olugoye ku mubiri; mu njogera endala, ne kiba kabaani ku ndingidi.

71. Era va kw'abo abatwala eddiini yaabwe ng'omuzannyo n'okwegayaaza abaabuzibwabuzibwa n'obulamu bw'ensi. Kale buulirira nayo (Kur'ani) wateme kubaawo muntu azikirizibwa olw'ebyo bye yakola; muntu azıkırızıbwa olw ebyo bye yakola; kuba taliba na mukuumi mulala wadde المَّامِنْ ذُوْنِ اللَّهِ وَلِيُّ وَّلَا شَوْيَهُ * وَإِنْ omuwolereza ebbali wa Allah. Era nebw'alyenunula n'ekyenunulo kyonna, tekirimuggyibwako. Abo be bo abalizikirizibwa olw'ebyo bye baakolanga. Balifuna eky'okunywa eky'olweje n'ekibonerezo ekirumya, olw'okubanga baali batakkiriza,

Ruku 9

72. Gamba nti: Abaffe, mwagala tuwanjagire قُلْ ٱنَدْعُوْا مِنْ دُوْنِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُنَا كَانَا عَالَمُ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُنَا كَانَا عَالَى اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُنَا كَانَا مُعَالِمًا لِمُعَالِمًا لِمُعَالِمُ اللَّهِ مَا لَا يَعْلَمُ مِنْ اللَّهِ مَا لَا يَعْلَمُ مُعَالِمًا لِمُعَالِمًا لِمُعَالِمًا لِمُعَلِّمُ اللَّهِ مَا لَمُعَلِّمُ اللَّهِ مَا لَا يَعْلَمُ مُعْلِمًا لِمُعْلِمُ اللَّهِ مِنْ مُعَلِّمُ اللَّهُ مُعَالِمًا لِمُعَالِمُ اللَّهِ مَا لَا يَعْلَمُ مُعْلِمٌ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ اللَّهِ مُعَالِمُ اللَّهِ مُعَالِمُ اللَّهِ مُعَالِمُ اللَّهُ مِنْ اللَّهِ مُعَالِمًا لِمُعْلِمُ اللَّهِ مُعَالِمُ اللَّهُ مِنْ اللَّهِ مُعَالِمُ اللَّهُ مُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ اللَّهُ مُعِلِّمٌ لِمُعْلِمُ اللَّهُ مُعِلِّمُ لِمُواللَّهُ مِنْ اللَّهُ مُعْلَمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ اللَّهُ مُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ للللَّهِ مُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعِلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمِنْ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمِنْ مُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعْلِمُ لِمُعْلِمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعِلِّمُ لِمُعِلِّمُ لِمُ atali Allah atayinza na kutugasa wadde okutulumya, nate tuzzibweyo emabega w'ebisinziiro byaffe oluvannyuma nga Allah عَدْنَا الله كَالَّذِي اسْتَهُوَتُهُ Allah عَدْنَا الله كَالَّذِي اسْتَهُوَتُهُ amaze okutulung'amya, okufaananako ng'oyo ba Sitaani gwe baasendasenda nebamuleka مَنْ الْأَرْضِ حَيْرَانَ مَا لَهُ الْمَالِينُ فِي الْأَرْضِ حَيْرَانَ مَا لَهُ الْمُعْلِينُ فِي الْأَرْضِ حَيْرَانَ مَا لَهُ الْمُعْلِينُ فِي الْأَرْضِ حَيْرَانَ مَا لَهُ الْمُعْلِينُ فِي الْأَرْضِ حَيْرَانَ مِنْ لَهُ mu nsi ng'asamaaliridde,nga alina ne banne abamukoowoola eri obulung'amu nti: Jangu gye tuli? Gamba nti: Mazima obulung'amu bwa Allah bwe bulung'amu bwokka, era twalagirwa okwewaayo eri Omutonzi w'ebitonde byonna;

73. Era twalagirwa nti: Mujjumbirenga essaala era mutyenga Allah; era Allah y'Oyo gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.

74. Era y'Oyo eyatonda eggulu n'ensi mu ngeri entuufu, era olunaku lw'aligamba nti: Kibe, kale lwe kiriba.* Ekigambo kye kya mazima era Obwakabaka buliba bubwe ku lunaku eng'ombe lw'erifuuyibwa. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika era ye w'Amagezi ennyo, Ategeera byonna.

kitaawe Āzara nti: Abaffe, ebifaananyi by'otwala okuba bakatonda? Mazima nze nkulaba ggwe ne banno nga muli mu kubula kwa lwaatu.

76. Era bwe tutyo twalaga Ibrāhimu obw'akabaka bw'eggulu n'ensi era alyooke abeere mw'abo abalina obukakafu.

وَذَرِالَّذِينَاتَّخَذُ وَادٍ يُنَهُمْلُعِبًّا وَّكَهُواوَّ غُوَّ تُهُمُ الْحَيْوِةُ الدُّ ثَيَّا وَذَكِّرْ ؠ؋ٙٱڽٛؿؙؠۺۘڶڹؘڡٛۺؙؠڡؖٲػۺڮؿۛ؞ڐ۪ڷؽۺ تَعْدِلُ كُلَّ عَدْلِ لَا يُؤْخَذُ وِنْهَا مُا وُلِئِكَ الَّذِيْنَ أُبْسِلُوْ الِمَاكَسَبُوْاءِكَهُمْ شَرَابَ يِّنْ حَمِيْمِ وَّ عَذَابُ اَلِيْمُ بِمَا كَانُوْا ع يَكُفُرُونَ أَنَّ

وَلا يَضُرُّنَا وَثُرَرُّ عَلْ آعْقَا بِنَا يَعْدَ إِذْ أَصْحُبُ يَتَدْ عُوْنَهُ إِلَى الْهُدَى اثْبِتناء قُلُ إِنَّ هُدَى اللَّهِ هُوَ الْهُدَى ، وَ أُمِرْنَا لِنْشَلِمَ لِرَبِّ الْعُلُّمِيْنَ أَنَّ

وَ أَنْ أَتِيْمُوا الصَّلُوةَ وَاتَّقَوْهُ ﴿ وَ هُوَ اللَّهِ يُهُمِّلُهُ وَيُحْشُرُونَ ١٠٠٠

وَهُوَ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمُوتِ وَ الْاَرْضَ بِالْحَقِّ وَ يَوْمَ يَقُولُ كُنْ فَيَكُونُ مُ إلى قَوْلُهُ الْحَقُّ وكُهُ الْمُلْكُ يَوْمَ يُنْفَخُ فِي الصُّوْرِه عٰلِمُ الْغَيْبِ وَالشَّهَا دَةِ وَهُوَ الحَكِثُمُ الْخَيِثُرُ الْحَيثُرُ

رَاذُ قَالَ اِبْرُهِيْمُ لِآبِيْهِ أَزَرَ ٱ تَتَّخِذُ 75. Era awo Ibrāhimu bwe yagamba وَاذْ قَالَ ا آضنا مًا الِهَدُّ ورِنِّي الربكَ وَقَوْمَكَ فِي ضَلْلِ مُبِيْنِ

> وكذلك نُرِي إبرهيم مَلكُوت السَّمُوت وَالْاَ رُضِ وَرِلِيَكُونَ مِنَ الْمُوْقِنِيْنَ 🕜

^{6:74.} Ekigambo 'kun fayakuun' (کُنْ فَکِکُون) bulijjo tekitegeeza nti Katonda oluwa ekiragiro kye nti: Ba! nga n'ekintu kibaawo mbagirawo. Entegeera y'ekigambo kino entuufu eri nti kasita Katonda asalawo nti kibe, ekiragiro kye nga kitandika okukola nga kiyita mu mitendera gyonna gye kisaanye okuyitamu, n'ekivaamu kibeera ddala ekyo kyennyini ky'ayagadde oba nga bw'ayagadde.

77. Kale obudde bwe bw'amuzibirira, yalaba emmunyeenye, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange? Naye bwe yagwa, n'agamba nti: Nze saagala bigwa.

78. Awo bwe yalaba omwezi nga gwakaayakana, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange? Naye bwe gwagwa, n'agamba nti: Mukama wange bw'atannung'amye, ddala nzija kuba mu bantu ababuze.

79. Awo bwe yalaba enjuba nga eyakaayakana, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange? Ono y'asinga obunene. Naye bwe yagwa, n'agamba nti: Abange, nze neesambye ebyo bye mwenkanya ne Allah.

80. Mazima nze njolekezza obwenyi bwange eri oyo eyatonda eggulu n'ensi, ndi mwesimbu *gy'ali* era siri mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

81. Era abantu be baawakana naye. N'agamba nti: Abaffe, muwakane nange ku bifa ku Allah ng'ate nze y'eyanung'amya? Era nze sitya ebyo bye mwenkanyankanya naye, wabula *ntya* ekyo Mukama ky'aba ayagadde. Okumanya kwa Mukama wange kwabuna ku buli kimu. Abaffe, temufumiitiriza?

82. Ye nnyinza ntya okutya ebyo bye mwenkanya naye, naye nga mmwe temutya namu nti mwenkanyankanyizza Allah n'ebyo by'atabassizangako bukakafu? Kale ddala kibiina ki ku bibiri ekisaanira emirembe, obanga ddala mumanyi?

83. Abo abakkiriza era nebatatabulatabula bukkiriza bw'abwe na bukyaamu — abo be balifuna emirembe, era abo be balung'amu.

Ruku 10

84. Era eyo y'ensonga yaffe gye twawa Ibrāhimu ku bantu be. Tusitula mu madaala oyo gwe tuba twagadde. Mazima Mukama wo ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

85. Era twamuwa Isihāka ne Ya'qūbu; era bonna twabalung'amya, ne Nūhu twamulung'amya olubereberye *lwabwe* era *Ibrāhīmu* mu zadde lye mwe muli Dāūda

فَكُمَّاجَنَّ عَلَيْهِ الَّيْلُ رَا حَوْكَبًا قَالَ اللهِ قَالَ اللهِ الْمَالَةِ الْمَالَةُ الْمَالُةُ الْمَال هٰذَا رَبِّيْ * فَلَمَّآ آفَلَ قَالَ اللهِ الْمُوبِثُ الْمُؤْفِلِيْنَ ۞

نَكُمَّا رَا الْقَمَرَ بَازِغًا قَالَ هٰذَا رَبِّيْءٍ nga فَكُمَّا اَفَلَ قَالَ لَئِنْ لَمْ يَهْدِنِيْ رَبِّيْ فَكُمَّا اَفَلَ قَالَ لَئِنْ لَمْ يَهْدِنِيْ رَبِّيْ كَكُوْنَنَّ مِنَ الْقَوْمِ الصَّالِيْنَ ۞

> فَكُمَّا رَا الشَّمْسَ بَازِغَةً قَالَ هٰذَا رَبِّيْ هٰذَآاكُ بَرُءَ فَلَمَّا اَفَلَتْ قَالَ يْقَوْمِ إِنِّيْ بَرِيْ ءُمِّمًا تُشْرِكُونَ ۞

إِنِّيْ وَجَهْتُ وَجُهِيَ لِلَّذِيْ فَطُرَ الشَّمُوٰتِ وَالْاَرْضُ حَنِيْفًا وَّ مَا اَنَا مِنَ الْمُشْرِكِيْنَ شَ

وَ كَمَا جُهُ قَوْمُهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ وَنِي فِي اللّهِ وَ قَدْ هَدْ مِن اللّهِ وَ كُرْ آ اَخَافُ مَا اللهِ وَ قَدْ هَدْ مِن اوَ كُرْ آ اَخَافُ مَا اللّهِ وَ قَدْ هَدْ مِن اوَ كُرْ آ اَخَافُ مَا اللّهُ وَلِي شَيئًا اللّهُ اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ اللّهُ

وَكَيْفَ أَخَافُ مَآا شُرَكُ تُمُوْرَ لَا تَخَافُونَ آنَّكُمْ آشْرَكْتُمْ بِاللّهِ مَالَمْ يُنَزِّلْ بِهِ عَلَيْكُمْ سُلْطِنًا ﴿ فَآيُ الْفَرِيْقَيْنِ آحَقُٰ إِلَّ بِالْآمْنِ ﴿ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴾

َ ٱلَّذِيْنَ اٰمَنُوا وَكُمْ يَكْبِسُوٓ الْهُمَّ اَهُمُ الْكَوْدِ الْهُمَّ الْهُمُ الْمَا مَنُ وَ هُمُ الْمَا مَنُ وَ هُمُ

وَ تِلْكُ حُجَّتُنَآ اتَيْنُهَآ رِبْرُهِ يُمَعَلَٰ قَوْمِهِ مَنْ اللهُ الْمُدُرِةِ مَنْ نُشَأَءُ وَلَ تَوْمُ مَلَى نُشَأَءُ وانَّ رَبِّكَ حَكِيْهُ عَلِيْهُ ﴿ وَاللَّهُ مَا لَكُ كَكِيْهُ عَلِيْهُ ﴿ وَاللَّهُ اللَّهُ اللَّلَّالَّةُ اللَّهُ اللّ

وَ وَهَبْنَا لَهُ إِسْلَقَ وَ يَعْقُوبَ وَكُلَّا هِ مَكُلًّا مِنْ فَبْلُورَ هَمْكُورَ مِنْ فَبْلُورَ مِنْ فَبْلُورَ مِنْ فُرِيَّةً مِنْ فَرَائِدُونِ مِنْ فُرْزِيَّتِهِ وَاوْدَوَسُلَيْمُنَ وَآيُونِ

86. Era Twalung'amya ne Zakariyya ne Yahaya ne 'Isa ne Iliyasi; bonna baali batuukirivu.

87. Ne Ismāili, ne Yasa' ne Yūnusu ne Lūti, era bonna twabasukkulumya ku bantu bonna.

88. Era twasukkulumya n'abamu ku bakitaabwe n'abaana baabwe ne baganda baabwe, era twabalonda ne tubalung'amya eri ekkubo eggolokofu.

89. Okwo nno kwe kulung'amya kwa Allah kw'alung'amyamu oyo gw'aba asiimye mu baweereza be. Era singa beenkanya Allah n'ebirala, ebyo bye baakolanga byalibafiiriridde.

90. Abo be bo betwawa Ekitabo n'obulamuzi n'obwa Nabbi. Naye obanga bano ebyengera bino babigaanyi, kale ddala tumaze okubisigira abantu abatayinza butabyebaza.

91. Abo be bo Allah be yalung'amya, kale obulung'amu bwabwe bw'oba ogoberera. Gamba nti: Nze sibasaba mpeera ku byo. Ebyo si kirala wabula kwe kubuulirira eri abantu bonna.

Ruku 11 92. Era tebaageraageranya Allah mu kitiibwa kye ekituufu, bwe baagamba nti: Allah tassanga kintu kyonna ku muntu. Gamba nti: Ani yassa Ekitabo Mūsa kye yajja nakyo nga bwe bwaali obutangaavu era nga bwe bulung'amu eri abantu, mmwe kye mutwala nga ebipapula obupapula; ebimu mubiraga, naye nemukisa bingi; so nga mwayigirizibwa bye mwali mutamanyi, mmwe wadde bakitammwe? Gamba nti: Allah y'eyabissa. N'oluvannyuma baleke mu kubalaata kwabwe nga bayinaayina.

93. Naye kino ky'Ekitabo kye twassa nga kijjudde emikisa nga kikakasa ebyo ebyakikulembera, era olyooke olabule Makka Nnyina w'ebibuga n'abakyetoolodde. Era abo abakkiriza enkomerero, bo نَجْزِي الْمُحْسِنِيْنَ 🗞

وَ زَكْرِيًّا وَيَحْنِي وَعِيْسِي وَ إِنْيَاسَ مُكُلُّ مِّنَ الصَّلِجِيْنَ ﴿

وَإِ شَمْعِيْلُ وَالْيَسَعَ وَيُوْ نُسَ وَلُوْطًا وَ كُلُّ فَضَّلْنَا عَلَى الْعُلَمِيْنَ أَنَّ

<u>ۯڡؽٵۘؠۜٳڔؠٙۿۿۯڎؙڒۣؿ۠ؾۿۿۯٳۿۅٳڹۿۿ؞</u> جْتَبَيْنَهُمْ وَهَدَيْنُهُمْ إِلَى صِرَاطِ

فَ هُدًى اللهِ يَهْدِيْ بِهِ مَنْ شَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَ لَوْ أَشْرَكُوا لَحَبِطَ المنهدة كاكانوايعملون

أولِينك الذين أتينهم الكِثب وَ الْمُكُمَّدُ وَ النُّسُبُوَّةَ مَ فَإِنْ يَتَكُفُوْ بِهَا هَوُلاء فَقَدْدَ كَلْنَا بِهَا قَوْمًا لَّيْسُوا بها بكفرين

أُولِينُكَ اللَّذِينَ هَدَى اللَّهُ فَبِهُ دُلهُمُ ا ثُتَدِهُ و قُلُ كُمَ آسَكُ كُمْ عَلَيْدِ آجْرًا وان ع هُوَالَّا ذِكْرِي لِلْعُكَمِيْنَ أَنَّ

وَمَا قَدَرُوا لِللهِ حَتَّى قَدْرِ إِلاَّ قَالُوا مَّا ٱنْزَلَ اللهُ عَلْ بَشَرِيِّ فِي شَيْءِ وَثُلْ مَنْ ٱنْزَلَ الْكِتْبَ الَّذِيْ جُنَّاءً بِهِ مُوْسَى نُوْرًا وَّهُدُّى لِلنَّاسِ تَهْعَلُوْنَهُ قَرَّاطِيْسَ تُبْدُوْ نَهَا وَيُخْفُوْ كَكِيْدِيْرًا ﴿ وَعُلِّمْ مَّا لَهِ تَعْلَمُوا آئتُمْ وَكَمَ ابْاَزُكُمُ هُ قُلِ

وَهٰذَاكِتُكَانَ اللهُ مُلْرَكُ مُصَدِّقُ الَّذِيْ بَيْنَ يَدَيْهِ وَلِتُنَذِرَ أُمَّ الْقُدِى وَ مَنْ حَوْلَهَا ﴿ وَ الَّذِيْنَ bakikkiriza era bo essaala zaabwe bazikuuma butiribiri.

94. Ye ani mulyazaamaanyi okusinga kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba, oba agamba nti: Mbikkuliddwa, so nga tewali kyonna kimubikkuliddwa; n'oyo agamba nti: Mazima nange nzija kussa ebifaanana n'ebyo Allah bye yassa? Era singa osobola okulaba aboonoonyi awo nga bali mu kutaawa kw'okufa, ne ba malayika nga bagolodde emikono gyabwe nga babagamba nti: Kale muggyeeyo emyoyo gyammwe. Olwa leero mujja kusasulwa ekibonerezo ekiswaaza olw'ebyo bye mwayogeranga ku Allah ebitali bya mazima era mwekuluntalizanga ne ku bubonero bwe.

95. Era mazima muzze gye tuli kinnoomu nga bwe twabatonda omulundi ogwasooka, era bye twabawa byonna mubireseeyo emabega wammwe, naye tetulaba bawolereza bammwe awamu nammwe abo be mwagambanga nti gye muli benkanankana ne النَّاذِينَ زَعَمْتُهُمْ اللَّهُمْ وَيُكُمْ شُرَكُو اللَّهِ Allah. Ddala mumaze okwekutulamu era n'ebyo bye mwayogeranga bigudde butaka.

Ruku 12

n'ensigo y'omutende. Y'aggya ekiramu mu kifu, era ye Muggyi w'ekifu mu kiramu. Oyo nno ye Allah; kale ate wa gve muwugulirwa?

okuba ebibalirwako ebiseera. Okwo nno الشَّمْسَ وَالْقَمَرُ حُسْبًا تَا خَلِكَ تَقْرِيرُ kwe kugereka kwa Luwangula, Omumanyi wa byonna.

98. Era Ye y'eyabakolera emmunyeenye mulyooke mulung'amizibwe nazo mu kizikiza ky'oku lukalu ne ku nnyanja. Ddala tuttottola obubonero eri abantu abalina okumanya.

n'abawa amaka n'ebisulo. Ddala tuttottola عَلَى المُعَلِينَ مَا مُعَامِّدُ وَ مُسْتَقَدِّ وَ مُسْتَقِيدُ وَ مُسْتَقِدِ وَ مُسْتَقِيدًا وَ مُسْتَقِيدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِيدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَ مُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِيدًا وَمُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِدًا وَمُسْتَقِدًا وَالْمُ مُسْتَقِدًا وَالْمُسْتَقِيدًا وَالْمُسْتَقِدًا وَالْمُسْتِقِيدًا وَالْمُسْتَقِدًا وَالْمُسْتَقِدًا وَالْمُسْتَقِيدًا وَالْمُسْتَقِدًا وَالْمُسْتُقِدًا وَالْمُسْتَقِدًا وَالْمُسْتِقِيدًا وَالْمُسْتُقِدِي وَالْمُسْتُقِدِ وَالْمُسْتَقِدًا وَالْمُسْتَقِيدًا وَالْمُسْتُقِدِ وَالْمُسْتُقِدِ وَالْمُسْتِقِيدًا وَالْمُسْتِينِ وَالْمُسْتِقِيدًا وَالْمُسْتُولِ وَالْمُسْتُولِ وَالْمُسْتِقِدًا وَالْمُسْتُولُ وَالْمُسْتُولُ وَالْمُسْتُولُ وَالْمُسْتُولِ وَالْمُعِلِي وَالْمُعِلِي وَالْمُعِلِي وَالْمُعِلِي وَالْمُعِينِ وَالْمُعِلِي وَالْمُ وَالْمُعِلِي وَالْم obubonero eri abantu abategeera.

يُؤْمِنُونَ بِالْأَخِرَةِ يُؤْمِنُونَ بِهِ وَ هُمْ عَلَى صَلَارِتِهِمْ يُمَّا فِظُوْنَ ﴿ رَّمَنْ اَظْلَمُ مِثَّنِ افْتَرَى عَلَى اللهِ كَذِبًا آوْقَالَ أُوْحِيَا لَيُّ وَكُمْ يُوْجَالِكِيهِ سَمَيْعَ وَّ مَنْ قَالَ سَأَنْزِلُ مِشْلَ مَآآنْزَلُ اللهُ ، وَكُوْ تُدَرِّي إِذِ الطَّلِمُوْنَ فِي غَمَرْتِ الْمَوْتِ وَالْمَلْظُكَةُ كَاسِطُوٓا أَيْدِيْهِمْ آخْرِجُوْا آنْفُسَكُمْ الْيَوْمَ تُجْزَوْنَ ذَابَ الْهُوْنِ بِمَا كُنْتُمْ تَقُوْلُوْنَ عَلَ الله غَيْرَ الْحَقِّ وَكُنْتُهُ عَنْ أَيْتِهِ تَسْتُكُبِرُوْنَ۞

وَلَقَدْ جِئْتُمُوْ نَا فُرَادِي كَمَا خَلَقْنْكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ وَ تَرَكْتُهُمْ مَّا خَوَّلْنِكُمْ وَرَّأَهُ طُهُوْدِكُمْ وَ مَا نَرِى مَعَكُمْ شُفَعَاءَكُمُ لَقَدْ تَّقَطَّعَ مَنْنَكُمْ وَضَلَّ عَنْكُهُ مَّا

الله كُنْتُمْ تَرْعُمُونَ ١٠٠٠

وَانَّ امِنْهُ فَلِقُ الْحَبِّ وَالنَّوٰى ﴿ يُخْرِجُ Mazima Allah ye Mumezesa w'empeke إِنَّ امِنْهُ فَلِقُ الْحَبِّ وَالنَّوٰى ﴿ يُخْرِجُ الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَمُخْرِجُ الْمَيِّتِ مِنَ الْحَيِّه ذٰلِكُمُ اللَّهُ فَأَنَّى تُؤُفَّكُونَ ۞

97. Ye Mukeesa w'obudde; era y'eyafuula فَالِقُ الْاصْبَاحِ مِ وَ جَعَلَ الَّيْلَ سَكَنًا وَّ الْعَزِيْزِ الْعَلِيْمِ

> رَ هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ النَّكُوْمَ لِتَهْتَدُوْا بِهَا فِي ظُلُمْتِ الْبَرِّرَ الْبَحْرِ ، قَدْ فَصَّلْنَا الْأَيْتِ لِقَوْمِ يَّعْلَمُوْنَ ۞

99. Era Ye y'eyabasibula mu mwoyo ogumu مَوْ اَكُذِينَ ٱنْشَاكُمْ مِنْ نَفْسِ فَصَّلْنَا الْأبْتِ لِقَوْمِ يَّفْقَهُوْكَ ۞

رَ هُوَ الَّذِينَ آنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَا يَهِم 100. Era Ye y'Oyo assa amazzi okuva mu bire, السَّمَاءِ مَا السَّمَاءِ مَا السَّمَاءِ مَا أَنْ السَّمَاءِ مَا أَيْ السَّمَاءِ مَا أَنْ السَّمَاءِ مَا السَّمَاءِ مَا أَنْ السَّمَاءِ مِنْ السَّمَاءِ مَا أَنْ السَّمَاءِ مِنْ السَّمَاءِ مَا أَنْ السَّمَاءِ مِنْ السَّمِينَ السَّمَاءِ مِنْ السَّمِيْعِ مِنْ السَّمَاءِ مِنْ السَّمَاءِ مِنْ السَّمَاءِ مِنْ السَّمَاءِ kale netugamezesa ebimera ebya buli ngeri, olwo netuggya mu go ebimera ebya kiragala bye tuggyamu empeke eziberekaganye. Ne mu mitende, mu ng'o za gyo tuggyamu ebirimba ebireebetera okumpi. Ne mu nsuku z'emizabibu n'emizayituuni n'enkomamawanga tukolamu ebifaanana n'ebitafaanana. Kale mutunuleeko eri ebibala bya byo awo nga bibaze, ne mu kwengera kwa byo. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.

101. Era baddira Amajinni nebagafuula agenkana ne Allah, so nga Ye y'eyagatonda; era bamupaatikako n'abaana abalenzi n'abawala awatali bumanyi bwonna. Obutuukirivu bubwe era ali waggulu nnyo n'ebyo bye boogera.

Ruku 13

102. Ye Mutandisi w'eggulu n'ensi! Abaffe, abeera atya n'omwana ate nga talina mukazi, ate nga y'eyatonda buli kimu era nga ye Mumanyi wa buli kimu?

103. Oyo nno ye Allah, Mukama wammwe. Teri Musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka, Omutonzi wa buli kimu; kale gwe muba musinza. Era Ye, ye mulabirizi wa buli kimu.

104. Amaaso tegamutuukako so nga Ye atuuka ku maaso. Era Ye, ye Mwekusifu ennyo, Ategeera byonna.

105. Mazima mumaze okutuukibwako obukakafu obuva eri Mukama wammwe; kale oyo aneetegereza, kinaagasa ye yennyini; n'oyo aneefuula atalaba, y'anefiiriza. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

106. Era bwe kityo tukyuusakyuusa Aya balyooke bategeere era balyooke bagambe nti: Wasoma bulungi; era tulyooke tuzinnyonnyole eri abantu abategeera.

107. Kale ggwe goberera ebyo ebyakubikkulirwa okuva eri Mukama wo. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka; era wesammule abenkanya Allah n'ebirala.

108. Era singa Allah yayagala kukaka, tebaalimwenkanyizza na kyonna. Era tetukufuulanga mukuumi ku era toli mulabirizi ku bo.

فَٱخْرَجْنَا بِهِ نَبَاتَ كُلِّ شَيْءٍ فَٱخْرَجْنَا مِنْهُ خَضِرًا تُنْخُرِجُ مِنْهُ حَبًّا مُّ تَرَاكِبًا -وَمِنَ النَّخْلِ مِنْ طَلْعِهَ أَوْنُوا نَ ذَا نِيسَةً وَّ جَنَّتٍ مِّنَ آعْنَابٍ وَّ الزَّيْتُونَ وَ الرُّيْتُونَ وَ الرَّيْتُونَ وَالرَّيْتُونَ وَ الرَّيْتُونَ وَ الرَّيْتُونَ وَ الرَّيْتُونَ وَالرَّيْتُونَ وَ الرَّيْتُونَ وَالرَّيْتُونَ وَ الرَّيْتُونَ وَالرَّيْتُونَ وَالْمِنْ الْمُؤْتِلُونَ وَالرَّيْتُونَ وَالرَّيْتُونَ وَالْمُؤْتِقِ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتُونَ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينِ وَلِينَالِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينَ وَالْمُؤْتِقِينَا لِيَعْلِيلِيقِينِ وَالْمُؤْتِقِينِ وَالْمُؤْتِينِ وَالْمُونِ وَالْمُؤْتِينِ وَالْمُؤْتِينِ وَالْمُونِ وَالْمُؤْتِينِ وَالِمِينَا لِيلِيلِي الْمُؤْتِينِ وَالْمُؤْتِينِ وَالْمُؤْتِينِ وَال ٱنْظُوْوْ اللَّ نُكَّرِهِ إِذْ آاتُهُمَّرُ وَيَنْعِهِ رِكَ نِن ذَٰلِكُمْ لَأَيْتٍ لِتَقَوْمِ يُتُوْمِنُوْ نَ© وَجَعَلُوْا بِلَّهِ شُرَكَا ءَالْحِنَّ وَخَلَقَهُمْ وَخَرَقُوا لَهُ بَنِيْنَ وَبَنْتِ بِغَيْرِ عُ عِلْمٍ ﴿ سُبُحْنَهُ وَتَعْلَى عَمَّا يَصِفُوْنَ شُ

يَدِيْحُ السَّمُوٰتِ وَالْأَرْضِ ﴿ أَنَّى يَكُونُ لَـهُ وَلَدُ وَّلَمْ تَكُنْ لَهُ صَاحِبَةُ ﴿ وَخَلَقَ كُلُ سَّيْءِ ﴿ وَهُو بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمُ ﴿

ذْرِيكُمُ اللَّهُ رَبُّكُمْ ، كَرَّالْهُ إِلَّا هُوَ ، خَالِقُ كُلِّ شَيْءِ فَا عَبُدُوْ كُم وَ هُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلُ صَ لَا تُدْرِكُهُ الْأَبْصَا رُ وَهُوَيُدْ رِكُ الْأَبْصَارَ ۗ وَهُوَ اللَّطِيْفُ الْخَبِيْرُ ١

قَدْ جَآءَكُمْ بَصَارِئُرُ مِنْ رَبِّكُمْ ، فَمَنْ آبْصَرَ فَلِنَفْسِهِ ، وَ مَنْ عَمِيَ فَعَلَيْهَا ، وَ مَا آناعَلَيْكُمْ بِحَفِيْظِ

وَكَذَٰ لِكَ نُصَرِّفُ الْأَيْتِ وَ لِيَقُولُوا درشت ولنبيتنه لقوم يعلمون رِ تَبِعْ مَا أُوْحِيَ إِلَيْكَ مِنْ رَّبِكَ مُكَ إِلْهُ الله هُوَ * وَأَعْرِضْ عَنِ الْمُشْرِكِيْنَ ﴿ وَكُوْ شَاءً اللهُ مَا آشُرُكُوْا وَمَاجَعَلْنٰكَ

عَلَيْهِمْ حَفِيْظًاء وَ مَّا ٱنْتَ عَلَيْهِمْ

109. Era temuvumanga ebyo bye balaajanira ebbali wa Allah, si kulwa nga nabo bavuma Allah olw'obulabe mu butamanya. Bwe kityo twalungiyiza buli bantu ebikolwa byabwe. N'oluvannyuma eri Mukama waabwe y'eri obuddo bwabwe; kale alibategeeza ebyo bye baakolanga.

110. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza, nti: Bwe banaatuukibwako akabonero, ddala bajja kukakkiriza. Gamba nti: Ddala obubonero buli eri Allah. Naye kiki ekinabamanyisa nti bwe bunajja, tebagenda kukkiriza?

111. Era tujja kukyuusa emitima gyabwe n'amaaso gaabwe *bibeere* nga bwe byali omulundi omubereberye bwe baagaana okukkiriza obubonero bwaffe, era tubaleke mu kubula kwabwe nga bawunaawuna.

Ruku 14 Juzu 8

112. Era ne bwe twalibassirizza ba malayika, n'abafu neboogera nabo era netubakung'a-anyiriza buli kimu obuling'aana, era tebaalikkirizza, okuggyako nga Allah y'ayagadde. Naye abasinga obungi mu bo bali mu butamanya.

113. Era bwe kityo buli Nabbi twamuterawo omulabe okuva mu bantu abajeemu n'Amajinni. Babuuliragana bokka na bokka mu njogera ey'okwegulika olw'okubuzaabuza. Era singa Mukama wo yasalawo, tebaalikikoze;kale ggwe baleke n'ebyo bye bajingajinga —

114. Olwo emitima gy'abo abatakkiriza nkomerero giryooke giwugukire gye biri era balyooke babisanyukire; olwo balyooke beeyongere okukola ebyo bye bakola.

115. Abaffe, atali Allah gwemba nfuula omulamuzi, ng'ate Ye y'eyassa gye muli Ekitabo ekinnyonnyola akaati? Era abo be twawa Ekitabo bamanyi nti kyo kyassibwa okuva eri Mukama wo n'amazima; kale tobeera mw'abo ababuusabuusa.

وَ لَا تَسُبُوا الَّذِيْنَ يَدْ عُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ فَيَسُبُّوا اللهَ عَدْوًا بِغَيْرِ عِلْمِهُ كَذَٰ لِكَ زَيَّنَا لِكُلِّ أُمَّةٍ عَمَلَهُ مُوسَثُمَّ اللهُ كَذَٰ لِكَ زَيَّنَا لِكُلِّ أُمَّةٍ عَمَلَهُ مُوسَثُمَّ اللهُ وَاللهِ مَنْ مِهُمْ مَرْجِعُهُمْ فَيُنْتِ مُهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿

وَ اَقْسَمُوْا بِاللّهِ جَهْدَ اَيْمَانِهِمْ لَـئِنْ جَاءَ تُهُمْ اِيَةٌ لَيُؤْمِنُنَ بِهَا اَتُهَا اِنَّمَا الْاِيثُ عِنْدَاللّهِ وَمَايُشُعِرُكُمْ انَّهَ آلِذَا جَاءَتْ لَا يُؤْمِنُوْنَ ۞ وَنُقَلِّبُ اَفْئِدَ تَهُمْ وَاَبْصَا رَهُمْ مُكَمَا لَمْ يُؤْمِنُوْا بِهَ اَوَّلَ مَرَّةٍ وَ اَسْدَرُهُمْ فِي طُخْيَارِنِهِ مُ يَعْمَهُوْنَ ۞

كَوْ آَنْ نَا نَزْ لَنَاۤ اِلنَّهِمُ الْمَلْفِكَةَ وَ كُلَّمُ فَا عَلَيْهِمُ الْمَلْفِكَةَ وَ كُلَّمُ فَا عَلَيْهِمُ كُلَّ الْمُفَوْنَ وَحَشَرُ نَا عَلَيْهِمْ كُلَّ شَكَا تُوالِيُؤُمِنُوْا اِكْانُ الْمُعْمَ الْمُؤْمِنُوْا اِكْانُ هُمْ اللهُ وَلَكِنَ اَحْتُرُهُمْمُ لَيْكُنَ اَحْتُرُهُمْمُ لَيْكُنَ اَحْتُرُهُمْمُ لِيَحْمَلُونَ وَلَكِنَ اَحْتُرُهُمْمُ لِيَحْمَلُونَ وَلَكِنَ اَحْتُرُهُمْمُ لِيَحْمَلُونَ وَلَكِنَ اَحْتُرُهُمْمُ لِيَحْمَلُونَ وَلَكِنَ اَحْتُرُهُمْمُ لِيَحْمَلُونَ وَلَيْكُونَ اللهُ اللهُونَ اللهُ الل

وَ كَذَٰلِكَ جَعَلْنَا لِكُلِّ نَبِيٍّ عَدُوًّا شَيْطِيْنَ الْائْسِ وَالْجِنِّ يُوْجِيْ شَيْطِيْنَ الْائْسِ وَالْجِنِّ يُوْجِيْ بَعْضُهُ هُ الْمَانِيْنِ الْقَوْلِ عَبْضُهُ هُ الْمَانِيْنِ الْقَوْلِ غُرُوْرًا وَلَوْشَاءَ رَبُلكَ مَا فَعَلُوْهُ عُلَوْهُ فَخُرُورًا فَعَلُوهُ مَا يَفْتَرُونَ ﴿ فَعَلُوهُ مَا يَفْتَرُونَ ﴿ فَعَلَوْهُ مَا يَفْتَرُونَ ﴿ فَعَلَمُ فَعَلُوهُ وَمَا يَفْتَرُونَ ﴿ فَعَلَمُ فَعَلُوهُ وَلَا يَضِغَى الْمِيْدِ الْفِيدَةُ اللَّذِينَ لَا وَلِيْدِ الْفِيدَةُ اللَّذِينَ لَا فَعَلَمُ فَا لَلْفِينَ لَا فَعَدَى لَا يَعْمَلُونَ اللَّهُ وَلَا يَعْمَلُونَ اللَّهِ عَلَى الْمُعْلَى الْمِيْدِ الْفِيدَةُ اللَّذِينَ لَا اللَّهُ اللَّذِينَ لَا الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلِمْ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِي الْمُعْلَى الْمُعْلِمِ الْمِعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِيْ

ركىكىكى اليواكِية المَيْنَ الْمُوْنَ بِالْآخِرَةِ وَلِيَرْضُوهُ وَ لِيَقْتَرِ فُوامًا هُمْمُقْتَرِ فُوْنَ ﴿ اَفَعَيْرَ اللهِ اَبْتَغِيْ حَكُمًا وَ هُوَ الَّذِيْنَ اَنْزَلَ اللَيْكُمُ الْكِتْبُ مُفَصَّلًا وَالَّذِيْنَ الْيَكُمُ الْكِتْبُ يَعْلَمُوْنَ اَنَّهُ مُنَزَّلُ مِّنْ رَبِّكَ يَعْلَمُوْنَ اَنَّهُ مُنَزَّلُ مِّنَ رَبِّكَ 117. Era bw'ogoberera abasinga obungi mu nsi, bakubuza ku kkubo lya Allah. Tebalina kye bagoberera okuggyako okuteebeeka, era ddala tebalina kirala wabula bateebereza buteebereza.*

118. Mazima Mukama wo Ye y'asinga okumanya oyo awabye ku kkubo lye era y'asinga okumanya abalung'amu.

119. Kale mulyenga kw'ebyo ebiraamiriziddwako elinnya lya Allah, bwe muba nga mukkiriza obubonero bwe.

120. Ye mubadde ki obutalya ebyo ebiraamiriziddwako elinnya lya Allah, ate nga yamala okubannyonnyola kaati ebyo bye yabawera — okuggyako ebyo bye muwaliriziddwako? Eraddala bangi babuza abalala olw'okwagala kwabwe awatali bumanyi. Mazima Mukama wo y'asinga okumanya abasukka ekigero.

121. Era muleke ebibi eby'olwaatu n'e-byenkiso mu byo. Mazima abo abakola ebibi, bagenda kusasulwa olw'ebyo bye baafunanga.

122. Era temulyanga ebyo ebitalaamiriziddwako linnya lya Allah, kuba ddala ebyo bya bujeemu. Era ddala abajeemu babuulirira mikwano gyabwe balyooke bawakane nammwe. Naye bwe munaabagondera, ddala nammwe mujja kufuuka abenkanya Allah n'ebirala.

Ruku 15
123. Abaffe, oyo eyali omufu netumuzuukiza era netumuteekerawo ekitangaala ky'atambula nakyo mu bantu, afaanana n'oyo ali mu kizikiza atalikivaamu? Bwe kityo nno byalungiyizibwa eri abatakkiriza ebyo bye bakola.

تَكُوْ نَنَّ كُلْمُتُ رَبِّكَ صِدْقًا وَّعَدُلُاء لِ اللَّهِ ﴿ إِنْ يَبَتَّبِعُونَ إِلَّا الظُّنَّ وَإِنْ هُمُ الَّا يَكُونُ صُونَ ١٠ رِانَ رَبُّكَ هُوَ آعْكُمُ مَنْ يَيْضِلُّ عَنْ لِهِ وَهُوَاعَكُمُ بِالْمُهْتَدِيْنَ ﴿ فَكُلُهُ اصِمّا ذُكِرَاسُمُ اللهِ عَلَيْهِ إِنْ كُنْتُمْ بِأَيْتِهِ مُؤْمِنِيْنَ ١ وَمَا لَكُمْ الَّا ثَا كُلُوا مِمَّا ذُكِرَ ا شَمُ الله عَلَيْهِ وَقَدْ فَصَّلَ لَكُمْ مَّا حَتَّهُ عَلَيْكُمُ الْأَمَّا اصْطُر دُتُمُ النَّهِ وَإِنَّ لَهُنَ يِأَهُوَ أَرْتُهُمْ بِغَا عِلْمِ إِنَّ رَبُّكُ هُوَا عُلُمُ بِالْمُعْتَدِينَ ﴿ وَإِنَّ إِنَّ مُؤْمِدُ يُنَ ﴿ وَإِنَّ مُؤْمِدُ مُنْ وَ ذَرُوا ظَاهِمَ الْرِثْمِ وَ بَاطِنَهُ الآ الزين يكسيون الدثم سيجزون بِمَا كَا نُوْا يَقْتَرِ فُوْنَ ١ وَ لَا تَا كُلُهُ المِمَّا لَمْ يُذْكِرِ ا شُمُا لِلَّهِ هُ لَفِشِقُ وَ إِنَّ الشَّيْطِيْنَ زُيِّنَ لِلْحُفِرِينَ مَا كَانُوْا

^{6:117. &#}x27;Yakhrusuun'(کَمُوْرُوُوْدِ) kirina amakulu magazi. Kiyinza okutegeeza okuteebereza, okujingirira oba okwefuula amanyi ennyo ebijja mu maaso oba okulagula.

124. Era bwe tutyo twaleka mu buli kibuga balukulwe b'aboononefu ba kyo, balyooke basale enkwe mu kyo *okulemesa amazima*; naye tebalina gwe basalira nkwe okuggyako bo bennyini, naye tebategeera.*

125. Era bwe batuukibwako akabonero, bagamba nti: Tetujja kukkiriza okutuusa naffe lwe tunaaweebwa ebifaanana n'ebyo ebyaaweebwa Ababaka ba Allah. Allah y'amanyi obulungi w'asaana okussa obubaka bwe. Mangu nnyo, abo aboononyi bajja kutuukibwako obunyoomoofu obuva eri Allah n'ekibonezo eky'amanyi olw'enkwe ze baasalanga.

126. Kale oyo Allah gw'aba ayagala okulung'amya, ayanjululiza omutima* gwe eri Obusiraamu; n'oyo gw'ayagala okusalira nti awabye, afuula omutima gwe okuba omufunda, n'aba ng'awalampa obugulumivu. Bw'atyo Allah bw'ateeka ekibonerezo kw'abo abeerema.

127. Era lino ly'ekkubo lya Mukama wo eggolokofu. Mazima tuttottodde obubonero eri abantu abafumiitiriza.

128. Balifuna amaka ag'emirembe eri Mukama waabwe, anti Ye ye mukwano gwabwe, olw'ebyo bye baakolanga.

129. Era olunaku lw'alibakung'aanya bonna, aligamba nti: Abange mmwe ekibiina ky'Amajinni, mazima mwatwala bangi nnyo mu bantu. Era mikwano gyabwe abaali mu bantu baligamba nti: Mukama waffe, twagasang'ananga fekka na fekka; naye kati tutuuse ku ntuuko yaffe gye watugerekera. Aligamba nti: Omuliro ge maka gammwe, omwo mwe munaabeera, okuggyako ekyo Allah ky'anaaba ayagadde. Mazima Mukama wo ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

130. Era bwe kityo, aboonoonyi abamu tubakwanaganya n'abalala olw'ebyo bye bakola.

وَ كَذٰ لِكَ جَعَلْنَا فِيْ كُلِّ قَرْيَةٍ

اَكْبِرُمُجْرِمِيْهَالِيَمْكُرُوْالِفِيْهَا وَمَا

يَمْكُرُوْنَ إِلَّا بِالْفُسِهِمْ وَ مَا
يَشْعُرُوْنَ اللَّا إِلَا فَفُسِهِمْ وَ مَا
يَشْعُرُوْنَ اللَّا إِلَا الْفُسِهِمْ وَ مَا

وَ إِذَا جَآءَ تُهُمْ أَيَةٌ قَالُوا كَنَ تُوْفِ مِثْلَ مَآ اُرُقِيَ ثُوْفِي مِثْلَ مَآ اُرُقِيَ ثُوْمِتَ حَتَّى ثُوْفِي مِثْلَ مَآ اُرُقِيَ لَيُحَكُّ رُسُلُ اللهِ آلَائِكَ آعُلَمُ حَيْثُ يَجْعَلُ لَيَ الْجَرَمُوا لِيَّالِمُ اللهِ مَا يُصِيبُ الْلَائِكَ شَوِيدًا مِثَالِمَا صَعَارُ عِنْدَا اللهِ وَعَذَا بَ شَوِيدًا بِمَا كَانُوا يَمْكُرُونَ فَنَ

فَمَنْ يُرِدِ اللهُ أَنْ يَهْدِيهُ يَشْرَحُ صَدْرَةُ لِلْاِ سُلَامِهِ وَ مَنْ يُبِرِدُ آنَ يُنْضِلُّهُ يَجْعَلُ صَدْرَهُ ضَيِّقًا حَرَجًا كَأَنَّمَا يَصَّعَّدُ فِي السَّمَّاءِ الدُّ ذِلِكَ يَجْعَلُ الله الرِّجْسَ عَلَى الَّذِيْنَ لَا يُؤْمِنُونَ ٣ وَهُذَا صِرَاطُ رَبِّكَ مُسْتَقِيْمًا ﴿ قَدْ فَصَّلْنَا الْأَيْتِ لِقُوْمِ يَّذَّكُّرُوْنَ ١٠٠٠ لَهُمْ ذَارُ السَّلْمِ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَهُوَ وَلِيُّهُمْ بِمَاكَا نُوْالِيعُمَـلُونَ ١ رَيُّو مُرَحُشُرُ هُمْ جَمِيعًاء لِمَعْشَرَ الْحِنّ قَدِا سُتَكُنَّرْ تُمْرِيِّنَ الْإِنْسِ، وَ قَالَ آوْلِيَّؤُهُمْ مِنْ الْرُنْسِ رَبِّنَا اشتمتع بعضنا يبعض وكبكفنا آجَكْنَا الَّذِي آيَ آجُلْتُ كُنَّا و قَالَ النَّارُ مَنْوْ رِكُمْ خَلِدِيْنَ رِفِيهَا لِلَّهِ مَا شَمْيَا فَكُمْ اللَّهُ وَاللَّهُ مُنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّا لَا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ ا وَ كَذِٰ لِكَ نُولِيْ بَعْضَ الظَّلِمِيْنَ ع بَعْضًا بِمَا كَانُوْا يَكْسِبُوْنَ شَ

6:126. Ekigambo 'swadru' (صَدْر) kiwa n'amakulu ag'omutima Soma: Al- Munjid.

^{6:124.} Ebigambo 'Akaabira mujrimiihaa' (الخَوْتَةُوْمِيقَةُ) bitegeeza balukulwe b'aboononyi ababa mu kibuga. Amakulu gano gazingiramu abakulembeze b'abantu abakyaamu mu kitundu awamu n'abo abasukka abalala bonna mu kukola ebikolobero.

Ruku 16

131. Abange mmwe ekibiina ky'Amajinni n'abantu, abaffe temwatuukwako Babaka nga bava mu mmwe okubasomera Aya zange n'okubalabula ku nsisinkano y'olunaku lwammwe luno? Baligamba nti: Twewaako fekka obujulizi. Naye obulamu bw'ensi bwababuzaabuza. Era balyewaako bokka obujulizi nti ddala baali batakkiriza.

132. Bwe kityo nno, Mukama wo teyaalizi-kirizza kibuga kyonna mu bukyaamu nga abakibeeramu tebalina kye bategedde.

133. Era buli bamu balina eddaala olw'ebyo bye baba bakoze. Era Mukama wo si mugayaalirivu kw'ebyo bye bakola.

134. Era Mukama wo y'Eyeemala, Nannyini kusaasira. Bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo, n'oluvannyuma lwammwe n'abasikiza abalala b'aba ayagadde, okufaanana nga mmwe bwe yabasibula mu zzadde ly'abantu abalala.

135. Mazima ebyo bye musuubizibwa ddala bya kutuukirira, era mmwe temuyinza kubifufuggaza.

136. Gamba nti: Abange, mukole kyonna kye musobola, nange nkole. Kale mujja kumanya ani aliba n'amaka g'enkomerero. Mazima aboonoonyi si ba kuganyulwa.

137. Era bateerawo Allah omutemwa mu bisimbe n'ebisolo Ye bye yatonda, nga bagamba mu kwogera kwabwe nti: Bino bya Allah, ate bino bya bakatonda baffe. Kyokka ebiba ebya bakatonda baabwe, byo tebituuka eri Allah; naye ate ebya Allah by'ebituuka eri bakatonda baabwe! Okusalawo kwabwe kubi nnyo.

138. Era bwe kityo bakatonda baabwe baalungiyiza abasinga obungi mw'abo abenkanya Allah n'ebirala okutta abaana baabwe balyooke babazikirize era babatabuliretabulire eddiini yaabwe. Naye singa Allah yasalawo, tebandikikoze; kale ggwe baleke n'ebyo bye bajingajinga.

لِمَعْشَرَالْجِنِّ وَالْدِنْسِ اَلَمْ يَأْتِكُمْ رُمُكُ مِّ مَكْ يَأْتِكُمْ رُمُكُ مِنْكُمْ الْبِتِي وَ يُكْمُ الْبِتِي وَ يُنْذِرُ وَ نَكُمْ الْقَالُوا يَنْ وَكُمْ هُذَا اقَالُوا شَهِدْ نَاعَلَ آنْفُسِنَا وَغَرَّ تُهُمُ الْحَلُوةُ الْمُنْكَا وَشَهِدُ وَاعْلَ آنْفُسِهِمْ آتُهُمْ الْخَلُودُ كُلُودُ مَنْ الْفُسِهِمْ آتُهُمُ الْكُلُودُ كُلُودُ الْمُنْ الْفُسِهِمْ آتُهُمُ كُلُودُ الْمُؤاكِفِرِيْنَ الْمُنْكِا وَ شَهِدُ وَاعْلَ آنْفُسِهِمْ آتُهُمُ كُلُودُ الْمُؤاكِفِرِيْنَ الْمُنْكِا وَ الْمُؤاكِفِرِيْنَ الْمُؤاكِفُودُ الْمُلْكِلُودُ الْمُؤاكِفِي الْمُؤاكِفِرِيْنَ الْمُؤاكِفِرِيْنَ الْمُؤاكِفِي الْمُؤاكِفِي الْمُؤاكِفُودُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمُ الْمُؤْمِنُ الْمُؤْمِ الْمُؤْمِنُ

ذٰلِكَ آنَ لَّمْ يَكُنْ رَّ بُّكَ مُهْلِكَ الْقُرٰى بِظُلْمِرَّ آهْلُهَا غَفِلُوْنَ ﴿ وَلِكُلِّ دَرَجْتُ مِّمَّا عَمِلُوْا ﴿ وَ مَا رَبُّكَ بِغَافِلٍ عَمَّا يَعْمَلُوْنَ ﴿ وَرَبُّكَ الْعَنِيُّ ذُو الرَّحْمَةِ ﴿ إِنْ يَشَا وَرَبُّكَ الْعَنِيُّ ذُو الرَّحْمَةِ ﴿ إِنْ يَشَا يُوْمِلُكُمْ وَيُسْتَخْلِفْ مِنْ بَعْدِكُمْ مَا يَشَا ءُكُمَ آنَشَا كُمْ مِّنْ بَعْدِكُمْ قَوْمِ الْخَرِيْنَ ﴾

ٳڽؘۜٛڡۜٵؾٛۉؘۘۼڋۉؽ؆۬ؾٟ؞ٷٙڡۜٙٳٙڷؿڎٛ ؠؚڡؙۼڿڔؽؽ۞

قُلْ يُقَوْمِ اعْمَلُوْاعَلَى مَكَانَتِكُمْ إِنِيَ عَامِلُ قَسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ مَنْ تَكُوْنُ لَكَ عَاقِبَةُ الدَّارِ اللَّهِ مِمَّا ذَرَا مِنَ الظّلِمُونَ وَ وَجَعَلُوْا مِثْلِهِ مِمَّا ذَرَا مِنَ الْحَرْثِ وَ الْاَثْعَامِ تَصِيبًا فَقَالُوْا هٰذَا مِثْلِهِ بِزَعْمِهِمْ وَهٰذَا لِشُرَكَا رَئِنَا ﴿ فَمَا كَانَ لِشُرَكَا يُعِمْ فَلَا يَصِلُ إِلَى اللهِ مَوَمَا كَانَ لِشُرَكَا يُعِمْ وَهُذَا لِللهُ مُركانًا مِهْ وَمَا كَانَ لِشُركانًا مِهْ وَمِلُ إِلَى شُركا يَلِهِمْ وَمَا كَانَ

وَكَذَٰلِكُ ذَيْنَ لِكَثِيْرِةِنَ الْمُشْرِكِيْنَ وَكُذَٰلِكُ ذَوْلَا هِمْشُرَكُا أُوهُمْ لِيُدُو وُهُمْ وَلِيَلْبِسُوْا عَلَيْهِمْ وَيَنَهُمْ وَلَوْشَاءَ الله مَا فَعَلُوهُ فَذَرْهُمْ وَ مَا مَفْتَدُوْنَ ﴿ 139. Era bagamba mu kwogera kwabwe nti: Ebisolo n'ebisimbe bino byawerebwa, tebiriibwako okuggyako oyo gwe tuba twagadde—era nti n'ebisolo ebimu emigongo gya byo gyaziyizibwa *okwebagalwako*, n'ebisolo ebirala — olw'okumukonjera — tebabiraamirizaako linnya lya Allah. Kale ajja kubasasula olw'ebyo bye bakonjera.

140. Era bagamba nti: Ebyo ebiri mu mbuto z'ebisolo bino bya basajja baffe bokka era byawerebwa eri abakazi baffe. Naye bwe kiba nga kifu, olwo bonna beegatta wamu ku kyo. Ddala *Allah* ajja kubasasula olw'enjogera yaabwe. Mazima Ye ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

141. Mazima bamaze okufiirwa abo abatta abaana baabwe olw'obusiru mu butamanya, era nebaziza n'ebyo Allah bye yabagabula, olw'okukonjera Allah. Mazima baabula era tebaali balung'amu.

Ruku 17

142. Era Ye y'Oyo eyatonda ennimiro z'ebibala ebirandizibwa ku butandaalo n'ebitalandizibwa ku butandaalo, n'emitende n'ebisimbe eby'empooma ezitali zimu, n'emizayituuni, n'enkomamawanga; ebifaanana n'ebitafaanana. Mulye ku bibala bya byo awo nga bibaze era mutoolenga omutemwa gwe (Allah) omutuufu ku lunaku lw'okukungula kwa byo, naye temudiibuudanga. Mazima Ye tayagala badiibuuzi.

143. Era mu bisolo mulimu ebyetissi n'ebitono. Mulye kw'ebyo Allah bye yabagabula, naye temugobereranga buwufu bwa Sitaani. Mazima ye mulabe wa lwaatu gye muli.

144. Y'eyatonda ebisolo omunaana nga bibiri bibiri ekisajja n'ekikazi, ebbiri nga ndiga n'ebbiri nga mbuzi. Gamba nti: Abaffe, ennume ebbiri zeyawera oba enkazi ebbiri oba ebyo ebiri mu nnabaana w'enkazi zombi? Muntegeeze n'obumanyi, obanga ddala mwogera mazima.

وَ قَالُوْا مَا فِي بُطُوْنِ هٰذِهِ الْأَنْعَامِ كَالِصَةُ لِلْمُكُوْرِنَا وَ مُحَرَّمُ عَلَى اَزْوَاجِنَاءِ وَ لِنْ يَكُنْ مَّيْتَةً فَهُمْ اَزْوَاجِنَاءِ وَ لِنْ يَكُنْ مَّيْتَةً فَهُمْ فِيْهِ شُرَكَاءُ ﴿ سَيَجْزِيْهِمْ وَصْفَهُمْ ﴿ لِنَّهُ مَكِيْمُ عَلِيْمُ ﴿ لِللَّهُ مَكِيْمُ عَلِيْمُ ﴿ اللَّهُ مَكِيْمُ عَلِيمُ اللَّهُ مَكِيْمُ عَلِيمُ ﴾ لِانَّهُ مَكِيْمُ عَلِيمُ ﴿ اللَّهُ مَكِيْمُ عَلِيمُ هُوْ اللَّهُ مَكِيْمُ عَلِيمُ اللَّهُ مَكِيمُ عَلِيمُ وَاللَّهُ مَكِيمُ عَلَيْمُ اللَّهُ مَكِيمُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْمُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَيْمُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الل

قَدْ خَسِرَ الَّـزِيْنَ قَتَلُوْ آوُلَادَهُمْ سَفَهُا بِغَيْرِعِلْمِ وَّحَرَّمُوْا مَا رَزَقَهُمُ اللّٰهُ افْتِرَاءً عَلَ اللّٰهِ اقَدْ ضَلُّوْا وَمَا اللّٰهُ انْوامُهُ تَعْرِيْنَ شُ

وَهُوَا لَّذِ يَنَ اَنْشَا جَنْتِ مَعْرُوْشِةٍ وَّغَيْرَ مَعْرُوْشْتِ وَّالتَّخْلُ وَالرَّرَعَ مُخْتَلِقًا اُكُلُهُ وَالرَّيْتُوْنَ وَالرُّمَّانَ مُتَشَابِهَا وَغَيْرَ مُتَشَابِهِ مَكُلُوا مِنْ ثَمَرِهَ إِذَا اَثْمَرَ وَ أَتُوا حَقَّهُ يَوْمَ حَصَادِهِ لَا وَلَا تُشْرِفُوا اللَّهُ لَا يُحِبُ الْمُشرِفِيْنَ أَنْ

وَمِنَ الْاَنْعَامِ حَمُولَةً وَ فَرَشًا وَكُلُوا مِمَّا رَزَقَكُمُ اللهُ وَلَا تَتَّبِعُوا خُطُوتِ الشَّيْطِي وَلَّ تَتَبِعُوا خُطُوتِ الشَّيْطِي وَلَّ اللهُ عَدُوًّ مُّبِيْنَ ﴾ تَمُنِيةَ اَزْوَاجِ مِنَ الضَّانِ اثْنَيْنِ وَمِنَ الْمَعْزِ اثْنَيْنِ وَقُلْ إِللَّا اشْتَمَلَثُ حَرَّمَ امِ الْمُ نُتَيَيْنِ المَّا اشْتَمَلَثُ عَلَيْهِ اَدْحَامُ الْأُنْتَيَيْنِ وَ نَتِعُونِيْ بِعِلْمِ لِنَ كُنْتُمُ طُورِيْنَ ﴾ 145. Era Ye y'eyatonda n'ebbiri okuva mu ng'amira, n'ebbiri okuva mu nte. Gamba nti: Abaffe, ennume ebbiri zeyawera oba enkazi ebbiri oba ebyo ebiri mu nnabaana w'enkazi zombi? Nandiki, mwaliwo nga Allah abakuutira ku bino? Abaffe, ani asinga obwonoonefu kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba alyooke awabye abantu awatali bumanyi? Mazima Allah talung'amya bantu bakozi ba bibi.

Ruku 18

146. Gamba nti: Nze sisanga mw'ebyo eby'ambikkulirwa ekyawerebwa eri omuli okukirya okuggyako nga kibadde kalannamye, oba omusaayi ogutiiriisiddwa, oba ennyama y'embizzi — kuba ddala ebyo byo byenyinyalwa — oba eky'obujeemu ekiraamiriziddwako elinnya ly'atali Allah. Naye oyo awalirizibwa nga si mujeemu ate nga tasusse kigero, kale ddala Mukama wo ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.*

147. Era n'eri abo Abayudaaya twabawera buli *kisolo* ekirina enjala; ne mu nte ne *mu* ndiga twabawera amasavu ga byo byombi, okuggyako ago agali ku migongo gya byo byombi oba eby'enda oba agegasse awamu n'amagumba. Ebyo twabibasasula lwa bujeemu bwabwe. Era ddala tuli ba mazima.

148. Naye bwe bakulimbisanga, gamba nti: Mukama wammwe ye Nannyini kusaasira okwabuna wonna, era ekibonerezo kye tekizzikayo okuva ku bantu aboonoonyi.

149. Abo abenkanya Allah n'ebirala bajja kugamba nti: Singa Allah yayagala, ffe tetwalimwenkanyizza na birala wadde bakitaffe, era tetwaliweze kintu kyonna. Bwe batyo n'abaasooka bwe baalimbisa obubaka, okutuusa lwe baaloza ku kibonerezo kyaffe. Gamba nti: Abaffe, mulinayo okumanya kwonna mukutuggyireyo? Temulina kye mugoberera okuggyako okuteebereza. Era temulina kirala wabula muteebeeka buteebeesi.

وَ مِنَ الْإِبِلِ اثْنَايْنِ وَ مِنَ الْبَقَرِ اثْنَيْنِ وَلَلْ وَ الذُّكَّرِيْنِ حَرَّمَ أَمِّ الأثنكتون إقااشتمكث عكنه آدهام الأنتكن وآهُكُنْتُهُ شُهَدّ أعَاذُوصْكُمُ الله بهذاء فمن اظكم ممتن افتزى عَلَى اللهِ كَذِبًا لِيُضِلُّ النَّاسِ بِغَيْرِعِلْمِ عُ إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِى الْقَوْمَ الظَّلِمِ يُنَّ هُ قُلُ كُو آجِدُ فِي مَآارُونِي إِلَيَّ مُحَرَّمًا عَلَى طَاعِمِ يُطْعَمُ فَا لَكُ آنْ يُكُوْ نَ مَيْتَةً ٱۉػڰؘٲڰۺڡؙٛۉڰٵ۩ٛڷڂڡڗڿڹٛڒۣؽڔۏٙٳؾ*ؖ*ڬ رِجْسُ أَوْ فِشْقًا أُجِلُّ لِغَيْرِ اللَّهِ بِهِ مَ فَمَنِ اضْطُرَّغَيْرَ بَاغٍ وَّكُمْ عَادٍ فَإِنَّ رَبِّكُ عَفُو رُرِّحِيْمُ ۞ وَعَلَى الَّذِيْنَ هَا دُوْا حَدَّ مُنَا كُلَّ ذِي ظُفُرِ ، وَمِنَ الْبَقَرِوَ الْغَنِي حَرَّمْنَا عَلَيْهِمْ شُكُوْمَهُمَّا إِنَّا مَّا حَمَلُتْ ظُهُوْ رُهُمَّا آوِالْحَوَايَآ آوْمَاا خْتَلَطَ بِعَظْمِ وَلِكَ جَزَّيْنَهُمْ بِبَغْيِهِمْ الْأُواتَّالَصْدِ قُوْنَ فَانَكُذَّ يُوكَ فَقُلْرٌ بُّكُمْ ذُورَ حُمَّةٍ وَّا سِعَةِء وَلَا يُرَدُّ بَاْ سُهُ عَنِي الْقُومِ المُجْرِمِيْنَ ١ سَيَقُوْ لُ الَّذِيْنَ آشْرَكُوْ الوَشَاءَ اللَّهُ مَا ٱشْرَكْنَا وَكَ إِبَا ذُنَّا وَكُو حَرَّمْنَا مِنْ شَيْ يِهِ الدَّلْكُ كُذَّبَ اللَّذِينَ مِنْ

سَيُقُوْ لُ الَّذِيْنَ اَشْرَكُوا لَوْشَآءَ اللهُ مَا اَشْرَكْنَا وَ لَا اَبَاؤُنَا وَ لَا حَرَّمْنَا مِنْ شَيْ عِلْمَذَ لِلكَّكَةَ بِ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ حَتَّى ذَا قُوْا بَا سَنَا قُلْ هَلُ عِنْكُمُ مِتِيْ عِلْمِ فَتُخْرِجُوْهُ لَنَا مِلْ قَلْ عَلْ عِنْكُمُ مِتِيْ عِلْمِ فَتُخْرِجُوْهُ لَنَا مِلْ الْقَلِّ وَإِنْ اَنْتُمُ اللَّا تَحْرُ طُوْنَ اللَّهِ الْقَلْقَ وَإِنْ اَنْتُمُ اللَّا تَحْرُصُونَ اللَّهُ الْقَلْقَ وَإِنْ اَنْتُمُ اللَّ

^{6:146.} Wano ekigambo 'Idhturra' (إِضْطُرُّةُ) kitegeeza eddaala elisemberayo ddala mu kugumira enjala olw'okubulwa ekiriibwa ekirala kyonna nga ekisigalidde kufa.

150. Gamba nti: Allah y'alina obujulizi obutuukana n'ensonga. Era singa yayagala *kukaka*, ddala mwenna yaalibalung'amizza.

151. Gamba nti: Kale muleete abajulizi bammwe abo abakakasa nti ddala bino Allah y'eyabiwera. Kale bwe banaawa obujulizi, ggwe towa bujulizi awamu nabo era togoberera okwagala kw'abo abalimbisa obubonero bwaffe n'abo abatakkiriza nkomerero era abenkanya Mukama waabwe n'ebirala.

Ruku 19

152. Gamba nti: Mujje mbasomere ebyo Mukama wammwe bye yabawera. *Yagamba* nti: Temumwenkanyankanyanga n'ekintu kyonna, n'abazadde bombiriri mubayisenga bulungi, era nti temuttanga baana bammwe olw'obwavu, mmwe Ffe tubagabula era nabo, era temusembereranga ebyambyoone, eby'olwaatu mu byo n'ebyenkiso; era temuttanga omwoyo ogwo Allah gwe yaziyiza *okutta*, wabula mu butongole. Ebyo nno by'abakuutirako, mulyooke mukozese amagezi.

ل بفضل الله وبرعمته فيذلك فَلْدَفْ كُولِه هُو تَعَيْرُ مِتِمَّا يَجْمَعُونَ ٠ قُلْ آزَءَيْ تُمْ قَآ آئِزَلَ اللهُ لَكُمْ يَتِنْ رِّزْقِ فَجَعَلْ تُمْ مِنْهُ حَدًا مَّا وَّحَلْلًا ا قُلُ آيتُهُ آذِنَ لَكُمْ آمْ عَلَى اللهِ المنتشارة وا

وَمَا ظُنُّ الَّذِينَ يَفْتَرُوْنَ عَلَى اللهِ الْكُوْبَ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ وَإِنَّ اللَّهَ لَذُوْ فَضْلِ عَلَى النَّاسِ وَلٰكِنَّ ٱكْثَرُهُمْ \$ 7 £ £ £ 600

وَمَا تَكُونَ فِي شَانِ وَ مَا تَتْلُوا مِنْهُ مِنْ قُرْانِ وَ لَا تَعْمَلُونَ مِنْ عَمَلِ إِلَّا كُنَّاعَلَيْكُمْ شُهُوْدًا إِذْ تُفِيْضُوْنَ فِيْهِ وَمَا يَعْزُبُ عَنْ رَّبِّكَ مِنْ مِّنْقَالِ ذُرَّةٍ فِي الْأَرْضِ وَ لَا فِي السَّمَّاءِ وَكَمْ آصْغَرَ مِنْ ذَٰلِكُ وَ لَاۤ آكُبُرُ اِلَّا فِيْ كِ

ٱلرَّانَّ ٱوْلِيّاً وَاللَّهِ لَا خُوفُ عَلَيْهِ مُرَ لَا هُمْ يَهْزَنُوْنَ أَنَّ

ٱلَّذِيْنَ أَمَنُوا وَكَانُوا تَتَّقُونَ ١٠

لَهُمُ الْبُشْرِي فِي الْحَيْوِةِ الدُّنْيَا وَ

kukyuusa kwonna mu bigambo bya Allah. Obwo nno bwe buwanguzi obusukkirivu.

- 66. Era ebigambo byabwe bireme kukunakuwaza. Anti ekitiibwa kyonna kya Allah. Ye y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.
- 67. Mwetegereze! Mazima buli ekiri mu ggulu n'ekiri mu nsi kya Allah. Era abo abalaajanira ebirala ebbali wa Allah tebagoberera ebyo bye benkanya ne Allah, wabula bagoberera kuteebeeka kwokka, era tehali ku kirala wabula bateebeeka buteebeesi.
- 68. Ye y'eyabakolera ekiro mulyooke muwummulire mu kyo, n'emisana nga bwe butangaavu. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero eri abantu abawulira.
- 69. Bagamba nti: Allah yeefunira omwana. Obutuukirivu bubwe! Ye yeemala. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Temulina bukakafu bwonna ku kino. Abaffe, mwogera ne bye mutamanyi ku Allah?
- 70. Gamba nti: Mazima abo abapaatiika ku Allah eby'obulimba tebaganyulwa.
- 71. Balifuna okweyagala okutonotono mu nsi; n'oluvannyuma gye tuli y'eri obuddo bwabwe, nate tulibaloza ku kibonerezo ekikakali olw'okuba baali beeremve.

Ruku 8

- 72. Era basomere ebyafa ku Nuhu, bwe yagamba abantu be nti: Abange, obanga mukaluubirirwa lwa ddaala lyange n'okubuulirira kwange Aya za Allah, kale nze Allah gwenneesiga; kale mukung'aanye ensonga zammwe n'abammwe be mwenkanya ne Allah, n'oluvannyuma okwekoba kwammwe kuleme kubaamu nkenyera yonna gye muli, n'oluvannyuma mutuukirize gyendi kye mwagala era temumpa kaagaanya.
- 73. Naye bwe muneekyuusa, mujjukkire nti nze sibasaba mpeera yonna, wabula empeera yange eri eri Allah. Era nalagirwa kuba mw'abo abajeemulukufu.

اللهِ وَذَٰ لِكُ هُوَ الْفَوْ زُالْحَظِيْمُ إِ وَإِلَيْ مَا ثُلُكَ قَوْلُهُ مَ مِ إِنَّ الْعِزَّةَ يته جَمِيْعًا وهُوَ السَّمِنْعُ الْعَلْمُ ٱلآراتَ يِلْهِ مَنْ فِي السَّمَوٰتِ وَ مَنْ فِي الْاَرْضِ وَمَا يَتَّبِعُ الَّذِيْنَ يَدْعُوْنَ مِنْ دُوْكِ اللهِ شُرَكاءَ وَإِنْ يُتَتَّبِعُوْنَ إِلَّا الظِّنَّ وَإِنْ هُمُ مِا لَّا يَخْهُ صُوْنَ 🕾 هُوَا لَّذِيْ جَعَلَ لَكُمُ الَّيْلَ لِتَسْكُنُوْا

فِي الْمُخِرَةِ ﴿ كَا تَبْدِيْلَ لِكَلِمْتِ

قَالُوا اتَّخَذَ اللَّهُ وَلَدُاسُبُهُ نَهُ مُو الْغَبِيُّ ﴿ لَكُ مَا فِي السَّمَٰوٰتِ وَ مَا فِي أَلَا زُضَّ الْهُ عِنْدَكُمْ قِنْ سُلْطَيْ بِهٰذَا ﴿ ٱ تَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ مَا

فِيْهِ وَالنَّهَارَ مُبْصِرًا وإنَّ فِي وَٰلِكَ

الله لِقَوْمِ لِتَسْمَعُونَ

قُلْ إِنَّ الَّذِيْنَ يَفْتُرُوْنَ عَلَى اللَّهِ الكذب لايفلكون

مَتَاعُ فِي الدُّنْيَاثُمَّ إِلَيْنَا مَرْجِعُهُمْ ثُمَّ نُوْ يُقُهُمُ الْعَذَابِ الشَّوِيْدَ بِمَا الله المُوايكُ فُرُونُ اللهُ ا

إ وَاثِلُ عَلَيْهِمْ نَبَّا نُوْجِ را ﴿ قَالَ لِقَوْمِهِ يْقَوْمِ إِنْ كَانَ كَبُرَ عَلَيْكُمْ تَقَامِيْ وَ دُّكِيْرِيْ بِأَيْتِ اللهِ فَعَلَى اللهِ تَوَكَّلُتُ فَأَجْمِعُ وَآامُ كُمْوَ شُرَكَاءَ كُمْ ثُمَّ لَا يَكُنْ آمُرُكُمْ عَلَيْكُمْ غُمَّةً ثُمَّةً اقْضُوْ اللَّهُ وَلَا تُنْظِرُونِ

فَانْ تَدَكُّ لَكُ تُمْ فَمَا سَأَ لَتُكُمْ مِّنْ ٱجْدِه إِنْ أَجْدِي إِنَّاعَلَ اللَّهِ " وَأُمِرْتُ أَنَّ أكُوْنَ مِنَ الْمُشلِمِثْنَ ﴿ الْمُشلِمِثُنَ ﴿

74. Kale baamulimbisa, ne tumuwonya wamu n'abaali naye mu kyombo era netubafuula abasika mu nsi, ne tusaanyaawo abo abaalimbisa obubonero bwaffe. الكَّذِيْنُ كُذَّ بُوْ إِبِا يُرْتِنَاءً فَا نْظُرْكَيْفَ Naye laba enkomerero y'abo abaalabulwa الكَذِيْنُ كُذَّ بُوْ إِبا يُرْتِنَاءً فَا نْظُرْكَيْفَ nga bwe yali!

eri abantu baabwe nebajja gye n'obubonero obw'olwaatu: nave tebakkiriza ebyo bye baalimbisa olubereberye. Bwe tutyo nno bwe tukoona envumbo ku mitima gy'abo abasukka ekigero.

76. Nate oluvannyuma lwabwe, twatuma Mūsa ne Hārūna n'obubonero bwaffe eri Farāwo n'abakungu be, naye nebeekuza; era bo baali bantu boonoonyi.

77. Kale bwe baatuukibwako amazima agava gye tuli, baagamba nti: Mazima buno bulogo bwa nkukunala.

78. Mūsa n'agamba nti: Mwogera bwe muti ku mazima nga gamaze okubatuukako? Ddala buno bulogo? Naye nga abalogo tebaganyulwa!

79. Nebagamba nti: Otujjiridde otuwugule kw'ebyo bye twasangako bakitaffe, olwo obukulu bulyooke bubeere bwammwe mwembiriri mu nsi? Naye ffe mwembi tetujja kubakkiriza.

80. Olwo Farāwo n'agamba nti: Mundeetere buli mulogo omukugu.

81. Awo abalogo bwe bajja, Mūsa n'abagamba nti: Musuulewo ebyo bye munaasuulawo.

82. Bwe baamala okusuulawo, Mūsa n'agambanti: Ebyo bye muleese bya kubuzaabuza. Ddala Allah ajja kubisaanyaawo. Mazima Allah tatereeza bikolwa bya batabuzitabuzi.

83. Era Allah y'akakasa amazima n'ebigambo bye, aboononyi ne bwe baba tebaagala.

Ruku 9 84. Naye tebakkiriza Mūsa okuggyako abavubuka abamu mu bantu be, olw'okutya Farāwo n'abakungu be nti ajja kubabonya-

نَكُذَّ بُوْهُ نَنَجِّينُهُ رَسَ مَّعَهُ فِي الفُلكِ وَ جَعَلْنَهُمْ خَلَيْفَ وَاغْرَقْنَا كَانَ عَارِقِيَةُ الْمُنْذَرِينَ ١٠

75. Nate oluvannyuma Iwe twatuma Abatume شُمَّرَ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِ ﴾ رُسُلًا إِلَى قَوْمِهِمْ فَجَآءُوْ هُمْ بِالْبَيِّنْتِ فَمَا كَانُوْ، لِيُؤْمِنُوا بِمَا كَذَّبُوا بِهِ مِنْ قَبْلُ ا كذلك نَطْبُعُ عَلْ قُلُوبِ الْمُعْتَدِيْنَ ثُمَّرَبَعَثْنَامِنَ بَعْدِهِمْ مُّوْسَى وَهْرُوْنَ إلى فِرْعَوْنَ وَمَلَائِهِ إِلَيْتِنَا فَاسْتَكُبُرُوْا وكانوا قومًا مُجرمِين

> فَكُمًّا جَآءَ هُمُ الْحَقُّ مِنْ عِنْدِنَا قَا لُوْآ راتٌ هٰذَا لَسِحْرٌ مُّبِينَ۞

> قَالَ مُوسَى ٱتَقُولُونَ لِلْحَقِّ لَمَّا جَاءَكُمُ ، آسِحُرُّ لَمَذَا ، وَ لَا يُفْلِحُ السَّاجِرُوْنَ∞

> قَالُوْا ٱجِئْتَنَا لِتَلْفِتْنَا عَمَّا وَجَدْنَا عَلَيْهِ أَبَاءَنَا وَتَكُونَ لَكُمَا الْكِيْرِيّاءُ فِ الْأَرْضِ وَمَا نَحْنُ لَكُمًا بِمُؤْمِنِيْنَ الْ وَ قَالَ فِـرْعَوْنُ ائْـتُونِيْ بِكُلِّ سَحِرٍ

> فَلَمَّا جَاءَ السَّحَرَّةُ قَالَ لَهُمْ مُّوْسَى اَلْقُوا مَا آئتُمْ مُّلْقُونَ ۞

> فَكُمُّا النَّوْوا قَالَ مُؤلِّى مَا جِئْتُمْ بِهِ ا السِّحْرُ وإِنَّ اللهُ سَيُبُطِلُهُ وإِنَّ اللهُ لا يُصْلِحُ عَمَلَ الْمُفْسِدِينَ

وَ يُحِقُّ اللَّهُ الْحَقَّ بِكَلِمْتِهِ وَ لَوْكُرِهُ المُجْرِمُونَ الْمُجْرِمُونَ

فَمَا امَنَ لِمُوسَى رَكُّ ذُرِّبُّةً مِّن تَوْمِهُ عَلْ خَوْنِ مِّنْ فِرْعَوْنَ وَ abonya. Era mazima Farāwo yeekulumbazanga nnyo mu nsi, era ddala yali mw'abo abasukkiridde obubi.

85. Era Mūsa yagamba nti: Abange, obanga ddala mukkiriza Allah, kale Ye yekka gwe muba mwesiga, bwe muba nga ddala muli bajeemulukufu.

twesiga, Mukama waffe, totufuula kigezo eri abantu aboononefu.

abantu abatakkiriza.

88. Era twabikkulira Musa ne muganda we nti: Mwembi mutegekere abantu bammwe amayumba mu Misiri, era mukole enju zammwe nga zitunudde wamu* era mujjumbire essaala. Era wa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza.

89. Era Mūsa n'agamba nti: Mukama waffe, mazima Ggwe wawa Farāwo n'abakungu be eby'amajolobera n'ebyobugagga mu bulamu bw'oku nsi. Mukama waffe, n'ekiyuddemu babuza abantu ku kkubo Iyo. Mukama waffe, zikiriza eby' obugagga bwabwe era okaluubirize emitima gyabwe kuba kirabika tebajja kukkiriza okutuusa lwe banaalaba ekibonerezo ekirumya.

90. Allah n'agamba nti: Okusaba kwammwe mwembi kumaze okwanukulwa. Kale mwembi mwenyweze era temugoberera kkubo ly'abo abatamanvi.

مَلاَئِهِمْ آن يَكْنُتِنَهُمْ وَراتٌ فِرْعَوْنَ فِي الْأَرْضِ ﴿ وَ إِنَّهُ لَمِنَ

وَ قَالَ مُوْسَى يُقَوْمِ إِنْ كُنْتُهُ امَنْتُهُ تَوَكَّلُوْا لِنْ كُنْتُمْ

فِتْنَةً لِلْقَوْمِ الظَّلِمِيْنَ الْمُ

87. Era tuwonye olw'okusaasira kwo الْقَوْمِ الْكُفِرِيْنَ الْكَفِرِيْنَ الْقَوْمِ الْكُفِرِيْنَ وَٱوْحَيْنُا لِلْمُوسَى وَٱخِيْهِ آنْ تَبَيُّواْ لِقَوْمِكُمَا بِمِصْرَ بُيُوْتًا وَّاجْعَلُوْا بُيُوْ تَكُمْ وَمُلَةً وَ أَقِيْمُوا الصَّلُوةَ . وَبَشِرِ الْمُؤْمِنِيْنَ ۞

> وَقَالَ مُوهُ سِي دَتَنَا إِنَّكَ أَتَلْتَ فِي عَوْنَ زئنةً و أَمْهَا لا في الْحَيْوةِ

الذين لاكفلفان

10:88. Ehigambo 'waj 'aluu buyuutakum qiblatan' (دَاجْعَلُوالْيُوْوَكُمُ وَتُلَا) ebitegeeza 'era mukole enju zammwe nga zitunudde wamu' biyinza okutegeeza: okwolekera mu qibla, okutunuuligana oba okutunula oludda olumu. Amakulu agasooka wano tegakola kubanga mu kiseera ekyogerwako wano, tewaaliwo ludda lutongole baana ba Isirairi gye baayolekeranga nga basinza nga Yeekaalu ya Sulaimani (a.s.) tennazimbwa. Singa kitwalibwa nti amakulu agokubiri ge matuufu, kiba kitegeeza nti wano abaana ba Isirairi baali balagirwa kuzimba mayumba gaabwe nga gatunuuliganye olw'okwerinda. Ffe tututte amakulu ag'okusatu kuba ge gasinga obulungi. Olwo kiba kitegeeza nti abaana ba Isirairi wano baali bakubirizibwa okuzimba amayumba gaabwe gonna nga gatunudde ludda lumu kibasobozese okwanguyirwa mu kusinza Allah nga bonna batunudde ludda lumu. Kino kyaali kijja kubasobozesa okubeera n'obumu mu ndowooza, mu bikolwa ne mu mpisa. Obujulizi obukakasa nti amakulu ge tututte ge gasaana, bweragira mu kitundu kya Aya yennyini eyo ekyokubiri abaana ba Isirairi webakubirizibwa okuyimirizaawo essaala nebagambibwa nti: 'wa aqiimusswala' ekitegeeza nti 'era muyimirizeewo essaala'. Ekiragiro kino kyaali kikubiriza abaana (رَبْتِيمُ مِالطّلةُ) ba Isirairi bonna okuyimirizangawo essaala eya Jamaa (nga bonna basaalira wamu), so si kusaalanga kinnoomu.

91. Era twasomosa abaana ba Isirairi ennyanja, naye Farāwo n'abawondera n'amagye ge mu bujeemu n'okulumbagana, okutuusa lwe yatuukibwako okusaanawo, n'agamba nti: Nzikirizza nti ddala teri musinzibwa mulala okuggyako Oyo abaana ba Isirairi gwe bakkiriza, era nange ndi mw'abo abajeemulukuse.

92. *Netumuddamu nti*: Abaffe, kati *lw'okkiriza* ng'ate olubereberye wajeema era obadde mw'abo abatabuzitabuzi?

93. Kale olwa leero tugenda kukuwonya mu mubiri gwo, olyooke obeere akabonero eri ab'oluvannyuma lwo. Anti ddala bangi mu bantu tebafaayo ku bubonero bwaffe.

Ruku 10

94. Era mazima twategekera abaana ba Isirairi ekisulo eky'amazima era netubagabula mu biroongoofu, naye tebaayawukanamu okutuusa lwe bajjirwa obumanyi. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye baayawukanangamu.

95. Kale ggwe *omuntu* bw'oba nga olina okubuusabuusa kwonna kw'ebyo bye twassa gy'oli, kale buuza abo ababadde basoma Ekitabo olubereberye lwo. Ddala omaze okutuukibwako amazima agava eri Mukama wo, kale toba mw'abo ababuusabuusa.

96. Era tobanga mw'abo abalimbisa Aya za Allah, kale n'oba mw'abo abookufaafaaganirwa.

97. Mazima abo abaakakatako ensala ya Mukama wo si baakukkiriza.

98. Era ne bwe batuukibwako obubonero obwa buli ngeri, *tebakkiriza* okutuusa lwe baliraba ekibonerezo ekirumya.

99. Naye lwaki tewaaliwo kibuga kirala ekyakkiriza nga kirabuddwa nekigasibwa okukkiriza kwa kyo, okuggyako abantu ba Yūnusu? Bo bwe bakkiriza, twabaggyako ekibonerezo eky'obuswaavu mu bulamu

آنن و قد عَصَيْت قَبْلُ وَكُنْتُ مِنَ الْمُفْسِدِينَ

قَالْيَوْمُ نُنَّجِيْكَ بِبَدَنِكَ لِتَكُوْنَ لِمَنْ خَلْقَكُونَ لِمَنْ خَلْقَكُ التَّاسِ خَلْقَكَ النَّاسِ خَلْقَكَ النَّاسِ خَلْقَكَ النَّاسِ خَلْقَكَ النَّاسِ خُلْقِ عَنْ الْيَتِنَا لَغْ فِلُوْنَ أَنْ

وَلَقَدْ بُوْانَا بُرِيَ اِسْرَاءِ يُلُ مُبُوّا صِدْقِ وَرَزَقْنَهُ مُرْضَ الطَّيِّبِيةِ مَنَا اخْتَكَفُوْا حَتَّى جَاءَ هُمُ الْعِلْمُ الْعِلْمَةِ رَبَّكَ يَقْضِي بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيلِمَةِ فِيْمَا كَا نُوْا فِيْهِ يَخْتَلِفُوْنَ فَانَ كُنْتَ فِيْ شَلِقِ بِيَخْتَلِفُونَ فَانَ كُنْتَ فِيْ يَكْتَلِفُونَ الْكِتْبِ مِنْ قَبُلِكَ مَ لَقَدْ جَاءَكَ الْحَقُّ مِنْ رَبِكَ فَكُولَاتَكُمْ فَنَ مِنَ الْمُمْتَرِيْنَ فَيْ

وَلَا تَكُوْ نَنَّ مِنَ الَّهِ زِيْنَ كُذَّ بُوْا بِالْبِتِ اللهِ فَتَكُوْنَ مِنَ الْخُسِرِيْنَ ﴿ اللهِ فَتَكُوْنَ مِنَ الْخُسِرِيْنَ ﴿

اِنَّ الَّذِيْنَ حَقَّتُ عَلَيْهِمْ كَلِمَتُ رَبِّكَ لَا يُؤْمِنُوْنَ ۞

وَكُوْ جَكَاءُ تُهُمْ هُكُلُّ أَيْسَةٍ حَتَّى يَرَوُا الْعَذَابَ الْأَرِلِيْمَ ﴿

فَكُوْ لَا كَانَتْ قَرْيَةُ الْمَنَتْ فَنَفَعَهَا إِيْمَا ثُهَا إِلَّا قَوْمَ يُوْنُسَ . لَمَّا الْمَنُوْا كَشَفْنًا عَنْهُمْ عَذَابَ الْخِزْيِ فِي ekiseera.

100. Era singa Mukama wo yayagala kuwaliriza, ddala abali mu nsi bonna baalikkirizza. Abaffe, ggwe onoowaliriza abantu bafuuke bakkiriza?

101. Era tekisoboka muntu kukkiriza okuggyako nga Allah akkirizza. Era obusungu abussa kw'abo abatakozesa magezi.

102. Gamba nti: Mwetegereze nnyo ebigenda bibaawo mu ggulu ne mu nsi. Naye nno obubonero n'Abalabuzi tebigasa eri abantu abatakkiriza.

103. Abaffe, balindayo ekirala okuggyako ebifaanana n'ebyebiseera by'abo abaafa olubereberye lwabwe? Gamba nti: Kale mulindirire, nange ndi wamu nammwe mu balindirira.

104. N'oluvannyuma tujja kuwonya Ababaka baffe n'abo Abakkiriza. Bwe kityo kikakafu ku Ffe okuwonya abakkiriza.

Ruku 11

105. Gamba nti: Abange mmwe abantu, obanga mulinamu okubuusabuusa kwonna ku ddiini yange, kale mumanye nti nze sisinza abo be musinza ebbali wa Allah, wabula nsinza Allah oyo abafiisa, era nalagirwa okuba mw'abo abakkiriza.

106. Era nalagirwa okugamba buli omu nti: Yolekeza obwenyi bwo eri Eddiini ng'oli mwesimbu, era tobanga mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

107. Era *nti:* Towanjagiranga kyonna ebbali wa Allah ekitasobola kukugasa wadde okukukosa. Kale bw'olikikola, olwo naawe ddala oliba mw'abo aboonoonefu.

108. Era Allah bw'akutuusaako obuzibu, tewali asobola kubuggyawo okuggyako Ye yennyini. Era bw'akwagaliza ekirungi, tewali aziyiza mikisa gye. Agituusa ku gw'aba ayagadde mu baweereza be. Era Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

bw'oku nsi era netubeeyagazamu okumala الْكَيْوةِ الدُّنْيَا وَمُتَّعْنَهُمُ إِلَى حِيْنِ الْمُعْنِيةُ وَالْمُ وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ لَا مَنَ مَنْ فِي الْأَرْضِ كُلُّهُمْ جَمِيْعًا وَإِنَّانْتَ تُكُرِهُ ولنَّاسَ حَتَّى يَكُوْ نُوْا مُؤْمِنِيْنَ ا

وَمَا كَانَ لِنَفْسِ آنْ تُؤْمِنَ إِلَّا بِإِذْنِ الله ودر يَجْعَلُ الرِّجْسَ عَلَى الَّذِينَ لَا يَعْقِلُوْ نَ۞

قُلِ انْظُرُوا مَا ذَا فِي السَّمُوتِ وَ الْإَرْضِ ﴿ وَمَا تُغْنِي الْأَيْتُ وَ النُّذُرُ عَنْ قَوْمِلًّا يُؤْمِنُوْنَ

فَهَلْ يَنْتَظِرُوْنَ إِلَّا مِثْلُ آيًّا مِ الَّذِيْنَ خَكُوا مِنْ قَبْلِهِمْ وَتُلْ فَانْتَظِرُوْا إِنِّي مَعَكُمْ مِن الْمُنْتَظِرِين ﴿

ثُمَّ نُنَجِّيْ رُسُلَنَا وَالْكَزِينَ امَنُوْ اكَذْ لِكَ عَ مَقًا عَلَيْنَا نُنْجِ الْمُؤْمِنِيْنَ اللهِ الْمُؤْمِنِيْنَ

تُلْ يَايُهَا النَّاسُ إِنْ كُنْتُمْ فِي شَلِيٍّ مِّنْ ﴿ يُنِيْ فَكُرُ آعْبُدُ الَّذِيْنَ تَعْبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ وَلٰكِنْ اَعْبُدُ اللَّهَ الَّذِيْ يَتُوَفَّىكُمْ ﴿ وَ أُمِرْتُ أَنْ ٱكُوْنَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ اللَّهُ

وَ أَنْ أَرِقِهُ وَجُهَكُ لِلدِّ يُنِ حَنِيْفًاء وَلا تَكُوْ نَنَّ مِنَ الْمُشْرِكِ يُنَ ﴿

وَلا تَدْعُ مِنْ دُوْنِ اللهِ مَا لا يَنْفَعُكَ وَ لَا يَضُرُّ لِكَ مِ فَإِنْ فَعَلْتَ فَإِنَّكَ إِذًا مِّنَ الظُّلِمِيْنِ

وَإِنْ يَتَمْسَسُكَ اللَّهُ بِضُرِّفَكُ كَا شِفَ كَ الْهُ اللَّهُ هُوَ مَوَانَ يُبُرِدُكَ بِخَيْرِ فَلَا زَآدُ لِفُضْلِهِ وَيُصِيْبُ بِهِ مَنْ يُشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَهُوَ الْغَفُو رُالِيَّ عِنْمُ 109. Gamba nti: Abange mmwe abantu, amazima gamaze okubatuukako nga gava eri Mukama wammwe. Kale oyo alung'ama, mazima aba alung'amye lwa kugasa mwoyo gwe; n'oyo awaba, kale awaba lwa kugufiiriza yekka. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

110. Era goberera ebyo ebikubikkulirwa era ogumiikirize okutuusa Allah lw'alisalawo. Anti Ye y'asinga abalamuzi bonna.

قُلْ يَا يُهَا النَّاسُ قَدْجَاءَكُمُ الْحَقُّ مِنْ رَّبِكُمْ * فَمَنِ اهْتَدٰى فَإِنَّمَا يَهْتَدِيْ لِنَفْسِهِ * وَمَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا * وَمَآانَا عَلَيْكُمْ بِوَكِيْلِ فَ وَاتَّبِعْ مَا يُوْخَى إِلَيْكَ وَاصْبِرْ حَتَّى وَاتَّبِعْ مَا يُوْخَى إِلَيْكَ وَاصْبِرْ حَتَّى فَيْ يَصْكُمُ اللّهُ * وَهُوَخَيْرُ الْحُكِمِيْنَ شَ

HŪD

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Alif Lām Rā.* Kino ky'Ekitabo Aya zaakyo ezanywezebwa *nga teziriimu bukyaamu* nate ne zittottolwa. Kyava eri Nannyini magezi, Ategeera byonna.

3. Kiyigiriza nti: Temusinzanga omulala yenna okuggyako Allah yekka, ddala nange nvudde gy'ali ku lwammwe nga nze Mulabuzi era omuwi

w'amawulire ag'essanyu;

- 4. Era nti: Musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe, n'oluvannyuma mwenenye gy'ali. Ajja kubeeyagaza okweyagala okulungi okutuusa ku kiseera ekigere. Era buli agwanira emikisa ajja kumuwa ku mikisa gye. Naye bwe balyekyuusa, *gamba nti:* Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.
- 5. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe; era Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 6. Muwulirize! Ddala baweta ebifuba byabwe *mbu* bamwekweke. Muwulirize! Ne mu kiseera we beebuutikirira engoye zaabwe, *era* amanya ebyo bye bakisa ne bye booleka. Ddala Ye y'amanyi ebiri mu bifuba.

Juzu 12

- 7. Era tewali kiramu kyonna mu nsi, wabula okugabulwa kwa kyo kuli ku Allah, era y'amanyi ekisulo kya kyo n'amaka ga kyo. *Ebyo* byonna biri mu Kitabo ekitangaaza.
- 8. Era Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, ne Nnamulondo ye eri ku mazzi, alyooke abagezese amanyise ani mu mmwe asinga okukola ebikolwa ebirungi. Era bw'oyogera nti: Muli ba kuzuukizibwa oluvannyuma lw'okufa, ddala abatakkiriza bajja kugamba nti: Kino si kirala wabula kwe kubuzaabuza okw'olwaatu.

بِشمِاشُهِ الرَّحْمُنِ الرَّحِيْمِ ۞ اَلَّا سَكِتْبُ أَحْكِمَتُ الْيَّكَ ثُمَّ فُصِّلَتْ مِنْ لَّـدُنْ حَكِيْمٍ خَبِيْرٍ ۞

ٱلَّا تَعْبُدُ أَوْا لِلَّا اللهُ اللهُ اللَّهُ النَّيْنِي لَكُمْ يِسْنُهُ نَزِيرُوَّ بَشِيرُ ۞

وَّ آنِ اسْتَغْفِرُوْا رَبِّكُمْ ثُمَّ ثُوْ بُوَّا لِلَّهُ الْفَالِمَ الْفَالِمَ الْفَالِمَ الْفَالِمَ الْفَالِمَ الْفَالِمُ اللّهُ اللّهُو

ٳڬٙ١ٮڷ۠ۅڡۜۯڿؚڂػؙۿ؞ۘڗۿۅۜۼڶڲڷۣۺٚؽ؞ۣ ۛۊۜڋؽڔڰ

ٱلآراتُهُ مُ يَثْنُوْنَ صُدُوْرَهُ مُ لِيَسْتَخْفُوْا مِنْهُ الَّاحِيْنَ يَسْتَخْشُوْنَ ثِياً بَهُمُ ا يَعْلَمُ مَا يُسِرُّوْنَ وَمَا يُعْلِنُوْنَ مِ إِنَّكَ عَلِيمُ أَبِذَاتِ الصُّدُوْرِ ۞

وَمَا مِنْ دَآ بَدُ فِي الْاَدْضِ الْاَعْلَ الله رِزْقُهَا وَ يَغِلَمُ مُشْتَقَرَّهَا وَ مُشْتَوْدَعَهَا مُكُلُّ فِي كِتْبِ مُبِيْنِ ﴿ مُشْتَوْدَعَهَا مُكُلُّ فِي كِتْبِ مُبِيْنِ ﴿ وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمٰوْتِ وَ الْاَرْضِ فِي سِتَّةِ اَيَّامِ وَ كَانَ عَرْشُدَعَلَ الْمَاءِ لِيَبْلُوكُمُ آيُّكُمْ آحْسَنُ عَمَلًا وَلَيْنَ لِيبَلُوكُمُ آلَيُّكُمْ آحْسَنُ عَمَلًا وَلَيْنَ فَلْتَ الْكُمْ مَبْعُوثُونَ مِنْ بَعْدِ الْمَوْتِ لِيبَعُولَتَ الّذِينَ كَفَرُوا إِنْ هٰذَا إِلَّا سِحْرُمُبُونَ ﴿ 9. Era bwe tubalwisiza ekibonerezo okutuusa ku kiseera ekyabalirirwa, ddala bajja kugambanti: Kiki ekikiziyizza? Mwetegereze, olunaku lwe kiribatuukako, tekiribatakkuluzibwako era balyebungululwa ebyo bye baajereganga.

Ruku 2

10. Era bwe tuloza omuntu ku kusaasira okuva gye tuli n'oluvannyuma netukumuggyako, ddala afuuka omuterebufu, omuteebaza.

11. Ate bwe tumuloza ku bulungi oluvannyuma lw'obuyinike obwamutuukako, ddala agamba nti: Ebibamba binvuddeko; olwo nga yeesanyukira, nga yeejabaata;

- 12. Okuggyako abo abagumiikiriza era nebakola ebikolwa ebirungi. Abo be balifuna okusonyiyibwa n'empeera ennene.
- 13. Basuubira nti ob'olyawo n'oleka ebimu kw'ebyo ebikubikkulirwa oba nebikukeng'entereza ekifuba kyo olw'okubanga bagamba nti: Lwaki teyassizibwa ggwanika ly'ebyobugagga oba malayika okujja awamu naye? Mazima ggwe oli Mulabuzi, naye Allah ye mulabirizi wa buli kimu.
- 14. Kazzi bagamba nti: Kur'āni y'eyagijingajinga? Gamba nti: Kale nammwe muleeteyo Essuula kkumi enjingejinge ezigifaanana, ate mukoowoole bonna bemusobola, ng'oggyeeko Allah, obanga ddala mwogera mazima.
- 15. Kale bwe batalibaanukula, olwo nga mumanya nti mazima yo yabikkulwa na kumanya kwa Allah *yennyini* era nti teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Abaffe, munaajeemulukuka?
- 16. Abo abaagala obulamu bw'ensi n'amatiribona ga yo, tujja kubasasula mu yo mu bujjuvu ng'emirimu gyabwe bwe giri mu yo, era bo tebaliseerebwa mu yo.
- 17. Abo nno be bo abatalifuna kyonna ku nkomerero okuggyako omuliro, ne bye baagunja mu yo biribafiirira, ne bye baakola biribafaafaaganira.

وَلَئِنْ اَخَرْنَا عَنْهُمُ الْعَذَابَ اِلْ أُمَّةٍ

مَّعُذُوْدَةٍ لِيَقُولُنَّ مَا يَحْبِسُهُ الْكَارِيوْمُ

يَاتِيْهِمْ لَيْسَ مَصْرُوْ قَاعَنْهُمْ وَحَاقَ

عُرِيهِمْ مَّا كَانُوْا بِهِ يَسْتَهْزِءُوْنَ ثُ

وَلَمِنْ اَذَقْنَا الْانْسَانَ مِنَّارَهُمَةً ثُمَّ وَلَيْنُولَ اللهُ اللهُ لَيَّوُلُ كُفُورُ اللهُ لَيَعُولُ كُفُورُ اللهُ اللهُ لَيَعُولُ كُفُورُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَنِيْ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَنِيْ اللهُ اللهُ لَيَعُولُ اللهُ ال

إِكَّا الَّذِينَ صَبَرُوْا وَعَمِلُوا الصَّلِحُتِ الْمُلْكَ لَهُمْ مَعْفِرَةً وَّ اَجْرُ كَبِيْرُ ﴿
فَلَعَلَّكَ تَارِكُ بَعْضَ مَا يُوْخَى الَيْكَ وَ
ضَائِنُ بِهِ صَدْرُكَ آنَ يَّقُولُوا لَوْكَ انْ يَقُولُوا لَوْكَ انْ يَقُولُوا لَوْكَ انْ يَقُولُوا كَوْكَ انْ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءِ انْكُولُ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكَاللهُ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكَاللهُ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكَاللهُ وَكُولُ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكَاللهُ وَلَا اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكَاللهُ اللهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكَاللهُ وَلَا اللهُ عَلَى كُلِ شَيْءٍ وَلَا اللهُ عَلَى كُلِ اللهُ عَلَى كُلِ اللهُ عَلَى كُلِ اللهُ عَلَى كُلِ اللهُ عَلَى كُلُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ عَلَى كُلُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ عَلَى كُلُ اللهُ عَلَى كُلُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ عَلَى كُلُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَى كُلُولُ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى كُلُولُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّه

آمْ يَقُوْلُوْنَ ا فَتَرْسَهُ وَقُلْ فَأَتُوْا بِعَشْرِ سُورٍ تِثْلِهِ مُفْتَرَيْتٍ وَّا دَعُوا سَنِ اسْتَطَعْتُمْ مِّنْ دُوْنِ اللهِ إِنْ كُنْتُمْ طرقِيْنَ ﴿

فَالَّمْ يَسْتَجِيْبُوْا لَكُمْ فَاعْلَمُوْا اَتُمَا اَلْهُ اَلْهُمَا اللَّهُ اللَّ

مَنْ كَانَ يُرِيدُ الْحَيْوِةَ الدُّنْيَا وَزِينَتَهَا نُوَفِّ الَيْهِمْ آعْمَا لَهُمْ نِيْهَا وَهُمْ فِيْهَا لَا يُبْخَسُونَ ۞

أولَيُكَ اللَّذِيْنَ لَيْسَ لَهُمْ فِي الْأَخِرَةِ الَّا التَّارُ الْحَرَةِ الَّهَ التَّارُ الْحَرَةِ اللَّهَ التَّارُ الْحَرَةِ اللَّهِ التَّارُ الْحَرَةِ الْمَاكَ التَّارُ الْحَرَةِ الْمَاكُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللللْمُ اللَّهُ اللَّهُ الللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللْمُلْمُ اللللْمُ الللْمُلْمُ اللْمُلِلْمُ الللِّهُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ الللْمُلِمُ الللْمُلْمُ الللِّهُ الللْمُلِلْ

18. Abaffe, Oyo alina obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama we ate nga n'Omujulizi ow'okukakasa amazima ge ava gy'ali (Allah) ajja kumugoberera, ate nga n'olubereberye lwe yaliyo Ekitabo kya Mūsa ekyali obulung'amu era nga kwe kusaasira, ayinza okuba omulimba? Abo abakakasa ebyo bo bamukkiriza.* Era buli atakkiriza ekyo okuva mu bibiina by'abeerema, kale omuliro ky'ekisuubizo kye. Bwe kityo nno ggwe omuntu tobaamu kubuusabuusa ku kyo. Ddala ago ge mazima agava eri Mukama wo, naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.

19. Naye ani asinga obujoozi kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba? Abo nno be balireetebwa mu maaso ga Mukama waabwe, olwo n'abajulizi baligamba nti: Bano be bo abaayogeranga obulimba ku Mukama wabwe. Mwetegereze, ekikolimo kya Allah kiri ku boonoonyi,

20. Abo abeekiika mu kkubo lya Allah ne balyagaliza okuba ekkyaamu, era be bo

abatakkiriza nkomerero.

21. Abo tebayinza kufufuggaza *ntegeka ya Allah* ku nsi era tebalifuna bayambi ebbali wa Allah, n'ekibonerezo kyaabwe kirikubisibwamu emirundi ebiri, anti tebaasobola kuwulira wadde *tebaasobola* kulaba.

- 22. Abo nno be bo abeefiiriza bokka, n'ebyo bye baajingiriranga biribaabuulira.
- 23. Tewali kuwannaanya, ddala bo ku hkomerero be balisinga okufiirwa.
- 24. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi era nebeetowaza eri Mukama waabwe, abo be bannannyini Janna;

آفَمَن گان عَلْ بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّهِ وَ يَتُلُوهُ شَاهِدُ مِنْهُ وَمِنْ قَبْلِهِ كِتْبُ مُوسَى إِمَامًا ذَكَحْمَةً الْوَلْفُكَ يُوْمِنُونَ بِهِ الْمَامًا ذَكَحْمَةً وَالْفُكَ يُوْمِنُونَ بِهِ الْمَاكُ وَمَنْ يَكُفُورُ بِهِ مِنَ الْاَحْزَابِ فَالنَّارُ مَوْعِدُهُ مَ فَلَا تَكُ فِيْ مِرْيَةٍ مِّنْهُ مَن إِنَّهُ الْحَقُ مِنْ رَبِّكَ وَلٰكِنَّ ٱكْثَرَالتَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ الْ

وَ مَنْ اَظْكُمْ مِمْنِ افْتَرَى عَلَى اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ كَذِبًا اللهِ اللهِ عَلَى دَيْهِمْ وَيَقُولُ الأَشْهَا وُ لَمْ وَكَا النَّهِ عَلَى دَيْهِمْ وَيَقُولُ الأَشْهَا وُ لَمْ وَلَاءً الذّينَ كَذَبُوا عَلَى دَيِّهِمْ النّل لِمِينَ اللهِ عَلَى الظّلِمِينَ اللهُ اللهِ عَلَى الظّلِمِينَ اللهُ ا

الَّذِيْنَ يَصُدُّوْنَ عَنْ سَبِيْلِ اللهِ وَيَبْغُوْنَهَا عِوَجَّاء وَ هُمْ بِالْأَخِرَةِ هُمْ كُفُونُ۞

اولَيْكَ كَمْ يَكُونُوا مُعْجِزِيْنَ فِى الْاَرْضِ وَ الْمُعْجِزِيْنَ فِى الْاَرْضِ وَ اللهِ مِنْ اَوْلِيَاءَم إِنَّ مَا كَانَ لَهُمْ اِتْنَ دُوْنِ اللهِ مِنْ اَوْلِيَاءَم يُضْعَفُ لَهُمُ الْعَذَابُ مَا كَانُوا يَشْتَطِيْعُونَ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا يُبْصِرُونَ السَّمْعَ وَ مَا كَانُوا

أُولَئِكَ الَّذِيْنَ خَسِرُوْا اَنْفُسَهُمْ وَ ضَلَّ عَنْهُمْ مَّاكَا ثُوا يَفْتَرُوْنَ۞ مَنْ لَا عَنْهُمْ مَّاكَا ثُوا يَفْتَرُوْنَ۞

لَا جَرَمَ آنَّهُمْ فِي الْأَخِرَةِ هُمُ

إِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّلِحْتِ وَآخَبَتُوا الصَّلِحْتِ وَآخَبَتُوا إِلَى رَبِّهِمُ الْوَلْقِكَ آصَحْب

11:18. Kikulu nnyo okumanya ebigambo 'Abo abakakasa era ne bamukkiriza' be bikwatako kubanga mu Aya eno, Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) n'omujulizi ajja okumugoberera be bokka aboogerwako. Musa (a.s) tayogerwako, wabula Ekitabo kye kyokka kye kyogerwako, ate kyo tekiyinza kukakasa ne kikkiriza. N'olwekyo, kyeraga kaati nti wano mu 'abakakasa era ne bamukkiriza', mulimu Nabbi Omutukuvu yennyini Muhammad (s.a.w), n'omujulizi ajja okumugoberera ng'ali wansi we (s.a.w) era nga akakasa amazima ge, n'abantu abalala. Wano Aya eno eba etegeeza nti Nabbi Muhammad (s.a.w) n'omujulizi si be bokka abakkiriza amazima g'obubaka, wabula n'abagoberezi baabwe. Kitegeerekeke bulungi nti ebiseera ebimu, ba Nabbi abakulu boogerwako nga omuntu omu, naye olw'obusobozi bwe baba balina mu kuyingiwaza abagoberezi nebaba bangi, bayitibwa 'ummah', (عَرَافُ) ekitegeeza 'kibiina'. Abamu balowooza nti wano 'abo' (المُؤَلِّذَ)) kitegeeza Musa (a.s) n'abantu be.

bo mu yo mwe balibeera.

25. Enfaanana y'ebibiina *ebyo* byombi ering'anga muzibe ng'ate kiggala, n'oyo alaba era ng'awulira. Abaffe, embeera ya bombi venkanankana? Abaffe, temufumiitiriza?

Ruku 3

26. Era ddala twatuma Nūhu eri abantu be n'abagamba nti: Nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu gye muli,

27. Nti temusinzanga kyonna okuggyako Allah, Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku lw'okuluma obugigi.

28. Kale abakungu b'abo abatakkiriza mu مَا نَا لِكَ إِنَّا مِثْلَنَا وَمَا نَا لِكَ فَا مَا نَا لِكَ اللَّهِ bantu be baagamba nti: Tetukulaba ng'ekirala wabula oli muntu nga ffe, era tetukulaba n'abakugoberera okuggyako abo abaawansi ennyo mu ffe mu ndabika, era tetubalaba na kyonna kye mutusukkulumamu, era tukakasiza ddala nti muli balimba.

29. Nūhu n'agamba nti: Abange, mulabye mba n'obukakafu mutya? Singa obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era nga ampadde n'okusaasira okuva gy'ali naye mmwe nga ebyo mulemereddwa okubiraba. abaffe, tubibakakaatikeko bukakaatisi nga mmwe temubyagala?

30. Era abange, nze sibasaba bya bugagga ku lwa byo, wabula empeera yange eri eri Allah. Era nze siyinza kugoba abo abakkiriza, mazima bo be b'okusisinkana ne Mukama waabwe: naye mmwe mbalaba nga muli bantu abali mu butamanya.

31. Ye abange, ani anannyamba ku Allah singa nnaaba mbagobye? Abaffe, mmwe temufumiitiriza?

32. Era sibagamba nti amawanika g'ebyobugagga bwa Allah nze ngalina, era simanyi byankiso, era sigamba nti ndi malayika, wadde sigamba abo amaaso gammwe be gagayirira nti Allah talibawa birungi. Allah y'asinga okumanya ebiri mu myoyo gyabwe; bwe nkikola, olwo nange mba ndi mu bakyaamu.

الْجَنَّةِ مَ هُمْ فِيْهَا خُلِدُوْنَ ١ مَثَكُ الْفَرِيْقَيْنِ كَالْآعْلَى وَالْآصَدِّةِ وَ الْبَصِيْرِ وَالسَّمِيْعِ وهَلْ يَسْتُولِي مَثَلًا و افكر تذكُّرُونَ اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ اللّ

وَلَقَدْ آ رُسَلْنَا نُوْحًا إِلَى قَوْمِهِ زِإِنِّ لَكُمْ نَذِيْرُمُّبِيْنُ ﴿

ٱنْ لاَ تَعْدُدُ وَإِللَّا لِللَّهِ وَإِنَّ أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمِ ٱلِيْمِ

فَقَالَ الْمَلَا الَّذِينَ كَفَرُوْا مِنْ قَوْمِهِ اتَّبَعَكَ إِلَّا الَّذِينَ هُمْ أَرَاذِ لُنَّا بَأَدِي الرَّآيِ ، وَمَا نَزَى لَكُمْ عَلَيْنَا مِنْ فَضْلٍ بَلْ نَظُنُّكُمْ لَذِينَ ۞

قَالَ يُقَوْمِ آرَءَيْتُمْ إِنْ كُنْتُ عَلَى بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّيْ وَ النَّهِيٰ رَحْمَةً مِّنْ عِنْدِهُ فَعُمِّيَتُ عَلَيْكُمُ اللهُ اللهُ مُكُمُوها وَ آئتُمْ لَهَا كُرهُوْنَ ٠٠

وَيْقَوْمِ لَكَ اسْتَلْكُمْ عَلَيْهِ مَا كَاء إِنْ آجُرِي لِلَّا عَلَى اللَّهِ وَمَّا آنَا بِطَارِدِ النبذين أمننوا وإنهم ملفوا ربهم وَلٰكِنِّي الْكُمْ تَوْمًا تَجْهَلُونَ ۞ وَ يُقَوْمِ مَنْ يَنْصُرُنِيْ مِنَ اللَّهِ إِنْ طَرَدْ تُهُمْ وَأَفَلَا تَذَكَّرُونَ وَلَا اَتُولُ لَكُمْ عِنْدِيْ خَزَ السُّورَ لا اَعْلَمُ الْعَيْبَ وَلا اَقُولُ إِنَّى مَلَكَ وَ لَآ ٱقُوْلُ لِلَّذِيْنَ تَنْزَدَرِيْٓ ٱعْيُنْكُمْ لَنْ يُؤْتِيَهُمُ اللهُ خَبْرًا وَاللهُ أَعْلَمُ بِمَا فِيْ آنْفُسِهِمْ ﴿ إِنِّي ٓ إِذًّا لَّمِنَ

- 33. Baagamba nti: Owange Nūhu, mazima otuwakanyizza n'okatagga, kale kati tuleetere ebyo by'otutiisatiisa nabyo, obanga ddala oli mu b'amazima.
- 34. N'agamba nti: Mazima Allah y'ajja okubibatuusaako, bw'anaaba asazeewo, era mmwe temuyinza kulemesa *Allah*.
- 35. Era okubuulirira kwange tekuyinza kubagasa ne bwemba njagadde ntya okubabuulirira, kasita Allah aba nga asazeewo kubazikiriza. *Anti* Ye ye Mukama wammwe, era gy'ali gye mulizzibwa.
- 36. Kazzi bagambanti: Y'eyagiyiiya? Gambanti: Obanga nze nnagiyiiya, kale omusango gwange guli ku nze, era nze nejjeeredde ku bibi bye mukola.

Ruku 4

- 37. Era Nūhu yabikkulirwa nti: Teri balala bajja kukkiriza mu bantu bo okuggyako abo abaamala okukkiriza. Kale tewennyamira olw'ebyo bye babadde bakola.
- 38. Era kola ekyombo mu maaso gaffe ng'okubikkulirwa kwaffe *bwe kuli*, naye toyogera nange kw'abo abaayonoona. Mazima bo b'akusaanyizibwawo.
- 39. Era ng'akola ekyombo, abakungu b'omu bantu be buli lwe baamuyitangako, nga bamusekerera. N'agamba nti: Obanga mutusekerera, kale mazima naffe tulibasekerera nga bwe museka.
- 40. Naye mangu nnyo mujja kumanya ani w'okutuukibwako ekibonerezo eky'okumuswaaza era agwiibweko n'ekibonerezo eky'olubeerera.
- 41. Okutuusa ekiragiro kyaffe lwe kyatuuka, ensulo nezifukumuka, netugamba nti: Tikka mu kyo ku buli mugogo gw'ebiba ebibiri (ekisajja n'ekikazi), n'aboomu maka go, ng'oggyeeko oyo eyamaze okwogerwako, osseemu n'abo abakkiriza. Naye tewaali bakkiriza wamu naye okuggyako ab'omuswaba.

قَالُوالِنُوْمُ قَدْ جَادَلْتَنَا فَاحُثَوْتَ جِدَالَنَا فَأْتِنَا بِمَا تَعِدُنَالِثُكُنْتَ مِنَ الصِّدِقِيْنَ

قَالَ إِنَّمَا يَارِّتِيكُمْ بِعِ اللهُ اِنْ شَاءَ وَمَا اَنْ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ ا

وَلَا يَنْفَعُكُمْ نُصْحِيْ إِنْ آرَدْتُ آنَ آنْصَةَ لَكُمْ إِنْ كَانَ اللهُ يُرِيدُ آنَ يُغُويَكُمْ مُو رَبُّكُمْ مِد وَ إِلْيَهِ تُرْجُعُونَ قَ

آمْ يَقُوْلُوْنَ افْتَرْمَهُ ﴿ قُلْ لِكِ افْتَرْمَهُ ﴿ قُلْ لِكِ افْتَرَيْهُ ﴾ افْتَرَيْهُ ﴿ وَانَا بَرِيْءُ ﴾ افْتَرَيْهُ وَانَا بَرِيْءُ ﴾ فِي حَمَّا تُجْرِمُوْنَ ﴿

وَٱوْجِيَالَى نُوْجِ ٱنَّـٰهُ لَنْ يُتُوْمِنَ مِنْ قَوْمِكَ إِلَّا مَنْ قَدْ اٰمِنَ فَلَا تَبْتَئِسُ بِمَاكَا نُوْا يَفْعَلُوْنَ أَمَّى

وَاصْنَعِ الْفُلْكَ بِآعَيُنِنَا وَوَحْيِنَا وَ لَا تُخَاطِبُنِيْ فِى الَّذِيْنَ ظَلَمُوْاءَ إِنَّهُمْ مُغْرَقُونَ۞

اِنَّهُمْ مُّغُرَقُوْنَ۞ وَ يَصْنَعُ الْفُلْكُ سَوَكُلَّمَا مَرَّ عَلَيْهِ مَلاً مِّنْ قَوْمِهِ سَخِرُوامِنْهُ وقالَ إِنْ تَشْخَرُوا مِنَّا فَإِنَّا نَشْخَرُ مِنْكُمْ كَمَا تَشْخَرُونَ فِيْنَ

ڬؘڛۘۉڬ تَعْلَمُۉڽ ۗ مَنْ يُأْرِيْدُوعَذَابُ يُخْزِيْءِ وَيَحِلُ عَلَيْهِ عَذَابُ مُّقِيْمُ۞

حَتِّى إِذَا جَآءً أَمُرُنَا وَ فَارَ التَّنُّوُرُ " قُلْنَا الْحَمِلُ التَّنُّورُ " قُلْنَا الْحَمِلُ الْنَيْنِ وَ الْحَمِلُ الْنَيْنِ وَ الْحَمِلُ الْنَيْنِ وَ الْحَمْلُ الْنَيْنِ وَ الْمَلُكَ الَّا مَنْ سَبَقَ عَلَيْهِ الْقَوْلُ وَمَنْ الْمَنَ وَمَنْ الْمَنَ وَمَنْ الْمَنَ وَمَنْ الْمَنَ وَمَنْ الْمَنَ وَمَنْ الْمَنْ مَعَ فَا إِلَّا قَلِيْلُ الْ

42. N'agamba nti: Kale musaabale mu kyo. Okuseeyeeya kwa kyo n'okuyimirira kwa kyo kube ku lw'erinnya lya Allah. Mazima Mukama wange ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

43.Era kyaseeyeeya nabo mu mayengo agalinga ensozi. Kale Nūhu n'akowoola mutabani we eyali amwesambye nti: Mwana wange, saabala wamu naffe era tobeera wamu n'abatakkiriza.

44. Omwana n'addamu nti: Mangu nnyo nzija kubudama eri olusozi lujja kumponya amazzi. Nahu n'agamba nti: Olwa leero, tewali kinaawonya muntu yenna ku kiragiro kya Allah, okuggyako oyo gw'anasaasira. Awo ejjengo lyekiika wakati waabwe, bw'atyo n'aba mw'abo abaasaanyizibwawo.

45. Era nekigambibwa nti: Owange ensi, mira amazzi go. Naawe ebire, lekera awo okutonnyesa *amazzi go*. Olwo amazzi gaanyunyuntibwa; ensonga n'ekomekkerezebwa, *n'e*kyombo nekitereera ku lusozi Juudi, era nekigambibwa nti:Okuzikirira kubeere ku bantu aboonoonefu.

46. Era Nühu yakowoola Mukama we n'agamba nti: Mukama wange, mazima mutabani wange y'omu mu b'omu maka gange ate nga ddala okusuubiza kwo kwa mazima, era Ggwe mulamuzi asinga abalamuzi bonna.

47. Allah n'agamba nti: Owange Nūhu, oyo tali mu ba mu maka go. Ddala Ye yeeyisa mu ngeri etali nnungi. Kale tonsaba by'otalina ky'obimanyiiko. Nze nkubuulirira oleme kuba mw'abo abatamanyi.

48. N'agamba nti: Mukama wange, mazima nkusaba onkingirize nneme kukusabanga bye sirina kye mbimanyiiko. Era okuggyako nga onsonyiye, n'onsaasira, nzija kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

49. Kyagambibwa nti: Owange Nūhu, kka n'emirembe egiva gye tuli n'emikisa gibeere ku ggwe ne ku bantu abaliva mw'abo abali naawe. N'abalala, tujja kubeeyagazaamu, oluvannyuma batuukweko ekibonerezo ekirumya ekiva gye tuli.

وَقَالَ ارْكَبُوا فِيْهَا بِسْمِ اللهِ مَجْرِ مِهَا وَمُرْسْمِهَا ﴿ إِنَّ رَبِّيْ لَغَفُوْرٌ رَّحِيْمُ

رَهِيَ تَجْرِيْ بِهِمْ فِي مَوْجِ كَالْجِبَالِ ﴿ وَ كَانَ فِي مَعْزِلِ لَا لَكُوْمُ لِا بَنْكُ وَكَانَ فِي مَعْزِلِ لَيْدُنِينَ ارْكَبْ شَعْنَا وَلَا تَكُنْ تُتُعُ لَيْمُ لَكُوْرِيْنَ ﴿ لَا تُكُونُ لَيْعُ لَا تُكُورُ لِنَا ﴾ الكورين ﴿ اللّهُ وَلَا تَكُنْ لَيْعُ

قَالَ سَاوِيَ إِلَى جَبَلِ يَعْصِمُنِي مِنَ الْمَاءِ وَقَالَ لَا عَاصِمَ الْيَوْمَ مِنْ آمْرِ اللهِ إِلَّا مَنْ تَحِمَ * وَ حَالَ بَيْنَهُمَا الْمَوْجُ فَكَانَ مِنَ الْمُغْرَقِيْنَ ()

وَقِيْلَ يَاكُوْ ابْلَدِيْ مَا اللَّهِ وَيُسَمَّاءُ اَقْلِدِيْ وَ غِيْضَ الْمَاءُ وَ قُضِيَ الْاَمْرُ وَ اسْتَوَتْ عَلَ الْجُوْدِيِّ وَ قِيْلَ بُعْدًا أَنَّ يَلْقَوْمِ الظَّلِمِيْنَ۞

وَنَا لَى نُوْحُ رَّبَّهُ فَقَالَ رَبِّ إِنَّ ابْنِيْ مِنْ اَهْلِيْ وَ إِنَّ وَعْدَكَ الْحَقُّ وَ اَنْتَ اَحْكُمُ الْخُكِمِيْنَ

قَالَ يْنُوْحُ إِنَّهُ لَيْسَ مِنْ اَهْلِكَ مِ إِنَّهُ عَمَلُ غَيْرُ صَالِيْسَ عَنْ اَهْلِكَ مِ إِنَّهُ عَمَلُ غَيْرُ صَالَيْسَ عَمَلُ غَيْرُ صَالَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمُ الْذِيْنَ آعِظُ كَ آنْ تَكُوْنَ مِنَ الْجِهِلِيْنَ ﴿ إِنِّيْ آعِظُ كَ آنْ تَكُوْنَ مِنَ الْجِهِلِيْنَ ﴿ وَنَ الْجِهِلِيْنَ ﴾

قَالَ رَبِّ إِرْثِيْ آعُوْ ذُبِكَ آنَ آسْتَلَكَ مَا لَيْسَ إِنْ بِهِ عِلْمُ ، وَ إِلَّا تَغْفِرُكِ وَ تَرْحَمْنِيْ آكُنْ مِّنَ الْخْسِرِيْنَ ۞

قِيْلَ لِنُوْمُ اهْبِطْ بِسَلْمِ مِّنَّادَ بَرَكْتِ عَلَيْكَ وَعَلَى أُمْمِ مِّمَّنَ مُّعَكَ ﴿ وَ اَسُمُ سَنُمُتِّعُهُمْ ثُمَّ يَمَسُّهُمْ مِثَّا عَذَابُ الِيْمُنَ

تِلْكَ مِنْ آنْكَاءِ الْغَيْبِ تُوْجِيْهَ اللَّهُ فَي عَلَمَ اللَّهُ عَلَى عَنْ آنْكَاءِ الْغَيْبِ تُوْجِيْهَ اللَّهُ فَي 50. Ago ge gamu ku mawulire ag'omunda ge tukubikkulidde. Ggwe obadde togamanyi wadde abantu bo olubereberye lwa bino. Kale gumiikiriza, mazima enkomerero ennungi y'abo abatya Allah.

Ruku 5

- 51. N'eri aba 'Adi, twatumayo muganda waabwe Hūdu. Yagamba nti: Abange, musinze Allah, Temulinaayo musinzibwa *mulala* atali Ye. Mmwe temuli kirala wabula muli bagunjirizi ba bulimba.
- 52. Bannange, nze sibasaba mpeera kw'ebyo bye nkola wabula empeera yange eri kw'Oyo eyantonda. Abaffe, temutegeera?
- 53. Era bannange, musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe, n'oluvannyuma mubonerere gy'ali, ajja kuweereza enkuba efukumuka gye muli era abongere amaanyi ku maanyi gammwe. Naye temukyuukanga nemuba aboonoonyi.
- 54. Nebagamba nti: Owange Hūdu, ggwe totuleetedde bukakafu bwonna, era ffe tetujja kulekayo ba katonda baffe olw'okwogera kwo, era tetujja kukukkiriza.
- 55. Naye kye tugamba kiri nti okwatiddwa abamu ku balubaale baffe mu ngeri embi. N'agamba nti: Nze njuliza Allah era nammwe mujulire nti nze nneesambye ebyo bye mwenkanya ne Allah
- 56. Ebiri ebbali we. Kale mwenna munneekobere, n'oluvannyuma kaagaanya.
- 57. Nze neesiga Allah, Mukama wange era Mukama wammwe. Tewali kiramu kyonna, wabula Ye y'akikwatiridde mu kawompo ka kyo. Mazima Mukama wange y'ali ku kkubo eggolokofu.
- 58. Naye bwe muneefuula, kasita nze mmaze okubatuusaako ebyo bye natumwa nabyo gye muli. Era Mukama wange ajja kubasikiza abantu abalala abatali nga mmwe, era temuyinza kumulumya n'akatono. Mazima Mukama wange ye Mukuumi wa buli kimu.
- 59. Awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Hūdu n'abo abakkiriza abaali naye olw'okusaasira okuva gye tuli, era ne-

مَاكُنْتَ تَعْلَمُهَا آنْتَ وَلَا قَوْ مُكَ مِنْ ذَا ﴿ فَاصْبِرْ ﴿ إِنَّ الْعَارِقِبَةَ

وَ إِلَّى عَادِ آخَاهُمْ هُوْدًا ﴿ قَالَ يُقَوْمِ اعْبُدُوا اللهُ مَا لَكُمْ مِنْ الْهِ عَبْدُولًا وإِنْ آئتُمُ إِلَّا مُفْتَرُونَ ۞

يقوم لآ اشعَلُكُ معكيه أجرًا وإن أجري رِالَّا عَلَى الَّذِي فَطَرُف مِ أَفَلَا تَعْقلُهُ نَ ﴿ وَ يَعْوَمِ اسْتَغْفِرُوْا رَبِّكُمْ ثُمَّ تُوبُوَّا النبه يُرسِل السَّمَاءَ عَلَيْكُمْ مِّدْ دَارًا وَ يَهِدُدُكُمْ تُوَّةً إِلَى تُوَّتِكُمْ وَ لَا تَتَوَكُّوا مُجْرِمِيْنَ ۞

قَالُوْا لِهُوْدُ مَا جِئْتَنَا بِبَيِّنَةٍ وَمَا نَحْنُ بِتَارِكِيْ الْمَيْنَا عَنْ تَوْلِكَ وَ مَا نَحْنُ لَكَ بِمُؤْمِنِيْنَ

إِنْ تَقُوْلُ الدَّاعَتَرْ مِكَ يَعْضُ أَلِهَتِنَا بِسُوْءِ وَكَالَ إِنِّكُ أُشْهِدُ اللَّهُ وَاشْهَدُ وَا اَنِيْ بَرِيْ ءُرِمِمًا تُشْرِكُونَ ٥ مِنْ دُوْنِهِ فَكِيْدُوْنِ جَمِيْعًا ثُمَّ لَا تُنْظِرُوْنِ۞

رِانِيْ تَوَكَّلْتُ عَلَى اللهِ رَبِيْ وَرَبِيْكُمْ المَّا مِنْ دَا تُبَدِّرالَّا هُوَاخِذُ بِنَاصِيَتِهَا ﴿ إِنَّ رَبِّيْ عَلْ صِرَاطِ مُسْتَقِيْدِ

فَانْ تُوَكَّدُا فَ رَبِّنْ قَوْ مَاغَيْرُكُمْ وَلَا تَضُدُّ وْ نَدَهُ شَنَّاء إِنَّ رَبِّيْ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ حَفِيْظُ ۞

وَلَمَّا عِنَّاءَ آهُونَا نَكِّيْنَا هُؤَدًا وَّا تُذِيْنَ أمَنُوْا مَعَهُ بِرَحْمَةِ مِتَّكَّاءِ وَنَجَّيْنُهُ هُ tubawonya ekibonerezo ekikakali.

60. Abo nno be ba 'Ādi abaagaana obubonero bwa Mukama waabwe mu bugenderevu era nebajeemera Ababaka be, nebagoberera ebiragiro bya buli nnalukalala, ow'emputtu.

61. Era baagoberezebwa ekikolimo ku nsi eno ne ku lunaku lw'okuzuukira. Mwetegereze! Mazima aba 'Ādi beegaana Mukama waabwe. Mwetegereze! Okuzikirira kuli ku ba 'Ādi ab'eggwanga lya Hūdu.

Ruku 6

62. N'eri aba Thamūda *twatumayo* muganda waabwe Swālehe, n'agamba nti: Abange, musinze Allah yekka. Temulinaayo musinzibwa mulala atali Ye. Ye y'eyabasibula mu nsi era n'ababeeza mu yo. Kale mumusabe okusonyiyibwa ate mubonerere gy'ali. Mazima Mukama wange ali kumpi nnyo, *era* Mwanukuzi wa kusaba.

63. Nebagamba nti: Owange Swālehe, mazima ggwe obadde *omu* mu ffe gwe twalinamu essuubi nga bino tebinnabaawo. Abaffe, otuziyiza okusinza ebyo bakitaffe bye baasinzanga? Era ddala ffe tulina okubuusabuusa okutawaanya kw'ebyo by'otuyitira.

64. N'agamba nti: Bannange, mulabye mutya singa mba nga ndi ku bukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era ng'ampadde n'okusaasira okuva gy'ali, ddala ani anannyamba ku Allah nga mmujeemedde? Kale tewali kye munnyongera okuggyako okuzikirira.

65.Era bannange, eng'amira ya Allah eno enkazi kabonero gye muli. Kale mugireke erye mu nsi ya Allah, naye temugituusangako akabi konna, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo eky'okumpi.

66. Naye baagitemako amagulu; kale n'agamba nti: Mwesanyuseemu mu maka gammwe okumala ennaku ssatu; ekyo kisuubizo ekitalimbisibwa.

67. Kale ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Swālehe n'abo abakkiriza abaali awamu naye olw'okusaasira okuva gye tuli, netubawonya n'obuswaavu bw'o-

مِّنْ عَذَابٍ غَلِيْظِ۞ وَتِلْكَ عَادُ للْ جَكَدُوْا بِأَيْتِ رَبِّهِمْ وَعَصَوْا رُسُلَهُ وَ اتَّبَعُوْا آمْرَ كُلِّ جَبَّا رِعَنِيْدِ۞

وَ ٱثْبِعُوا فِيْ لَمَٰذِةِ الدُّنْيَا لَعْنَةً وَّ يَوْمَ الْقِيْمَةِ ﴿ اَلَّا إِنَّ عَادًا كَفَرُوْا ﴾ رَبَّهُ مُ ﴿ اَكَا بُعُدًّا لِتَعَادٍ تَوْمِ هُوْدٍ ۞

﴿ وَإِلْ ثُمُوْدَ آخَا هُمُ صَلِحًا مُقَالَ لِقَوْمِ اعْبُدُ واالله مَالكُمْ مِّنَ إِلْهِ غَيْرُهُ ا هُوَ آنشاكُمْ مِّنَ الْارْضِ وَاسْتَعْمَرُكُمْ فِيْهَا فَاسْتَغْفِرُوهُ ثُمَّةً تُوبُوْ الكَيْهِ اللهِ عَيْبَهُ الْوَبُوْ الكَيْهِ اللهِ عَيْبَهُ اللهِ اللهِ اللهِ عَيْبَهُ اللهِ اللهِ عَيْبَهُ اللهِ عَيْبَهُ اللهِ اللهُ اللهِ عَيْبَهُ اللهِ اللهُ اللهُولِي اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُو

قَالُوْا لِصَٰلِحُ قَوْكُنْتَ نِيْنَا مَرْجُوَّا قَبْلَ هٰذَا اَتُنْهٰىنَا اَنْ تَعْبُدُمَا يَعْبُدُ اَبِاَوْنَا وَإِنَّنَا لَهِٰيْ شَلِقٍ يِّمَّا تَدْ عُوْنَا رِلْيْهِ مُرِيْبِ شَ

قَالَ يُقَوْمِ آرَءُ يُنتُمْ إِنْ كُنْتُ عَلْ بَيِّنَةٍ حِنْ رَقِيْ وَ اللّهِ عِنْهُ رَحْمَةً فَمَنْ يَنْصُرُنِيْ مِنَ اللّهِ إِنْ عَصَيْتُهُ مَا تَنْهُ كُمَنْ تَزِيْدُ وَنَنِيْ غَيْرَ تَخْسِيْرِ ﴿

وَ يُعَوْمِ هٰذِهِ نَاقَةُ اللهِ لَكُمْ أَيَةً فَذَرُوهَا تَأْكُلُ فِنَ آرْضِ اللهِ وَ لَا تَمَسُّوْهَا تِأْكُلُ فِنَ آرْضِ اللهِ وَ لَا تَمَسُّوْهَا بِسُوْءً فَيَا شُذَكُمْ عَذَا بُ تَمَسُّوْهَا بِسُوْءً فَيَا شُذَكُمْ عَذَا بُ قَرِيبُ

فَعُقَرُهُ هَا فَقَالَ تَمَتَّعُوْا فِي دَارِكُمْ ثَلْقَةَ آيًّا مِ ﴿ ذَٰلِكَ وَعُدُّ غَيْرُ مَكْذُوْبِ ﴿

فَكَمَّا جَأَّءُ آهُرُنَا نَجَيْنَا صُلِحًا وَّ الَّذِيْنَ اٰمَنُوا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَمِنْ خِزْيِ يَوْمِئِذٍ ﴿ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ الْقَوِيُّ lunaku olwo. Mazima Mukama wo ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

68. Era okubwatuka kwakwata aboonoonefu, kale enkeera nebaba nga beevuunise mu maka gaabwe,

69. Nebaba nga abataagabaddemu. Mwetegereze, mazima aba Thamūda beegaana Mukama waabwe. Mwetegereze, okuzikirira kuli ku ba Thamūda.

Ruku 7

70. Era mazima ababaka baffe bajja eri Ibrāhimu n'amawulire ag'essanyu, nebagamba nti: Mirembe, n'addamu nti: Mirembe. Kale teyabandaala, n'aleeta *ennyama y*'ennyana enjokye.

71. Naye bwe yalaba nga emikono gyabwe tegiraga gy'eri, baamulema okutegeera, n'awulira nga abatidde. Nebagamba nti: Totya. Mazima ffe tutumiddwa eri bantu ba Lūtu.

72. Era ne mukyala we yali ayimiride, kale neyeekanga. Kale netumuwa amawulire ag'essanyu ag'okuzaala Isihāka, n'oluvannyuma lwa Isihaka, omuzzukulu Ya'qūbu.

73.Omukyala n'agamba nti: O! nga nkiguddeko! Abaffe, nnaazaala nga ndi mukadde ng'ate n'ono baze mukadde? Mazima kino kintu kya kyewuunyo nnyo.

74. Ababaka nebagamba nti: Abaffe, weewuunya ekiragiro kya Allah? Okusaasira kwa Allah n'emikisa gye giri ku mmwe ab'omu nju *eno*. Mazima Ye y'Atenderezebwa, y'Agulumizibwa.

75. Kale okutya bwe kwayamuka ku Ibrāhīmu n'atuukwako n'amawulire ag'essanyu, yatwegayirira ku lw'abantu ba Lūti.

76. Mazima Ibrāhīmu yali wa kisa nnyo nga alumirwa nnyo *banne*, nga adda nnyo eri Allah.

77. Netugamba nti: Owange Ibrāhimu, bino bireke. Mazima ekiragiro kya Mukama wo kimaze okutuuka. Era ddala bajja kutuukwako ekibonerezo ekitazzibwayo.

78. Awo ababaka baffe bwe baatuuka eri Lūti, yabeeralikirira n'awotookerera ku lwaabwe. N'agamba nti: Luno lunaku lukakali!

العزيز

وَ آخَذَ الَّذِيْنَ ظَلَمُوا الصَّيْحَةُ فَاصْبَعُوا فِي دِيَا رِهِمْ لِجْثِمِيْنَ۞ كَانَ لَّمْ يَغْنَوَا فِيْهَا مَا كَلَالِنَّ ثَمُوْدَٱ فِي كَفَرُوْا رَبَّهُمُ هُ مَا لَا بُعْدًا لِنَّتُمُوْدَ۞

وَلَقَدُ جَآءَتُ رُسُلُنَا اِبُرْهِ فَمَ اللّهُ اللّهُ هُرَى قَالُوا سَلْمًا ﴿ قَالَ سَلْمُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللل

رِنَّهُ حَمِيْهُ مَّحِيْةُ ۞ فَكُمَّا ذَهَبَ عَنْ رِابْرْهِيْمَ الرَّوْءُ وَ جَاءَتُهُ الْبُشْرِى يُجَادِلُنَا فِيْ قَوْمِ لُوْطِ۞ لُوْطِ۞

رِكُّرُ بَهْ وَهِيْمُ لَحَلِيْمُ أَوَّاهُ مُّنِيْبُ ﴿
يَابُوْهِيْمُ لَحَلِيْمُ أَوَّاهُ مُّنِيْبُ ﴿
يَابُولُهِيْمُ أَعْرِضْ عَنْ لَهُ ذَاء اِتَّهُ قَدْ
جَاءً آمُرُ رَبِّكَ مُواتَّهُمُ أَتِيْهِمُ عَذَابُ
غَيْرُ مَوْدُ وْدِ ﴿

وَ لَمَّا جَاءَتْ رُسُلُنَا لُوْطًا سِيْءَ بِهِ هُوَضَاقَ بِهِ هُ ذَرْعًا وَّقَالَ هُذَا يَوْمُ عَصِيْبُ 79. Era abantu be baamujjirira nga beeyuna gy'ali nga baswakidde, so n'olubereberye baakolanga ebibi. Yagamba nti: Abange, bawala bange baabo *gwe musingo*; bo batukuvu nnyo gye muli. *N'olwekyo* mutye Allah era temunswaaza eri bagenyi bange. Abaffe, mu mmwe temuliimu muntumulamu?*

80. Nebagamba nti: Mazima omanyi bulungi nti ffe tetulina kye tuvunaana bawala bo, era ddala omanyi bulungi kye twagala.

81. N'agamba nti: *Ha*! Singa mbadde mbalinako amaanyi, *mwalindabye*! Naye *kambaleke* neesigame ku mpagi ennyweevu, *Allah*.

82. Ababaka nebagamba nti: Owange Lūti, tofaayo. Mazima ffe tuli babaka ba Mukama wo, *abo* tebajja kukutuukako. Kale genda n'aboomu maka go mu kiseera eky'ekiro, naye tewaba n'omu mu mmwe atunula mabega, okuggyako mukazi wo; kuba ddala ye ekinaamutuukako ky'ekyo ekinaatuuka *ne* ku bali . Mu butuufu, ekiseera kyabwe ekiragaanye kya kumakya. Abaffe, amakya tegali kumpi ?*

83. Awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twafuula *ekibuga* waggulu wa kyo newadda wansi wa kyo, era netukitonnyesaako amayinja g'olusennyente oluberekaganye,

84. Olulambiddwako okuviira ddala eri Mukama wo. Ate *ekibonerezo* ekyo tekiri wala n'aboononefu *b'omulembe guno*.

Ruku 8
85. N'eri ab'e Madiyani *twatumayo* muganda waabwe Shu'aibu. N'agamba nti: Abange, musinze Allah. Temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Era temukendeezanga ku kipimo ne minzaani.

وَجَآءَ وَ قَوْمُهُ يُهْرَعُونَ الْيَوِ وَمِنَ وَجَآءَ وَ قَوْمُهُ يُهْرَعُونَ الْيَوِ وَمِنَ قَالَ عَبَلُ كَانُوا يَعْمَلُونَ السَّيِّاتِ وَقَالَ يَعْمَلُونَ السَّيِّاتِ وَقَالَ يَعْمَلُونَ السَّيِّاتِ وَقَالَ اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ وَاللَّهُ اللَّهُ اللْمُعَالِمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُعُلِي الْمُعْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُعُلِي الْمُعَالِمُ اللَّهُ الْمُعَالِمُ اللَّهُ الْم

قَالُوَّا يَلُوُهُ اِنَّا رُسُلُ رَبِّكَ لَنْ يَصِلُوَا الَيْلَكَ فَا شَرِباً هَلِكَ بِقَطْعِ مِنَ الَّيْلِ وَلَا يَلْتَ فِثُ مِنْكُمْ اَحَدُ الَّا اَمْرَاتُكَ وَلَا يَلْتَ فِثُ مِنْكُمُ اَحَدُ اللَّا اَمْرَاتُكَ اللَّهُ مُصِيْبُهُ المَّابَحُ الصَّابَهُ م الصَّبَحُ مَوْعِدَ هُمُ الصَّبُحُ اللَّيْسَ الصَّبَحُ بِقَرْيْبِ (السَّبُحُ السَّنِيَةِ اللَّهُ الصَّبَحُ اللَّهُ الصَّبَحُ المَيْسَ الصَّبَحُ المَيْسَ الصَّبَحُ

فَلَمُّا جَأَءَ آمُرُنَا جَعَلْنَا عَالِيَهَا سَافِلُهَا وَآمُطُرُنَا جَعَلْنَا عَالِيَهَا سَافِلُهَا وَآمُطُرُنَا عَلَيْهَا حِجَارَةً وَّنْ

مُّسُوَّمُّتُ عِنْدَ كُرِّتِكَ ﴿ وَ مَا هِيَ مِنَ الْعَلَامِينَ مِنَ الْعَلَامِينَ مِبَعِيْدٍ أَنِ

وَإِلَى مَدْ يَنَ آخَاهُمْ شُعَيْبُا وَالَى يَقَوْمِ الْمَهُ مُنَالًا وَالَى يَقَوْمِ الْمَهُمُ وَاللّهُ مَا لَكُمْ مِنْ اللّهِ خَيْرُهُ وَ لَا تَنْقُصُوا الْمِكْيَالَ وَ الْمِيْزَانَ لِيَنِّ آذِنْ الْمَانُ عَلَيْكُمُ لِنَّالًا وَ الْمَانُ عَلَيْكُمُ

11:79. Abantu ba Nabbi Lūti (a.s) beesanga mu kaseera akazibu awo Lūti (a.s) bwe yagamba nti: '..... bawala bange baabo..... batukuvu gye muli'. Abantu bano olw'okuba nti baali boonoonefu, byabakalira ku mimwa kuba baakitegeera nti Nabbi Lūti (a.s) yali agezaako kubagamba nti omuze gwabwe ddala gwaali gukontana n'empisa y'obutonde. Bo kwe kwekazakaza ne baddamu mu ngeri eno kirabike nga Nabbi Lūti (a.s) eyali abawa bawala be awonye ekitiibwa ky'abagenyi be.

11:82. Okusinziira ku Aya eno, kirabika nti emboozi wakati wa Lūti (a.s) n'ababaka yali mu kifo nga abalabe be tebasobola kutuuka gye bali. Kirabika nti oluvannyuma lw'okulemwa okumutuukako omulundi ogwasooka, baali bateekateeka okudda nga beetegese okuwaguza. Olwo ababaka kwe kulabula Lūti (a.s) n'abantu be bafulume ekiro nga tebunnakya, naye mukazi we n'asigalira.

Nze mbalaba nga muli bulungi era nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku lw'okuzikirira.

86. Era bannange, mutuusenga ekipimo ne minzaani mu bwenkanya era temukendeerezanga bantu bintu byabwe, era temukolanga bya mbyoone mu nsi n'okuba abatabuzitabuzi.

87. Ebyo Allah bye yaleka nammwe كُوْمَانَ اللهِ خَارُ لَكُمُ اِنْ كَنْتُمُ اللهِ by'ebisinga obulungi gye muli, bwe muba nga ddala muli bakkiriza. Era nze گُوُمِنِيْنَ اَنَاعَلَيْكُمْ بِحَفِيْظِ siri mukuumi ku mmwe.

88. Nebagamba nti: Owange Shuʻaibu, abaffe essaala yo y'ekulagira nti tulekeyo ebyo bakitaffe bye baasinzanga era nti tuleme na kukola mu bya bugagga bwaffe nga bwe twagala? *Wamma* ggwe ddala *wefudde* alumirirwa*ffe* ennyo ate omulabufu!

89. N'agamba nti: Abange, mulabye mutya? Singa mba n'obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era ng'ampadde n'ebigabibwa ebirungi ebiva gy'ali, *era temukkirize*? Era nze saagala kutebulanya gye muli kw'ebyo ate bye mbaziyiza, wabula kyeng'enderera kwe kutereeza ebyo bye mba nsobodde, era nze ku lwange sirina busobozi okuggyako ku lwa Allah. Ye gwe nneesiga, era gy'ali gye neeyuna.

90. Era bannange, okuwalaggana nange kuleme kubaleetera kutuukibwako ebifaanana n'ebyo ebyatuuka ku bantu ba Nūhu oba abantu ba Hūdu oba abantu ba Swālehe. So abantu ba Lūti tebali wala nammwe.

91. Era musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe; nate era mubonerere gy'ali. Mazima Mukama wange Wa kisa nnyo, Wa mukwano nnyo.

92. Ne bagamba nti: Owange Shu'aibu, bingi mu by'oyogera tetubitegeera, era ddala ffe tukulaba nga mu ffe oli munafu. Naye singa si kika kyo, mazima twalikussizza mayinja. Era ggwe wekka totusobola.

93. N'agamba nti: Abange! Ekika kyange ky'ekyamaanyi ennyo gye muli okusinga Allah gwe musudde emabega wammwe

عَذَابَ يَوْمٍ مُّحِيْطٍ

وَ يَقْوَمِ اَوْفُوا الْمِكْيَالُ وَ الْمِيْزَانُ مِالْقِسْطِوَلَا تَبْخَسُواالنَّاسَ اَشْيَاءً هُمْ وَلَا تَعْنَوُا فِي الْارْضِ مُفْسِدٍ يُنَ ﴿ اللَّهِ خَيْرُ لَكُمْ لِكُمْ لِكَ كُنْتُمُ مِعْنِينَ ﴿ اللَّهِ خَيْرُ لَكُمْ لِكَ كُمْ لِكَ كُنْتُمُ مِعْنِينَ وَ اللَّهِ خَيْرُ لَكُمْ لِكَ كُمْ لِكَ كُنْتُ مُ لَكُمْ لِكَ فَيْظِ ﴿ اللَّهُ وَلَكَ تَامُرُكُ الْمَازُقُ لَا اللَّهُ فَيَالِمُ اللَّهُ اللَّهُ وَلَكَ تَامُرُكُ اللَّهُ وَلَكَ تَامُرُكُ اللَّهُ وَلَكَ اللَّهُ ال

وَ لِقَوْمِ لَا يَجْرِمَنَّكُمْ شِقَاقِيَ آنَ يُصِيْبَكُمْ مِّثْلُ مَا آصَابَ قَوْمَ نُوْمِ اَوْقَوْمَ هُوْدِ اَوْقَوْمَ صٰلِيمٍ وَمَا قَوْمُ لُوْطِ مِّنْكُمْ بِبَعِيْدِ۞

وَاشَّتَغْفِرُوا رَبِّكُمْ ثُمَّ تُوبُوَا رِلَيْهِ الْمِيهِ الْمَيْهِ الْمَيْهِ الْمَيْهِ الْمَيْهِ الْمَيْهِ ا

قَالُوْا لِشُعَيْبُ مَا نَفْقَهُ كَيْثِيْرًا مِّمَّا تَقُولُ وَإِنَّا لَنَزِ لِكَ فِيْنَاضَعِيْقًاءَ وَلَوْ لَا رَهْطُكُ لَرَجَمْنُكَ وَمَآانَّتَ عَلَيْنَا بِعَزِيْدٍ

قَالَ يُقَوْمِ ٱرَهْطِيَّ آعَزُّ عَلَيْكُمْ مِّنَ اللهِ ا

amagalabanja? Mazima bye mukola, Mukama wange abyetooloodde.

94. Era bannange, mukole *kyonna* nga bwe musobola, nange nkole. Mangu nnyo mujja kumanya ani anaatuukibwako ekibonerezo ekimuswaaza, n'oyo alimba. Era mulindirire, nange ndi wamu nammwe nninda.

- 46. Era baleetere eky'okulabirako ky'obulamu bw'ensi: Bufaanana ng'amazzi ge tussa okuva mu bire, kale negeetabika n'ebimera by'oku nsi, n'oluvannyuma nebikala nebifuuka ebikutusekutuse empewo by'efuumuula. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 47. Eby'obugagga n'abaana majolobera ga bulamu bwa nsi. Naye ebikolwa ebirungi ebisigalawo by'ebisinga obulungi mu kusasulwa okw'obuliwo eri mukama wo era by'ebisinga obulungi mu kusuubira okw'oluvannyuma.
- 48. Era olunaku lwe tuliggyawo ensozi, kale oliraba ensi bwe zirumbagana zinnaazo era tulibakung'aanya wamu, era tetulirekayo n'omu.
- 49. Era balireetebwa mu maaso ga Mukama wo mu nnyiriri bagambibwe nti: Ddala muzze gye tuli nga bwe twabatonda omulundi ogwasooka, anti mwalowoozanga nti tetulibateerawo kiseera kya kutuukiriza kisuubizo.
- 50. Era ekitabo ky'ebikolwa byabwe kiriteekebwawo,olwo oliraba aboonoonyi bwe bakankana olw'ebyo ebikirimu nga bagamba nti: Zitusanze! Ye kino kitabo kya ngeri ki ekitalekayo kitono wadde ekinene, wabula nakyo kikibala?.Era byonna bye baakola balibisangawo. Era Mukama wo talyazaamanya muntu yenna.

Ruku 7 51. Era *jjukira nga* bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Ādamu, kale baamugondera, okuggyako Ibilisi. Yali omu mu Majinni; kale yajeemera ekiragiro kya Mukama we. Abaffe, ate mmwe ye

وَ أُحِيْطَ بِثَمَرِم فَاصْبَحَ يُقَلِّبُ كَفَّيْهِ عَلْ مَّا ٱنْفَقُّ وْنَيْهَا وَ هِي غَيَاوِيِّنةٌ عَلَى عُرُوْشِهَا وَ يَقُولُ لِلَيْتَنِيْ لَمْ أَشْرِكَ برَيِّنَ آخَدُانَ

44. Naye teyalina kibiina kyamuyamba ku وَلَهْ تَكُنُ لَّهَ وَنَدَّ يَتْنُصُرُ وَنَهُ مِنْ دُوْكِ الله وماكات مُنتصران

عُ ثَوَابًا وَّخَيْرُ مُقْبًا ۞

وَا ضَرِبُ لَهُ هُرَمَّ ثَلَ الْحَلُوةِ الدُّنْيَا حَمَّآءٍ آنْزَلْنُهُ مِنَ السَّمَّآءِ فَاخْتَلَطَ بِهِ نَبَّاتُ الْآرْضِ فَآصَبَحَ هَشِيمًا تَذْرُوْهُ الرّيعُ وكَانَ اللّهُ عَلَى كُلِّ شَنْءٍ مُّقْتَدِرًا ١٠

ٱلْمَالُ وَالْبَنُوْنَ زِيْنَةُ أَلْحَيْوِةِ الدُّنْيَاء وَ الْبُقِيْتُ الصِّياحِثُ خَيْرٌ عِنْدَ رَبِّكَ فَوَا بِنَا وَعَيْرًا صَلَّا ١٠

وَ يَهُومَ نُسَيِّرُ الْحِبَالَ وَ تَرَى الْأَرْضَ بَارِزَةً ۗ وَكَمَّ وَلَهُمْ فَلَمْ نُغَادِرُ مِنْهُمْ آخذاه

وَعُرِضُوا عَلَى رَبِّكَ صَفًّا ، لَقَدْ جِعْتُمُونَا حَمّاً خَلَقْنْكُمْ آوَّلَ مَرَّقِيد بَلْ زَعَمْتُمْ آتَّنْ تَّحْعَلَ لَكُمْمِّهُ عِدًانَ

وَوُضِعَ الْكِتْبُ فَتَرَى الْمُجْرِمِيْنَ مُشْفِقِيْنَ مِمَّا فِيْدِ وَ يَقُوْلُونَ لِوَيْلَتَنَّا مَالِ هٰذَا الْكِتْبِ لَا يُغَادِرُ صَغِيْرَةً وَلَا كَبِيْرَةً وَلَا كَبِيْرَةً وَالَّا آخصيها م و وجد وا ما عملوا عاصاً عُ وَلا يَظْلِمُ رَبُّكَ آحَدُانُ

وَإِذْ تُلْنَا لِلْمَلْئِكَةِ اسْجُدُوْا رِيادَمَ فَسَجَدُ وَالِلَّ (بَلِيْسَ عَكَانَ مِنَ الْجِنِّ فَفَسَقَ عَنْ آهُرِ رَبِّهِ ﴿ آفَتَتَّخِيذُوْنَهُ وَ ذُرِّيَّتُكَةَ n'ezzadde lye be mutwala nga ab'emikwano ebbali wange so nga be balabe bammwe? Okuwaanyisa kw'aboonoonyi nga kubi nnyo!

- 52. Nze sibafuulangako bajulizi ku kutondebwa kw'eggulu n'ensi wadde ku kutondebwa kwabwe bennyini, era sibangako atwaala abawabya *abantu* nti be bayambi.
- 53. Era *jjukira* olunaku lw'aligamba nti: Mukoowoole abo be mwabalanga nti benkana nange. Kale balibakoowoola naye tebalibaanukula era tuliteeka wakati waabwe olukomera.
- 54. Era aboonoonyi oluliraba omuliro, balitegeera nti ddala bagenda kugugwamu; naye tebalizuulayo buwonero ku gwo.

Ruku 8

- 55. Era ddala tunnyonnyodde eri abantu mu Kur'āni eno eby okulabirako ebya buli ngeri, naye omuntu y'asinga ebintu byonna okuwakana.
- 56. Era tewali kiziyiza bantu kukkiriza n'okusaba okusonyiyibwa eri Mukama waabwe nga batuukiddwako obulung'amu, wabula baba balinda kutuukibwako empisa eyayisibwamu abantu abaabasooka oba batuukibweko ekibonerezo obuling'aana.
- 57. Era tetutuma Babaka wabula lwa kuba bawi ba mawulire ag'essanyu era abo abalabuzi. Nave abatakkiriza bayuganyisa obulimba mbu balyooke babusanguzisewo amazima. Era obubonero bwange n'ebyo bye balabulwako babitwala nga eky'okubalaata.
- 58. Naye ani asinga obwononefu kw'oyo ajjukizibwa Aya za Mukama we naye n'azikuba amabega, neyeerabira ebyo emikono gye bye gyakulembeza? Mazima twassa ebisaanikira ku mitima gyabwe baleme kugitegeera, ne mu matu gaabwe mulimu obuggavu. Era bw'obayita eri obulung'amu, tebafaayo: kale abo si baakulung'ama ddi na ddi.
- Nannyini kusaasira. Singa yali wa يما حَسَبُوْا لَعَجَّلَ لَهُمُ الْعَذَابَ مِ بَلْ Naye balina ekiseera ekyasuubizibwa kye گُهُمْ مَّوْعِدٌ لَّنْ يَجِدُوْا مِنْ خُوْنِه buli mulundi, yaalibanguyirizza ekibonerezo.

آوليكاء مِن دُونِي وَ هُمْ لَكُمْ هَدُوًّ عِنْسَ لِلظُّلِمِيْنَ يَدَوُّهِ

مَا ٱشْهَدْتُّهُمْ خَلْقَ الشَّمْوٰتِ وَالْأَرْضِ وَلَا خَلْقَ آنْفُسِهِ هُ سَ وَمَا كُنْتُ مُتَّخِذً الْمُضِدِّينَ عَضْدُانَ

وَ يَوْمَ يَقُولُ نَادُوا شُرَكَّاءِي الَّذِيْتَ زَّعَمْتُمْ فَدَعَوْهُمْ فَلَمْ يَسْتَجِيْبُوا لَهُمْ وَ جَعَلْنَا بَيْنَهُمُ مُّوْيِقًا ۞

وَ رَا الْمُجْرِمُونَ النَّارَ فَظَنُّوا آتَّهُمْ ع مُوَاقِعُوها وَلَه يَجِدُواعَنْهَا مَصْرِقًا ١

وَلَقَدْصَرَّفْنَا فِي هٰذَاالْقُدُانِ لِلنَّاسِمِنَ حُلِّ مَثْلِ ، وَكَانَ الْرِنْسَانُ أَكْثَرَ شَيْءِ حَدَلًا@

وَ مَا مَنَمَ النَّاسَ آنَ يُسؤُومِنُوْ الْهُ جَاءَ هُمُ الْهُدى وَيَسْتَغُفُّرُوا رَبُّهُمْ المَّ آنَ تَالِيَهُمْ سُنَّةُ اكْأَوَّلِيْنَ آوْ يَارْتِيهُمُ الْعَدَّابُ قُبُلاً

وَ مَا نُدُسِلُ الْمُرْسَلِيْنَ إِلَّا مُبَيِّسُرِيْنَ وَ مُنْذِرِيْتَ مِ وَ يُجَادِلُ الَّذِيْنَ كُفَّرُوْا بِالْبَاطِلِ لِيُدْجِضُوْابِدِالْحَقَّ وَاتَّخَذُوا اليتي وما أندروا هروا

وَمَنْ آظْلَمُ مِمَّنْ ذُكِّرَبِالْيتِ رَبِّهِ فَآعْرُضَ عَنْهَا وَنَسِيَ مَا قَدَّ مَثْ يَدْ لُاء إِنَّا يَعَلْنَا عَلْ تُلُوْبِهِمْ ٱكِنَّةً آنْ يَتَفْقَهُوْ هُوَ فِي ٓ اذَا نِهِمْ وَ تُرَّاء وَإِنْ تَدْ عُهُ مُ إِلِّي الْهُدَى فَكَنْ يَّهُتَدُوْلِاذًا لَيْدًا (١٠)

59. Era Mukama wo ye Musonyiyi ennyo, وَرَبُّكَ الْغَفُو رُذُوالرَّحْمَةِ لَوْيُوا خِذُهُمْ

batayinza kuzuulako buddukiro bulala ebbali we.

60. Era ebibuga ebyo twabizikiriza nga boonoonese. Era twassangawo ekiseera ekigereke eky'okuzikirizibwa kwabwe.

Ruku 9

- 61. Era *jjukira nga* Mūsa bwe yagamba omuvubuka we nti: Sijja kulekayo *kutambula* okutuusa lwe nnaatuuka ennyanja ebbiri we zisisinkanira, waakiri nnaatambula emyaka n'emyaka.
- 62. Kale bombi bwe baatuuka *ennyanja* zombi we zisisinkanira, nebeerabira eky'ennyanja kyabwe, olwo nekikwata ekkubo lya kyo mu nnyanja ku bwangu.
- 63. Kale bwe beeyongerayo, *Mūsa* n'agamba omuvubuka we nti: Tuwe eky'enkya kyaffe. Mazima tufunye nnyo obukoowu mu lugendo lwaffe luno.
- 64. N'agamba nti: Olabye! Awo bwe twawummudde ku lwaazi, kale eky'ennyanja nenkyerabira, naye tewali yakinneerabizza okukyogerako *gy'oli* wabula Sitaani era kyakutte ekkubo lya kyo mu nnyanja mu ngeri ey'ekyewuunyo.
- 65. Mūsa n'agamba nti: Ekyo kye twabadde tunoonya. Kale bombi nebaddayo nga bagoba obuwufu bwabwe.
- 66. Kale nebasanga omuweereza omu mu bawereeza baffe gwe twawa okusaasira okuva gye tuli era netumuyigiriza n'amagezi okuva gye tuli.
- 67. Mūsa n'amugamba nti: Abaffe, nkugoberere olw'okunjigiriza ku bulung'amu bwe wayigirizibwa?
- 68. N'agamba nti: Mazima ggwe tosobola kugumiikiriza ng'oli nange.
- 69. Ye oyinza otya okugumiikiriza kw'ebyo by'oteetooloola kumanya kwa byo?
- 70. N'agamba nti: Allah bw'anaaba ayagadde, ojja kusanga nga ndi mugumiikiriza era sijja kukujeemera mu kiragiro kyonna.
- 71. N'agamba nti: Bw'onooba ongoberedde, kale tombuuza ebifa ku kintu kyonna okutuusa lwe ndisookereza nze kennyini

مَوْيُسُلُّا ۞

وَتِلْكَ الْقُرْنَ آهَلَكُنْهُمْ لَمَّا ظَلَمُوْاوَ عُ جَعَلْتَالِمَهْلِكِهِمْتَّوْعِدًّاهُ

وَإِذْ قَالَ مُوْسَى لِفَتْسِهُ لَآ آبْرَحُ حَتَّى آبَلُغَ مَجْمَعَ الْبَحْرَيْنِ آوْآمْضِي حُقُبًا ۞

فَكَمَّا بَلَغًا مَجْمَعَ بَيْنِهِمَا نَسِيَا حُوْتَهُمَا فَاتَّخَذَ سِيئِكَ فِ الْبَحْرِ سَرَبًا ﴿

فَلَمَّا جَاوَزًا قَالَ لِفَتْمَهُ أَتِنَا غَدَّاءَنَا: لَقَدْ لَقِيْنَا مِنْ سَفَرِنَا لَهٰذَا نَصَبًا ۞

قَالَ آرَءَيْتَ إِذْ آوَيْنَآ إِلَى الصَّحْرَةِ فَانِيْ نَسِيْتُ الْمُوْتَ زِوَ مَّا آنْسُنِيْهُ اللَّا الشَّيْطُنُ آنَ آذْكُرَةُ مِ وَاتَّخَدَ سَيِدِيْكَ فِي الْبَحْرِيُّ عَجَبَانَ

قَالَ ذٰلِكَ مَا كُنَّا نَبْغِ اللَّهُ فَارْتَدَّا عَلَى اقارِهِمَاقَصَصًا۞

فَوَجَدَاعَبُدًا مِّنْ عِبَادِنَا أَتَيْنُهُ رَحْمَةً مِّنْ عِنْدِنَا وَعَلَّمْنُهُ مِنْ لَدُنَّا عِلْمًا ۞

قَالَ لَهُ مُوْسَى هَلَ آتَبِعُكَ عَلَ آنَ تُعَلِّمُتَ مَلَ آنَ تُعَلِّمَتِ مُثَاكِمُتُ رُشُدًا۞

قَالَ إِنَّكَ لَنْ تَشتَطِيْعَ مَعِيَ صَبْرًا

وَكَيْفَ تَصْبِرُعَلْ مَاكَمْرُتُحِطْ بِهِ خُبْرًا ١٠٠

قَالَ سَتَجِدُنِيْ إِنْ شَاءً اللهُ صَابِرًا وَّ لَآ آعْصِيْ لَكَ آهُرًا۞

قَالَ فَانِ اتَّبَعْتَنِيْ فَلَا تَسْتَلْنِيْ عَنْ شَيْءٍ ﴿ حَتَّى ٱخْدِ ثَ لَكَ مِنْهُ ذِكْرًا ۞ okukyogerako gy'oli.

Ruku 10

72. Kale bombi baagenda, okutuusa lwe baasaabala mu kyombo, oli n'akiwummula. *Mūsa* n'agamba nti: Okiwummudde olyooke osaanyeewo abakirimu? Mazima okoze ekintu kibi nnvo.

73. N'agamba nti: Abaffe, saagambye nti ddala ggwe toyinza kugumiikiriza nga oli

74. N'agamba nti: Tonyunaana olw'ebyo bye nneerabidde era tonkaluubiriza olw'akasonga kange.

75. Olwo bombi baagenda, okutuusa lwe baasanga omulenzi, oli n'amutta. Mūsa n'agamba nti: Osse omuntu atalina musango awatali na muntu gw'asse? Mazima okoze ekintu kibi nnyo.

Juzu 16

76. Oli n'agamba nti: Saakugambye nti mazima ggwe toosobole kugumiikiriza nga oli nange?

الَّ الْ سَالَتُكَ عَنْ شَيْءٍ بَعْدَهَا Ti. Mūsa N'agamba nti: Bwe nnaakubuuza قَالَ إِنْ سَالَتُكَ عَنْ شَيْءٍ لَهُ بَعْدَهَا ekintu kyonna oluvannyuma lwa kino, فَلَا تُطْهِبِينَ م قَدْ بَلَغْتَ مِنْ لَدُنِي toddayo okuyita nange kuba onooba onfunyeeko ensonga ezimala.

baatuuka ku bantu b'omu kibuga nebasaba المُعَمَّا اَهْلَهَا فَآبَوْا آنْ بُضَيِّفُوْهُمَا مُعَالِمُ nebagaana emmere eri abatuuze baamu, naye nebagaana okubagenyiwaza. Nebasangamu ekisenge nga نَوَجَدَا فِيْهَا جِدَارًا يُبُرِيدُ آنْ يَتْقَضَّ kyagala kugwa, olwo oli n'akitereeza. Mūsa n'agamba nti: Singa oyagadde, walikitutteko عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ empeera.

تَالَ لَمِذَا فِي اللَّهِ عِنْ وَبَيْنِكَ مُسَالُنَةِ عُكَ مَا أَنْبَعُكَ 79. Oli n'agamba nti: Eno y'enjawukana wakati wange naawe. Kati ng'enda بتَاْوِيْكِ مَا لَهُ تَشْتَطِعُ عَلَيْهِ صَبْرًا اللهِ kukutegeeza amakulu g'ebyo by'otaasobodde المتاويث kugumiikirizaako:

80. Kyo ekyombo kyabadde kya bankuseere okukiteekako akamogo kubanga emabega فِالْبَهْرِفَارَدْتُ اَنْ آعِيْبَهَا وَكُانَ وَرَاءًهُمْ waabwe yabaddeyo kabaka nga atwala buli kyombo na maanyi.

81. Ate omulenzi, bakadde be bombiriri baabadde bakkiriza, kale twatidde nti ajja kubatawaanya n'obujeemu n'obutakkiriza.

82. Kale twayagadde Mukama waabwe فَأَرُدُنَّا آن يُثِيدُ لَهُمَا رَتُّهُمَا خَنْرًا مِّنْهُ abakyusizeemu omwana amusinga obulongo-

فَانْطَلَقَاءُ السَّفِينَةِ خَرَقَهَا ﴿ قَالَ آخَرَ قُتَهَا لِتُغْرِقَ آهْلَهَا ۗ لَقَدْ جِئْتَ شَيْعًا إِمْرًا ﴿

قَالَ ٱلَمْ ٱقُلُ إِنَّكَ لَنْ تَسْتَطِيْعَ مَعِيَ صَنْرًا (٣)

قَالَ لَا تُؤَاخِذُنِي بِمَا نَسِيْتُ وَ لَا تُرْهِقُنِيْ مِنْ آمْرِيْ عُسُرًا

فَا نُطِلَقًا وَسُحُتِي إِذَا لَقْنَاعُلُمًا فَقَتَلَهُ وَالَّ آقَتَلْتَ نَفْسًا زَكِيَّةً ۖ بِغَيْرِ نَفْسٍ ، لَقَدْ جئت شَيْعًا رُكرًا

و قَالَ آلَهُ اللَّهُ اللَّهُ إِنَّكَ لَنْ تَسْتَطِيْعَ

عَذْدًا (٣)

78. Olwo bombi baagenda, okutuusa lwe قَانَطَلَقًا مِنْ حَتَّى إِذًّا آتَيَآ آهُلَ قَرْيَةِ

آمّاالسّفينة فكانت لمسكن يعملون مَّلِكُ يَّالَّخُذُكُلَّ سَفِينَةٍ غَصْبًا ۞

وَ آمَّا الْعُلْمُ فَكَانَ أَبَوْهُ مُؤْمِنَيْنِ نَخَشِيْنَا آنَ يُرْمِقَهُمَا مُغْتَا نَاوَّكُفُرُاشُ

زَكُ قُ وَآثَرَت رُحْمًا ١٠

ofu era ali okumpi ennyo n'okusaasira.

83. Ate ekisenge, kyabadde kya balenzi babiri bamulekwa abali mu kibuga nga wansi wa kyo eriyo eby'obugagga bwaabwe ate nga kitaabwe yali mutuukirivu. Kale Mukama wo yayagadde batuuke ku kuvubuka kwabwe era baggyeyo eby'obugagga bwaabwe, nga kwe kusaasira okuva eri Mukama wo; era saakikoze ku lwange. Ago nno ge makulu g'ebyo by'otaasobodde kugumiikirizaako.

Ruku 11

- 84. Era bakubuuza ebifa ku Dhul-Qarnain. Gamba nti: Mazima nzija kubasomera ebimufaako.
- 85. Mazima twamutebenkeza mu nsi era netumuwa ekkubo *elimutuusa* ku buli kimu.
 - 86. Bw'atyo yagoberera ekkubo.
- 87. Okutuusa lwe yatuuka enjuba gy'egwa, n'agisanga ng'egwa mu nsulo y'amazzi agaddugala, n'asanga okumpi nayo abantu. Netugamba nti: Owange ggwe Dhul-Qarnain, oyinza okubabonereza oba okubayisa mu ngeri y'ekisa.
- 88. N'agamba nti: Naye oyo akola ekibi, kale ddala tujja kumubonereza n'oluvannyuma alizzibwa eri Mukama we n'amubonereza ekibonerezo eky'entiisa.
- 89. Naye oyo alikkiriza era n'akola ebikolwa ebirungi, kale y'alifuna empeera ennungi era tulimutegeeza *ekigambo* ekyangu ku kiragiro kyaffe.
- 90. N'oluvannyuma yagoberera ekkubo eddala.
- 91. Okutuusa lwe yatuuka enjuba gy'eva n'agisanga ng'eviirayo awali abantu be tutaakolerawo kigibasiikiriza.
- 92. Bwe kityo *bwe kyali*. Era ddala twetooloola okumanya byonna ebyali w'ali.

وَامَّا الْجِدَارُ فَكَانَ لِغُلْمَيْنِ يَتِيْمَيْنِ فِي الْمَيْنِ يَتِيْمَيْنِ فِي الْمَدِينِ يَتِيْمَيْنِ فِي الْمَدِينَةِ وَحَانَ تَحْتَكُ كُنْزُ لَّهُمَا وَ كَانَ آبُوهُمَا صَالِحًا مِفَارَا دَرَبُّلْكَ آنُ كَانَ آبُوهُمَا صَالِحًا مِفَارَا دَرَبُّلْكَ آنُ يَشْرَجُهَا وَ يَشْتَخْرِجَا يَشْرَجُهَا وَ يَشْتَخْرِجَا يَشْرَجُهَا وَ يَشْتَخْرِجَا مِنْ مَا يَسْرَحُونِ مِنْ السَّالْ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ

كَنْزَهُمَا اللهُ رَحْمَةً مِنْ رَبِّكَ مَ وَمَا فَعَلْتُهُ عَنْ آمِرِيْ وَلِكَ تَأْوِيْكُ مَا لَمُ فَعَلْمُ مُا لَمُ اللهُ عَنْ آمُورُ اللهُ تَسْطِعُ عَلَيْهِ صَبْرُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَيْهِ صَبْرُ اللهُ ال

وَ يَشْعَلُوْنَكَ مَنْ ذِى الْقَرْنَيْنِ دَ كُلُ سَآ تُلُوْا مَلَيْحُمْ مِّنْهُ ذِكْرًا أَنْ إِنَّا مَكَنَّا لَدَ فِي الْاَرْضِ وَ الْتَيْنُهُ مِنْ كُلِّ شَيْءٍ سَبَيًا أَنْ

فَأَثْبَعَ سَبَبًا۞

حَتَّى إِذَا بَلَمَ مَغْرِبَ الشَّمْسِ وَجَدَهَا تَغُرُبُ فِي عَيْنٍ حَمِثَةٍ وَ وَجَدَ عِنْدَهَا تَغُرُبُ فِي عَيْنٍ حَمِثَةٍ وَ وَجَدَ عِنْدَهَا تَوْمًا وَلَكَ اللَّهُ الْقَدْرَ نَيْنِ إِمَّااَنَ تُعَذِّبَ وَلَمَّااَنَ تُعَذِّبَ وَلَمَّااَنَ تُعَذِّبَ وَلَمَّااَنَ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُواللَّةُ الْمُعَالِمُ اللَّالِمُ اللَّلْمُ الللَّا اللْمُوا

قَالَ آمَّا مَنْ ظَلَمَ نَسَوْفَ نُعَذِّبُهُ ثُمَّ يُرَدُّرُ لِلرَّبِّهِ فَيُعَذِّبُهُ عَذَّ ابَّا تُكُرَّا (اللهُ

ثُمَّرًا ثَبْعَ سَبُبًا۞

حَتَّى إِذَا بَلَغَ مَطْلِعَ الشَّمْسِ وَجَدَهَا تَطْلُعُ عَلَى قَوْمِ لَّهُ نَجْعَلُ لَّهُمْ مِّنْ دُوْنِهَا سِتْرًا أُنُ

كَذٰلِكَ ﴿ وَ قَدْ آخَطْنَا بِمَا كَدَيْهِ خُبْرًا۞



93. N'oluvannyuma yakwata ekkubo eddala.

94. Okutuusa lwe yatuuka wakati w'ensozi ebbiri, n'asanga ebbali wa zo abantu abaali kumpi nga tebategeera kigambo *kyonna*.

95. Nebagamba nti: Owange Dhul-Qarnain, mazima Gog ne Magog batabulatabula mu nsi. Abaffe, tukuwe omusolo ku kakalu nti onookola olukomera wakati waffe nabo?

96. N'agamba nti: Obuyinza obwampeebwa Mukama wange kw'ekyo bwe busingira ddala; kale munnyambe n'amaanyi nkole ekyawula wakati wammwe nabo.

97. Mundeetere ebitundu by'ekyuuma. *Kale baabisomba* okutuusa lwe yajjuza *ebbanga elyali* wakati w'entikko z'ensozi zombi, n'agamba nti: Kale mufukute. *Baafukuta omuliro* okutuusa *olukomera* lwe yalufuula olwengeredde, n'agamba nti: Mundeetere ekikomo ekisaanuuse nkiyiweko.

98. Bwe kityo, Gog ne Magog tebaasobola kuluyitako wadde tebaasobola kulubotola.

99. N'agamba nti: Kuno kwe kusaasira okuva eri Mukama wange. Naye ekisuubizo kya Mukama wange bwe kirituuka, alirufuula olukutufukutufu. Era ekisuubizo kya Mukama wange ddala kya kutuukirira.

100. Era olunaku olwo tulireka abamu mu bo nebeefuukira abalala, naye eng'ombe bw'erifuuyibwa, olwo bonna tulibakung'aanyiza wamu.

101. Era ku lunaku olwo, tulyoleka Jahannamu olwoleka eri abatakkiriza—

102. Abo amaaso gaabwe agaali mu lutimbe *nga tebafa* ku kulabula kwange era abataasobola kuwulira.

Ruku 12

103. Abaffe, abo abatakkiriza balowooza nti bajja kutwala abaweereza bange okuba abakuumi *baabwe* mu kifo kyange? Mazima twategekera abatakkiriza Jahannamu nga kwe kusembezebwa *kwabwe*.

ثُمَّ آثبَعَ سَبَبًا۞

حَتَّى إِذَا بَلَغَ بَيْنَ السَّدَّيْنِ وَجَدَمِنْ دُوْنِهِمَا تَوْمًا ﴿ لَا يَكَادُوْنَ يَفْقَهُوْنَ وَجَدَمِنْ فَدُوْنَ يَفْقَهُوْنَ فَدُوْنَ مَنْ فَقَهُوْنَ فَدُوْنَ مَنْ فَعَهُوْنَ فَدُوْنَ مَنْ فَعَهُوْنَ

قَالُوايدَ القَرْتَيْنِ إِنَّ يَاجُوْجَ وَمَا جُوْجَ مُفْسِدُوْنَ فِي الْأَرْضِ فَهَلْ تَجْعَلُ لَكَ خَرْجًا عَلَى آنْ تَجْعَلَ بَيْ نَنَا وَ بَيْنَهُمُ

سَمَّ اللَّهُ مَكَّنِيْ فِيهِ رَبِّي خَيْرُ فَاَعِينُوْنِي قَالُ مَا مَكَّنِيْ فِيهِ رَبِّي خَيْرُ فَاَعِينُوْنِي فِي اللَّهُ مَا أَنْ اللَّهُ مَا أَنْ اللَّهُ اللْحَالَةُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْحَالَةُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ اللْمُلْمُ

فَمَا اشطَاعُوَا آنَ يَظْهَرُوهُ وَ مَا اشتَطَاعُوا لَهُ تَقْبًا۞

قَالَ هٰذَارَحْمَةُ مِّنْ رَبِّيْءٍ فَإِذَا جَاءَوَعُدُ رَبِّيْ جَعَلَكُ دُكَّاءَءُوَ كَانَ وَعُدُرَبِّيْ حَقَّاشُ

وَ تَرَكَنَا بَحْضَهُمْ يَوْمَئِذٍ يَّمُوجُ فِيْ بَعْضِ وَ نَجْمَعْنُهُمْ فِي بَعْضِ وَ نُفِخَ فِي الصُّوْدِ فَجَمَعْنُهُمْ جَمْعًا لِللهِ السُّودِ فَجَمَعْنُهُمْ جَمْعًا لِللهِ السُّودِ فَجَمَعْنُهُمْ

وَّعَرَضْنَا جَهَنَّمَ يَوْمَئِذٍ لِلْكُفِرِيْنَ عَرْضَالُهُ

اِلَّذِيْنَ كَانَتْ آعْيُنُهُمْ نِيْ غِطَآءِ عَنْ الْمَيْنُ مُمْ فِي غِطَآءِ عَنْ الْمَيْنُ فَرَالَا يَسْتَطِيْخُوْنَ سَمْعًا شُ

آفَحَسِبَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا آن يَتَعَفِدُ وَا عِبَادِيْ مِنْ دُونِيْ آولِيَاءً، رِثَّا آعَتَدْنَا جَهَنَّمَ لِلْكُفِرِيْنَ نُزُلَّا ﴿ 104. Gamba nti: Abaffe, tubategeeze abasingira ddala okufaafaaganirwa ebikolwa byabwe?

105. Be bo abaamalira okulafuubana kwabwe mu bulamu bw'oku nsi naye nga bo balowooza nti ddala bakola bikolwa birungi.

106. Abo nno be bo abaagaana obubonero bwa Mukama wabwe n'okusisinkana naye, kale ebikolwa byabwe byafaafaagana; era abo tetulibayimiririzaawo kipimo kyonna ku lunaku lw'okuzuukira.

107. Bwe kityo empeera yaabwe Jahannamu olw'okubanga beerema era baatwalanga obubonero bwange n'Abatume bange nga eky'okubalaata.

108. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, be balifuna Janna ya Firidausi nga ge maka.

109. Omwo mwe balibeera; tebalyagala na-kukyuusa kugivaamu

110. Gamba nti: Singa ennyanja eba nga ye bwiino w'okuwandiika ebigambo bya Mukama wange, mazima ennyanja yaaliweddemu naye nga ebigambo bya Mukama wange tebinnaggwayo, ne bwe twalireesee-yo ennyanja endala egyenkana okugyongerako.

111. Gamba nti: Mazima nange ndi muntu nga mmwe; wabula nga nze mbikkulirwa nti ddala Omusinzibwa wammwe asinzibwa ali Omu yekka. Kale oyo asuubira okusisinkana ne Mukama we, akole ebikolwa ebirungi ate mu kusinza Mukama we, aleme kumwenkanyankanya na mulala yenna.

قُلْ هَلْ نُنَيِّعُكُمْ بِالْاَحْسَرِيْنَ آعْمَا لَانَّ وَلَا هَلْ الْمَعْدُوقِ الدُّنْيَا الَّذِيْنَ ضَلَّ سَعْيُهُمْ فِ الْحَيْوِقِ الدُّنْيَا وَهُمْ يَحْسِنُونَ صُنْعًا ﴿ وَهُمْ يَحْسِنُونَ صُنْعًا ﴿ الْمِلْكَ النَّذِيْنَ كَفَرُوْا بِالْمِتِ رَبِّهِمَ وَلَيْنَ النَّذِيْنَ كَفَرُوْا بِالْمِتِ رَبِّهِمَ وَلِيَقَامِهُ فَكَرِفُوا بِالْمِتِ رَبِّهِمَ وَلِيقَامِهُ فَكَرِفُوا أَعْمَا لُهُمْ فَلَا نُقِيْمُ لَكُمْ يَعَالَمُهُمْ فَلَا نُقِيْمُ لَكُمْ يَعَالَمُهُمْ فَلَا نُقِيْمُ لَلْهُمْ يَعَالَمُهُمْ فَلَا نُقِيْمُ لَلْهُمْ يَعَالَمُهُمْ مَعَمَا لُهُمْ مَنَا كَفَرُوْا وَلَا لَكُونَا وَلَالَهُمْ مَنْ الْمُعْمَ لَهُمْ مَنْ اللّهُ اللّهُ عَلَى اللّهُ اللّهُ مَنْ اللّهُ مَنْ اللّهُ الللّهُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ الللّهُ اللللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ الللّهُ اللللّهُ اللّهُ اللّهُ الللّهُ

ذٰلِكَ جَرَّاوُهُمْ جَهَنَّمُ بِمَا كَفَرُوْا وَ اتَّخَذُ وَالْيُتِيْ وَرُسُلِيْ هُزُوًا

إِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ
كَانَتْ لَهُمْ جَنَّتُ الْفِرْدَ وَسِ نُزُلَّانُ لَكُمْ جَنَّتُ الْفِرْدَ وَسِ نُزُلَّانُ اللهِ عَنْ اللهُ عَنْ اللهِ عَنْ اللهُ عَلَيْ اللهُ عَنْ اللهُ عَنْ عَلَا عَلَى اللهُ عَلَيْ اللهُ عَنْ اللهُ عَنْ اللهُ عَلَيْ اللهُ عَنْ اللهُ عَنْ اللهُ عَنْ عَلَيْ عَلَى اللهُ عَلَيْ اللهُ عَلَا عَلَا اللهُ عَلَيْكُواللهُ اللهُ عَلَيْ الله

قُلْ إِنَّمَّا آنَا بَشَّرُ قِتْلُكُمْ يُوْخَى إِلَيَّ آنَمَّا الْهُكُمْ الْهُوَّاحِدَّ مِنْمَنْ كَانَ يَرْجُوْ لِقَاءَ رَبِّ مِ فَلْيَعْمَلْ عَمَلاً صَالِحًا وَّ يُقَاءُ رَبِّ مِ فَلْيَعْمَلْ عَمَلاً صَالِحًا وَّ إِنَّ كَايُشْرِكْ بِعِبَا دَوْرَيِّهَ آحَدًا()



MARYAM

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Kāf Hā Yā 'Āin Swād*
- 3. Bino by'ebyafa ku kusaasira kwa Mukama wo kwe yalaga omuweereza we Zakariyya.
- 4. Awo bwe yakoowoola Mukama we okukoowoola okw'ekvaama.
- 5. N'agamba nti: Mukama wange, mazima amagumba gange gayenjebuse n'omutwe gwange gumasamasa olw'envi, naye Mukama wange, sibangako wa kikwa mu kukuwanjagira.
- 6. Era nze nnina okutya eri abeng'anda zange oluvannyuma lwange, ate nga ne mukyala wange mugumba; kale mpa omusika okuva gy'oli,
- 7. Ansikire era asikire n'ab'omu nju ya Ya'qubu. Era, Mukama wange, mufuule asiimwa mu maaso go.
- 8. Allah n'agamba nti: Owange Zakariyya, mazima tukuwa amawulire ag'essanyu ag'omwana ow'obulenzi erinnya lye ye Yahya; tetukolanga wa linnya elyo mulala emabega we.
- 9. N'addamu nti: Mukama wange, nnaafuna ntya omwana ng'ate mukyala wange mugumba ate nga nange ntuuse mu bukadde obusukkiridde?
- 10. N'agamba nti: Bwe kityo bwe kiri. Naye Mukama wo agamba nti: Ekyo gyendi kyangu nnyo, era ddala nze nnakutonda olubereberye songa ggwe tewali kintu.
- 11. N'agamba nti: Mukama wange, nteeraawo akabonero. Allah n'agamba nti: Akabonero ko, tojja kwogera na bantu okumala ebiro bisatu ebijjuvu.

بشيرامته الرهمن الريديون ڪهيعض <u>ش</u>

ذِكْرُ رَحْمَتِ رَبِّكَ عَبْدَهُ زَكِرِيًّا ﴿

إِذْ نَادِي رَبِّهُ نِدُاءً عَفِيًّا ﴿

قَالَ رَبِّ إِنِّيْ وَهَمْ الْقَظْمُ مِنِيْ وَ اشْتَعَلَ الرَّاسُ شَيْعًا وَّ لَمْ آكُنَّ بِدُعَانِكَ رَبِّ شَقِيًّا⊙

وَ إِنِّي خِفْتُ الْمَوَالِيَ مِنْ وَرَّاءِي وَكَانَتِ امْرَاتِثِ عَاقِرًا فَهَبْ لِيْ مِنْ لَّدُنْكَ وَلِيَّالُ

يِّرِثُنِيْ وَيَرِثُ رِمِنْ أَلِ يَعْقُوبَ اللَّهِ وَ اجْعَلْهُ رَبِّ رَضِيًّا ﴿

يْزُكْرِيّْ آرِنَّا نُبَشِّرُكَ بِعُلْمِ إِسْمُهُ يَحْلِي لَهُ يَهْعَلُ لَّهُ مِنْ قَبُلُ سَمِتًا ﴿

قَالَ رَبِّ ٱ فَى يَكُونُ لِيْ غُلْمُ وَّكَانَتِ اهْرَارِيْ عَاقِرًا وَ قَدْبَلَغْتُ مِنَ الْجِبَرِ

قَالَ كَذَٰ لِكَ مِقَالَ رَبُّكَ هُوَ عَلَيَّ هَيِّنَ وَّقَدْ خَلَقْتُكَ مِنْ قَيْلُ وَلَمْ تَكُ شَيْعًا ١٠٠

قَالَ رَبِّ اجْعَلْ لِيَّ أَيْدً عَالَ أَيْتُكَ اللا تُكلِم النَّاسَ ثُلْثَ لَيَالِ سَوِيًّا اللهُ

i2. Kale yafuluma eri abantu be okuva فَخَرَجَ عَلَى قَوْمِهِ مِنَ الْمِحْرَابِ فَأَوْلَى

mu kisenge n'abagereza mu bubonero nti: Mutendereze Allah enkya n'eggulo.

n'amaanyi. Era twamuwa amagezi ng'akyali na muto.

okuva gye tuli n'obutukuvu era yali mutuukirivu.

era tevali nnalukalala, omujeemu.

yazaalibwa ne ku lunaku lwe yafa ne ku lunaku lw'alizuukizibwa mu bulamu nate.

Ruku 2

17. Era yogera ebifa ku Maryamu nga bwe biri mu Kitabo kino nga bwe yeeyawula ku b'ewaabwe n'agenda mu kifo ku ludda lw'ebugwanjuba.

18. N'assaawo olutimbe okubeesiikiriza, kale netumutumira malayika waffe eyamufaananira ng'omusajia owa ddala.

المَّارِيِّيَ آعُوْذُ بِالرَّحْمٰنِ مِنْكَ إِنْ Nsaba الله الرَّحْمٰنِ مِنْكَ إِنْ الْكَارِيْنَ الْكُورُ الله المُ obukuumi bwa Allah Omusaasizi ennyo ku ggwe, obanga otva Allah.

20. Malayika n'agamba nti: Mazima nze عَالَ إِنَّمَا آنَا رَسُوْلُ رَبِّكِ ﴾ لِآهَبَ ndi mubaka wa Mukama wo, nzize ndyooke nkuwe amawulire ag'essanyu ag'omwana ow'obulenzi omutukuvu.

omwana nga tewali musajja ankoonyeko ate nga siri mwonoonefu?

kiri. Naye Mukama wo agamba nti: Ekyo gyendi kyangu nnyo; ekyo tunaakikola وَلِنَجْعَلَكُ النَّاسِ وَرَحْمَةً مِّنَاءِ وَ الْنَجْعَلَكُ النَّاسِ وَرَحْمَةً مِّنَاءِ وَ الْنَجْعَلَكُ النَّاسِ وَرَحْمَةً مِّنَاءِ وَ الْنَجْعَلَكُ الْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنِيلِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنِي وَالْنِيْسِ وَالْنَاسِ وَالْنِيْسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنَاسِ وَالْنِيْلِي وَالْنِيْسِ وَالْنِي وَالْنِيْلِيْنِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْلِيْنِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْلِيْنِ وَالْنِيْلِيْنِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْلِيْنِ وَالْنِيْلِيْنِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْلِيْنِيْلِيْنِي وَالْنَاسِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْسِ وَالْنِيْلِي tulyooke tumufuule akabonero eri abantu era abe okusaasira okuva gye tuli, era ensonga eyo esaliddwawo.

ne yeeyawula nalwo n'agenda mu kifo eky'ewala.

24. Ng'atuuse okuzaala, kale ebisa byamulaza eri ekikolo ky'omutende. N'agamba nti: O! Nga zinsanze! Singa kale nafa nga kino tekinnabaawo, naalibadde n'okwerabirwa neerabirwa dda!

اليهمان سبحواككرة وعشياس

اليَحْلَى خُدِ الْكِتْبِ بِقُوَّةِ وَ أَتَيْنُهُ 13. Owange ggwe Yahya, kwata Ekitabo الْهُكُمُ صَبِيًّا اللهُ

14. Era twamuwa omutima omusaasizi وَّكَنَا وَزَكُو قَاء وَكَانَ تَقِيدًا أَنَّ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ اللهُ عَلَى اللهُ اللهُ اللهُ عَلَى اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَلَى اللهُ الل

15. Era nga ayisa bulungi bakkadde be, المَصِيُّاوَا مَصِيُّاوَا مَصِيُّاوَا لِمَاكِنَا وَالْمَاكِنُ وَكُمْ يَكُنْ جَبَّا رًا مَصِيًّا وَالْمَاكِنُ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعِلِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَلِّينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعَالِينَ وَالْمُعِلِينَ وَالْمُعِينِينَ وَالْمُعِلِينَ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينَ وَالْمُعِلِينِ والْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِينِ وَالْمُعِلِي 16. Era emirembe gyali ku ye olunaku lwe وَسَلْمُ عَلَيْهِ يَوْمَ وَهُو يَعْمُونُ وَعُو اللَّهِ عَلَيْهِ يَوْمَ وَمُونُونُ وَ ﴿ يَوْمَيُبْعَثُ حَيًّا اللهِ

> إ وَاذْ كُرْفِ الْكِتْبِ مَرْيَهُم إِذِا ثَتَبَذَتْ مِنْ آهْلِهَا مُكَانًا شَرْقِيًّا أَنَّ

فَاتَّخَذَتْ مِنْ دُوْزِيهِمْ حِجَابًاسْ فَأَرْسَلْنَا إِلَيْهَا رُوْحِنَا نَتِمَثَّلَ لَمَا بَشَرًا سَوِيًّا

كُنْتَ تَقتَّا ۞

لَكُ غُلْمًا زَكِيًّا ۞

كَالَثَانُّ يَكُوْنُ لِيْ غُلْمُ وَّلَمْ يَمْسَشِنِيْ 1. Maryamu n'agamba nti: Nnaafuna ntya قَالَثَانُ يَكُوْنُ لِيْ غُلْمُ وَّلَمْ يَمْسَشِنِيْ الله بَشَرُوْلَمْ اللهُ بَخِيًّا اللهُ الل

22. Malayika n'agamba nti: Bwe kityo bwe عَلَى مَا يَتِينَ مَ يَتِنَ مَا يَتِنَ مَا يَتِنَا عَلَى مَا يَتِنَا عَلَى مَا يَتِينَ مَا يَتِنَا عَلَى مُوَ عَلَى مَا يَتِنَا مِي يَعْمُ عَلَى مُعَلِّى مَا يَتِنَا مِي اللّهِ عَلَى مُعَلِّى مَا يَتُنَا عَلَى اللّهِ عَلَى اللّهُ عَلَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى كَانَ آمْرًا مَّقْضِيًّا

23. Olwo kwe kuba olubuto lwe ('Isa) era قَكَمَلَتُهُ فَانْتَبَذَتْ بِهِ مُكَانًا era والعام العام ال

فَأَجَاءَ هَاالْمَغَاضُ إِلَى جِذْعِ النَّخْلَةِ ، ebisa قَالَتْ لِلَيْتَنِيْ مِتُّ قَبْلَ لَمْذَا وَ كُنْتُ نَشيًا مَّنْسِيًّا ۞

- 25. Kale *bwe yazaala, malayika* n'amuko-owoola okuva wansinsi we, nti: Teweeralii-kirira. Mazima Mukama wo akuteereddewo akaala wansinsi wo.
- 26. Era nyeenya ekikolo ky'omutende ng'ozza gy'oli, gujja kukusuulira entende ezibuulukuse, ennungi.
- 27. Kale lya era nywa era oweweeze amaaso. Naye bw'olaba omuntu yenna, kale gamba nti: Neeyamye eri *Allah* Omusaasizi ennyo okusiiba *nga soogedde:* N'olwekyo, olwa leero sijja kwogera na muntu yenna.
- 28. Oluvannyuma *omwana* yamutwala eri ab'ewaabwe ng'amusitudde. Baagamba nti: Owange Maryamu, okoze ekintu ekitali kya bulijjo.
- 29. Owange mwannyina Haruna, kitaawo teyali muntu mubi, wadde nnyoko teyali mwonoonefu!
- 30. Olwo *Maryamu* n'amusongako. Nebagamba nti: Tunaayogera tutya n'omwana ali mu kibaya?
- 31. *'Isa* n'agamba nti : Nze ndi muweereza wa Allah, yampa Ekitabo era nanfuula Nabbi.
- 32. Era yanfuula ow'omukisa wonna wemba, era yankuutira ku ssaala ne zaka ekiseera kye ndimala nga nkyali mulamu.
- 33. Era yanfuula ayisa obulungi mmange, era teyanfuula nnalukalala, ow'ekikwa.
- 34. Era emirembe *gyali* ku nze olunaku lwe nazaalibwa, era *giriba ku nze* ku lunaku lwe ndifa ne ku lunaku lwe ndizuukizibwa mu bulamu *nate*.
- 35. Oyo nno ye 'Isa Mutabani wa Maryamu. *Era bino by'e* bigambo eby'amazima bo bye batankanamu.
- 36. Tekisaana eri Allah okwefunira omwana. Obutukuvu bwonna bubwe. Bw'asalawo ensonga, kale ddala agamba ng'ambe nti: Ba! n'eba.

فَنَا لَا سَهَا مِنْ تَهْتِهَا آلًا تَهْزَنِي قَهْ جَعَلَ رَبُّكِ تَهْزَنِي قَهْ جَعَلَ رَبُّكِ تَهْتَكِ سَرِيًّا ۞

وَهُزِّيَ لِلَيْكِ بِجِذْءِ النَّعْلَةِ تُسْقِطُ عَلَيْكِ رُطَبًا جَنِيًّا ﴾

فَكُنِيْ وَ اشْرَبِيْ وَ تَرِّيْ عَيْنَاء فَامَّا تَرَيْنُ عَيْنَاء فَامَّا تَرَيْنُ مِنَ الْبَشَرِ آحَدًا ا فَقُولِيْ إِنِّي الْبِيْ مَنْ الْبَشِرِ آحَدًا الْفَقُولِيْ إِنِّي الْبَيْرَ مَنْ الْمُلِّمَ الْبَيْرَ مُنْ الْمُلِّمَ الْبَيْرَ مُنْ الْمُلِّمَ الْبَيْرَةُ مِلْنِ صَوْمًا فَكَنْ الْمُلِّمَ الْبَيْرَةُ مِلْنِ صَوْمًا فَكَنْ الْمُلِّمَ الْبَيْرَةُ مِلْنِ صَوْمًا فَكَنْ الْمُلِيمَ الْبَيْرَةُ مِلْنِ صَوْمًا فَكَنْ الْمُلِيمَ الْبَيْرَةُ مِلْنِ مَنْ الْمُلْمِيْنَانُ الْمُلْمِينَانُ الْمُلْمِينَانُ الْمُلْمِينَانُ الْمُلْمَانِ الْمُلْمِينَا الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانُ الْمُلْمِينَا الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ الْمُلْمَانِ اللّهُ الْمُلْمَانِ اللّهُ الْمُلْمَانِ اللّهُ الْمُلْمِينَا الْمُلْمَانِ اللّهُ الللّهُ

فَاتَتْ بِسِه قَوْمَهَا تَحْمِلُكُ وَقَالُوْا يُمَرْيَمُلَقَدْجِئْتِ شَيْعًافَرِيًّا۞

يَا كُفتَ هُرُوْنَ مَا كَانَ اَبُوْكِ اهْرَا سَوْءِ وَّمَا كَانَتُ المُّكِ بَغِيًّا أَثُ

فَا شَارَتْ اِلَيْهِ ، قَا لُوا كَيْفَ نُحَلِّمُ مَنْ كَانَ فِ الْمَهْدِصَبِيًّا ﴿

قَالَ إِنِّيَ عَبْدُ اللهِ مِنْ الْمُعِنِيَ الْكِلْتِ وَ جَعَلَنِيَ الْكِلْتِ وَ جَعَلَنِيْ نَبِينًا ﴾

وَّ جَعَلَنِي مُلِرَحًا آيْنَ مَا كُنْتُ مَ كُنْتُ مَ كُنْتُ مِ وَ الْأَعْوِقِ مَا دُمْتُ مَتَّ الْأَعْوِقِ مَا دُمْتُ مَتَّالُ اللهِ وَاللَّاعُوقِ مَا دُمْتُ مَتَّالُ اللهِ وَاللَّاعُوقِ مَا دُمْتُ مَتَّالًا اللهُ اللهِ وَاللَّامُ اللهِ وَاللَّامُ اللهِ وَاللَّامُ اللهِ وَاللَّامُ اللهِ وَاللَّامُ اللهِ وَاللَّامُ اللهِ وَاللهِ وَاللّهِ وَاللّهُ وَاللّهِ وَاللّهُ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهُ وَاللّهِ وَاللّهُ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهُ وَاللّهِ وَلّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهِ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّه

وَّ بَرُّا بِوَالِدَتِن وَكَمْ يَجْعَلْنِي جَبَّارًا شَعَتًا

وَالسَّلْمُ عَلَيَّ يَوْمَرُلِدْتُ وَيَوْمَ اَمُوْتُ وَ يَوْمَ اُبْعَثُ مَيًّانَ

ذٰلِكَ عِيْسَى ابْثُ مَرْيَمَ ج قَوْلَ الْعَقِّ الَّذِيْ فِيْدِيَمْ تَرُوْنَ ۞

مَا كَانَ بِلْواَن يَتَّخِذَمِنْ وَكَدِه سُبَحْنَكَ اللهِ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ الله إذَا قَضَى آشرًا فَإِنَّمَا يَقُوْلُ لَـ لَا كُنُ فَيَكُوْنُ أَنْ

- 37. 'Isa yagamba nti: Mazima Allah ye وَإِنَّ اللَّهَ رَبِّ وَرُبُّكُمْ فَاعْبُدُوْهُ مِلْمِياً Mukama wange era ye Mukama wammwe, kale Ye vekka gwe muba musinza; lino ly'ekkubo eggolokofu.
- 38. Naye ab'ebibiina beyawulamu wakati waabwe; kale ziribasanga abo abatakkiriza olw'olukiiko lw'olunaku olw'ekitiibwa.
- 39. Nga baliba bawulira nnyo era nga baliba balaba nnyo ku lunaku lwe balijja gye tuli! Nave aboonoonyi olwa leero bali mu kubula kwa lwaatu.
- 40. Era balabule ku lunaku lw'okwejjusa awo nga ensonga esaliddwawo. Naye kati bali mu kulatta, n'olwekyo tebakkiriza.
- 41. Mazima Ffe tulisikira ensi n'abo abagiriko era gye tuli gye balizzibwa.

- biri mu Kitabo kino. Mazima yali wa mazima nnyo era yali Nabbi.
- kitange, lwaki osinza ebyo ebitawulira era ebitalaba era ebitayinza kukugasa mu عَنْكَ عَنْكَ عَنْكَ عَنْكَ عَنْكَ اللَّهُ عَنْكَ عَنْكَ اللَّهُ عَنْكَ عَنْكَ اللَّهُ عَنْكُ اللَّهُ عَنْكَ اللَّهُ عَنْكُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْكُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْكُ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَنْ اللّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَنْ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَالْكُوا عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَّى اللَّهُ عَلَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَّاكُ عَلَى اللَّهُ عَلَّاكُ عَلَّا عَلَالَّهُ عَلَى اللَّ kyonna?
- 44. Ssebo kitange, mazima nze natuukwa- آياً بَتِ عِنَ الْعِلْمِ مَا ngako; kale ngoberera, nzija kukulaga لَمْ يَا أَيْ عُنِيْ آهُدِكَ صِرَاطًا ekkubo ettuufu.
- Mazima Sitaani mujeemu nnyo eri Allah, Omusaasizi ennyo.
- okutuukibwako ekibonerezo ekiva eri Allah Omusaasizi ennyo, kale n'obeera mukwano gwa Sitaani.
- 47. N'agamba nti: Owange Ibrāhimu, ddala okyaye bakatonda bange? Singa tolekera awo kuboogerako bubi, mazima nzija kukuboola, era nsegulira okumala ekiseera.
- 48. Ibrāhīmu n'agamba nti: Emirembe gibeere ku ggwe. Nzija kukusabira okusonyiyibwa eri Mukama wange. Mazima Ye gyendi wa kisa nnyo.

صراط مشتقيم ا

فَاخْتَلَفَ الْآخْزَابُ مِنْ بَيْنِهِمْ مِنْوَيْلُ لِّلَّذِينَ كَفَرُوْامِن مَّشْهَدِيَوْمِ عَظِيْمِ ﴿ أشمع بهمدر أبصر الكؤم كأثؤ ننالوب الظُّلِمُوْنَ الْيَوْمَ فِي ضَلْلِ مُّبِيْنِ 🕜

فَيْ وَٱنْدِ رُهُدَ يَوْمَ الْحَسْرَةِ إِذْ قُضِيَ الْاَهْرُم رَهُمْ فِي غَفْلَةٍ وَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ۞ إِنَّا زَحْنُ نَرِثُ الْآرْضَ وَمَنْ عَلَيْهَا وَ إِلَّنْ نَا

﴿ يُرْجَعُونَ ﴿ يُولِمُعُونَ ﴾ 42. Era tegeeza ebifa ku Ibrāhimu nga bwe وَاذْكُرْ فِي الْكِتْبِ إِبْرُهِيْمَ وْ إِنَّهُ كَانَ كُانَ صِرِّيْقًا نَّبِيًّا ۞

اذْ قَالَ لِا يَيْدِهِ لِمَا يَسْتِ لِمَ تَعْبُدُ مَا لا Awo bwe yagamba kitaawe nti: Ssebo شَنَاك

كَابَتِ لَا تَعْبُدِ الشَّيْطَى م إِنَّ الشَّيْطِي . 45. Ssebo kitange, tosinzanga Sitaani كَانَ لِلرَّحْمٰنِ عَصِيًّا۞

46. Ssebo kitange, mazima nze ntya ggwe يَاكَبُتِ إِنِّي آخَافُ آنْ يَمَسَّكَ عَذَاكِ مِّن الرَّحْمٰنِ فَتُكُونَ لِلشَّيْطِنِ وَلِيًّانَ

> قَالَ آرَاغِبُ آنْتَ عَنْ اٰلِهَتِيْ يَلِابُلْهِيْمُ؞ لَيْنَ لَّمْ تَنْتَهِ كَارْجُمَّنَّكَ وَاهْجُرْنِي مَلِيًّان

قَالَ سَلْمُ عَلَيْكَ مِسَاسْتَغْفِرُ لَكَ رَبِّي ، راتَّهُ كَانَ بِي حَفِيًّا ﴿

- 49. Era nzija kubeeyawulako n'ebyo bye musinza ebbali wa Allah era nzija kusaba Mukama wange ob'olyawo nessiba wa kikwa mu kusaba eri Mukama wange.
- 50. Awo bwe yabeeyawulako n'ebyo bye baali basinza ebbali wa Allah, twamuwa Isihāka ne Ya'qūbu era bombi netubafuula ba Nabbi.
- 51. Era netubawa ku kusaasira kwaffe, era netubawa n'ettutumu elya waggulu.

- 52. Era tegeeza *ebifa* ku Mūsa *nga bwe biri* mu Kitabo *kino*. Mazima yali mulondemu era yali Mubaka, Nabbi.
- 53. Era twamukoowoola okusinziira ku ludda olwa ddyo olw'olusozi, Ţūr netumusembeza mu kafubo.
- 54. Era olw'okusaasira kwaffe, twamuwa muganda we Hārūna okuba Nabbi.
- 55. Era tegeeza *ebifa ku* Ismāili *nga bwe biri* mu Kitabo *kino*. Ddala yali wa mazima mu kukuuma ebisuubizo era yali Mubaka, Nabbi
- 56. Era yakubirizanga nnyo abantu be ku ssaala ne zaka, era yasiimwanga nnyo eri Makama we.
- 57. Era tegeeza *ebifa ku* Idirisi *nga bwe biri* mu Kitabo *kino*. Ddala yali wa mazima nnyo era yali Nabbi.
- 58. Era twamugulumiza mu kifo ekya waggulu.
- 59. Abo nno be bo Allah be yawa ebyengera bye mu ba Nabbi abava mu zzadde lya Ādamu, ne mw'abo be twasitula *mu kyombo* awamu ne Nūhu ne mu zadde lya Ibrāhīmu, ne Isirairi ne mw'abo be twalung'amya era netubalonda *mu balala*. Bo nga bwe basomerwa Aya z'Omusaasizi ennyo, bagwa wansi nebavuunama ng'eno bwe bakaaba.
- 60. Naye baagobererwa oluvannyuma lwabwe omulembe ogwagayaalirira essaala, nebagoberera kwagala kwabwe. Kale mangu

وَاعْتَزِلُكُهُوَمَاتَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ وَ اَدْعُوْا رَبِّنَ اللّٰ عَلَى اَلّٰا ٱلّٰوَنَ بِدُعَاْءِ رَبِّنَ شَقِيبًا۞

فَلَمَّااعَتَزَلَهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ مِنْ دُوْنِ اللهِ وَهَبْنَالَهُ إَسْحُقَ وَيَعْقُوْبَ وَوَ كُلَّا جَعَلْنَا نَسِيًّا ۞

وَوَهَبْنَا لَهُمَّ مِّنْ رَّهُمَةٍ نَاوَجَعَلْنَا لَهُمْ فَيْ لِسَانَ صِدْقٍ عَلِيَّانُ

وَاذْكُرْ فِي الْكِتْبِ مُوْسَى رَ إِنَّهُ كَانَ مُحْسَى رَ إِنَّهُ كَانَ مُحْسَمًا وَكَانَ رَسُوْكًا تَبِيًّا ۞

وَ تَا دَيْنُهُ مِنْ جَانِبِ الطُّوْرِ الْاَيْمَنِ وَقَرَّ بُنْهُ زَجِيًّا

وَ وَهَبْنَا لَهُ مِنْ زَهْمَتِنَا آخَاهُ هُرُونَ نَبِيًّانَ

ۘۊٙٵۮٝڪؙۯڣٵڷڮؾ۠ٮ۪ٳۺۿڿؽڶۮٳؾٞٷػٲڽ ڝٙٵڿۊٙٵڷۅٙڠڋػػٲ؈ۯڛ۠ۉڐۜڹؠۜۧؠؾؖٵ۞

وَكَانَ يَاْمُرُ آهْلَهُ بِالصَّلْوِةِ وَالزَّكُوةِ مَ الْزَّكُوةِ مَ وَكَانَ عِنْدَرَبِّهِ مَرْضِيًّا ۞

وَاذْكُرْ فِ الْكِتْبِ إِدْرِيْسَ زِانَّهُ كَانَ صِدِّيْقًا تَبِيًّا ﴿

وَّرَفَعْنُهُ مَكَا نَّا عَلِيًّا ۞

أُولَٰمِكَ الَّذِيْنَ آنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِّنَ النَّبِةِنَ مِنْ ذُرِّيَّةِ أَدَمَ وَمِمَّنْ حَمَلْنَا النَّبِةِنَ مِنْ ذُرِّيَّةِ أَدَمَ وَمِمَّنْ حَمَلْنَا مَعَ نُوْمِ وَ مِنْ ذُرِيَّةِ إِبْرُهِيْمَ وَ إِبْرُهِيْمَ وَ إِبْرُهِيْمَ وَ الْمَرَاءِ يُلَى وَمِمَّنْ هَدَيْنَا وَاجْعَبَيْنَا وَ الْمَعَ بَيْنَا وَاجْعَبَيْنَا وَ الْمَعَ بَيْنَا وَ الْمَعْ مِنْ الرَّحْمُينِ إِذَا تُثُلُ عَلَيْهِمْ أَيْثُ الرَّحْمُينِ الرَّحْمُينِ الرَّحْمُينِ الرَّحْمُينِ الْمَرَّوْنُ الْمُجَمَّدُ الْمُعَالِقُ الْمُحَمِّقُونَا الْمُحَمَّدُ الْمُعَلِّدُ الْمُحَمِّدُ اللَّهُ الْمُحَمِّدُ الْمُحْمِدُ الْمُحْمِدُ الْمُحَمِّدُ الْمُحَمِّدُ الْمُحَمِّدُ الْمُحْمِدُ الْمُحَمِّدُ الْمُحْمِدُ الْمُحَمِدُ الْمُحَمِدُ الْمُحَمِّدُ الْمُحَمِّدُ الْمُحْمِدُ الْمُحْمِدُ الْمُحْمِدُ الْمُحَمِدُ الْمُحْمِدُ الْمُعْمِدُ الْمُحْمِدُ الْمُحْمِدُ

نَحْلَفَ مِنْ بَعْدِهِمْ خَلْفُ آضَاعُوا الصَّلُوةَ وَ اتَّبَعُوا الشَّهَوٰتِ فَسَوْفَ nnyo bajja kusisinkana okuzikirira,

61. Okuggyako oyo anaabonerera n'akkiriza era n'akola ebikolwa ebirungi. Kale abo be baliyingira mu Janna era tebaliryazaamaanvizibwa kantu konna.

62. Balibeera mu nsuku ez'olubeerera ezo Allah Omusaasizi ennyo zeyasuubiza abaweereza be nga tebazirabyeko. Mazima okusuubiza kwe kuteekwa buteekwa okutuukirira.

63. Tebaliwuliriramu bya swakaba, okuggyako ebiramuso by'emirembe era balifuniramu okugabulwa kwabwe enkya n'eggulo.

64. Eyo nno y'e Janna gye tusikiza abamu ku baweereza baffe abaali abeekuumi.

65. Era ba malayika bagamba nti: Tetukka wansi wabula lwa kiragiro kya Mukama wo. Ebyo ebiri mu maaso gaffe n'ebyo ebiri emabega waffe n'ebyo ebiri wakati wa byo bibye. Era Mukama wo si mwerabize.

66. Ye Mukama w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombi, kale mumusinze era munywerere ku kusinza Ye.Abaffe, mumanyiiyo omulala amwenkana?

Ruku 5

ndiba nfudde, nate era ndizuukizibwa nennamuka?

68. Abaffe, omuntu tajjukira nti Ffe twamutonda olubereberye ate nga tevali kintu?

69. Kale, amazima ga Mukama wo, ddala tugenda kubakung'aanya ne ba Sitaani bonna, n'oluvannyuma ddala tulibaleeta nga bafukamidde okwetooloola Jahannamu.

buli kibinja abo mu bo abaasingira ddala okujeemera Allah Omusaasizi ennyo.

abagusaanira okugwokebwamu.

يَلْقَوْنَ غَتَّالً

رِالَّا مَنْ تَابَ وَ أَمَّنَ وَ عَمِلَ صَالِحًا فَأُولَيُكَ يَدْخُلُونَ الْهَنَّةَ وَلَا يُظْلَمُوْنَ شَيْعًانُ

جَنَّتِ عَدْنِ إِلَّتِي وَعَدَ الرَّهُمٰنُ عِبَادَةُ بِالْغَيْبِ ﴿ إِنَّهُ كَانَ وَعَـدُهُ مَا يَتَّا٣

لَا يَسْمَعُونَ فِيْهَا لَغُوَّا إِنَّا سَلْمًا وَ لَهُمْ رِزْقُهُمْ فِيْهَا بُكُرَةً وَّعَشِيًّا اللَّهُ مُرِدُونًا مُكُرَّةً وَّعَشِيًّا

تِلْكَ الْهَنَّةُ الَّتِي نُوْرِثُ مِنْ عِبَادِنَا مَنْ كَانَ تَقِيًّا ١٠

وَمَا نَتَنَزَّلُ إِلَّا بِأَمْرِرَ بِلَكَ مِلَ مَا بَيْنَ آيد يْنَا وْمَا خَلْفَنَّا وْمَا بَيْنَ وْلِكَ م وَمَا كَانَ رَبُّكَ نَسِتًا شَ

رَبُّ السَّمُونِ وَ الْأَرْضِ وَ مَا يَسْنَهُمَا فَاعْبُدُهُ وَ اصْطَيِرْ رِلِعِبًا ذَيْهِ ، هَلْ الله مَعْدَدُهُ اللهُ ال

67. Era omuntu agamba nti: Abaffe, bwe وَيَقُوْلُ الْدِنْسَاكُ ءَ إِذَا مَا مِتُ كَسَوْفَ عَلَيْهِ اللهِ عَلَي اُخْدَجُ حَبَّانَ

> آوَلَا يَذْكُرُ الْدِنْسَانُ آنَّا خَلَقْنُهُ مِنْ قَيْلُ وَلَهْ تَلْكُ شَنْعًا ۞

فَوَرَبِكَ لَنَحْشُرَ تَهُمْرَ الشَّيْطِيْنَ نُحَّرَ ڶڹؙۮؘۻڒڹۜۿۿػۅٛڵڿۿڹۜٙٙٙٙٙٙڡڿؿؾۜٲۺ

70. N'oluvannyuma ddala tulirobola mu المُثَمَّ لَنَنْزِعَنَّ مِنْ كُلِّ شِيْعَةٍ آيُّهُمْ شَالِي اللهِ ٱشَدُّ عَلَى الرَّحْمٰنِ عِتِيًّانُ

71. Era ddala Ffe tusinga okumanya abo ثُمَّ لَنَحْنُ آعْلَمُ بِاللَّذِينَ هُمْ آوْلَى بِهَا صلتًا۞

72. Era tewali venna mmwe ataligutuukako. Eno eri Mukama wo nsala eva nnamaddala.

73. Oluvannyuma tuliwonya abo abeekuuma, nave tulireka aboonoonyi mu gwo nga bafukamidde

74. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, abatakkiriza bagamba abo abakkiriza nti: Abaffe, kibiina ki ku byombi ekiri mu kifo ekisinga obulungi era ekisinza ekitiibwa mu nkiiko?

75. Naye emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe, abaali babasinza eby'obugagga n'endabika!

76. Gamba nti: Oyo ali mu bubuze, Allah Ow'ekisa ennyo amuwa akaaganya, okutuusa lwe baliraba ebyo bve عُدُونَ إِمَّا الْعَذَابِ وَإِمَّا السَّاعَةِ مِهِ balabulwako oba ekibonerezo oba Essaawa eyalagaanyizibwa, olwo mangu nnyo balitegeera ani ali mu kifo ekisinga obubi, era alina eggye erinafu ennyo.

77. Era Allah abo abalung'ama b'ayongera obulung'amu. Era ebikolwa ebirungi ebisigalawo by'ebisinga okusasulwa obulungi eri Mukama wo era by'ebisinza obuddo obulungi.

kwaffe n'agamba nti: Bwe nzikiriza, ddala ndiweebwa eby'obugagga n'abaana?

79. Abaffe, amaze kumanya bya nkiso, nandiki yafuna endagaano eri Allah Omusaasizi ennyo?

80. Si kyo! Mazima tujja kuwandiika ebyo by'ayogera era tumwongere ekibonerezo olwongera.

81. Era tumusikize ebyo by'ayogerako, naye gye tuli alijja bwa nnamunigina.

Allah mbu balyooke babeere ensibuko y'amaanyi gaabwe.

83. Si kyo! Bakatonda abo bagenda kwegaana okusinzibwa kwabwe era bafuuke abakuubagana nabo.

وَإِنْ مِنْكُمْ إِلَّا وَارِدُهَامِ كَأَنْ عَلَى رَبِكَ حَثْمًا مِّقْضِيًّا ﴿

ثُمَّ نُنَحِّى الَّذِيْنَ اتَّبَقَوْا وَّ نَذَرُ الظِّلِمِيْنَ فِيْهَا حِثِيًّا ۞

وَإِذَا تُعْلَى عَلَيْهِمْ الْنُتُنَا بَيِّنْتِ قَالَ الَّذِيْنَ كُفَرُوا لِلَّذِيْنَ امِّنُوْا ، آيُّ الْفَرِيْقَيْنِ خَيْرُمَّقَامًاوَّآخِسَنُ نَدِيًّا

وَكُمْ آهْلَكُنَا قَبْلَهُمْ يَتِنْ قَرْنِ هُمْ آخسَنُ آ فَا قُاوَّ رِءْيًا۞

قُلْ مَن كَانَ فِي الضَّلْلَةِ فَلْيَهُدُدُ لَهُ الرَّحْمُنُ مَدًّا أَ كَنَّى إِذَا رَآوًا مَا فَسَيَعْكُمُوْنَ مَنْ هُوَ شَدٌّ مَّكُا نَّا وَّٱضْعَفُ

وَ يَزِيْدُ اللَّهُ الَّذِيْنَ اهْتَدَوْا هُدَّى وَ الْبِقِيْتُ الصَّلِحْتُ تَحَيْرٌ مِنْدَ رَبِّكَ فَوَابًا وَ خَيْرُمَّرَدُّان

آفَرَءَ ثِيتَ الَّذِيْ كَفَرَ بِالْيَتِنَا وَ قَالَ Abaffe, omulabye oyo agaana okulabula آفَرَءَ ثِيتَ الَّذِي كَفَرَ بِالْيَتِنَا وَ قَالَ لاُوْتَيِنَ مَالاً وَوَلَـدًاهُ

آطَّلَعَ الْغَيْتِ آمِ اتَّخَذَعِنْدَ الرَّحَ

كُلَّا استنكتنك مّا يَقُولُ وَ نَمُدُّ لَهُ مِنَ الْعَذَابِ مُدَّالً

وَّنَرِثُهُ مَا يَقُولُ وَيَا تِينَا فَرُدًّا ١٠

82. Era batwala bakatonda abalala ebbali wa وَاتَّخَذُوْا مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ الْلِهَدُّ لِيَكُوْنُوْا

كُلَّا ، سَيَكُفُرُوْنَ بِعِبَاهَ تِهِدْ وَيَكُوْنُوْنَ ﴿ عَلَيْهِمْضِدًّا ١٠٠٠

84. Abaffe, tolaba nti abatakkiriza bwe مَلَ الشَّيْطِيْنَ عَلَى الشَّيْطِيْنَ عَلَى السَّيْطِيْنَ عَلَى

twabateera Sitaani zibapikiriza bupikiriza?

الْكُفِرِيْنَ تَوُزُّهُمْ مَ ارَّالُ

85. Kale ggwe tobabuguutanira. Ddala Ffe المُعَدِّدُ لَهُمْ عَدُّالَهُمْ عَدُّالَ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجَلُ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجَلُ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجُلُ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجُلُ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجُلُ عَلَيْهِمْ وَإِنِّمَا تَعْجُلُ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجُلُ عَلَيْهِمْ وَإِنَّمَا تَعْجُلُ عَلَيْهِمْ وَالْعَالِمُ اللّهِ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهُمْ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عِلْمُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهُمْ عَلَيْهُمْ عَلَيْهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهُمْ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهُمْ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهِ عَلَيْهِمْ وَاللّهِ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ وَاللّهِ عَلْهِمْ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِمْ عَلَيْهِمْ وَاللّهِ عَلَيْهِمْ وَاللّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِمْ وَاللّ tubabalirira olubalirira.

يَوْمَ زَحْشُرُ الْمُتَّقِيْنَ إِلَى الرَّحْمُن وَفْدًا ﴿ 86. Jjukira olunaku lwe tulikung'aanya يَوْمَ زَحْشُرُ الْمُتَّقِيْنَ إِلَى الرَّحْمُن وَفْدًا ﴿ 86. Jjukira abatuukirivu ng'abagenyi eri Allah Omusaasizi ennyo.

87. Era tuligobera aboonoonyi eri omuliro nga eggana bwe litwalibwa eri ekyesero.

88. Tebaliba na buyinza kwewolereza, okuggyako oyo eyafuna ekisuubizo okuva eri Allah Omusaasizi ennyo.

89. Era bagamba nti: Allah Omusaasizi ennyo veetwalira omwana.

90. Mazima mukoze ekintu kibi nnyo!

91. Kumpi eggulu lyabike ku lwa kyo, n'ensi yeeyuzeemu, n'ensozi zerindiggule eri zibetenteke.

92. Olw'okubanga bateebeza Allah. Omusaasizi ennyo omwana.

93. So nga Allah Omusaasizi ennyo tasaanira kufuna mwana.

94. Anti tewali kiri mu ggulu ne mu nsi wabula kya kujja eri Allah Omusaasizi ennyo nga omuweereza.

95. Mazima Allah yabeetooloola era n'ababalirira olubalirira.

96. Era buli omu mu bo wa kujja gy'ali ku lunaku lw'okuzuukira bwa nnamunigina.

97. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, ddala Allah Omusaasizi ennyo aliteeka okwagalana mu mitima gyabwe.

98. Kale mazima Kur'āni twagifuula nnyangu mu lulimi lwo olyooke ogiweese amawulire amalungi eri abeekuumi era ogirabuze abantu abatotoogana.

olubereberye lwabwe! Abaffe, okyalinawo yenna gw'owuliza ku bo wadde okuwulira akanyego konna akava gye bali?

﴿ وَنَسُوقُ الْمُجْرِمِيْنَ إِلَّى جَهَنَّمَ وِرْدًا ﴿

لَا يَمْلِكُوْنَ الشَّفَاعَةَ إِلَّا مَنِ اتَّخَذَ عِنْدَ إِنَّ الرَّحُمٰنِ عَهْدًاهُ

وَقَالُوا النَّخَذَ الرَّحُمُنُ وَلَدَّالِهُ

لَقَدْ جِئْتُمْ شَيْئًا إِذَّانُ تَكَادُ السَّمْوْتُ يَتَفَطَّرْنَ مِنْهُ وَ تَنْشَقُّ الْأَرْضُ وَتَخِرًّا لَجِبًا لُ هَرًّا اللهُ آن دَعَوْالِلرَّعْمٰنِ وَلَوَاشْ

وَمَا يَنْبَغِي لِلرَّحْمُنِ آنَ يَتَنْخِذُ وَلَدًا اللهِ

إِنْ كُلُّ مِنْ فِي السَّمَٰوْتِ وَالْاَرْضِ إِلَّا أَتِي الرَّحْمُن عَبْدًاهُ

لَقَدْ آعط مُهُ وَعَدَّهُ هُمْ عَدَّالَ

وَكُلُّهُمُ النَّهِ يَوْمَ الْقِلْمَةِ فَوْدًا ١٠ إِنَّ الَّذِيْنَ أَمِّنُوا وَ عَمِلُوا الصَّالِحُتِ سَيَجْعَلُ لَهُمُ الرَّحْمُنُ وُدُّانَ

فَإِنَّمَا يَشَرْنُهُ بِلِسَانِكَ لِتُبَيِّمَرَ بِهِ المُتَّقِيْنَ وَتُنْذِرَبِهِ قَوْمًا لُرُّاسَ

99. Ye emirembe emeka gye twazikiriza وَكَمْرَ آهْلَكُنَا قَبْلَهُمْرِيِّنْ قَرْبِ، هَـلْ تُحِسُّ مِنْهُ مُحِّنْ أَحَدٍ آوْتَسْمَعُ لَهُمْ المَيْجُ رِحْزًا ﴿

TĀ HĀ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- والتوالرَّعُمْن الرَّحِيْمِ ()

2. Tā Hā.*

- 3. Tetwassa ku ggwe Kur'āni nti okeng'entererwe,
- 4. Wabula nga kwe kubuulirira eri oyo atya Allah.

ٳؖ؆ تَنْزُكِرَةً لِّمَن يَّخْشٰى ۗ

- 5. Era kwe kubikkulirwa okuviira ddala eri Oyo تَنْزِيْلاً مِّمَّنْ خَلَقَ الْكَرْضَ وَالسَّمُوٰتِ evatonda ensi n'eggulu ettumbiivu ennyo.
- 6. Ye Allah, Omusaasizi ennyo atebenkedde obulungi ku Nnamulondo.
- آلة همد على الْعَدْش استوى
- 7. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna تَدَمَافِ السَّمُوٰ اِن وَمَا فِي الْهَرَافِ السَّمُوٰ اللهِ السَّمُوٰ اللهُ وَمَا فِي الْهَرَافِ اللهُ مَا فِي اللهُ مَا فِي اللهُ مَا فِي اللهُ مَا فِي اللهُ مَا اللهُ اللهُ مَا اللهُ م bibye, n'ebiri wakati wa byombi, n'ebiri wansi w'ettaka ettobu.
 - بَيْنَهُمَا وَمَا يَعْتُ الثَّرَى
- oba erya wansi, era awulira, kuba Ye y'amanyi ebyaama n'ebikukuliddwa.
- 8. Era bw'oyogera eddoboozi erya waggulu وَإِنْ تَجْهَرْ بِالْقَوْلِ فَإِنَّكَ يَعْلَمُ اللَّهِ عَلَى اللَّهُ اللَّ اليتبر وآخفي
- 9. Allah ye yekka. Teri musinzibwa mulala الله المحوّد كه اكاشماء كالمستاء okuggyako Ye. Ye nannyini matendo amakula.
 - الخشخا
 - 10. Ye abaffe, watuukwako ebyafa ku Mūsa?
- ﴿ وَهَلَ ٱتُّمكَ حَدِيثُ مُوسَى ﴿
- 11. Awo bwe yalaba omuliro, kale n'agamba ab'ewuwe nti: Mubeere wano, ddala nnengedde omuliro; ob'olyawo ne- انشت تارًا لَعَلِنَ ارْبَيْكُمْ وَمُنْهَا بِقَبْسِ mbaleetera ku gwo ekitawuliro oba nensanga obulung'amu awali omuliro.
- إِذْ رَأْ نَارًا فَقَالَ لِا هَلِهِ امْكُنُّوْا إِنِّي آوْ آجِدُ عَلَى النَّارِهُ وَى ١٠
- 12. Kale bwe yagutuukako, yakoowoolwa nti: Owange Mūsa,
- فَكُمَّا آتُنهَا نُوْدِي لِمُوسَى ١
- 13. Mazima Nze Mukama wo. Kale ggyamu engato zo, ddala oli mu kiwonvu Tuwa ekitukuvu.
- إِنَّ آنَا رَبُّكَ فَاخْلَمْ نَعْلَيْكَ مِ إِنَّكَ بالواد المُقَدِّس طُوًى ش
- 14. Era Nze nkulonze *obeere Omubaka:* kale wuliriza nnyo ebyo ebibikkulwa gy'oli.
- وَآنَا اخْتَرْتُكَ فَا شَتَمِعْ لِمَا يُؤْخِي ١٠
- okuggyako Nze, kale sinza Nze nzekka era
- اِنَّتُنَى آنَا اللهُ الْآلِيلَةِ الْكُرَانَا فَاعْبُدُنْ مِيرَ 15. Mazima Nze Allah. Teri musinzibwa mulala

iiumbiranga nnyo essaala olw'okunziiukira.

mangu nnyo nzija kugyoleka, buli mwoyo gulyooke gusasulwe nga bwe gwafuubaana.

17. Kale oyo atagikkiriza era agoberera okwagala kwe, aleme kukuziyiza ku yo; si kulwa ng'ozikirira.

18. Owange Mūsa, ki ekyo ekiri mu ddyo wo?

19. N'addamu nti: Guno muggo gwange gwe neesigaamirizako, era gwe nkunkumu-يهَا عَلَى خَنَوِي وَلِيَ فِيهَا مَا رِبُ أَخْرَى zisa ebikoola by'endiga zange, era بِهَا عَلَى خَنَوِي وَلِي ngulinamu n'emigaso emirala.

20. N'agamba nti: Owange Mūsa, gusuule wansi.

21. Kale n'agusuula wansi, okwejjuukiriza nga gwe musota ogudduka.

22. N'agamba nti: Kale gukwate, era totya. Tujja kuguzzaayo mu mbeera ya gwo evasoose.

23. Era ssa omukono gwo mu nkwawa zo. Gujja kuvaayo nga mweru mu ngeri etali ya kabi— ako kabonero kalala.

24. Tulyooke tukulage obumu ku bubonero bwaffe obukulu.

25. Genda eri Farāwo; mazima ddala asusse ekigero mu bujeemu.

Ruku 2

26. Mūsa n'agamba nti: Mukama wange, nnyanjululiza omutima gwange,

27. Era ompewulire omulimu gwange,

28. Era osumulule ekifundikwa ekiri ku lulimi lwange,

29. Bategeere ebigambo byange,

30. Era nteerawo omubeezi ava mu bange—

31. Hārūna, muganda wange;

32. Onyweze amaanyi gange naye,

33. Era mugatte mu mulimu gwange,

34. Tulyooke tukutendereze nnyo,

أقيم الصّلُوةُ لِيزِكُونُ

انَّ السَّاعَةَ أَتِيةً أَكَادُ ٱخْفِيْهَا لِتُعْذِي [6. Mazima Essaawa eyalagaanizibwa ejja; إِنَّ السَّاعَةَ أَتِيةً أَكَادُ ٱخْفِيْهَا لِتُعْذِي كُلُّ نَفْسُ بِمَا تَشْنِي اللهُ

> فَلَا يَصُدَّنَّكَ عَنْهَا مَنْ لا يُؤْمِنُ بِهَا وَاتَّتِعَهُاسهُ فَكَرُدُى ١٠

وَمَا تِلْكَ بِيَمِيْنِكَ يُمُوْسَى (اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ الله

قَالَ هِيَ عَصَايَ مَا تَوَكَّؤُا عَلَيْهَا وَآهُشُّ

قال القيها يلموسي

فَأَلُقُمِهَا فَإِذَاهِي مَيِّمةً تَسْلَى

قَالَ نُحُدُهَا وَكَا يَخَفُ مِنْ سَنُعِيْدُهَا سبكر تتماال ولي

وَاصْمُهُ يَدَكَ إِلَى جَنَاجِكَ تَخْرُجُ بَيْضَا ءَمِنْ غَيْرِسُوْءِا يَسَةً أَخُوٰى ﴿

لِنُرِيَكَ مِنْ أَيْتِنَا الْكُبْرِي

هُ إِذْ هَبُ إِلَى فِرْعَوْنَ إِنَّهَ طَغَي اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلْمُ عَلَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَّهُ عَلَّ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّهُ عَلَّ

قَالَ رَبِّ اشْرَ حُرِكِ صَدْرِيْ صُ

وَيُسِّرُكِي آمْرِيْ اللهِ

وَاحْلُلُ عُقْدَةً مِّن لِّسَانِي اللهُ يَفْقَهُوْا قَوْلِيْ شَ

وَاجْعَلْ لِنْ وَزِيْرًا مِنْ آهِلِيْ أَ

هُرُوْنَ آخِي اللهِ

اشدُدبة آزري ١

وَآشُرِ كُهُ فِي آمْرِيْ اللهِ

كَيْ نُسَبِّعَكَ كَثِيْرًا اللهِ



35. Era tukujjukire nnyo.

36. Ddala Ggwe mulabirizi ku ffe.

وَّنَذُكُوكَ كَثُورُاهُ راتَّكَ كُنْتَ بِنَا بَصِيْرًا ال

37. Allah n'agamba nti: Owange Musa, ⊕قَالَ قَدْ أُوْرِينَتَ سُؤُلِكَ لِلمُوْلِى

وَلَوْاَتَ مَافِي الْأَرْضِ مِنْ شَجَرَةٍ ٱقْلَامُ وَّالْبَحْرُيَمُدُّةُ مِنْ بَعْدِهٖ سَبْعَةُ ٱبْحُرِر مًّا نَفِدَتْ خَلِمْتُ اللَّهِ ﴿ إِنَّ اللَّهُ عَزِيْزُ حَكِيْمُ 29. Okutondebwa kwammwe n'okuzuukizibwa kwammwe si kintu,wabula biring'anga okutonda n'okuzuukiza omuntu omu. Mazima Allah y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

30. Abaffe, tolaba nga Allah bw'ayingiza ekiro mu misana era n'ayingiza emisana mu kiro, era y'eyassa enjuba n'omwezi ku kuweereza, nga buli kimu kiddukira ku kiseera ekigere, era byonna bye mukola, ddala Allah abitegeera?

31. Ekyo lwa kubanga Allah ye w'Amazima, ng'ate ebyo bye balaajanira ebbali we *bya* bulimba, n'olwokuba nti ddala Allah ye Mugulumivu ennyo, Omukulu ennyo.

Ruku 4

- 32. Abaffe, tolaba nga ebyombo bwe biseeyeeya ku nnyanja olw'ekisa kya Allah alyooke abalage ku bubonero bwe? Mazima mw'ebyo mulimu okulabula eri buli mugumiikiriza, eyeebaza.
- 33. Era awo amayengo bwe gababuutikira negaba ng'ebibikka, olwo balaajanira Allah nga bamalirivu gy'ali mu buwulize. Naye bw'abawonya *n'abatuusa* ku lukalu, kale abamu mu bo be basigala ku kkubo ettuufu. Era tewali agaana Aya zaffe mu bugenderevu, okuggyako buli ateesigibwa, ateebaza.
- 34. Abange mmwe abantu, mutye Mukama wammwe era mutye olunaku omuzadde lw'ataligasa mwana we, wadde omwana okugasa muzadde we mu kyonna. Mazima okusuubiza kwa Allah kwa mazima. Kale obulamu bw'ensi tebubawubisanga, n'oyo abuzaabuza tababuzaabuzanga ku bifa ku Allah.
- 35. Mazima Allah gy'ali y'eri okumanya kw'Essaawa. Era y'atonnyesa enkuba, era y'amanya ebiri mu nnabaana. Naye omuntu tamanyi ki ky'anaafuna enkya era omuntu tamanyi nsi ki gy'alifiiramu. Mazima Allah y'Amanyi byonna, y'Ategeera byonna.

مَا خَنْقُكُمْ وَ لَا بَعْثُكُمْ إِلَّا كَنَفْسٍ وَّاحِمَةٍ مِنَّ اللَّهُ سَمِيْءُ بَصِيْرُ۞

Juzu 21

ٱلمُ تَكَانَ اللهُ يُؤلِجُ الَّيْلَ فِ النَّهَارِ وَيُؤلِجُ النَّهَارَفِ اليَّيْلِ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَ الْقَمَرَ دَ عُلُّ يَّجْرِيْ إِلَى آجَلٍ شُسَمَّى وَ اَنَّ اللَّهُ يِمَا تَعْمَلُوْنَ خَبِيْرُ ۞

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَ أَنَّ مَا يَدُ عُوْنَ وَ أَنَّ مَا يَدُ عُوْنَ مِنْ دُونِهِ الْبَاطِلُ وَ أَنَّ اللَّهَ يَدُ هُو الْبَاطِلُ وَ أَنَّ اللَّهَ يَعْ هُوَ الْعَلِيُّ الْكَيِيدُونَ

اكم تَرَ آنَ الْفُلْكَ تَجْرِي فِ الْبَحْرِ
بِنِعْمَتِ اللهِ لِيُرِيكُمْ تَجْرِي فِ الْبَحْرِ
بِنِعْمَتِ اللهِ لِيُرِيكُمْ رَّنْ الْيَتِهِ النَّ
فِي ذَلِكَ كَالْتُلْكِ صَبَّا رِشَكُورِ
وَإِذَا غَشِيهُمْ مَّوْجُ كَالظُّلَلِ دَعُوااللهَ
مُخْلِصِيْنَ لَهُ الدِّيْنَ أَ فَلَمَّا نَجْمهُمُ
إِلَى الْبَرِّ فَمِنْهُمْ مُّقْتَصِدْ وَمَا يَجْمهُمُ
بِالْيِتِنَا الْاَحُلُّ مَتَاركُفُورِ
بِالْيِتِنَا الْاَحُلُّ مَتَاركُفُورِ


يَّا يُّهُاالنَّا سُ اتَّقُوارَ بَّكُمْ وَاحْشُوا يَوْمًا لَّا يُهُالنَّا سُ اتَّقُوارَ بَكُمْ وَاحْشُوا يَوْمًا لَا يَجْزِيْ وَلَا مَوْلُودً هُو جَازِعَن وَالْحِهِ شَيْعًا وَلَى وَعْمَ الْحَيْوةُ اللهِ مَنْ فَلَا تَخُرَّ نَّكُمُ الْحَيْوةُ الدُّنْيَا اللهِ وَلَا يَخُرَّ نَكُمُ الْحَيْوةُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ النَّهُ وَلَى اللهِ اللهِ اللهِ النَّهُ وَلَى اللهِ النَّهُ وَلَى اللهِ اللهِ النَّهُ وَلَى اللهِ اللهِ اللهِ النَّهُ وَلَى اللهِ اللهِ اللهِ النَّهُ وَلَى اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ الل

رِكَ اللهَ عِنْدَ لَا عِلْمُ الشَّاعَةِ مَ وَيُنَزِّلُ الْكَاعَةِ مَ وَيُنَزِّلُ الْكَاعَةِ مَ وَيُنَزِّلُ الْكَيْتُ مَا فِي الْأَرْحَامِ وَمَا تَدُرِيْ نَفْسُ مَّا ذَا تَكْسِبُ غَدَّا وَمَا تَدْرِيْ نَفْسُ بِأَيِّ آرْضِ تَمُوْتُ واتَ اللهَ

إِ عَلِيْمُ خَبِيْرُ اللهُ



سُوَةُ السَّجُدَةِ مَكِّيَّةً ٢٢





(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Alif Lām Mīm*.

3.Okubikkulirwa kw'Ekitabo *kino*— tewali kubuusabuusa mu kyo — kwaviira ddala eri Mukama w'ebitonde byonna.

- 4. Kazzi bagamba nti ye y'eyakiyiiya? Nedda, kyo ge mazima agaava eri Mukama wo, olyooke olabule abantu abatatuukibwangako Mulabuzi yenna olubereberye lwo, balyooke balung'ame.
- 5. Allah y'Oyo eyatonda eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi mu biseera mukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Temulinaayo muyambi yenna ebbali we wadde omuwolereza. Abaffe, temufumiitiriza?
- 6. Y'ategeka ekiragiro okuva mu ggulu okujja ku nsi, n'oluvannyuma kiririnnya gy'ali mu lunaku ekigero kya lwo *ekyenkana* n'emyaka lukumi mw'egyo gye mubala.
- 7. Oyo nno ye Mumanyi w'ebitalabika *n*'ebirabika, *ye* Luwangula, Ow'ekisa ekingi.
- 8. Y'oyo eyayooyoota buli kimu kye yatonda. Era yatandika okutonda kw'omuntu mu budongo.
- 9. Oluvannyuma yakola ezzadde lye mu mazzi amakenenule, aganyoomebwa.
- 10. N'oluvannyuma yamutereeza n'amufuuwamu omwoyo gwe era n'abakolera amatu, n'amaaso, n'emitima.* Naye mwebaza kitono.

يِشمِاللهِ الرَّحَمْنِ الرَّحِيْمِ () المَّنَّ

تَنْزِيلُ الْكِتْبِ لَا رَيْبَ فِيْهِ مِنْ رَّبِّ الْعُلَمِيْنَ أَنْ

آمُ يَقُوْلُوْنَ افْتَرْسِهُ مَ بَلْ هُوَ الْحَقُّ مِنْ رَّبِكَ لِتُنْذِرَ قَوْمًا ثَمَّا اَتْسَهُمْ مِّنْ تَذِيْرِمِّنْ قَبْلِكَ لَعَلَّهُمْ يَهْتَدُوْنَ

اَملَّهُ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمْوٰتِ وَ الْاَرْضَ وَ مَا اَبَيْنَهُمَا فِيْ سِتَّةِ اَتِّكَامِ ثُمَّا اسْتَوٰى عَلَى الْعَرْشِ مَا لَكُمْ يِّنْ دُوْنِهِ مِنْ وَلِيِّ وَلا شَفِيْعِ مَا فَلاَئْتَذَكُرُوْنَ⊙

يُدَ بِرُالْاَمْرُمِنَ السَّمَاءِ إِلَى الْهَرُضِ ثُمَّ يَعْرُجُ الْيُعِ فِي يَوْمِكَانَ مِقْدَارُةَ اَلْفَ سَنَةِ يِتِمَّا تَعُدُّ وُنَ۞

ذٰلِكَ عٰلِمُ الْخَيْبِ وَالشَّهَا دَةِ الْعَزِيزُ الرَّحِيْمُ ۞

الَّنْ غَيْ آحْسَنَ كُلَّ شَيْءٍ خَلَقَهُ وَبُـدَآ خَلْقَ الْاِنْسَانِ مِنْ طِيْنٍ۞

نُمَّ جَعَلَ نَسْلَهُ مِنْ سُلَلَةٍ مِّنْ مَّآءٍ مَّهِيْبٍ۞

ثُمَّ سَوْمهُ وَنَفَخَ فِيْهِ مِنْ رُوْحِهِ وَ جَعَلَ لَكُمُ السَّمْعَ وَ الْاَبْصَادَ وَ الْاَفْءِدَةَ ﴿ قَلِيْلًا مَّا تَشْكُرُونَ

^{32:2.} Nze Allah, Amanyi ennyo.

^{32:10.} Mu Kur'āni Entukuvu, ekigambo 'Fuaad' (نُوَّدُ) tekitegeeza mutima kyokka, wabula kitegeeza obutegeevu oba ensibuko ya bwo. Soma: 14:38, 28:11, 53:12.

- 11. Era bagamba nti: Abaffe, bwe tulimala okubulira mu ttaka, abaffe, era *tulizuukizibwa* mu ntonda empya? Nedda, bo okusisinkana ne Mukama waabwe tebakukkiriza.
- 12. Gamba nti: Malayika w'okufa oyo eyabasigirwa ajja kubafiisa, n'oluvannyuma eri Mukama wammwe gye mulizzibwa.

Ruku 2

- 13. Era singa olaba awo nga aboonoonyi bakotese emitwe gyaabwe mu maaso ga Mukama waabwe *nga bagamba nti:* Mukama waffe, tulabye era tuwulidde, naye tuzzeeyo tukole ebikolwa ebirungi; mazima *kati* tukakasizza.
- 14. Era singa twayagala *kukaka*, mazima buli muntu twalimuwadde obulung'amu bwe, naye ekigambo kyamala okukakata okuva gyendi *nti:* Mazima ng'enda kujjuza Jahannamu okuva mu Majinni n'abantu bonna *abalijeema*.
- 15. *Tulibagamba nti*: Kale muloze *ku kibonerezo* olw'okwerabira kwammwe ensisinkano y'olunaku lwammwe luno. Naffe *bwe tutyo* tubeerabidde. Era muloze ku kibonerezo eky'obugenderevu olw'ebyo bye mwakolanga.
- 16. Mazima ddala abakkiriza be bo abeyala wansi nebavuunama awo nga Aya zaffe zibajjukizibbwa era nebatendereza n'amatendo ga Mukama waabwe era bo tebeekuza.
- 17. Embiriizi zaabwe zaawukana n'obuliri bwaabwe; nga balaajanira Mukama waabwe mu kutya n'essuubi era nga batoola ne mw'ebyo bye twabawa.
- 18. Kale tewali muntu yenna amanyi ebyo ebyabakisibwa mw'ebyo ebisanyusa amaaso, nga y'empeera olw'ebyo bye baakolanga.
- 19. Abaffe, oyo aba omukkiriza afaanana n'oyo aba omujeemu? Tebenkanankana.
- 20. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, kale balifuna ensuku

وَقَا لُوْاءَ إِذَا ضَلَلْنَا فِي الْأَرْضِ عَلِيًّا كَفِيْ خَلْقِ جَدِيْدٍ مُبَلْهُمْ بِلِقَائَ رَبِّهِمْ كُفِرُونَ ﴿

قُلْ يَتَوَفِّ كُمْ مِّلَكُ الْمَوْتِ الَّذِي ﴿ وُجِّلَ بِكُمْ ثُمَّرا لِى رَبِّكُمْ تُرْجَعُونَ ۞

وَ كَوْ تَزَى إِذِ الْمُجْرِمُوْنَ نَاكِسُوْا رُءُوْسِهِمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ ﴿رَبَّنَاۤ اَبْصَوْنَا وَ سَمِعْنَا فَارْجِعْ نَا نَعْمَلُ صَالِحًا إِنَّا مُوْتِنُوْنَ۞

فَذُوْ قُوْا بِمَا نَسِيْتُمْ لِقَاءَ يَوْمِكُمْ لِمَاءُ يَوْمِكُمْ لِمَاءُ يَوْمِكُمْ لِمَاءً اللهِ اللهُ اللهُ

رِتَّمَا يُوْمِنُ بِأَيْتِنَا الَّذِينَ رِذَا فُرُوْدَ مِنْ فِأَيْنَ الَّذِينَ رِذَا فُرِّرُوْدَ الْمُجَدُوا فُرِينَ مُؤْدَا مُحَدِّرُونَ اللَّهِ مِنْ مُكْرِدُونَ اللَّهِ مِنْ مُؤْدَنَ اللَّهِ مِنْ مُؤْدَنَ اللَّهُ مِنْ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنِ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنِ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنِ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَا لِلْمُؤْدَنِ اللْمُؤْدَنِ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدِنَا لَهُ مُؤْدِنَ اللَّهُ مُؤْدِنَا لَا اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَ اللَّهُ مُؤْدَنَا لِهُ مُؤْدِنَا لِمُؤْدَنِ اللَّهُ مُؤْدَنِ اللَّهُ مُؤْدَنَا لَا اللَّهُ مُؤْدَنَا لَا اللَّهُ مُؤْدَنَا لَالْمُؤْدُنِ اللَّهُ مُؤْدَنَا لَهُ مُؤْدَنَا لِمُؤْدُنِ مُؤْدَنَا لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لَا اللَّهُ مُؤْدُنَا لَالْمُؤْدُنِ لَالْمُؤْدُنِ لَا لَهُ مُؤْدُنَا لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لِلْمُؤْدُنِ لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُنِ لِلْمُؤْدُنِ لَا لَالْمُؤْدُ لِلْمُؤْدُنِ لِلْمُؤْدُ لِلْمُؤْدُونَ لَا لَالْمُؤْدُونُ لِلْمُودُ لِلْمُؤْدُ لِلْمُؤْدُونُ لِلْمُؤْدُ لِلْمُؤْدُونُ لِلْمُؤْدُ

تَتَجَا فَى جُنُوبُهُمْ عَنِ الْمَضَاجِمِ يَدْعُونَ رَبَّهُمْ خَوْفًا وَّطَمَعًا لَوَّ مِمَّاً رَزَقْنَهُمْ يُنْفِقُونَ

فَلَا تَعْلَمُ نَفْشُ قُأَ أَخْفِي لَهُمْ مِّنْ قُرَّةِ آغَيُّرٍ مَجَزَاغُ بِمَاكَانُوْ ايَعْمَلُوْ نَ۞

﴾ أَفَمَنْ كَانَ مُؤْمِنًا كُمَنْ كَانَ فَأَسِقًا مَا لَكُمَنْ كَانَ فَأَسِقًا مَا لَا يَسْتَؤُنَ ال

ٱلقّاالَّذِيْنَ أَمَنُوْاوَ عَمِلُواالصَّلِحْتِ

bwa olw'ebyo bye baakolanga.

- 21. Naye abo abaajeema, kale obutuulo bwabwe muliro. Buli lwe balyagalanga okugufulumamu, baliguzzibwangamu, era baligambibwa nti: Muloze ku kibonerezo ky'omuliro ekyo kye mwalimbisanga.
- 22. Era ddala tugenda kubaloza ne ku kibonerezo ekitono olubereberye lw'ekibonerezo makeke, balyooke beddemu.
- 23. Era ani mwonoonyi asinga kw'oyo ajjukizibwa Aya za Mukama we n'oluvannyuma n'azikuba amabega? Mazima ddala aboononyi tugenda kubabonereza.

Ruku 3

- 24. Era ddala Ffe twawa Mūsa Ekitabo okubuusabuusa tobaamu kusisinkana naye (Allah)— era twakifuula bulung'amu eri abaana ba Isirairi.
- 25. Era twassa mu bo abakulembeze nga balung'amya olw'okulagira kwaffe, olw'okubanga baali bagumiikiriza era baalinga bakakasa Aya zaffe.
- 26. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye baali batakkiriziganyaamu.
- 27. Abaffe, tekibalung'amya okulaba nti emirembe mingi gye twazikiriza olubereberye lwaabwe, nga n'agaali amaka gaabwe bo mwe batambulira? Ddala mw'ekyo mulimu okulabula. Abaffe, era tebaawulire?
- 28. Abaffe, tebalaba nga bwe tusindika amazzi netugatwala eri ensi eba ekaze netugamezesesa ebimera ebiriibwako ebisolo byabwe nabo bennyini? Abaffe, tebalaba?
- 29. Era bagamba nti: Ye obuwanguzi obwo bwa ddi, obanga mwogera mazima?

ez'amaka ag'olubeerera, nga kwe kusembeze- اَفُكُهُمْ جَنَّتُ الْمَاوِى رَبُولًا بِمَا كَانُوا يَعْمَلُوْنَ ٠٠

> وَآمَّا الَّذِينَ فَسَقُوا فَمَأُوْمِهُمُ النَّارُدِ كُلُّمَآ الْرَادُوٓ اللَّهِ يَخْرُجُوا مِنْهَآ أعِيدُوْا فِيْهَا وَ قِيلَ لَهُمْ ذُوْقُوْا عَذَابَ النَّارِ الَّذِيْ كُنْتُمْ بِهِ تُكِدِّ بُوْنَ

وَكُنُو يَقَنَّهُمْ مِّنَ الْعَذَابِ الْاَدْنَ دُوْنَ الْعَذَابِ الْإَكْبَرِلْعَلَّهُمْ يُرْجِعُونَ ﴿ وَ مَنْ اَظْلَمُ مِمَّن ذُكِّرَ بِالْيَتِ رَبِّهِ ثُمَّ أَعْرُضَ عَنْهَا ﴿ إِنَّا مِنَ الْمُجْرِمِيْنَ فِي مُنْتَقِمُونَ اللهُ

وَكَقَدْ اتَّهِنَا مُوْسَى الْجِتْبَ فَلَا تَكُنْ فِي مِرْيَةٍ مِّنْ لِقَائِهِ وَ جَعَلْنُهُ هُدًى لِبَينِي اسْرَاء يُكُنَّ

وَجَعَلْنَا مِنْهُمْ آئِمَّةً يَّهُدُونَ بِآمُرِنَا كمَّاصَبُرُوْاتِهُ وَكَانُوْابِ أَيْتِنَا يُوْقِنُوْنَ

راتً رَبُّكَ هُوَ يَقْصِلُ يَمْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيْمَةِ فِيْمَاكًا نُوْالِفِيْدِيَخْتَلِفُوْنَ آوَكُمْ يَهْدِ لَهُمْ كُمْ أَهْلَكُنَّا مِنْ قَبْلِهِمْ مِّنَ الْقُرُونِ يَمْشُونَ فِي مَسْكِينِهِمُ وَلَ فِي ذَٰلِكَ لَأَيْتِ وَأَفَلًا

أَوْلَهُ يَبِرُوْا أَنَّا نَسُوْ فُ الْمَاءَ إِلَى الْأَرْضِ الْجُرُزِ فَنُخْرِجُ بِهِ زَرْعًا تَأْكُلُ مِنْكُ المُعَامُهُمْ وَأَنْفُسُهُمْ وَأَنْفُسُهُمْ وَأَفُلُا يُبْصِرُونَ

€ ن عُحْمَسْمِ

وَ يَقُوْلُوْنَ مَنَّى هٰذَا الْفَتْحُ إِنْ كُنْتُمْ صد قين 30. Gamba nti: Ku lunaku lw'obuwanguzi, abo abeerema, okukkiriza kwabwe tekulibagasa era tebaliweebwa kaagaanya.

قُلْ يَوْمَ الْفَتْحِ كَا يَنْفَحُ الَّذِينَ كَفَرُوْالِيمَا نُهُمْ وَلَاهُمْ يُنْظَرُوْنَ۞

31. Kale ggwe baleke olinde, ddala nabo balinda.

فَاعْرِضْ عَنْهُمْ وَ اثْتَظِرْ إِنَّهُمْ يَّجُ مُّنْتَظِرُوْنَ شَ





AL-AḤZĀB

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Owange ggwe Nabbi, weekuumise Allah era togondera batakkiriza ne bannanfuusi. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.
- 3. Naye gwe goberera ebyo ebikubikkulirwa okuva eri Mukama wo. Mazima bye mukola, Allah abitegeera bulungi.
- ddala nga omulabirizi.
- 5. Allah takoleranga muntu mitima ebiri mu kifuba kye, era tafuulanga bakyala bammwe abo be muzira nga mubayita bannyammwe, okuba bannyammwe aba ddala. Era tafuulanga bakuzire bammwe okuba abaana bammwe bwooya. Ebyo bigambo bugambo bya mimwa gyammwe, naye Allah g'ayogera ge mazima, era Ye y'alung'amya mu kkubo ettuufu.
- 6. Abakuzire mubayitenga mannya ga bakitaabwe, obwo bwe bwenkanya obusinga mu maaso ga Allah. Naye bwe mubanga temumanyi bakitaabwe, olwo baba baganda bammwe mu ddiini era mikwano gyammwe. Naye temubaako kinenyo kw'ebyo bye musobya nga temugenderedde, okuggyako ebyo emitima gyammwe bye gikola mu bugenderevu. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.
- 7. Nabbi y'akulembezebwa eri abakkiriza okusinga ne ku bo bennyini, ne bakyala be baba bannyaabwe. Naye ab'olulyo be bakulembezebwanga mu nsonga ezikwata ku bokka na bokka nga bwe kiri mu Kitabo kya Allah, okusinga ne ku bakkiriza n'Abasenguse, okuggyako nga mukoze kisa busa eri mikwano gyammwe. *Era* ekyo kyawandiikibwa mu Kitabo *kino*.

بشوا لله الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () يَا يُهَا النَّبِيُّ اتَّقِ اللَّهُ وَلَا تُطِعِ الْكُفِرِيْنَ وَ الْمُنْفِقِيْنَ ﴿ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيْمًا حَكْثُمَّا اللهُ

وَّا تَنْبِعْ مَا يُوْخَى إلَيْكَ مِنْ رَبِّكُ وإِنَّ الله كان بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيْرًا الله

4. Era weesige Allah yekka, era Allah amalira وَتَوَكَّلُ عَلَى اللَّهِ وَكَفْي بِاللَّهِ وَكِيْرًا كُ

مَا جَعَلَ اللَّهُ لِرَجُهِلِ مِّن قَلْبَيْن فِيْ جَوْفِهِ * وَمَاجَعَلَ أَزْوَاجَكُمُ الْجِي تُظْهِرُونَ مِنْهُنَّ أُمَّهُ يَكُمْ وَمَا جَعَلَ آدْ عِيّاءَ كُمْ أَنْنَاءَكُمْ وَلِكُمْ قَوْلُكُمْ بِٱفْوَاهِكُمْ وَاللَّهُ يَقُولُ الْحَقُّ وَهُوَّ يَهْدِى السَّبِيْلَ

أَدْعُوْهُمْ لِأَبْآلِئِهِمْ هُوَ آقْسَطُ عِنْدَ اللَّهِ مَنَّانَ لَّهُ تَعْلَمُوْا الْبَاءَهُمْ فَإِخْوَانُكُمْ فِي الرِّيْنِ وَ مَوَالِيْكُمْ وَ كيس عَلَيْكُمْ جُنَاحُ فِيمَاۤ ٱخْطَاتُمْ بِهِ وَلٰكِنْ مَّا تَعَمَّدُتْ قُلُو بُكُوم وَكُانَ الله عَفْهُ رًا رَّحِيمًا ۞

ٱلنَّابِيُّ اوْلَى بِالْمُؤْمِنِيْنَ مِنْ ٱنْفُسِهِمْ وَٱزْوَاجُهُ أَمُّهُ تُنهُمُ وَأُولُوا الْأَرْجَامِ بَعْضُهُمْ آوْلَى بِبَعْضٍ فِيْ كِتْبِ اللهِ مِنَ الْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُهْجِرِيْنَ إِلَّا أَنْ تَفْعَلُوْ اللَّ أَوْلِيَعِكُمْ مُعَرُوْفًا ﴿ كَانَ لَا لَكُ فِي الْكِتْبِ مَسْطُوْرًا ۞

- 8. Era *jjukira* nga bwe twajja ku Babaka endagaano yaabwe, ne ku ggwe, ne ku Nūhu, ne Ibrāhimu, ne Mūsa, ne 'Isa mutabani wa Maryamu, era twabaggyako endagaano ennyweevu.
- 9. Allah alyooke abuuze ab'amazima ku mazima gaabwe. Era yategekera abeerema ekibonerezo ekirumya.
- 10. Abange mmwe abakkiriza, mujjukire ekisa kya Allah ku mmwe awo bwe mwajjirwa amagye. Kale twabasindikira embuyaga n'amagye ge mutaalaba. Era bye mukola Allah abiraba.
- 11. Awo bwe baabajjira okuva eky'engulu wammwe n'okuva eky'emmanga wammwe, n'awo amaaso we gaatabukira n'emitima ne gibeewanika negituuka mu mimiro era nemulowooza ku Allah mu ndowooza ezitali zimu.
- 12. Mu kiseera ekyo abakkiriza baagezesebwa, era nebakankanyizibwa olukankana kasiggu.
- 13. Era *ijukira* nga bannanfuusi n'abo abalina obulwadde mu mitima gyaabwe bwe baagamba nti: Allah ne Mutume we tebaatusuubiza wabula kubuzaabuza.
- 14. Era awo ekibiina ekimu mu bo bwe kyagamba nti: Abange mmwe ab'e Yathrib, temulina buyimiriro ku mulabe, n'olwekyo muddeyo buzzi. Olwo ekibiina mu bo kyasaba Mutume okuweebwa olukusa, nga bagamba nti: Mazima enju zaffe njereere, so nga tezaali njereere, wabula nga kye baagala kwe kudduka.
- 15. Era singa baayingirirwa *abalabe mu* kibuga kyabwe okuva buli ludda lwa kyo n'oluvannyuma nebasabibwa okwetaba mu mivuyo, ddala baalikikoze era n'amaka tebaaligabaddemu okuggyako akatono ennyo.
- 16. Songa ddala baali beeyamye eri Allah olubereberye nti tebalikyuusa migongo يُو كُونَ الْكَادَ عَالَى عَهْدُ اللَّهِ kudduka era obweyamo bwabwe eri Allah

وَ إِذْ آخَذْنَا مِنَ النَّبِينَ مِيْتَا قَهُمْ وَمِنْكَ وَمِنْ تُوْرِج وَّ إِبْرَاهِ يُمَرِّوا مُوْسَى وَ عِيْسَى ابْنِ مَرْيَمُ مُرْاحَدْنَا مِنْهُمْ مِّيْتَاقًا

لِيَسْكَلُ الصِّرِقِيْنَ عَنْ صِدْ قِهِمْ م عُ وَاَعَدُّ لِلْكُورِ مِنَ عَـذَ ابُا ٱلِيُمَّالُ

يَايُّهَا الَّذِينَ أَمَّنُوا اذْكُرُوْ انِعْمَةً اللهِ عَلَيْكُمْ إِذْ جَاءَتْكُمْ جُنُودُ فَأَرْسَلْنَا عَكَيْهِمْ دِيمًا وَجُنُودًا لَّهُ تَرَوْهَا وَ كَانَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ بَصِيْرًا ﴿

ا ذُجَاءُ وَكُمْ مِنْ فَوْقِكُمْ وَمِنْ آشْفَلُ مِنْكُمْ وَإِذْ زَاغَتِ الْأَبْصَارُ وَ بَلَغَتِ الْقُلُوْبُ الْكَنَاجِرَ وَ تَظُنُّونَ بِاللَّهِ الظُّنُونَا ۞

هُنَالِكَ ابْتُلِيَ الْمُؤْمِنُونَ وَ زُلْزِلُوْا ز لزاكا شديدان

وَإِذْ يَقُولُ الْمُنْفِقُونَ وَ الَّذِينَ فِي قُلُوْبِهِمْ مَّرَضٌ مَّا وَعَدَنَا اللهُ وَ رَسُوْلُهُ إِلَّا غُرُورًا اللهَ

وَ إِذْ قَالَتْ طَّائِفَةً يِتِنْهُمْ يَاهْلَ يَتْرِبَ لَا مُقَامَ لَكُمْ فَارْجِعُوا م وَ يَسْتَأْذِنُ فَرِيْقُ مِّنْهُمُ النَّبِيِّ يَقُوْلُوْنَ لْ اِنَّ بُسُوْتَنَا عَوْرَةٌ وْوَمَا هِيَّ بِعَوْرَةٍ ﴿ ران يُريدُونَ رِلَّا فِرَارًا

وكؤ دُخِكَتْ عَكَيْهِمْ رَقِّنْ ٱقْطَارِهَا ثُمَّ سُعِلُوا الْفِعْدَنَةَ لَا تَوْهَا وَمَا تَلَيَّنُّوْا به آرام کیس شران

وَكُفَّةً كَا نُوا عَالَمَهُ وا اللَّهَ مِنْ قَبِلُ لَا

bwa kubuuzibwa.

مَشِّوْلًا ١٠٠

17. Gamba nti: Okudduka tekujja kubagasa. Ne bwe munadduka okufa oba okuttibwa, era temujja kuganyulwa okuggyako akatono ennyo.

18. Gamba nti: Ani ayinza okubawonya Allah bw'aba nga abaagalizza akabi oba nga abaagalizza okusaasira? Era tebayinza kuzuulayo mukuumi wadde omuyambi omulala ebbali wa Allah.

- 19. Mazima Allah amanyi bulungi abo mu mmwe abalemesa *abantu okulwana* n'abo abagamba baganda baabwe nti: Mujje eno gye tuli *temulwana*; era tebagenda eri kulwana okuggyako akatono.
- 20. Babakwatirwa obuggya. Naye entiisa bw'etuuka, obalaba nga batunula gy'oli nga amaaso gaabwe gawulunguta nga ag'oyo azirika olw'okufa. Ate entiisa bw'eggwawo, nebabakyokkya n'ennimi zaabwe enjogi nga balulunkanira ebirungi *bye muwambye*. Abo tebakkirizanga. Ne Allah kye yava afaafaaganya ebikolwa byabwe. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.
- 21. Bakyalowooza nti amagye amagatte tegannagumbulukuka. Era singa amagye amagatte gaali ga kujja *nate*, baalyegombye nti singa baali mu Bawarabu b'omu ddungu, *babe* nga babuuza bubuuza ebifa ku mmwe. Era ne bwe baalibadde awamu nammwe, tebaalirwanye okuggyako akatono.

Ruku 3

- 22. Mazima mulina eky'okulabirako amakula mu Mubaka wa Allah eri oyo atya Allah n'olunaku lw'enkomerero era n'ajjukira nnyo Allah.
- 23. Era abakkiriza bwe baalaba amagye amagatte, baagamba nti: Kino kye twaasuubizibwa Allah ne Mutume we, era Allah ne Mutume we baayogera mazima. Era tekyabongera okuggyako okukkiriza

قُلْ لَّنْ يَتَنْفَعَكُمُ الْفِرَا رُلَانَ فَرَرْتُمْ رِّنَ الْمَوْتِ أَوِ الْقَتْلِ وَ لِذًا لَّا ثُمَتَكُونَ لِأَمَّا لَا ثُمَتَكَعُونَ لِكُمْ قَلِيلًا ﴿

قُلْ مَنْ ذَاالَّذِيْ يَعْصِمُكُمْ يِّنَاللَٰهِ إِنْ أَرَاكَ بِكُمْسُوْءًا أَوْارَادَ بِكُمْ رَحْمَةً ﴿ وَلَا يَجِدُونَ لَهُمْ رِّنْ دُوْنِ اللَّهِ وَلِيَّااةً لَا نَصِيْرًا ۞

قَدْ يَعْكُمُ اللّٰهُ الْمُعَوِّقِيْنَ مِنْكُمْ وَ الْقَالَئِلِيْنَ لِالْحُوانِهِمْ هَلُمَّ إِلَيْنَاءَ وَ لَا يَا ثُوْنَ الْبَاسَ إِلَّا قَلِيْلًا أَنْ

آشِحَةً عَلَيْكُمْ ﴿ فَإِذَا جَآءَ الْخَوْفُ

دَايْتُهُمْ يَنْظُرُ وَنَ لِيَكَ تَدُورُ آعَيُنُهُمْ

كَالَّذِي يُخْشَى عَلَيْهِ مِنَ الْمَوْتِ مِ فَإِذَا

كَالَّذِي يُخْشَى عَلَيْهِ مِنَ الْمَوْتِ مِ فَإِذَا

ذَهَبَ الْخَوْفُ سَلَقُو كُمْ بِالْسِنَةِ

حَدَادٍ الشِحَّةُ عَلَى الْفَيْرِ مِ الْوَلِيكَ لَمْ

يُوْمِنُوا فَأَكْمَ لَمَ اللّهُ الْمُعَمَّ لَهُمْ وَكَانَ

ذٰلِكَ عَلَى اللّهِ يَسِيْرًا ()

يَحْسَبُونَ الْآهَزَابَ لَمْ يَهْ هُبُوا مِ وَ إِنْ يَّاتِ الْآهَزَابُ يَوَدُّوْا لَوْ اَتَّهُمْ بَادُوْنَ فِي الْآعْرَابِ يَسْأَلُونَ عَنْ اَنْبَا رِحُمْ اوَ لَوْ كَأْنُوا فِيْكُمْ مَّا اَنْبَا رِحُمْ اوَ لَوْ كَأْنُوا فِيْكُمْ مَّا اَنْبَا رِحُمْ الْآهُ

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللهِ أَسُوةً حَسَنَةً لِمِّنَ كَانَ يَرْجُوا اللهَ وَ الْيَوْمَالْأَخِرَ وَذَكَرَاللهَ كَثِيرًا اللهَ وَ

وَكَمَّا رُا الْمُؤْمِنُونَ الْآحَزَابِ اقَالُوْا هٰذَامَا وَعَدَنَا اللَّهُ وَرَسُولُكُ وَصَدَقَ اللَّهُ وَرَسُولُكُ وَمَازَادَهُمْ وَالْآرِائِمَا نَا

وَّتَشلِيمُا شُ

n'okweweerayo ddala.

24. Mu bakkiriza mulimu abantu abaatuukiriza ebyo bye baasuubizako Allah. Ne mu bo mulimu abo abaatuukiriza obweyamo bwabwe, ne mu bo mulimu abalindiridde okutuukiriza obweyamo bwabwe era tebakyuusangako wadde akatono.

25. Ekyo kiri bwe kityo, Allah alyooke asasule ab'amazima olw'amazima gaabwe era abonereze bannanfuusi bw'aba ayagadde, oba abaddiremu. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

26. Era Allah yazzaayo abatakkiriza n'e-ssungu lyabwe nga tebafunyeyo kalungi konna. Era Allah yamalira abakkiriza n'abayamba mu kulwana. Era Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

27. Era y'eyaleeta abo abaayamba *bali abaava* mu bantu b'Ekitabo ne bava mu bigo byaabwe, era n'assa ensisi mu mitima gyabwe. Abamu ne mubatta, n'abalala ne mubawamba.

28. Era mmwe n'abasikiza ensi yaabwe n'amaka gaabwe, n'ebyobugagga bwabwe, n'ensi gye mwaali mutalinnyangako kigere. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

Ruku 4

29.Owange ggwe Nabbi, gamba bakyaala bo nti: Bwe muba nga mwagala bulamu bwa nsi n'amajolobera gaayo, kale mujje mbasibirire era mbasiibule okusiibula okulungi.

30. Naye bwe muba nga Allah ne Mutume we be mwagala n'amaka g'enkomerero, kale ddala Allah yategekera abakyaala abakozi b'ebirungi mu mmwe empeera ensuffu.

31. Abange mmwe bakyaala ba Nabbi, oyo yenna mu mmwe aba akoze ebyambyoone mu lwaatu, alyongerwa ekibonerezo enfunda bbiri. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

لَيْهُوْ كَا اللهُ السَّهُ ال

يَّا يُّهُا النَّبِيُّ قُلْ لِآزُوَاجِكَ اِنْ كُنْتُنَّ تُورِدُ النَّبِيُّ قُلْ لِآزُوَاجِكَ اِنْ كُنْتُمَّا تُردُن الْحَيْوة الدُّنْيَا وَ إِيْنَتَهَا فَتَعَالَيْنَ الْمَتِّحُكُنَّ وَ السَرِّحُكُنَّ سَرَاحًا لِمَعِيدًا ()
سَرَاحًا لِمَعِيدًا ()

وَ إِنْ كُنْتُنَّ تُرِدْنَ اللهَ وَ رَسُولَهُ وَ اللهَ اعْدَ اللهَ اللهَ اعْدَ اللهَ اللهُ الله

Juzu 22

32. Era oyo yenna mu mmwe agondera Allah ne Mutume we era n'akola ebikolwa ebirungi, tulimuwa empeera ye emirundi ebiri era twamutegekera okugabirwa okw'ekitiibwa.

33. Abange mmwe bakyala ba Nabbi, mmwe temuli nga omulala yenna mu bakazi bwe muba nga mutya Allah. N'olwekyo temwekejjebezanga nga mwogera, si kulwa ng'oyo alina obulwadde mu mutima gwe asikirizibwa; kale mwogerenga enjogera esaanidde.

34. Era mukkalirenga mu mayumba gammwe era temweyolesanga *eri abantu* mu nneeyolesa y'omu biseera by'obutamanya obw'edda era mujjumbirenga essaala era mutoole zaka era mugonderenga Allah ne Mutume we. Mazima Allah ky'ayagala kwe kubaggyako ebyesittaza, mmwe abantu b'omu nju, era abatukuze olutukuza.

35. Era mujjukirenga nnyo ebyo ebisomebwa mu nnyumba zammwe mu Aya za Allah n'ebyamagezi. Mazima Allah y'Amanyi eby'ekusifu, Amanyi buli kimu.

Ruku 5

36. Mazima abasajja abeewaayo *eri Allah* n'abakazi abeewaayo *eri Allah*, n'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi, n'abasajja abawulize n'abakazi abawulize, n'abasajia ab'amazima n'abakazi ab'amazima, n'abasajja abagumiikiriza n'abakazi abagumiikiriza, n'abasajja abeetoowaza n'abakazi abeetoowaza, n'abasajja abatoola saddaaka n'abakazi abatoola saddaaka, n'abasajja abasiiba n'abakazi abasiiba, n'abasajja abakuuma obweereere bwabwe n'abakazi abeekuuma, n'abasajja abatendereza Allah ennyo n'abakazi abatendereza, abo bonna Allah yabategekera okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.

37. Era tekisaanira mukkiriza omusajja wadde omukkiriza omukazi awo nga Allah ne Mutume we bamaze okuwa ensala ku nsonga yonna, nabo okuba n'okweroboza mu nsonga yaabwe *esaliddwawo*. Era oyo ajeemera Allah ne Mutume we, kale *oyo* aba abuze okubula okw'olwaatu.

َ وَمَن يَقْنُتُ مِنْكُنَّ مِتْلُودَ رَسُولِهِ وَ تَعْمَلُ صَالِحًا تُؤْتِهَا آجْرَهَا مَرَّتَيْنِ ال وَآعْتَذَنَالَهَارِزْقًا كَرِيْمًا ۞

ينِسَآءَ النَّبِيِّ لَسَتُنَّ كَاكَدِيِّنَ النِّسَآءَ النَّبِيِّ لَسَتُنَّ كَاكَدِيِّنَ النِّسَآءَ النَّوْلِ التَّقَيْدُ فَلَا تَخْضَعْنَ بِالْقَوْلِ فَيَطْمَعَ الَّذِيْ فِي قَلْبِهِ مَرَضٌ وَّقُلْنَ قَلْبِهِ مَرَضٌ وَّقُلْنَ قَوْلٍ قَوْلًا مَا مَرَضٌ وَقُلْنَ قَلْبِهِ مَرَضٌ وَقُلْنَ قَوْلًا مَا مَا مُنْ فَالَّ

وَ قَدْرَتَ فِي بُيُوتِكُ قَ وَ لَا تَبَرَّجُنَ تَبَرُّجَ الْجَاهِلِيَةِ الْأُولَى وَ اَقِمْنَ الصَّلُوةَ وَالْتِيْنَ الرَّكُوةَ وَاَطِعْنَ اللهُ وَرُسُولَكُ دَاتَكُمَا يُرِيدُ اللهُ لِيُذْهِبَ عَثْكُمُ الرِّجْسَ اَهْلَ الْبَيْتِ وَيُطَهِّرَكُمْ تَطْهِيْرًا شَهِ تَطْهِيْرًا شَهَ

وَاذْكُرْنَ مَا يُثَلَّى فِيْ بُيُوْتِكُنَّ مِنْ الْمِتِ اللهِ وَالْحِكْمَةِ ﴿ إِنَّ اللهَ كَانَ كَطِيْفًا غُ خَبِيْرًا۞

وَمَاكَانَ لِمُؤْمِنِ وَّلَا مُؤْمِنَةٍ إِذَا قَضَى اللهُ وَرَسُولُكَ لَهُمُ اللهُ وَرَسُولُكَ لَهُمُ اللهُ وَرَسُولُكَ لَهُمُ اللهُ وَالْجِيرَةُ مِنْ اَمْدِهِمْ وَمَنْ يَعْصِ اللهُ وَرَسُولَ مُعِينَاكُ اللهُ وَرَسُولَ مُعِينَاكُ اللهُ وَرَسُولَ مُعِينَاكُ اللهُ اللهُ مُعِينَاكُ اللهُ ا

(429)

38. Era jjukira nga bwe wagamba oyo Allah gwe yakolera ekisa era naawe n'omukolera ekisa nti: Nyweza obufumbo ne mukyala wo, era tya Allah. Era n'okisa mu mwoyo gwo ekyo kye wamanya ku mbeera y'obufumbo bwabwe Allah kye yali agenda okwoleka, n'otya okukibuulira abantu, so nga Allah yekka gw'oteekwa okutya. Kale oluvannyuma Zaidi bwe yakomya okwagala gy'ali n'amuwa Talaka, Ffe kwe kumukufumbiza, walyooke waleme kubaawo buzibu ku bakkiriza okuwasa abaali baka bakuzire baabwe, bwe baba nga bo bamaze okukomya okwagala gye bali. Era ekiragiro kya Allah kyali kiteekwa buteekwa okutuukirizibwa.

- 39. N'olwekyo Nabbi tayinza kubaako kinenyo kyonna kw'ebyo Allah by'aba akakasizza ku ye. Eyo y'enkola ya Allah eyaliwo ne mw'abo abaggwaawo olubereberye, era ekiragiro kya Allah liba tteeka eriba liteekwa okutuukirizibwa.
- 40. Era y'enkola ya Allah eri abo abatuusa obubaka bwa Allah, era ne batya Ye, ne batatya yenna okuggyako Allah. Era Allah amalira ddala nga omubalirizi.
- 41. Muhammad tabanga kitaawe wa yenna mu basajja bammwe, wabula Mubaka wa Allah era y'Empeta y'Abatume; era Allah y'amannyi obulungi buli kimu.

Ruku 6

- 42. Abange mmwe abakkiriza, mujjukirenga Allah okujjukira okungi;
- 43. Era mumutenderezenga enkya n'eggulo.
- 44. Ye y'Oyo abawa emikisa, ne ba malayika be, alyooke abajje mu kizikiza mudde eri obutangaavu, era wa kisa nnyo eri abakkiriza.
- 45.Ekiramuso kyabwe ku lunaku lwe balisisinkana naye kiriba: Mirembe. Era yabategekera empeera ey'ekitiibwa.
- 46. Owange ggwe Nabbi, mazima twakutuma obe mujulizi era obe muwi wa mawulire ag'essanyu era obe mulabuzi,

وَإِذْ تَقُوْلُ لِلَّذِيْ آنْعَمَ اللهُ عَلَيْهِ وَ آنْعَمْتَ عَلَيْهِ آمْسِكُ عَلَيْكَ زَوْجَكَ وَاتَّقِ اللهُ وَتُخْفِيْ فِيْ نَفْسِكَ مَااللهُ مُبْدِيْهُ وَتَخْشَى الثَّاسَ وَاللهُ آحَقُّ أَنْ تَخْشُمُ افْلَمَّا قَضَى زَيْهُ مِّنْهَا وَطَرًا زَوَّجُنْكُهَا لِكِيْ لَا يَكُونَ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ حَرَجٌ فِيْ أَوْقَ الْمُؤْمِنِيْنَ حَرَجٌ فِيْ اَوْقَ الْمُؤْمِنِيْنَ حَرَجٌ فِيْ اَوْقَامِ الْمُؤْمِنِيْنَ حَرَجٌ فِيْ اَوْمَامِ الْمُؤْمِنِيْنَ حَرَجٌ وَيَ اَوْمَامِ الْمُوْمَامِ اللهِ مَفْعُولًا اللهِ مَنْ اللهِ مَفْعُولًا اللهِ مَنْ اللهِ مَفْعُولًا اللهِ اللهِ مَنْ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللهِ اللهُ اللّهُ اللهُ الل

Juzu 22

مَا كَانَ عَلَى النَّهِيِّ مِنْ حَرَجٍ فِيمَا فَرَضَ اللَّهُ لَهُ مُسُنَّةً أَللَّهِ فِي الَّذِيْنَ تَحَلَوُا مِنْ قَبُلُ وَ كَانَ أَمْرُ اللهِ قَدَرًا مَّهُ هُوْرُالِيُّ

اِلَّذِینَ یُبَلِیْخُونَ رِسْلَتِ اللهِ وَ یَحْشَوْنَهُ وَ لَا یَحْشَوْنَ اَحَدًا اِلْکَا اللهُ اللهُ وَکَفْ بِاللهِ حَسِیْبًا ۞

مَا كَانَ مُحَمَّدُ أَبَآ آحَدٍ يَّنْ رِّجَالِكُمْ وَلْكِنْ رَّسُوْلَ اللّٰهِ وَخَا تَمَ النَّبِيتِّنَ ﴿ وَ عُ كَانَ اللّٰهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيْمًا ۞

يَاكَيُّهَا الَّذِينَ أَمَنُوااذَ كُوُوااللَّهَ ذِكْرًا كَتْنَيْرًاهُ

وَّ سَيِّحُوْهُ بُكُرَةً وَّ آصِيلًا

هُوَ الَّذِي يُصَلِّيْ عَلَيْكُمْ وَ مَلْئِكَتُهُ لِيُخْرِجَكُمْ مِّنَ الظُّلُمْتِ اِلَى النُّوْرِ ، وَكَانَ بِالْمُؤْمِنِيْنَ رَحِيْمًا ۞

تَحِيَّتُهُمْ يَوْمَ يَلْقَوْنَهُ سَلْمٌ شَ وَ آعَدَّلَهُمْ آجُرًّا كَرِيمًا۞

يٓٵۘؿ۠ۿٵ النَّجِيُّ إِنَّا ٱرْسَلْنٰكَ شَاهِدًا وَّ مُبَشِّرًا وَّ نَـٰذِيْرًانُ

- 47. Era obe akoowoolera *abantu* eri Allah olw'okulagira kwe era obe ttaala emulisa.
- 48. Era wa abakkiriza amawulire ag'essanyu nti balifuna okuva eri Allah emikisa emisuffu.
- 49. Era togonderanga batakkiriza ne bannanfuusi era tofa ku kujooga kwabwe, wabula weesige Allah. Era Allah nga omulabirizi amalira ddala.
- 50. Abange mmwe abakkiriza, bwe mugattibwanga n'abakazi abakkiriza n'oluvannyuma nemubatalaka *olw'ensonga*, nga temunnaba kubatuukako, kale olwo tekibeetaaza kubalirira '*Idda* gye mwalibaliridde *ku bo*. Naye mubawe ebikozesebwa era mubasiibule okusiibula okulungi.
- 51. Owange ggwe Nabbi, ddala twakukkiriza bakyala bo abo be wawa amahare gaabwe, n'abaawambibwa omukono gwo ogwa ddyo mw'abo Allah be yakuwa ng'amagoba g'olutalo, ne bawala ba kitaawo omuto, ne bawala ba bassenga bo, ne bawala ba bakojja bo, ne bawala ba bamaama bo abato abo abaasenguka naawe, n'omukazi omukkiriza bw'aba nga yeewaddeyo yekka eri Nabbi amuwase nga ne Nabbi asiimye okumuwasa. Kino kikwata ku ggwe wekka, abakkiriza tebaliiko. Twamala okumanyisa ebyo bye twabalagira ebikwata ku bakyala baabwe ne kw'abo abaawambibwa emikono gyabwe egya ddyo, walyooke waleme kubaawo buzibu bwonna ku ggwe *mu kukola* emirimu gyo. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 52. Oyinza okuleka okuwasa oyo gw'oba oyagadde mu bo, oba oyinza okusembeza gy'oli n'owasa oyo gw'oba oyagadde. Naye bw'oba nga oyagadde okuwasa yenna mw'abo be waleka, kale tewaba kinenyo ku ggwe. Ekyo ky'ekisinga okuba okumpi gye bali, olwo amaaso gaabwe galyooke gakkakkane era baleme kunakuwala era olwo bonna balyooke basanyukire n'ebyo by'obawa. Era Allah amanyi ebiri mu mitima gyammwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Alumirwa ennyo abaweereza be.

وَّ دَاعِیًا لِکَ اللهِ بِلِذْنِهِ وَ سِرَاجًا مُندُرًا

وَبَشِّرِ الْمُؤْمِنِيْنَ بِأَنَّ لَهُمْ رِّنَ اللهِ فَضْلًا كَبِيْرًا

وَلَا تُطِيمِ الْخُفِرِيْنَ وَ الْمُنْفِقِيْنَ وَ <َ عَ اَذْ سُهُمْ وَ تَوَكَّلُ عَلَى اللهِ * وَكَفَى بِاللهِ وَحِثْلُانَ

يَآيُهُا الَّذِيْنَ اَمَنُوْآ إِذَا نَكُمْتُمُ الْمُؤْمِنْتِ ثُمَّ طَلَّقْتُمُوْ هُنَّ مِنْ تَبَلِآنَ تَمَسُّوْهُنَّ فَمَا لَكُمْ عَلَيْهِنَّ مِنْ عِكَّةٍ تَحْتَدُّوْنَهَا مِ فَمَتِّحُوْ هُنَّ وَ سَرِّحُوْهُنَّ سَرَاهًا جَمِيْلًا

يَا يُهَاالنَّبِيُّ إِنَّآ اَهْلَلْنَا لَكَ ٱزْوَاجَكَ الْتِينَ اتَيْتَ أُجُوْرَهُنَّ وَمَا مَلَكَتْ يَمِيْنُكُ مِمَّا أَفَاءَ اللهُ عَلَيْكُ وَبَنْتِ عَمِّكَ وَبُنْتِ عَمِّيكَ وَبُنْتِ خَالِكَ وَ بَنْتِ لَمُلْتِكَ الَّتِيْ هَاجَرْنَ مَعَكَ ا وَامْرَاةً مُّؤْمِنَةً إِنْ وَّهَبَّت نَفْسَهَا لِلنَّبِيِّ إِنْ أَرَادَ النَّهِيُّ آنَ يَسْتَنْكِحَهَات خَالِصَّةً لَّكَ مِنْ دُوْنِ الْمُؤْمِنِيْنَ وَقَدْ عَلِمْنَا مَا فَرَضْنَا عَلَيْهِمْ فِيْ ٱزْرَاجِهِمْ وَ مَا مَلَكُتُ آيْمَا نُهُمْ لِكَيْلُو لِكَيْلُوْ فَ عَلَيْكَ حَرَجُ وَكَانَ اللَّهُ عَفُورًا رَّحِبُمًا تُرْجِيْ مَنْ تَشَاءُ مِنْهُنَّ وَتُنْوِيَ إِلَيْكَ مَنْ تَشَاءُو وَمِن ابْتَغَيْتَ مِمَّن عَزَلْتَ فَلَاجُنَاحَ عَلَيْكَ ﴿ ذَٰ لِكَ اَدْ فَي آنَ تَقَرُّ آعَيْنُهُنَّ وَلَا يَحْزَنَّ وَيَـرْضَيْنَ بِمَآ التَيْتَهُنَّ كُلُّهُنَّ وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا فِي قُلُوْبِكُمْ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيْمًا كَلِيْمًا ۞

53. Tokkirizibwa *kuwasa* bakazi balala ebbali *wa bano* wadde okubakyuusaamu abakazi *abalala*, obulungi bwabwe ne bwe bukusanyusa butya, okuggyako *oyo* awambiddwa omukono gwo ogwa ddyo. Era Allah ye Mulabirizi wa buli kimu.

Ruku 7

54. Abange mmwe abakkiriza, temuyingiranga mu nju za Nabbi okulyayo okuggyako nga muyitiddwa ku kijjulo, naye era nga temudda awo kukuumirira kiseera kya kyo. Naye bwe muyitibwanga, olwo muyingirenga; ate bwe mumalanga okulya, olwo musaasaanenga mangu ago; so si kudda awo kunyumirwa mboozi. Mazima ekyo kikaluubiriza Nabbi kyokka ye abakwatirwa ensoyi, naye Allah takwatibwa nsonyi ku mazima. Ate bwe mubanga musaba bakyala be ekintu kyonna, kale mubasabenga nga muli mabega wa lutimbe. Ekyo ky'ekisinga obulongoofu eri emyoyo gyammwe n'emyoyo gyabwe. Era temusaanidde kukaluubiriza Mubaka wa Allah, wadde okuwasa bakyala be oluvannyuma lwe ddi na ddi. Mazima ekyo eri Allah kibi kisukkirivu.

55. Bwe mwoleka ekintu oba bwe mukikisa, mazima Allah amanyi bulungi buli kimu.

56. Tewali kisobyo ku bo (abakyala) *okulaba* ku bakitaabwe, oba batabani baabwe, oba bannyinaabwe, oba batabani ba bannyinaabwe, oba batabani ba baganda baabwe, oba bakazi bannaabwe, wadde abawambe abali mu mikono gyabwe egya ddyo. Era (abakyala) mutye nnyo Allah. Mazima Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

57. Mazima Allah ne ba malayika be baagaliza Nabbi emikisa. Abange mmwe abakkiriza, *nammwe* mumusabire emikisa era mulamuse n'okulamusa okw'emirembe.

58. Mazima abo abanyiiza Allah ne Mutume we, Allah yabakolimira mu nsi ne ku nkomererero era yabategekera ekibonerezo ekiswaaza.

لَا يَحِلُ لَكَ النِّسَآءُ مِنْ بَعْدُ وَلَا آنَ تَبَدَّلَ بِهِنَّ مِنْ آزُوَاجٍ وَّ لَوْ آعْجَبَكَ حُشنُهُنَّ اللَّمَا مَلَكَتْ يَمِينُكَ ﴿ وَكَانَ غُ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ رَّقِيْبًا شَ

يَايُهُا الّذِينَ اَمَنُوا لَا تَدُخُلُوا بِيُوتَ النّبِيِّ اِلْآ آنَ يُّؤُذِنَ لَكُمْ إِلَى الْمُؤَدِنَ لَكُمْ إِذَا طَعِمْتُمْ فَادْخُلُوا فَإِذَا طَعِمْتُمْ فَانْتَشِرُوا وَلَا مُشْتَأْ نِسِيْنَ لِحَدِيثِ فَانْتَشِرُوا وَلَا مُشْتَأْ نِسِيْنَ لِحَدِيثِ فَانْتَشَكُم كَانَ يُؤْذِى النّبِيِّ فَيَعْتَمْ مِنَ الْحَقِّ مِنْ الْحَقِّ مِنَ الْحَقِّ مِنْ الْحَقِّ مِنْ الْحَقِّ مِنْ الْحَقِّ مِنْ الْحَقِّ مِنْ الْحَقِ مِنْ الْحَقِ مِنْ الْحَقِ مِنْ اللّهُ وَلَا اللّهِ وَلَا آنَ تَنْعِحُوا اللّهُ لَا لَكُمْ كَانَ لَكُمْ اللّهِ عَلَيْهُ اللّهِ عَلَيْهُ اللّهِ عَلَيْهُ اللّهِ عَلَيْهُ اللّهِ عَلْمُ اللّهِ عَلَيْهُ اللّهِ عَلْمُكُولُ اللّهِ عَلْمُكُولُ اللّهِ عَظْمُكُا وَ اللّهُ اللّهِ عَظْمُكُا وَ اللّهُ اللّهِ عَظْمُكُا وَ اللّهُ اللّهِ عَظْمُكُا وَ اللّهُ اللّهِ عَظْمُكُا وَاللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهِ عَظْمُكُا وَاللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُمُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ عَظْمُكُولُ اللّهُ عَظْمُكُولُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَظْمُكُمُ اللّهُ اللّهُ عَلْمُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلْمُ اللّهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلَيْهُ اللّهُ عَلْمُ اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللللّهُ ال

إِنْ تُبُدُ وَاشَيْعًا أَوْ تُخْفُوْهُ فَإِنَّ اللّهَ كَانَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيْمًا۞

لَا جُنَائِمٌ عَلَيْهِ قَ فَيْ ابْتَائِهِ قَ وَ لَا جُنَامُ وَ لَا جُنَاءُ وَ لَا جُنَاءِ وَلَا جُنَاءٍ وَلَا ابْتَائِهِ وَ وَلَا ابْتَاءُ وَلَا ابْتَاءُ الْحُوانِهِ قَ وَلَا الْحُوانِهِ قَ وَلَا الْحُوانِهِ قَ وَلَا الْحُوانِهِ قَ وَلَا اللّهَ عَلَى اللّهُ اللّه

اِنَّا اللَّهُ وَمَلْئِكَتَهُ يُصَلُّونَ عَلَى النَّرِيِّ الْمَا يُعَلَى النَّرِيِّ الْمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَ لَيَا يُتُوا صَلُوا عَلَيْهِ وَ سَلُوا صَلُوا عَلَيْهِ وَ سَلِّمُوا تَسْلِيمًا ﴿

اِتَ الَّذِينَ يُؤَذُونَ اللَّهَ وَرَسُولَ لَا لَعَنَهُمُ اللَّهُ فِي الدُّنْيَا وَالْأَخِرَةِ وَ اَعَدَّ لَهُمْ عَذَا بًا مُّهِينًا ۞

59. Era n'abo abalumya abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi nga babakonjera ebyo bye batakoze, mazima baba beetisse okuwaaviriza n'ekibi ekv'olwaatu.

Ruku 8

- آيَا يُنْهَا النَّبِيُّ قُلْ لِآ زُوَاجِكَ وَ بَنْتِكَ وَ مِنْتِكَ وَ مِنْتِكَ وَ مِنْتِكَ وَ 60. Owange ggwe Nabbi, gamba bakyala bo, ne bawala bo, n'abakyala b'abakkiriza bassenga eby'ebikkirirwa byaabwe ku byeenyi byabwe nga bamaze okwambala. Ekyo ky'ekisinga gye bali balyooke bamanyike, baleme kutawaanyizibwa. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 61. Singa bannanfuusi n'abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'ababungeesa eng'ambo mu kibuga tebeekomeko, mazima tujja kukulagira obakoleko; n'oluvannyuma tebajja kuba baliraanwa bo mu kyo, okuggyako akatono.
- 62. Era bakolimirwe. Buli wonna we balisangibwa, bakwatibwe battibwe olutta.
- 63. Eyo y'enkola ya Allah eyaliwo ne mw'abo abaggwaawo olubereberye, era tojja kusanga kukyuuka kwonna mu nkola va Allah.
- 64. Abantu bakubuuza ebifa ku Ssaawa eyalagaanyizibwa. Gamba nti: Mazima okumanya kwa yo kuli eri Allah yekka. Ye ggwe ki ekinaakumanyisa obanga Essaawa eri na kumpi?
- 65. Mazima Allah yakolimira abeerema era n'abategekera omuliro ogubumbujja,
- 66. Omwo mwe balibeera ddi na ddi. Tebalizuulayo mukuumi *mulala* wadde omuyambi.
- 67. Olunaku obwenyi bwabwe lwe bulikyuusibwakyuusibwa mu muliro, baligamba nti: Woowe! Singa twagondera Allah netugondera n'Omubaka!
- 68. Era baligamba nti: Mukama waffe, mazima ffe twagonderanga bakama baffe n'abakulu baffe, kale nebatubuza ku kkubo eggolokofu.

وَ الَّذِينَ يُسؤُذُونَ الْمُؤْمِنِينَ وَ الْمُؤْمِنْتِ بِغَيْرِ مَا احْتَسَبُوا فَقَدِ غ احْتَمَلُوا بُهْتَانًا وَراثَمًا مُّبِينًا ﴾

نِسَاءِ الْمُؤْمِنِيْنَ يُدُنِيْنَ عَلَيْهِيَّ مِنْ جَلَا بِيْبِهِنَّ ﴿ ذٰلِكَ آدُنْ آنَ يُغُرُّ فَنَ فَلَا يُؤْذَينَ ﴿ وَ كَانَ اللَّهُ غَفُورًا رِّحِثمًا ۞

كَبِّنْ لَكُمْ يَنْتَهِ الْمُنْفِقُونَ وَ الَّذِيْنَ فِي قُلُوْسِهُ مُ مَّرَضُ وَ الْمُرْجِفُونَ فِي الْمَدِينَةِ لَنُغْرِيَنَّكَ بِهِمْ شُمَّ لَا يُحَاوِرُونَكَ نِيْهَا وَلا تَلِيلاً أَلَّا تَلِيلًا أَنَّهُ

إِنَّ اللَّهُ وَيِنْكَ جُ آيْنَكَا ثُقِفُوٓا أَخِذُوا وَ قُتِّلُهُ ا تَقْتِيلُا ۞

سُنَّةَ اللهِ فِي الَّذِينَ خَلُوا مِنْ قَبْلُ مِ وَ ألَيُّ لَنْ تَجِدُ لِسُنَّةِ اللهِ تَبْدِيلًا

يَسْئَلُكَ النَّاسُ عَنِي السَّاعَةِ و قُلْ رِنَّمَا عِلْمُهَا عِنْدَ اللهِ وَ مَا يُدْرِيكَ لَعَلَّ السَّاعَةَ تَكُونُ قَرِيبًا ۞ إِنَّ اللَّهَ لَحَنَ الْكُفِرِيْنَ وَ آعَدَّ لَهُمْ

خْلِدِ يْنَ فِيْهَآآبَدَّاء لَا يَجِدُوْنَ وَلِيَّارَّ لَا نَصِيْرًا أَنَّ

يَوْمَ تُقَلَّبُ وُجُوْهُهُمْ فِي النَّارِ يَقُوْلُوْنَ لِلَيْتَنَا ٱطَعْنَا اللَّهَ وَ اَطَعْنَا الرَّسُوكَانَ

وَقَالُوا رَبُّنَا إِنَّا آطَعْنَا سَادَتُنَا وَ كُبُرُ آءِنا فَاضَلُونَا السِّبِيرُ (١٠)

69. Mukama waffe, bawe ekibonerezo kya mirundi ebiri, era obakolimire olukolima olunene.

Ruku 9

70. Abange mmwe abakkiriza, temuba ng'abo abaawaayiriza Mūsa, naye Allah n'amwejjeereza kw'ebyo bye baayogera. Era yali wa kitiibwa nnyo mu maaso ga Allah.

- يَا يُنُهَا الَّذِيْنَ أَمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَ 71. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era mwogerenga ekigambo ekyesimbu.
- 72. Allah ajja kubalongooseza ebikolwa byammwe era abasonyiwe ebyonoono byammwe. Era oyo agondera Allah ne Mutume we, kale aba amaze okuwangula oluwangula olusuffu.
- 73. Mazima twawa Ekisigirwa eri emigigi gy'eggulu, n'ensi, n'ensozi, naye nebigaana okukyetikka era nebikitya, naye omuntu n'akyetikka. Mazima ye yeerumya nnyo ate mu butebalirira yeekansa!
- 74. Ekyo kyakolebwa, Allah alyooke abonereze abannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi, n'abasajja abenkanya Allah n'ebirala n'abakazi abenkanya Allah n'ebirala, era Allah alyooke addiremu abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

رَبُّنَا اليهِمْ ضِعْفَيْنِ مِنَ الْعَذَابِ عُ وَالْعَنْهُمْ لَعْنًا كَبِيرًا أَنَّ

Juzu 22

يّاَيُّهَا الّذِينَ أَمَنُوا لَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ أَذَوَا مُوْسَى فَبَرَّا وَاللَّهُ مِمَّا قَالُوْا وَكَانَ عِنْدَا للهِ وَجِيْهًا اللهِ وَجِيْهًا

قُوْ لُوا قَوْلًا سَدِ يُدَّاكُ

تُصْلِحُ لَكُمْ اَعْمَا لَكُمْ وَيَغْفِرُ لَكُمْ ذُنُوْ بَكُمُورَ مَنْ يُطِعِ اللَّهَ وَرُسُوْ لَكَ فَقَدْ فَازَفَوْزًا عَظِيمًا

اناعة شناالأمانة على السَّمُوت لْنَهَا وَ ٱشْفَقْنَ مِنْهَا وَ حَمَلَهَا مُ إِنَّهُ كَانَ ظُلُهُ مَّا جَهُهُ لَاهُمُ عَلَى الثة الْمُؤْمِنْتِ د رَكَانَ الله

غ رَّحِيْمًا﴾







SABA'

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Amatendo gonna ga Allah, Oyo nannyini ebyo ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi era y'aliba n'amatendo ku Nkomerero; era ye Mugezi ennyo, Ategeera byonna.
- 3. Y'amanyi ebyo ebiyingira mu nsi n'ebiva mu yo, n'ebyo ebikka okuva mu ggulu n'ebyo ebirinnya mu lyo; era Ye ye w'Ekisa ennyo, Omusonyiyi ennyo.
- 4. Era abo abatakkiriza bagamba nti: Essaawa eyalagaanyizibwa kututuukako. Gamba nti: Si kyo. Amazima ga Mukama wange, ddala egenda kubatuukako, ng'ebatuusibwako Oyo Omumanyi w'ebyenkiso. Teri kantu konna kamwekwekako mu ggulu oba mu nsi akenkana ng'akakunkumuka oba akatono ennyo okukasingako wadde akanene ku ko, wabula kasangibwa mu Kitabo ekitangaaza.
- 5. Aligireeta alyooke asasule abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi. Abo be balifuna okusonyiyibwa n'okugabirwa okw'ekitiibwa.
- 6. Naye abo abasiitaana ku Aya zaffe *mbu* bazifufuggaze, abo be balifuna ekibonerezo ekirumya ng'ate kibi nnyo.
- 7. Era abo abaaweebwa okumanya balaba nti ddala ebyo ebyakubikkulirwa okuva eri Mukama wo ge mazima era by'ebirung'amya eri ekkubo lya Luwangula, Atenderezebwa.
- 8. Naye abo abatakkiriza bagamba nti: Abaffe, tubalage omuntu anaabategeeza nti nga mumaze okusensebukira ddala, mbu ddala nate mulizuukizibwa mu ntonda empya?

بِشهِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () ٱلْحَمْدُ يِنْهِ الَّذِي لَهُ مَا فِي السَّمَٰ إِنَّ وَ مَا فِي الْأَرْضِ وَلَهُ الْحَمْدُ فِي الْأَخِرَةِ وَ وَهُوَالْحَكِيْمُ الْخَبِيْرُ

يَعْلَمُ مَا يَلِمُ فِي الْأَرْضِ وَمَا يَخْرُمُ مِنْهَا وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَحْرُجُ فِيْهَا وَهُوَالرَّحِيْمُ الْغَفُورُ ٣

وَ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَأْتِينَا السَّاعَةُ وقُلْ بَلِي وَرَبِّنِ كَتَارْتِيَنَّكُمُ ا غلِمِ الْعَيْبِ مِ لَا يَعْزُبُ عَنْهُ مِثْقَالُ ذَرَّةٍ فِي السَّمَوٰتِ وَلَا فِي الْأَرْضِ وَ لَآ آضغرُون ذلك وَلا آعَبُرُ إلا فِي كِتْبِ

لِيَّجْزِيَ الَّذِينَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ وَأُولَئِكَ لَهُمْ مُّغْفِرَةً وَ رِزْقُ كَرِيمُ⊙

وَالَّذِيْنَ سَعَوْ فِيَّ أَيْتِنَا مُعْجِزِيْنَ أُولَيْكَ لَهُمْ عَذَابٌ مِّنْ رِّجْزِ ٱلِيُمُّنَ

وَ يَهُوى الَّذِيْنَ أُوْتُوا الْعِلْمَ الَّذِيَّ أُنْزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَّيِّكَ هُوَالْحَقَّ ، وَ يَهُدِ يَكُولُ صِرَاطِ الْعَزِيْزِ الْحَمِيْدِ

وَقَالَ الَّذِيْنَ كُفَرُوْا هَلْ نَدُلُّكُمْ عَلْ رَجُلِ يُنَبِّئُكُمْ إِذَا مُزِّقْتُمْ كُلُّ مُمَزُّقٍ، إِنَّكُمْ لَفِيْ خَلْقٍ جَدِيدٍ ﴿

- 9. Apaatiika ku Allah bya bulimba, nandiki agudde ddalu? Naye abo abatakkiriza nkomerero be bali ku kibonerezo n'okubula okw'ewala.
- 10. Abaffe, tebatunuluko eri ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe mu ggulu ne mu nsi? Bwe tuba nga twagadde, tubamizisa ensi oba tubasuulako ebibajjo okuva mu ggulu. Mazima mw'ekyo mulimu okulabula eri buli muntu omwenenyi.

Ruku 2

- 11. Era ddala twawa Dāūdi emikisa okuva gye tuli *netugamba nti:* Mmwe ensozi n'ennyonyi mutendereze wamu naye, era netumugondeza n'ekyuuma.
- 12. *Netumugamba nti:* Kola ekkooti empanvu ez'ekyuuma era okole n'empeta ez'ekigero era mukolenga ebikolwa ebirungi. Mazima bye mukola mbiraba.
- 13. Ne Sulaimāni twamugondeza empewo; ng'okufuumuuka kwa yo okw'oku makya kuweza olugendo olw'omwezi, n'okufuumuuka kwa yo okw'olweggulo kuweza olugendo olw'omwezi. Era twamutiiriisiza ensulo z'ekikomo ekisaanuufu. Ne mu Majinni nga mulimu agakolera wansi we olw'okulagira kwa Mukama we. Era twalagira nti: Yenna mu bo aliwuguka ku kiragiro kyaffe, tulimuloza ku kibonerezo ky'omuliro ogubumbujja.
- 14. Nga bamukolera buli ky'ayagala: ebifo eby'okusinzizaamu, n'ebifaananyi ebibumbe, n'ebbenseni ennene eziring'anga ebidiba, n'agatamu agaanywerezebwa mu bifo bya go. *Netugamba nti*: Abange mmwe ab'omu nju ya Dāūdi, mukole nga bwe mwebaza. Naye batono nnyo mu baweereza bange abeebaza.
- 15. Awo *Sulaimāni* bwe twasalawo okumufiisa, tewali kyabamanyisa kufa kwe okuggyako ekiwuka* ky'omu ttaka ekyalya

آفْتَرٰى عَلَى اللهِ كَذِبًا آهْ بِهِ جِنَّةُ اللهُ اللهُ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ عَلَ بَلِ اللهُ زِيْنَ لَهُ يُؤْمِنُوْنَ بِالْأَخِرَةِ فِي الْعَذَابِ وَالضَّلْلِ الْبَعِيْدِ ()

آفَكَمْ يَرَوْا إِلَى مَا بَيْنَ آيْدِيْهِمْ وَ مَاخَلْفَهُمْ مِّنَ السَّمَاءِ وَالْآرْضِ ﴿ إِنْ نَشَا نَحْسِفْ بِهِمُ الْآرْضَ آوْ نُشقِطْ عَلَيْهِمْ كِسَفًا مِّنَ السَّمَاءِ ﴿ إِنَّ فِيْ عَلَيْهِمْ كِسَفًا مِّنَ السَّمَاءِ ﴿ إِنَّ فِيْ غُ ذَٰلِكَ لَا يَدًّ لِكُلِّ عَبْدٍ مُّنِيْبٍ ﴾

وَلَقَدْ اتَدِينَا دَاؤَدَ مِنَّا فَضْلًا الْحِبَالُ آوِینَ مَعَهُ وَ الطَّیْرَ مِ وَ اَلْتَا کَهُ الْحَدِیْدُسُّ

آنِ اعْمَلْ سَيِغْتِ وَّ قَدِّرْ فِي الشَّرْدِ وَ اعْمَلُوْا صَالِحًا ﴿ اِنِّيْ بِمَا تَعْمَلُوْنَ بَصِيْرُ

وَلِسُلَيْمُنَ الرِّيْحَ غُدُوُّ هَا شَهْرٌ وَ رَوَا هُهَا شَهْرُ ، وَ اَسَلْنَا لَهُ عَيْنَ الْقِطْرِدُ وَمِنَ الْحِقِ مَنْ يَعْمَلُ بَيْنَ يَدَيْدِ بِإِذْنِ رَبِّهِ ، وَ مَنْ يَيْزِغْ مِنْهُمْ عَنْ آمْرِنَا نُنِوْقُهُ مِنْ عَذَابِ السِّعِيْرِسَ

يَعْمَلُوْنَ لَكَ مَا يَشَاءُ مِنْ مَّحَارِيْبَ وَ
تَمَا ثِيْلُ وَ جِفَانٍ كَالْجَوَابِ وَ قُدُوْدٍ
ثَمَا ثِيدًا وَ عَمَلُوّا ال كَاوُدَ شُكْرًا وُ
وَقَلِيدٌ لِ عَمَلُوّا ال كَاوُدَ شُكْرًا وَ
وَقَلِيدٌ لُ مِّنْ عِبَادٍ يَ الشَّكُورُ (ال

فَلَمَّا قَضَيْناً عَلَيْهِ الْمَوْتَ مَا كَلَّهُمْ عَلَى مَوْتِهَ الْآ كَابَّةُ الْآرْضِ تَا كُلُ

^{34:15} Ekigamboʻdaabbah'(عَرِيَّ) kitegeeza buli kiramu. N'olwekyo kireme kutwalibwa nti amakulu ge tukiggyeemu nti kitegeeza 'ekiwuka kyoomu ttaka', ge gokka ag'ekigambo ekyo. Wano ayogerwako nga ekiwuka kyoomu ttaka ye mutabani wa Sulaimāni(a.s) eyayitibwanga Reheboam eyamusikira. Eky'omukisa omubi, ye teyayoleka bitone bya butuukirivu n'obufuzi

omuggo ggwe. Kale bwe yagwa, nekimanyika eri Amajinni nti ddala singa baali bamanyi eby'enkiso, tebaalibadde mu kibonerezo ekiswaaza.

16. Mazima Abasabiyi baalina akabonero akaali mu maka gaabwe: *waaliwo* ensuku bbiri *olumu* nga luli ku ddyo *n'olulala ku* kkono. *Netugamba nti:* Mulye ku bigabulwa bya Mukama wammwe era mumwebaze. Ettaka eddungi, ne Mukama Omusonyiyi ennyo!

17. Naye baakubayo mabega, kale netubaweereza amataba ag'akabi *okuva mu bbibiro eryabotoka*. Netubakyuusiza mu nsuku zaabwe ensuku endala bbiri ezirina ebibala ebikambagga *n'emiti gya* Athli n'egimu ku miti gya Sidiri emitonotono.

18. Ebyo twabibasasula lwa buteebaza; naye nga tetusasula *bwe tutyo*, okuggyako abateebaza.

19. Era twateeka wakati waabwe ne wakati w'ebibuga ebyo bye twassaamu omukisa, ebibuga *ebirala* ebirabikira ddala era netugereka ebiwummulo mu byo. *Netugamba nti:* Mutambule mirembe mu byo ekiro n'emisana.

20. Naye baagamba nti: Mukama waffe, wanvuya ebiwummulo ebiri wakati w'eng'endo zaffe, bwe batyo nebeeryazaamaanya bokka; olwo netubafuula ngero era netubasensebula olusensebula. Ddala mw'ekyo mulimu obubonero eri buli mugumiikiriza, omwebazi.

21. Era ddala Ibilisi yakisanga nti endowooza ye yali ntuufu ku bo, kale baamugoberera, okuggyako ekibiina ky'abamu mu bakkiriza *abatuufu*.

22. So teyalina buyinza bwonna ku bo, wabula *twayagala* kumanyisa oyo akkiriza enkomerero okuva kw'abo abagibuusabuusamu. Era Mukama wo ye Mulabirizi ku buli kimu.

مِنْسَاتَهُ مَفَلَمَّا خَرَّ تَبَيَّنَتِ الْجِنُّ آنْ لَّوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ الْغَيْبَ مَا كَيِثُوافِ الْعَذَابِ الْمُهِيْنِ أَنْ كَيْثُوافِ الْعَذَابِ الْمُهِيْنِ أَنْ

لَقَدُ كَأَنَ لِسَبَإِ فِي مَسْكَنِهِمَ أَيَةً مَ كَنَهُمَ لَيَةً مَ كَنَهُمَ لَيَةً مَ كَنَّانِ مَنْ يَمِينُونِ وَ شِمَالٍ اللهُ كُلُوا مِنْ لِرَبِّكُمْ وَاشْكُرُوا لَكَ لَهُ لَا بَلْدَةً لَمَا لَهُ لَا بَلْدَةً لَا مِلْدَةً طَيِّبَةً وَرَبُّ غَفُورُ ﴿

فَاعْرَضُوا فَارْسَلْنَا عَلَيْهِمْ سَيْلَ الْعَرِمِ وَ بَكَالُهُمْ بِجَنَّتَيْهِمْ جَنَّتَيْنِ الْعَرِمِ وَ بَكَالُهُمْ بِجَنَّتَيْهِمْ جَنَّتَيْنِ خَوَاتَيْ الْحُلِ خَمْطٍ وَ آثْلٍ وَ شَيْءً مِّنْ اللهِ عَلَيْهُ مِنْ اللهِ عَلَيْهُ مِنْ اللهِ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ اللهِ اللهُ الل

ذٰلِكَ جَزَيْنُهُمْ بِمَا كَفَرُوْا ، وَ هَلُ نُجْزِيْ اللهِ الْكَفُوْرَ ()

وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمْ وَ بَيْنَ الْقُرَى الَّتِيْ بْرَكْنَا فِيْهَا قُرَّى ظَاهِرَةٌ وَ قَدَّرْنَا فِيْهَا السَّيْرَ لِسِيْرُوْا فِيْهَا لَيَالِيَ وَ آيًا مَّا أَمِنِيْنَ۞

فَقَالُوْا رَبَّنَا بَعِدْ بَيْنَ اَشْفَارِنَا وَ طَلَمُوْا اَنْفُسَهُمْ فَجَعَلْنٰهُمْ اَحَادِيثَ طَلَمُوْا اَنْفُسَهُمْ فَجَعَلْنٰهُمْ اَحَادِيثَ وَمَزَّقْنٰهُمْ حُلِّ مُمَزَّقٍ وَاِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَا يُعِنِّ صَبَّارِ شَكُوْدٍ ﴿

وَ لَقَدُ صَدَّقَ عَلَيْهِمْ اِبْلِيْسُ ظَنَّكَ فَا لَيْكِهُمْ اِبْلِيْسُ ظَنَّكَ فَا لَيْمُوهُمْ الْمُؤْمِنِيْنَ فَا تَكَانَ لَكَ عَلَيْهِمْ رِّنْ الْمُؤْمِنِيْنَ الْأَخِرَةِ مِثْنَ هُوَ لِلَّا مِنْهَا فِي شَلِقٍ وَ رَبُّكَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ مِنْهَا فِي مِنْهَا فِي شَلِقٍ وَ رَبُّكَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ مِنْهَا مِنْهُمْ اللَّهُ مِنْهُمْ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ مِنْهُمْ اللَّهُ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُعْمِي الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُؤْمِ الْمُنْ الْمُنْ الْمُنْ الْمُؤْمِ الْمُؤْمِ الْمُؤْمِ الْمُنْ

obulungi ebyali mu kitaawe. Mu bufuzi bwa Reheboam, bakakensa abaakolanga emirimu egitali gimu ku mulembe gwa Sulaimāni(a.s) (wano abayitiddwa 'jinni'), oluvannyuma lw'okulaba obunafu bw'omusika, baamanya nti ddala obwakabaka bwa Sulaimāni(a.s) bwali bugudde, kyebaava bamulwanyisa ne bakutulakutula mu bwakabaka obwo.

Ruku 3

- 23. Gamba nti: Kale mulaajanire abo be mubala *nti bakatonda* ebbali wa Allah. Tebalina buyinza wadde *obwenkana* obuzito bw'akakunkumuka akali mu ggulu wadde mu nsi, era byombi tebabirinamu mugabo; era *Allah* tabanga na muyambi yenna mu bo.
- 24. Era okuwolereza tekugasa gy'ali, okuggyako eri oyo gw'aba akkirizza, okutuusa awo nga emyoyo gyabwe giggyiddwamu ensisi, *aboogezi* bagambe nti: Mukama wammwe yagamba ki? Baliddamu nti: Yayogera mazima. Era ye Mugulumivu ennyo, Omukulu ennyo.
- 25. Gamba nti: Ani abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Gamba nti: Allah. Naye ddala ku ffe oba ku mmwe kuliko ali ku bulung'amu oba ku bubuze obw'olwaatu.
- 26. Gamba nti: Mmwe temulibuuzibwa ku bibi bye twakola, naffe tetulibuuzibwa kw'ebyo bye mukola.
- 27.Gamba nti: Mukama waffe alitukung'aanya wamu, n'oluvannyuma aliramula wakati waffe mu mazima. Era Ye ye Ssabalamuzi, Omumanyi wa byonna.
- 28.Gamba nti: Mundage abo be mwamupaatiikako nga mubenkanyankanya naye. Nedda, wabula Ye Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 29. Era tetwakutuma wabula lwa kuba muwi wa mawulire ag'essanyu era omulabuzi eri abantu bonna, naye abasinga obungi mubantu tebamanyi.
- 30. Era bagamba nti: Ye ekisuubizo kino kya ddi, obanga mwogera mazima?
- 31. Gamba nti: Mulina ekisuubizo ky'olunaku lwe mutayinza kwerwisalwisaako kaseera wadde temuyinza kuluyitako.

Ruku 4 32. Era abatakkiriza bagamba nti: Tetujja kukkiriza Kur'ani wadde eno ebyo olaba ebyagikulembera. Naye singa aboononyi awo nga bayimirizibbwa mu maaso ga Mukama waabwe nga bokka na bokka, abo balumagana abaatwalibwanga nti banafu baligamba abo

قُلِ ادْعُواالَّذِينَ زَعَمْتُمْ مِّنْ دُوْنِ اللَّهِ مَلَ يَمْلِكُونَ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ فِي السَّمُوْتِ وَلَا فِالْاَرْضِ وَمَا لَهُمْ فِيْهِمَا مِنْ شِرْكِ وَ مَا لَهُ مِنْهُمْ مِّنْ ظَهِيْرِ ﴿ مِنْ شِرْكِ وَ مَا لَكُومِنُهُمْ مِّنْ ظَهِيْرٍ ﴿ وَكَ تَنْفَعُ الشَّفَاعَةُ عِنْدُهُ لَا لِلَّا لِمَنْ اَذِنَ لَهُ مَتَى اِذَا فُرِ عَمَى قُلُوبِهِمْ قَالُوا مَا ذَا الْكَيْدُونِ

قُلْ مَنْ يَكُوزُ قُكُمُ مِّنَ السَّمْوٰ بِوَ الْأَرْضِ الْمُعْلَى مُدَّى اَوْفِيْ فَلِ اللَّهُ الْمُؤْفِقُ اللهُ اللهُ

قُلُ لَا تُشْعَلُونَ عَمَّا آجُرَمْنَا وَ لَا نُشْعَلُ عَمَّا آجُرَمْنَا وَ لَا نُشْعَلُ عَمَّا الْجُرَمْنَا وَ لَا نُشْعَلُ عَمَّا الْجُمَلُونَ ۞

قُلْ يَجْمَعُ بَيْنَنَا رَبُّنَا ثُمَّ يَفْتَحُ بَيْنَنَا بِالْحَقِّ وَهُوَالْفَتَّاحُ الْعَلِيمُ۞

قُلْ آرُونِي الَّذِينَ آلْكَقْتُمْ بِهِ شُرَكَاءَ كَلَّاء بَلْ هُوَ اللَّهُ الْعَزِيْزُ الْكَكِيمُ

وَمَاۤ اَرْسَلْنٰكَ اِلَّا كَافَّةٌ لِلنَّاسِ بَشِيْرًا وَّ نَزِيرًا وَلَكِنَّ اَكُثُرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُوْنَ۞

وَ يَقُوْلُوْنَ مَتْى لَهٰذَا الْوَعْدُ اِنْ كُنْـتُمْ صُوِقِـيْنَ⊙

قُلْ لَّكُمْ مِيْعَادُ يَوْمٍ لَّا تَسْتَأْخِرُوْنَ ﴿ إِنَّا عَنْدُ سَاعَةً كَا لَا تَسْتَقْرِ مُوْنَ ﴿

وَقَالَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَنْ نُّؤْمِنَ مِهٰذَا الْقُرْاٰنِ وَكَابِا لَّذِيْ بَيْنَ يَدَيْدِهِ وَ لَوْ تَزْكَى لِذِ الظِّلِمُوْنَ مَوْقُوْ فُوْنَ عِنْدَ رَبِهِمْ ﴿ يَرْجِعُ بَعْضُهُمْ لِلْ عِنْدَ رَبِهِمْ ﴿ يَرْجِعُ بَعْضُهُمْ لِلْ بَعْضِ إِلْقَوْلَ مِ يَقُوْلُ النَّذِيْنَ abeekuzanga nti: Singa temwali mmwe, mazima twalibadde bakkiriza.

- 33. Abo abeekuzanga baligamba abo abaatwalibwanga nti banafu nti: Abaffe, ddala ffe twabaziyiza eri obulung'amu oluvannyuma nga bubatuuseko? *Nedda*, wabula mmwe bennyini mwali boonoonyi.
- 34. Era abo abaatwalibwanga nti banafu baligamba abo abeekuzanga nti: Nedda, twabuzibwa na kwekoba kwammwe okw'ekiro n'emisana nga mutupikiriza tugaane Allah era tumuteekerewo n'abavuganya naye. Era baligezaako okukweka okwejjusa awo nga balabye ekibonerezo. Era tulissa enjegere mu bulago bw'abo abatakkiriza. Era tebalisasulwa okuggyako olw'ebyo bye baakoola.
- 35. Era tetutumanga mu kibuga Mulabuzi yenna wabula bannaggagga baamu baagamba nti: Ddala bye mutumiddwa nabyo ffe tubigaanyi.
- 36. Era baagamba nti: Ffe tusinza eby'obuggagga ebingi n'abaana, era tetuli ba kubonerezebwa.
- 37. Gamba nti: Mazima Mukama wange agaziyiza ebigabibwa eri oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza. Naye era abasinga obungi mu bantu tebamanyi.

Ruku 5

- 38. Era eby'obugagga bwammwe wadde abaana bammwe si by'ebiribasembeza okumpi naffe *mu madaala*, okuggyako oyo alikkiriza era n'akola ebikolwa ebirungi; kale abo be balifuna empeera ey'emirundi ebiri olw'ebyo bye baakolanga era be baliba mu magoloofa nga bali ntende.
- 39. Naye abo abeefubiriranga okufufuggaza Aya zaffe, abo be balireetebwa eri ekibonerezo.

استُضعِفُوا لِلَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا لَوْ آَ

قَالَ الَّذِينَ اَسْتَكُبَرُوْا لِلَّذِينَ اسْتُضْعِفُوْا آنَحْنُ صَدَدُ لٰكُمْ عَنِ الْهُدَى بَعْدَ إِذْ جَاءَكُمْ بَلْ كُنْتُمْ مُجْرِمِيْنَ

وَ قَالَ الَّذِينَ اشتُضْعِفُوا لِلَّذِينَ اسْتَضْعِفُوا لِلَّذِينَ اسْتَضْعِفُوا لِلَّذِينَ اسْتَكُمُ الَّيْل وَ النَّهَادِ لَا تَامُرُوا بَلْ مَكُرُ الَّيْل وَ النَّهَادِ وَ نَامُرُوا نَنْكَ لَكُ آنُوا الْعَذَابِ السُّرُوا النَّذَا الْكَذَابِ وَ اسْتُوا النَّذَابِ وَ اسْتُرُوا النَّذَابِ الْكَذَابِ الْكَذَابُوا اللّهُ اللّهُل

تَمَا اَرُسَلْنَا فِنْ قَرْيَةٍ قِنْ نَّذِيرٍ راكم قَالَ مُثَرَّدُوْهَا ﴿ رَبَّا بِمَا اُرْسِلْتُمْ بِهِ كُفِرُوْنَ۞

وَقَالُوْا نَحْنُ آكُثُرُ آهُوَالًا وَ آوَلَادًا اللهِ وَ اَوْلَادًا اللهِ وَاللهُ اللهِ اللهِ اللهِ اللهِ الله

قُلْ إِنَّ رَبِّيْ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَقُورُ وَلْكِنَّ ٱكُثْرَ الثَّاسِ غُ لَا يَعْلَمُوْنَ۞

وَ مَا اَمُوَالُكُمْ وَ لَا اَوْلَادُكُمْ بِالَّتِيْ الْمَوَالُكُمْ وَلَا اَوْلَادُكُمْ بِالَّتِيْ الْمُنَّ امْنَ الْمَنْ امْنَ الْمُنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمِنْ الْمُنْ الْمُنْ

وَ الَّـزِيْنَ يَشِعَوْنَ فِيْ الْيَتِنَا مُعْجِزِيْنَ أُولِيْكَ فِي الْعَذَابِ مُحْضَرُوْنَ۞ 40. Gamba nti: Mukama wange agaziyiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde mu baweereza be era y'abimukendeereza. Era ekintu kyonna kye mutoola, kale akizzaawo; era Ye y'Asinga abagabi bonna.

41. Era *jjukira* olunaku lw'alibakung'aanya bonna n'oluvannyuma aligamba ba malayika nti: Abaffe, bano ddala mmwe be baasinzanga?

42. Baliddamu nti: Obutuukirivu bubwo! Ggwe Mutaasa waffe ku bo. Nedda, baasinzanga Majinni *era* abasinga obungi mu bo, go ge bakkiririzangamu.

43. Baligambibwa nti: Kale nno olwa leero temulina buyinza kugasagana wadde okulumyagana. Era tuligamba abo abaayonoona nti: Mulege ku kibonerezo ky'omuliro ekyo kye mwalimbisanga.

44. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, bagamba nti: Ono si mulala wabula ye muntu ayagala okubaziyiza kw'ebyo bakitammwe bye baasinzanga. Era bagamba nti: Kino si kirala naye bwe bulimba obujingirire. Era abo abatakkiriza boogera ku mazima nga gabatuuseeko nti: Kino si kirala wabula kwe kubuzaabuza okw'olwaatu.

45. Naye tetubawangako bitabo *nti* bye baasomamu era tetutumanga gye bali Mulabuzi yenna olubereberye lwo *nti* y'eyabagamba bino.

46. Era n'abo abaabasooka baalimbisa obubaka — na bano abatannatuusa na kimu kya kumi eky'ebyo bye twaawa bali, nabo era balimbisizza Ababaka bange. Naye ekibonerezo ky'okung'aana kyaali kitya?

Ruku 6

47. Gamba nti: Nze mbabuulirira ekintu kimu: Muyimirirenga ku lwa Allah babiri babiri, n'omu omu, n'oluvannyuma

قُلُ إِنَّ رَبِّي يَبَهُ سُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَ يَقْدِرُ لَكَ ﴿ وَ مَا الْفَافِرُ لَكَ ﴿ وَ مَا الْفَافِقُهُ مَا الْفَافِرُ لَكَ اللَّهُ لَا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ الْمُعْلَمُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ اللَّهُ الْمُنْ الْ

وَيَوْمَ يَحْشُرُ هُمْ جَمِيْعًا ثُمَّ يَقُوْلُ لِلْمَلَٰءِكَةِ الْهُوُلِ لِيَّاكُمْ كَانُوْا يَعْبُدُوْنَ ۞

قَالُوْا سُبَحْنَكَ آنْتَ وَلِيُّنَا مِنْ دُوْنِهِهُ مِبُلُ كَانُوْا يَعْبُدُوْنَ الْجِنَّ مِ آكْنَزُكُهُمْ بِهِمْ مُّؤْمِنُوْنَ۞

فَالْيَوْمَ لَا يَمْلِكُ بَعْضُكُمْ لِبَعْضِ فَالْيَوْمَ لَا يَمْضُكُمْ لِبَعْضِ نَفْعًا وَكَا ضَرَّاء وَ نَقُولُ لِللَّذِيْتَ مُطَلَّمُوا ذُوْتُواعَذَابَ النَّارِ الَّرِيْكُنْتُمْ مِلْكَا تُكَذِّبُونَ ﴿ لِللَّا لِللَّا النَّارِ الَّرِيْكُنْتُمُ لِللَّهِ النَّارِ الَّرِيْكُنْتُمُ لِللَّا النَّارِ الَّرِيْكُنْتُمُ لِيَعْمَ اللَّا النَّارِ اللَّرِيْكُنْتُمُ لِيَعْمَ اللَّهُ اللَّمُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ الللْمُلْمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللْمُلْعُلِي الْمُلْعُلُولُولُولُولُ اللْمُلْمُ اللَّهُ الْمُلْعُلُولُ اللْمُلْمُ اللَّالِي الْم

وَإِذَا تُثَنَّىٰ عَلَيْهِمْ الْنُنَا بَيِّنْتِ قَالُوْا مَا هُذَّا اللهُ لَكُمْ يُوعِدُ آنَ يَضُدَّكُمْ مَا هُذَّا اللهُ كُمْ الْكَانُ يَصُدُّكُمْ الْكَانُ يَعْبُدُ الْبَازُخُكُمْ وَقَالُوا مَا هُذَّا اللهُ اللهُ كُمْ وَقَالُوا مَا هُذَّا اللهُ اللهُ

وَمَآ التَيْنَهُمْ مِّنْ كُتُبٍ يَدْرُسُونَهَا وَمَآ ارْسَلْنَآ الكَيْهِمْ تَبْلَكَ مِنْ تَذِيرِهُ

وَكَذَّبَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَ مَا بَلَخُوْا مِحْشَارَ مَاَاتَيْنَهُمُ فَكَذَّ بُوْا ﴾ دُسُرِيْ سَ فَكَيْفَ كَانَ نَكِيْرِهُ

قُلُ لِأَنْمَا آعِظُكُمْ بِوَاحِدَةٍ مِ آنَ تَقُو مُوا لِللَّهِ مَثْنَى وَ فُرَادًى ثُمَّ

mufumiitirizenga nnyo. Mujja kumanya nti munnammwe tagwanga ddalu. Ye si mulala wabula ye Mulabuzi gye muli ku kibonerezo ekikakali ekisonze.

- 48. Gamba nti: Empeera yonna gye nnaalibasabye, kale ebeere yammwe. Nze empeera eyange teri ku mulala wabula eri ku Allah, era ye Mujulizi ku buli kimu.
- 49. Gamba nti: Mazima Mukama wange amegguza amazima ku bulimba n'abusaanyaawo era ye Ssaabamanyi w'ebyenkiso.
 - tebukyagunzeewo kintu wadde okukizzaawo.
- 51. Gamba nti: Bwe mba nga mbuze, kale mbuze ku lwange nzekka. Era bwe mba nga nnung'amye, nnung'amye lw'ebyo ebimbikkulirwa Mukama wange. Mazima Ye y'Awulira byonna, Ow'okumpi ennyo.
- Era singa olaba awo nga bakankana, naye nga tewali butolokero, waalyewuunyizza! Ate balikwatirwa mu kifo kya kumpi nnyo.
- 53. Era baligamba nti: *Kati byonna* tubikkiriza. Nave obwo buliba bukkiriza nnabaki* bwe balifuna nga bamaze na kutuuka mu kifo ekiri ewala ennyo bwe kityo,
- 54. Ate nga *okukkiriza* baakugaana olubereberye nga bapaatiikawo n'ebitaliiwo nga basinziira mu kifo kye baalowoozanga nti kiri wala nnyo ne Allah?
- 55. Era olukomera luliteekebwa wakati وَحِيْلَ بَيْنَ مَا يَشْتَهُوْنَ كُمَا waabwe n'ebyo bye baayaayaaniranga, nga bwe kyakolwa eri abo abaabafaana- قُعِلَ بِٱشْيَاكِ عِهِمْ صِّن قَبْلُ مَا إِنَّهُمْ nanga olubereberye. Mazima nabo baali mu kubuusabuusa okutawaanya.

تَتَفَكَّرُوْا سَ مَا بِصَاحِبِكُمْ رَمِّن جِنَّةٍ ﴿ إِنْ هُوَ إِنَّا نَنْ فِيرُ لَّكُمْ بَسِيْنَ يُدُ أَيْ عَذَابٍ شَدِيْدٍ

قُلْ مَا سَا لَتُكُمْ رِمِّنَ آجِرٍ فَهُو لَكُمْ إِنْ آجْرِيَ إِلَّا عَلَى اللَّهِمُّ وَهُوَ عَلَى كُلِّ

قُلْ إِنَّ رَبِّي يَقْزِفُ بِالْحَقِّ مِ عَلَّامُ الْغُيُوْبِ۞

قُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَ مَا يُبْدِئُ الْبَاطِلُ وَ Gamba nti: Amazima gazze era obulimba قُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَ مَا يُبْدِئُ الْبَاطِلُ وَ مَا يُحِيْدُن

> قُلُ إِنْ ضَلَلْتُ فَإِنَّمَاۤ آضِلُّ عَلَى نَفْسِيْء وَإِنِ اهْتَدَيْتُ فَبِمَا يُوْرِيْ اليَّ رَبِي واتَّهُ سَمِيعٌ قَرِيْبُ۞

> وَكُوْ تَرْكُى إِذْ فَيْزِعُوْا فَكَلَا فَوْتَ وَ أخِذُ وَا مِنْ شَكَانٍ قَرِيْبٍ ﴿

> وَّقَا لُوْا أُمَنَّا بِهِم وَانْ لَهُمُ التَّنَا وُشُ مِنْ مُكَانِ بَعِيْدِ أَنَّ

> وَ قَدْ كُفُرُوا بِهِ مِنْ قَبْلُ مِ وَ يَقْذِ فُونَ بِالْغَيْبِ مِنْ مُّكَانِ

عُ كَانُوا فِي شَلِيٍّ شُرِيْبِ

^{34:53.} Kino kitegeeza nti oluvannyuma lw'okulemwa okukkiriza nga bakyali wano ku nsi, okukkiriza kwabwe ku lunaku lw'enkomerero tekuliba na mugaso gwonna.

سُورَةُ فَاطِرِ لِمُلِّيَةً ٢٥





FĀTIR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Amatendo gonna ga Allah Omutandisi w'eggulu n'ensi, assaawo ba malayika okuba ababaka: abalina ebiwawaatiro ebibiri, n'ebisatu, n'ebina. Ayongera ku ntonda nga bw'aba ayagadde. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 3. Okusaasira kwonna Allah kw'aba agguliddewo abantu tewali akuziyiza, *n'ekyo* ky'aba aziyizza, tewali mulala akiweereza atali Ye. Era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.
- 4. Abange mmwe abantu, mujjukire ekisa kya Allah ekiri ku mmwe. Abaffe, eriyo omutonzi yenna atali Allah abagabira okuva mu ggulu ne *mu* nsi? Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Kati ate muwugulirwa wa?
- 5. Era bwe banaakulimbisa *teweewuunya*, mazima n'Abatume abaakusooka baalimbisibwa; naye eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.
- 6. Abange mmwe abantu, mazima ekisuubizo kya Allah kya mazima. Kale obulamu bw'ensi buleme kubayinula, n'abuzaabuza aleme kubabuzaabuza ku bifa ku Allah.
- 7. Mazima Sitaani mulabe wammwe, kale mumutwalenga ng'omulabe. Mazima akoowoola ab'ekibiina kye balyooke babeere mu bantu b'omuliro ogubumbujja.
- 8. Abo abeerema balifuna ekibonerezo ekikakali. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, be balifuna okusonyiyibwa n'empeera ennene ennyo.

بِشهِ اللهِ الرَّحُمٰنِ الرَّحِيْمِ () اَلْحَمْدُ بِلْهِ فَاطِرِ السَّمْوْتِ وَ الْاَرْضِ جَاعِلِ الْمَلْئِكَةِ رُسُلًا أُولِيَّ اَجْزِحَةٍ مَّا يَشَاءُ وَرُلِعَ مَيْزِيْدُ فِ الْخَلْقِ مَا يَشَاءُ وَرُلِعَ مَيْزِيْدُ فِي الْخَلْقِ مَا يَشَاءُ وَرُلِعَ اللّٰهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرُ ()

مَا يَفْتَح اللهُ لِلنَّاسِ مِنْ رَّحْمَةٍ فَلَا مُمْسِكَ لَهُ لِلنَّاسِ مِنْ رَّحْمَةٍ فَلَا مُمْسِكَ لَعَامُ وَمَا يُمْسِكُ افَكَرَ مُرُسِلَ لَكَ مِنْ بَعْدِ فِي هُوَ الْعَزِيمُرُ لَكُمْ وَالْعَزِيمُرُ الْحَدِيمُرُ الْحَدِيمُرُ

يَا يُهَا النَّاسُ اذْ كُرُوْا نِعْمَتَ اللهِ عَلَيْكُمْ مَلْ مِنْ خَالِقِ غَيْرُ اللهِ اللهِ عَلَيْكُمْ مَلْ مِنْ خَالِقِ غَيْرُ اللهِ يَرُزُقُكُمْ مِّنَ السَّمَاءِ وَ الْاَرْضِ مَ لَا لِلْهُ اللهُ الله

وَ اِنْ يُكُذِّ بُوْكَ فَقَدْ هُذِّبَتْ رُسُلُ مِّنْ قَبْلِكَ مُوَالَى اللهِ تُوْجَعُ الْمُ مُوْرُنِ - يَ مُنْ اللهِ مُنْوُرُنِ

يَّا يُّهَا النَّاسُ إِنَّ وَعْدَ اللهِ حَقَّ فَلَا تَغُرَّ نَّكُمُ الْحَيْوةُ الدُّ نَيَا اللهِ وَ فَلَا تَغُرَّ نَّكُمُ الْحَيْوةُ الدُّ نَيَا اللهِ وَ لَكُورُونُ الدُّ نَيَا اللهِ الْخَرُورُنَ اللهِ الْخَرُورُنَ

إِنَّ الشَّيْطِنَ لَكُمْ عَدُوُّ فَاتَّخِدُوْهُ عَدُوَّا ﴿ إِنَّكُمْ كَدُعُوا حِزْبَهُ لِيَكُوْنُوا مِنْ آصْحٰبِ السَّعِيْرِ ﴿

ٱلكَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَهُمْ عَذَابُ شَدِيدٌ هُ وَ الكَّذِيْنَ أَمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّلِحْتِ ﴿ لَهُمْ مَنْغُفِرَةً وَ آجَرُ كَبِيْرُ ﴾

Ruku 2

9. Abaffe, oyo eyalungiyizibwa ebikolwa bye ebibi, ye n'abiraba nga birungi ayinza okulung'ama? Mazima Allah y'abuza oyo gw'aba asalidde era y'alung'amya oyo gw'aba asiimye. Kale omwoyo gwo guleme kukuggwaamu olw'okubalumirwa. Mazima Allah amanyi bulungi bye bakola.

10. Era Allah y'Oyo aweereza empewo nezisitula ebire, olwo netubiraza eri ensi efudde, kale netubiramusisa ensi *eyo* oluvannyuma lw'okufa kwa yo. N'okuzuukira nno bwe kutyo *bwe kuliba*.

11. Oyo ayagala ekitiibwa, kale *amanye nti* ekitiibwa kyonna kya Allah. Gy'ali ebigambo ebirungi gye birinnya, n'ebikolwa ebirungi by'ebibisitula. Era abo abasala enkwe embi be balifuna ekibonerezo ekikakali; n'okwekoba kw'abo kwe kw'okugwa obutaka.

12. Era Allah y'eyabatonda mu ttaka, n'oluvannyuma mu ttondo ly'amazzi agazaala, n'oluvannyuma yabafuula ababiribabiri. Era ekikazi kyonna tekiba lubuto wadde tekizaala wabula na kumanya kwe. Era tewali yenna awangaazibwa mu bawangaazibwa, wadde tewali akendeezebwa ku buwangaazi bwe, wabula kiba kiwandiike mu Kitabo. Mazima ekyo eri Allah kyangu nnyo.

13. Era ennyanja ebbiri tezenkanankana: eno nga ya *mazzi* maseeneekerevu, mawoomerevu, gamirika mu kuganywa, ate endala nga ya munnyo, ekaayirira; so nga mu zonna mulyamu ennyama ensu era nemuziggyamu n'ebyamajolobera bye mwambala. Era olaba ebyombo ku zo nga bigenda bisala *amazzi* mulyooke munoonye ku mikisa gye era mulyooke mwebaze.

14. Y'ayingiza ekiro mu misana era y'ayingiza emisana mu kiro. Era yassa enjuba n'omwezi ku kuweereza, nga buli kimu kiseeyeeya ku kiseera ekigere. Oyo اَفَمَن رُيِّنَ لَهُ سُوْءُ عَمَلِهِ فَرَاهُ كَسَنَاءُ فَإِنَّ اللَّهَ يُضِلُّ مَن يَشَاءُ وَ لَكُمْ اللَّهُ عَمَلِهِ فَرَاهُ وَ يَشَاءُ مُ فَلَا تَذْهَبُ وَلَا تَذْهَبُ نَكُمْ تَذُهُ مُن نَفُسُكَ عَلَيْهِمْ حَسَرْتٍ وَ إِنَّ اللَّهُ عَلَيْهِمْ حَسَرْتٍ وَ إِنَّ اللَّهُ عَلِيهُمْ بِمَا يَصْنَعُونَ ﴿ وَلَا اللَّهُ عَلِيمُمُ بِمَا يَصْنَعُونَ ﴿ وَلَا اللَّهُ عَلِيمُمُ بِمَا يَصْنَعُونَ ﴾

رَامِلُهُ اللَّذِيَّ اَرْسَلُ الرِّيْحَ فَتُشِيْرُ سَمَا بًا فَسُقْنَهُ إِلَى بَلَدٍ مَّيِّتٍ فَاَهْيَيْنَا بِهِ الْآرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا الْكَافِرُ الْكَافِرُ الْكَافِرُ الْكَافِرُ الْكُورُ الْكَافِرُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ الْكُلُورُ اللَّهُ اللَّهُ

مَنْ كَانَ يُرِيهُ الْعِزَّةَ فَلِلْهِ الْعِزَّةُ مَلِيهُ الْعِزَّةُ مَلِيهُ الْعِزَّةُ مَمِيعًا الْكَيْبُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمُ الصَّلِيمَ الصَّلُونُ السَّيِّاتِ لَهُمْ عَذَابُ شَعْرِيمَ السَّيِّاتِ لَهُمْ عَذَابُ شَعْرِيمَ السَّيْعِاتِ لَهُمْ عَذَابُ مَنْ اللهُ خَلَقَتُهُمْ أَوْلَيْكَ هُوَيَبُورُ اللهُ خَلَقَتُهُمْ مِنْ اللهُ خَلَقَتُهُمْ مِنْ اللهُ عَلَيْهُمُ الْوَلِيمَ الْمُولِيمَ اللهُ عَلَيْهُمُ اللهُ الل

يُوْلِجُ الَّيْلَ فِي النَّهَادِ وَ يُوْلِجُ النَّهَادَ فِي الَّيْلِ" وَ سَخَّرَ الشَّمْسَ nno ye Allah Mukama wammwe; obwakabaka bubwe. Naye abo be mulaajanira ebbali we, tebalina bwa nannyini wadde akasirikitu.

15.Ne bwe mubalaajanira, tebawulira kulaajana kwammwe; ate ne bwe baaliwulidde, era tebaalisobodde kubaanukula. Era ku lunaku lw'okuzuukira balyegaana okubenkanya kwammwe ne Allah. Era tewali ayinza kukunnyonnyola okufaanana ng'*Oyo* ategeera byonna.

Ruku 3

16. Abange mmwe abantu, mmwe beetaavu eri Allah, so nga ye Allah y'Atalina kye yeetaaga kyonna, y'Atenderezebwa ennyo.

17. Bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo n'aleetayo ebitonde ebiggya *mu kifo kyammwe*.

18. Era ekyo eri Allah si kizibu.

19. Era omwetissi talyetikka buzito bwa mulala era n'azitoowereddwa bw'aliraajanira omulala amuyambe ku buzito bwe, talyetikka ku bwo wadde akatono, ne bw'aliba owuwe. Mazima ggwe olabula abo abatya Mukama waabwe munda ddala nebajjumbira n'essaala. Era oyo eyetukuza, kale ddala yetukuza lwa kugasa mwoyo gwe; era eri Allah y'eri obuddo.

20. Era omuzibe w'amaaso teyenkanankana n'oyo alaba,

21. Wadde ekizikiza *okwenkanankana* n'obutangaavu,

22. Wadde ekisiikirize *okwenkanankana* n'ebbugumu.

23. Era abalamu n'abafu tebenkanankana. Mazima Allah awuliza oyo gw'aba ayagadde, naye ggwe toyinza kuwuliza abo abali mu ntaana.

24. Ggwe toli kirala wabula oli Mulabuzi.

25. Mazima twakutuma n'amazima nga ggwe muwi w'amawulire ag'essanyu era وَالْقَمَرَ ﴿ كُلُّ يَتَجْرِيُ لِأَجَلِ مُّسَمِّى وَ لَا لَكُمُ اللَّهُ رَبُّكُمُ لَكُ الْمُلْكُ وَالَّذِيْنَ لَا لَكُمُ اللَّهُ وَالَّذِيْنَ لَا لَكُمُ اللَّهُ وَاللَّذِيْنَ لَا لَكُمُ اللَّهُ وَاللَّذِيْنَ لَا لَكُمُ اللَّهُ وَاللَّذِيْنَ لَا لَكُوْنَ مِنْ لَكُوْنَ مِنْ وَلَا مِنْ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللللْمُ اللللْمُ اللللْمُ اللللْمُ اللَّهُ اللللْمُ الللللْمُلِمُ الللْمُ اللَّهُ الللْمُواللَّهُ الللِمُ اللَّهُ اللَّهُ الللْمُواللَّةُ الللْمُ الللَّالِمُ اللللْمُل

رِنْ تَدْعُوهُ هُ لَا يَسْمَعُوْا دُعَاءَكُمْ مَ وَكُوسَمِعُوا مَااسْتَكَابُوا كَكُمْ وَكَيُومَ الْقِيلَمَةِ يَكُفُرُونَ بِشِرْكِكُمْ وَكَلَا وَيَدِيمُةِ مِثْلُ هُمِدُونَ

يَا يُهَا النَّاسُ آنْ تُمُ الْفُقَرَآءُ إِلَى اللهِ مَوَاللهُ هُوَالْخَرِيُّ الْحَمِيمُ اللهُ هُوَالْخَرِيُّ الْحَمِيمُ اللهُ هُوَالْخَرِيُّ الْحَمِيمُ اللهُ اللهُ هُوَالْخَرِيُّ الْحَمِيمُ اللهُ اللهُ

وَمَا ذَٰلِكَ عَلَى اللهِ بِعَزِيْنِ اللهِ عَلَى اللهِ عِكْرِيْنِ اللهِ عِكْرِيْنِ اللهِ عِكْرِيْنِ اللهِ عَلَى اللهِ عِكْرِيْنِ اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهِ عَلَى اللهُ عَ

وَمَا يَسْتُوِى الْاَعْمٰى وَالْبَصِيْرُ فَ وَلَا الظُّلُمْتُ وَلَا التُّوْرُقُ وَلَا الظِّلُّ وَكَا الْحَرُورُقُ

وَمَا يَسْتَوِى الْاَحْيَاءُ وَلَا الْاَ صُوَاتُ اللهَ اللهُ مُوَاتُ اللهُ اللهُ مُوَاتُ اللهُ اللهُ

اِنْ آئت اللهِ تَوْيُرُ

إِنَّآارُسَلْنُكَ بِالْحَقِّ بَشِيْرًا وَّنَذِيْرًا

Omulabuzi. Era tewali bantu *baasuulirirwa* wabula *bonna* baatumwamu Omulabuzi.

26. Naye bwe bakulimbisa, *teweekanga*; ddala n'abo abaasooka baalimbisa *Ababaka*. Ababaka baabwe baabajjiranga n'obubonero obw'olwaatu, n'ebiwandiiko, n'Ekitabo ekitangaaza.

27. N'oluvannyuma nabonereza abo abeerema. Naye *ekibonerezo* ky'obutanzi-kiriza kyali kitya!

Ruku 4
28. Abaffe, tolaba nga Allah bw'atonnyesa amazzi okuva mu bire, kale netugamezesa ebibala eby'erangi ezitali zimu. Ne mu nsozi mulimu ez'enkoloboze enjeru n'emmyuufu, ez'erangi ezitali zimu, n'enzirugavu kagongolo;

29. Ne mu bantu, ne mu bisolo eby'omu nsiko, ne mu bisolo ebifugibwa namwo mulimu eby'erangi ezitali zimu? Mazima abatya Allah mu baddu be be bo abalina okumanya. Mazima Allah ye Luwangula, Omusonyiyi ennyo.

30. Mazima abo abagoberera Ekitabo kya Allah nebajjumbira essaala era nebatoola ne mw'ebyo bye twabagabira mu kyaama ne mu lwaatu be basuubira obusuubuzi bw'Enkomerero obutagwa butaka.

31. Bakola ebyo, Allah Alyooke abawe empeera yaabwe mu bujjuvu era abongeze ne ku mikisa gye. Mazima Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusiimi ennyo.

32. Era ebyo bye twakubikkulira mu Kitabo ge mazima agakakasa ebyo ebyakikulembera. Mazima Allah y'Ategeera obulungi, y'Alaba obulungi ebikwata ku baweereza be.

33. N'oluvannyuma Ekitabo twakisikiza abo be twalonda mu baweereza baffe. Kale mu bo mulimu eyeerumya *olw'okukkakkanya amaddu g'omutima gwe*, ne mu bo mulimu ow'ekigero, ne mu bo mulimu asukkirira *ku balala* mu kukola ebirungi olw'okulagira kwa Allah. Ogwo nno gwe mukisa omunene.

وَرِنْ مِِّنْ اُمَّةٍ إِلَّا خَلَا فِيْهَا نَـذِيرُ ۞ وَرِنْ يُكُوِّ بُوْكَ فَقَدْ كُذَّ بَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ عَلَاءً تَهُمْ رُسُلُمُمْ بِالْبَيِّنْتِ وَبِالرَّ بُرِ وَبِالْكِنْبِ الْمُنِيْرِ ۞ ثُـمَّ آخَذْتُ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا فَكَيْفَ عُلَانَ نَكِيْرِ ۞ عُلَانَ نَكِيْرِ ۞

اَلَمْ تَرَانَ اللّهَ اَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءَ مَاءَ الْمُنَكِرَ مَنَا السّمَاءِ مَاءَ الْمُنَكُمُ وَمُنَا اللّهَ الْمُؤَدُّ وَمِنَ الْجِبَالِ جُدَدُ بِيْضٌ وَ حُمْرُ مُخْتَلِفًا الْوَانُهَا وَغَرَابِيْثُ سُوْدُ ﴿ مُخْتَلِفُ الْوَانُهَا وَغَرَابِيْثُ سُودُ ﴿ مُخْتَلِفُ النّاسِ وَ الدّواتِ وَ الْاَنْعَامِ مُخْتَلِفُ النّاسِ وَ الدّواتِ وَ الْاَنْعَامِ مُخْتَلِفً النّاسِ وَ الدّواتِ وَ الْاَنْعَامِ مُخْتَلِفً اللّهُ مِنْ عَبَادِةِ الْعُلَمُ وَاللّهُ اللّهُ مِنْ عَبَادِةِ الْعُلَمُ وَاللّهُ اللّهُ مِنْ عَنْهُ وَلَى اللّهُ عَزِيزٌ غَفُورُ ﴿ الْعُلَمُ وَاللّهُ اللّهُ عَزِيزٌ غَفُورُ ﴾

اِنَّ الَّذِينَ يَتْلُوْنَ كِنْبُ اللَّهِ وَ ٱقَّامُوا الصَّلُوةَ وَ ٱنْفَقُوْا مِمَّا رَزَقْنَهُمْ سِرًّا وَّ عَلاِنِيَةً يَّرُجُوْنَ رِجَارَةً لَنْ تَبُوْرَهُ

ڔؽؙٷڔٙڣٚؾۿؙۿٲؙۼٛۅٛڒۿۿڒؾڒؽۮۿۿۯڿؽ ڡؘٚڞٛڸ؋؞ٳڰٛۿۼؘڡؙؙۉڒۺػؙۅٛڒٞ۞

وَالَّذِيَّ آوْمَيْنَآ اِلَيْكَ مِنَ الْكِتْبِ هُوَ الْمَقُّ مُصَدِّقًا لِيّمَا بَيْنَ يَدَيْهُ والْقَالِلهُ بِعِبَادِمُ لَصَيِيرُ بَصِيْرُ

ثُمُّا الْكِتْب الَّذِينَ اصْطَفَيْنَا مِنْ الْمَالِكُمْ الْمُ الْكَوْبَ اصْطَفَيْنَا مِنْ مُنْ مِنْ الْمُ طَالِمُ لِلْمَالِمُ الْمَالِمُ الْمَالُومُ الْمَالْمُ الْمَالُومُ الْمَالُومُ الْمَالُومُ الْمَالُومُ الْمَالُومُ الْمَالُومُ الْمُالُومُ الْمُالُومُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُلْمِينَا الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلَى الْمُعْلِمُ الْم

34. *Abo be baliweebwa* ensuku ez'olubeerera ze baliyingiramu. Baliwundirwamu n'ebikomo ebya zaabu ne luulu, n'ebyambalo byaabwe mu zo biriba bya liiri.

35. Era baligamba nti: Amatendo gonna ga Allah Oyo atuggyeeko ennaku. Mazima Mukama waffe ye Musonyiyi ennyo, Omusiimi ennyo.

36. Anti y'Oyo atutebenkezza, olw'emikisa gye, mu maka ag'olubeerera; mu go tetutuukibwako kutawaana era mu go

tetutuukibwako bukoowu.

37. Naye abo abeerema be balifuna omuliro gwa Jahannamu. Tebalisalirwa nti bafe, wadde tebalikendeerezebwa ku kibonerezo kya gwo. Bwe tutyo nno bwe tusasula buli muteebaza.

38. Era baliraajanira mu gwo nti: Mukama waffe, tuggyeemu tukole ebikolwa ebirungi ebitali ng'ebyo bye twakolanga. Allah aligamba nti: Abaffe, tetwabawangaaza ekimala oyo afumiitiriza okufumiitiririzaamu era nemutuukwako n'Omulabuzi? Kale muloze ku kibonerezo; kuba aboononyi tebalinaayo muyambi yenna.

Ruku 5

39. Mazima Allah ye Mumanyi w'ebyaama by'eggulu n'ensi. Mazima Ye y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.

40. Ye y'eyabafuula abasika mu nsi. Kale oyo atakkiriza, obutakkiriza bwe bukosa ye. Era abatakkiriza, obutakkiriza bwabwe tebulina kye bubongerako eri Mukama waabwe, okuggyako obukyaayi; era abatakkiriza obutakkiriza bwabwe tebulina kye bubongerako, okuggyako okufaafaaganirwa.

41. Gamba nti: Abaffe, mulabye mutya? Ba katonda bammwe abo be mulaajanira ebbali wa Allah, mundageyo kye baatonda ku nsi? Nandiki balina omugabo *mu kutondebwa* kw'eggulu? Oba twabawaayo ekitabo nti bali ku bukakafu obw'olwaatu obuva mu kyo? Ddala aboonooonyi tebasuubiziganya bokka na bokka okuggyako okubuzaabuza.

جَنْتُ عَدْنٍ يَدْخُلُونَهَا يُحَلَّوْنَ وَيْهَا مِنْ اللهُ عَدْنِ يَدْخُلُونَهَا مِنْ اللهُ ال

وَقَا لُواالْحَمْدُ بِلْهِالَّذِيَّ اَذْ هَبَ عَنَّا الْحَزْنَ الِيَّ رَبَّنَا كَغَفُورُ شَكُورُ فَ

اللَّذِيَّ اَحَلَّنَا دَارَ الْمُقَامَةِ مِنْ فَضْلِهِ مَنْ فَضْلِهِ مَا يَمَشُنَا فِيْهَا نَصَبُ رَّ لَايَمَشُنَا فِيْهَا نَصَبُ رَّ لَا يَمَشُنَا فِيْهَا نَصَبُ رَّ لَا يَمَشُنَا فِيْهَا لُغُوْبُ

وَا تَذِيْنَ كَفَرُوْا لَهُمْ نَارُ جَهَنَّهُ مَ لَا يُقْضَى عَلَيْهِمْ فَيَكُمُوْتُوْا وَ لَا يُخَفَّفُ عَنْهُمْ مِّنْ عَذَابِهَا مُكَذَٰ لِكَ يَجَزِّيْ كُلُّ كَفُوْرِ۞

وَهُمْ يَصْطَرِخُونَ فِيهَا مَرَبَّنَآ اَخْرِجْنَا تَعْمَلُ صَالِحًا غَيْرَالَّذِي كُنَّانَعْمَلُ ا اَوَلَمْ نُعَمِّرُ كُمْ مَّا يَتَذَكَّرُ فِيهِ مَن تَذَكَّرُ وَجُاءَكُمُ النَّذِيرُ الْفَذُو قُوا عَالِلطِّلِمِيْنَ مِنْ تَصِيْرِ ﴾

رِتَّاسَّتُ عَلِمُ غَيْبِ السَّمَوْتِ وَ الْاَرْضِ مَ رِثَّهُ عَلِيمُ فَي بِذَاتِ الصُّدُوْرِ ﴿

هُوَ الَّذِي جَعَلَكُمْ خَلْئِفَ فِي الْأَرْضِ الْمُوَالَّذِي جَعَلَكُمْ خَلْئِفَ فِي الْأَرْضِ الْمُوَنَّ كُونَ كُونَ

قُلْ اَرَءَ يَعَمُّمُ شُرُكُاءَكُمُ الَّذِيْنَ تَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللهِ الْرُوْنِ مَا ذَا خَلَقُوْا مِنَ الْاَرْضِ اَمْ لَهُمْ شِرْكُ فِي السَّمُوْتِ مِ اَمْ اٰتَيْنُهُمْ كِتْبًا فَهُمْ عَلَى بَيِّنَتٍ

ِڝِّٮٛٛهُ؞ۗ بَـلَ إِنْ يَتِحِدُ الظَّلِمُوْنَ بَعْضُهُمْ بَعْضًا الْاَغُرُوْرًا۞

42. Mazima Allah y'akwatiridde *emigig*i gy'eggulu n'ensi byombi bireme kusagaasagana, kuba bwe bisagaasagana, tewali yenna ayinza kubikwatirira atali Ye. Mazima Ye y'Alumirirwa ennyo *abaweereza be*, Omusonyiyi ennyo.

43. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza *nti* singa Omulabuzi anajja gye bali, mazima bajja kuba balung'amu nnyo okusinga ebibiina byonna. Naye Omulabuzi bwe yajja gye bali, tekyabongerako okuggyako okwesamba,

44. N'okwekulumbaliza mu nsi n'okwekoba okubi. Naye okwekoba okubi tekwebungulula mulala okuggyako ba nnyini kwo. Abaffe, ate balindayo ekirala okuggyako okutuukibwako enkola Allah gye yayisaamu ab'edda? Naye tojja kusanga kukyuuka kwonna mu nkola ya Allah era tojja kusanga kuwuguka kwonna mu mpisa ya Allah.

45. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abaabasooka nga bwe yali ng'ate baali babasinza nnyo amaanyi? Era tewali kyonna mu ggulu wadde mu nsi ekiyinza okulemesa Allah. Mazima Ye ye Mumanyi wa byonna, ow'Obuyinza ennyo.

46. Era singa Allah yali akangavvulirawo abantu olwa buli *kibi* kye baba bakoze, *ku nsi* teyaalireseeko kiramu kyonna; naye abalindiriza okutuusa ku kiseera ekyagerekebwa. Kale entuuko yaabwe bw'etuuka, *okakasa nti* ddala Allah abaweereza be abalaba bulungi.

اِنَّ الله يُمْسِكُ السَّمُوٰتِ وَالْأَرْضَانَ تَزُوْلَا آوَ لَئِنْ زَالَتَا اِنْ آمْسَكُهُمَا مِنْ آمَدٍ مِّنَّ بَحْدِم النَّهُ كَانَ مَلِيْمًا غَفُوْدًا ()

وَ اَقْسَمُوا بِاللهِ جَهْدَ اَيْمَارِنهِمْ لَـئِنْ جَاءَهُمْ نَـزِيرُ لَيَكُونُنَّ اَهْدَى مِنْ اِحْدَى الْأُمْمِ مِنْ لَيَكُونُنَّ اَهْدَى الْأُمْمِ مَنْ الْكَاجَاءَهُمْ نَـذِيرُ مَّا زَادَهُمْ الَّا نُفُورًا إِنَّ

اِ شَتِكْبَارًا فِي الْاَرْضِ وَ مَكْرَ السَّبِّقُ ا وَ لَا يَحِيْقُ الْمَكُرُ الشَّبِّقُ الَّا بِاَ هَلِهِ ا فَهَلُ يَنْظُرُوْنَ الَّا سُنَّتَ الْاَرْكِلِيْنَ الْاَوْلِيْنَ اللهِ تَبْوِيدًا أَوْرَكِيْنَ اللهِ تَبْوِيدًا أَوْرَكَنَ فَكُنْ تَجِدَ لِسُنَّتِ اللهِ تَحْوِيدًا ()

اَ وَكُمْ يَسِيْرُوْا فِ الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوْا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَ كَانُوْا اَشَدَّ مِنْهُمْ قُوَّةً ، وَ مَا كَانَ اللّٰهُ لِيُعْجِزَهُ مِنْ شَيْءٍ فِ الشّمَوٰتِ وَلَا فِي الْأَرْضِ مِ إِنَّكَ كَانَ عَلِيْمًا قَدْ يُنَاّ

وَلَوْيُوَاخِذُا لِلْكُالِنَّاسَ بِمَا حَسَبُوَا مَا تَرَكَ عَلَى ظَهْرِهَا مِنْ دَا بَيْةٍ وَلَكِنْ يُوَخِّرُهُمْ إِلَى آجَلِ شُسَمَّى ، فَإِذَا جَاءَ اَجَلُهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِحِبَادِهٖ ﴾ بَصِيْرًا أَنْ

YĀ SĪN

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
 - 2. Yā Sin*.
- 3. Njuliza Kur'āni ejjudde eby'amagezi,
- 4. Mazima ddala oli mu Batume,
- 5. Abali ku kkubo eggolokofu.
- 6. *Kuno* kwe kubikkulirwa okuva eri Luwangula, Ow'ekisa ekingi,
- 7 . Olyooke olabule abantu bakitaabwe abataalabulwa, bwe batyo balagajjadde.
- 8. Mazima ensala yamala okukakata ku basinga obungi mu bo, kale si bakkiriza.
- 9. Mazima twassa ebikoligo mu nsingo zaabwe, byo nga bituukira ddala ku bulevu; bwe batyo emitwe gyabwe gibinuddwa.
- 10. Era twassa mu maaso gaabwe ekiziyiza, n'ekiziyiza *ekirala* emabega waabwe, kale netubabuutikira; bwe batyo tebalaba.
- 11. Era ky'ekimu gye bali: Bw'obalabula nebw'otabalabula, tebakkiriza.
- 12. Mazima ggwe olabula oyo agoberera okubuulirira era nga atya *Allah* Ow'ekisa mu kyaama. Kale muwe amawulire ag'essanyu ag'okusonyiyibwa n'empeera ey'ekitiibwa.
- 13. Mazima Ffe tuzuukiza abafu era netuwandiika n'ebyo bye bakulembeza ne bye baleka emabega era buli kimu tukikuumira mu Kitabo ekitangaaza.

Ruku 2

14. Era baleetere eky'okulabirako eky'abantu b'omu kibuga awo nga Ababaka bakituuseeko.

بِشمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () يُسَنُّ وَالْقُوْاٰنِ الْحَكِيْمِ ﴾

رِنَّكَ لَمِنَ الْمُوْسَلِيْنَ ﴾ عَلْ صِرَاطِ مُّشَتَقِيْمِ ۞

عى صرار مىسى يون تىنزىك ائعزىز الرَّحِيمِ أَن

لِتُنْذِرَ قَوْمًا مِّنَا أُنْذِرَ اَبَآؤُهُمْ فَهُمْ فَهُمْ فَهُمْ فَهُمْ

رِتَّا جَعَلْنَا فِنَ اَعْنَاقِهِمْ اَعْلَا فَهِيَ لَكَ الْآذَقُونَ وَهُمْ مُقْمَحُونَ وَ وَهُمْ مُقْمَحُونَ وَ وَهُمْ مُقْمَحُونَ وَ وَجَعَلْنَا مِنْ بَيْنِ آير يهِمْ سَدًّا وَ وَجَعَلْنَا مِنْ بَيْنِ آير يهِمْ سَدًّا وَ وَكَمْ فَهُمْ فَهُمْ فَهُمْ لَكُمْ فَهُمْ لَكُمْ وَوَنَ وَ وَكَمْ لَكُمْ وَوَنَ وَ وَكَمْ لَكُمْ وَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ وَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ فَلَمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ فَلَهُمْ لَكُمْ لَلْكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَهُ لَكُمْ لَكُلِكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لَكُمْ لِ

وَ سَوَاءُ عَلَيْهِمْ ءَ آئذَ رَتَهُمْ آمْ لَـمْ تُنْذِ رُهُـمْ لَا يُؤْمِنُونَ ۞

اِئَّمَا تُنْذِرُ مِنِ اتَّبَعَ الذِّحْرَ وَ خَشِيَ الرَّحْمٰنَ بِالْغَيْبِ * فَبَشِّرْهُ بِمَغْفِرَةٍ وَّ اَجْرِكْرِيْمِ

و اِنَّا َ رَحَّنُ نَكْمِي الْمَوْنُ وَ نَكْتُبُ مَا لَهُ وَنَ وَ نَكْتُبُ مَا لَهُ وَنَ وَ نَكْتُبُ مَا لَهُ وَ فَدَّمُوْا وَ اِنَّا رَهُمْ وَ كُلُّ شَيْءٍ آحْصَيْنُهُ ﴿ فَيَ إِمَامٍ مُّينِينٍ ﴿

﴿ وَاضْرِبُ لَهُمْ مَّتُولًا اَصْحٰبَ الْقَرْيَةِ مَ إِذْ جَاءَهَا الْمُرْسَلُونَ ﴾ الْأَدْ جَاءَهَا الْمُرْسَلُونَ ﴾

- 15. Awo bwe twatuma gye bali Ababaka babiri kale nebabalimbisa, olwo Ababaka netubongeramu amaanyi n'owokusatu, nebagamba nti: Mazima tuli Babaka gye muli
- 16. Nebagamba nti: Mmwe temuli kirala wabula muli bantu nga ffe era Allah Omusaasizi ennyo tassanga kintu kyonna, wabula mmwe mulimba bulimbi.
- 17. Nebagamba nti: Ddala Mukama waffe amanyi bulungi nti ddala tuli Babaka be gye muli.
- 18. Era ffe tetuvunaanyizibwa okuggyako obubaka mu lwaatu.
- 19. Abatakkiriza nebagamba nti: Mazima tufunye nnyo ekikwa ku lwammwe. Naye bwe muteekomeko, ddala tujja kubakuba amayinja era ddala mujja kutuukibwako ekibonerezo ekirumya okuva gye tuli.
- 20. Abatume nebagamba nti: Ekikwa kyammwe kiri mu mmwe. Mugamba mutyo lwa kuba nti mubuuliriddwa? Nedda, muli bantu abasukkiridde obubi.
- 21. Olwo omusajja kwe kujja ng'adduka وَجَاءً مِنْ ٱقْصًا الْمَدِيْنَةِ رَجُلُ n'agamba nti: Bannange, mugoberere Abatume.
- ate nga balung'amu.

23. Ye nnina nsonga ki obutasinza Oyo دِيْ وَالْيَهِ وَمَا لِي لَا آعْبُدُا لَّذِي نَظَرَنِي وَالْيهِ eyantonda ate nga gy'ali gye mulizzibwa?

24. Abaffe, ate ntwale abasinzibwa abalala ebbali we? Singa *Allah* Ow'ekisa ennyo anjagaliza akabi, okuwolereza kwabwe tekungasa n'akatono wadde tebasobola kumponya.

25. Olwo nange ddala mba ndi mu kubula kwa lwaatu.

26. Mazima nze nzikiririza mu Mukama wammwe, kale mumpulirize.

قِيْلَ اذْخُلِ الْجَنَّةَ وَقَالَ لِكَيْتَ قَوْمِيْ Janna. قِيْلِ الْجَنَّةَ وَقَالَ لِكَيْتَ قَوْمِيْ Nagamba nti: O! Kale singa ne bannange baamanya,

اذْ أَرْسَلْنَا لِلْيُهِمُ اثْنَابُنِ فَكَذَّ بُوْهُمَا فَعَزَّزْنَا بِثَالِيثِ فَقَالُوْا إِنَّا اللَّهِكُمْ مُّوسَلُونَ قَالُوْا مَا آنْتُوْ إِلَّا بَشَرُ مِّثْلُنَا " وَ مَا أَنْذِكُ الرَّحْمِنُ مِنْ شَيْءِ اللهِ آئتُمْ إِلَّا تَكُوْ بُوْنَ۞

قَالُوْا رَبُّنَا يَعْلَمُ إِنَّا لِلَيْكُمْ لَمُرْ سَلُوْنَ۞

ر مَا عَلَيْنَا إِلَّا الْبَلْغُ الْمُبِيْنُ

قَالْوَالِ ثَا تَطَيَّرُ نَا بِكُمْ لِكِنْ لَّمُ تَنْتَهُوا كَنْرُجُمَتَّكُمْ وَلَيْمَسَّتَّكُمْ مِنَّاعَدًا كِ الملثق

قَالُهُ اطَائِرُ كُمْ مَّعَكُمْ وَآئِنَ ذُكِّرَ تُمْ بَلْ ٱنْتُمْ قَوْمٌ مُّسْرِفُونَ۞

ينقوم التبعوا

22. Mugoberere abo abatabasaba mpeera المَّبِعُوْا مَنْ كَا يَشْعُلُكُمْ آجْرًا وَّهُمْ مَ @63356

@ 3 3 4 5 1 5°

ءَاتَّخِذُ مِنْ دُونِهِ اللَّهَةُ إِنْ يُردُنِ الرَّحْمٰنُ بِضُرِّ لَا تُغْنِي عَنِيْ شَفَاعَتُهُمْ شَيْعًا وَّلَا يُنْقِدُونِ ٢

إِنِّنَّ إِذَّا لَّهِيْ صَلْلِ مُّبِيْنِ

إِنَّ امَّنْتُ بِرِّ يِتَكُمْ فَاسْمَعُونِ اللَّهِ يَعْلَمُوْتَ ﴿

- 28. Nga Mukama wange bwe yansonyiwa ومن ويَ وَ جَعَلَنِيْ وَ مِعَا خَفَرَكِيْ وَ وَ جَعَلَنِيْ مِنَ اللهِ وَاللهِ عَلَى اللهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى
- 29. Era tetwaweereza eri eggwanga lye ggye lyonna oluvannyuma lwe okuva mu ggulu era kyaali tekitwetaagisa na kuweereza.
- 30. Anti tewaali kirala okuggyako olubwatuka lumu, okwejjuukiriza nga baweddewo!
- 31. Kya kusaalirwa eri abantu, kuba tebajjirwa Mutume yenna, wabula bamujerega.
- 32. Abaffe, tebalaba emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe nti bo tebakyadda gye bali?

mu maaso gaffe. Ruku 3

- 34. N'akabonero gye bali y'ensi enfu: tugizuukiza era netumeza mu yo empeke, kale ku zo kwe balya.
- 35. Era tuteeka mu yo ensuku z'emitende n'emizabibu, era netufukumula mu yo ensulo,
- 36. Balyooke balye ku bibala bya zo, so nga emikono gyabwe si gy'egibikola. Abaffe, tebeebaza?
- 37. Omutukuvu y'Oyo eyatonda byonna nga bibiribibiri (ekisajja n'ekikazi) kw'ebyo ensi by'emeza, ne mu bo bennyini, ne mw'ebyo bye batamanyi.
- 38. N'akabonero gye bali ky'ekiro kye tuyubulamu emisana, okwejjuukiriza nga bali mu kizikiza.
- 39. N'enjuba etambula nga egoba kkubo eryagitegekerwa. Okwo nno kwe kugereka kwa Luwangula, Omumanyi wa byonna.
- 40. N'omwezi twagugerekera emitendera gye guyitamu okutuusa lwe guddayo neguba ng'olukindukindu lw'omutende olukalu olw'edda.

وَ مَّا آنْزَلْنَا عَلَىٰ قَوْمِهِ مِنْ بَعْدِهِ مِنْ جُنْدِةِ قِنَ السَّمَاءِ وَهَا كُنَّا مُنْزِلِينِ ١٠ إِنْ كَانَتْ إِنَّا صَيْحَةً وَّاحِدَةً فَإِذَا هُمْ خَامِدُونَ ﴿

إن يحشرةً عَلَى العِبَادِةِ مَا يَأْتِيْهِمْ مِّنْ رَّسُولِ إِلَّا كَا نُـوْا بِهِ يَسْتَهْزِءُ وْنَ 🗇 الَمْ يَرَوْا كُمْ آهْلَكُنَّا تَمْلَهُمْ مِّنَّ الْقُرُونِ ٱنَّهُ مُ إِلَيْهِ مُلَا يَرْجِعُونَ أَنَّ

33. Era bonna wamu ddala ba kuleetebwa المُحْضَرُونَ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللّ

وَأَيِّةً لَّهُمُ الْآرْضُ الْمَنتَةُ ﴿ آَهُ يَسْنِهَا وَ آغرَ جُنَامِنُهَا حَبًّا نَمِنُهُ يَأْكُلُونَ وَ جَعَلْنَا فِيْهَا جَنَّتِ مِّنْ نَّخِيْلِ وَّ ٱڠٮٙٵٮۣڗٞۏٙڿۜۯؾٵڣؽۿاڡۣ؆۩ٛڠۑۄٛۜڮ۞ رليا كُلُوا مِن تُمَرِهِ ﴿ وَ مَا عَمِلَتُهُ آيديهم افك يشكرون

سُبُخِكَ الَّذِيْ خَلَقَ الْأَزْوَ اجَ كُلُّهَا مِمَّا تُنَابِتُ الْأَرْضُ وَمِنْ ٱنْفُسِهِمْ وَمِمَّا لا تعْلَمُون ۞

وَالِيَةٌ لَّهُمُ الَّيْلُ مِ لَسَلَحُ مِنْهُ النَّهَا رَفَاذَا هُمْ مُّطْلِمُوْنَ ﴿

وَالشُّمْسُ تَجْرِيْ لِمُسْتَقَرِّ لَّهَا ﴿ ذَٰلِكَ تَقْدِ يُرُالْعَزِيْزِ الْعَلِيْمِ الْ

وَ الْقَمَرَ قَدَّرْنُهُ مَنَازِلَ حَتَّى عَادَ كَالْعُرْجُوْنِ الْقَدِيْمِ ()

41. Tekisoboka njuba okutuuka ku mwezi, wadde ekiro okuyisa emisana; so nga byonna biri ku nkulungo emu kwe biseeyeeyeza.

لَا الشَّمْسُ يَنْبَنِي لَهَا آن تُسدَرِكَ الْقَمَرَ وَلَا الَّيْلُ سَايِقُ النَّهَارِءُ وَكُلُّ فِي فَلَكِ يُسْبَحُونَ ﴿

42, N'akabonero gye bali kali nti Ffe tusitula abaana baabwe mu kyombo ekijiuzibbwa.

وَ اللَّهُ لَّهُمْ آنًّا حَمَلْنَا ذُرِّيَّتَهُمْ فِي الْقُلْكِ الْمَشْحُونِ أَنَّ

43. Era tulibakolerayo n'ebidduka ebirala ebikifaanana bye balyebagala.

وَ خَلَقْنَا لَهُمْ مِّنْ مِّثْلِهِ مَا يَرْكُبُوْنَ ﴿

Ate bwe tuba nga twagadde, tubasaanyaawo; era tebaba na mwasirizi wadde tebalokolebwa.

وَإِنْ نَشَا نُغْرِقُهُمْ فَلَاصَرِيْخَ لَهُمْوَ لَاهُمْ يُنْقَذُونَ ١

45. Okuggyako nga kubadde kusaasira okuva gye tuli n'okweyagaza okumala akaseera.

اللار مُمَّةً مِنَّا وَمَتَاعًا إِلَى حِيْنِ

46. Era bwe bagambibwa nti: Mwegendereze ebyo ebiri mu maaso gammwe n'ebiri emabega wammwe mulyooke musaasirwe, tebafaayo.

وَاذًا رِقِيْلَ لَهُمُ اتَّقُوا مَا بَيْنَ آيْدِيكُمْ وَمَا خَلْفَكُمْ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ

47. Era tebatuukwako kabonero konna mu bubonero bwa Mukama waabwe, wabula bakakuba mabega.

وَمَا تَاْتِيهِمْ مِنْ أَيْةٍ مِنْ أَيْتِ رَبِّهِمْ اللَّكَانُوْاعَنْهَامُعْرِضِيْنَ۞

48. Era bwe bagambibwa nti: Mutoole okuva mw'ebyo Allah bye yabagabira, abo abatakkiriza bagamba abo abakkiriza nti: Abaffe, tuliise oyo Allah gwe yaaliriisizza singa yali ayagadde? Mmwe temuli kirala wabula muli mu kubula kwa lwaatu.

وَإِذَا قِيْلَ لَهُمْ آنْفِقُوْا مِمَّا رَزَّقَكُمُ اللُّكُ اللَّهُ اللَّذِيْنَ كَفُرُوا لِلَّذِيْنَ امَنُوْا ٱلطَيمُ مَن لَّوْ يَشَاءُ اللَّهُ اَطْعَمَةُ اللهُ إِنَّ اَنْتُمْ إِلَّا فِي ضَلْلٍ

49. Era bagamba nti: Ye okusuubiza kuno وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هٰذَا الْوَعْدُ إِنْ كُنْتُمُ اللهِ عَلَى اللهُ عَدُ إِنْ كُنْتُمُ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَيْ اللهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللهُ عَلَيْهُ عَلَى اللهُ عَلَى اللّهُ عَلَّا عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَى اللّهُ عَلَ kwa ddi, obanga mwogera mazima?

طرقين

مَا يَنْظُرُونَ إِنَّا صَبْعَةً وَّاحِدَةً وَاحِدَةً وَاحِدَةً olubwatuka lumu olulibavumbagira nga bali mu kutotoogana.

تَأْخُذُهُمْ وَهُمْ يَخِصِّمُونَ۞

n'eri ab'ewaabwe tebaliddayo.

51. Kale tebalisobola na kulaama wadde هَلِهِمْ الْمَالِيَةُ وَلَآلِكَ اَهْلِهِمْ

Ruku 4

52. Era eng'ombe erifuuyibwa, okwe- وَنُفِخَ فِي الصُّورِ فَاذَاهُمْ مِنَّ الْكَجْدَاثِ الى رتبهم ينسلون

ijuukiriza nga bayudde mu ntaana, beeyuna eri Mukama waabwe.

atuzuukusizza mu bwebakiro bwaffe?

يِّ اللَّهِ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ عَنْ مَا اللهُ عَنْ مَا اللهُ عَنْ اللهُ عَا عَنْ اللهُ عَنْ اللّ

هَذَا مَا وَعَدَ الرَّهُمُنُ وَ صَدَقَ Baligambibwa nți: Kino Allah Omusaasizi هَذَا مَا وَعَدَ الرَّهُمُنُ وَ صَدَقَ ennyo kye yabasuubiza, n'Abatume baayogera mazima.

اِنْ كَانَتْ إِلَّا صَيْحَةً وَّاحِدَةً فَإِذَا 54. Tewaliba kirala okuggyako olubwatuka lumu, okwejjuukiriza nga bonna baleeteddwa mu maaso gaffe.

55. Kale kw'olwo tewali muntu aliryazaamaanyizibwa kintu kyonna era temulisasulwa okuggyako olw'ebyo bye mwakolanga.

56. Mazima abantu b'omu Janna kw'olwo baliba mu kwetala nga bajaganya.

57. Bo ne bakyala baabwe balibeera mu bisiikirize nga bagalaamiridde ku ntebe empunde, engulumiyu.

رَيْهَا فَاكِمَةٌ وَ لَهُمْ مَنَا 58. Balifuniramu ebibala, era balifuna buli لَهُمْ وَيْهَا فَاكِمَةٌ وَ لَهُمْ kye baliragiriza.

59. 'Salaam' (Mirembe) ky'ekigambo ky'okulamusa kye balikozesa ekyava eri Mukama Ow'ekisa.

60. Allah aligamba nti: Olwa leero mweyawule muve mu bakozi b'ebirungi, abange mmwe aboonoonyi!

آلَمْ آعْهَدُ النِّكُمُ لِبَنِينَ أَذَمُ آنَ Abange mmwe abaana ba Ādamu, أَلَمْ آعْهَدُ النِّكُمُ لِبَنِينَ أَذَمُ آنَ saabalagira nti temusinzanga Sitaani, mazima والله عدو الشهيطن مراقبة ككم عدو المستعادة الشهيطن مراقبة ve mulabe wa lwaatu gve muli?

المُورَسَلُونَ @

هُمْ مَمِيْعُ لِلَّهِ يَنَّا مُحْضَرُونَ ١٠ فَالْيَوْمُ لَا تُظْلَمُ نَفْسُ شَيْعًا وَّ لَا يُجْزَوْنَ الكماكنته تخملون

إِنَّ آصْلَتِ الْجَنَّةِ الْيَوْمَ فِي شُغُلِ فَحِهُ وَنَ

هُمْوَ آزُوَاجُهُمْ فِي ظِلْيِ عَلَى الْأَزَائِكِ مُتَّكِئُوْنَ ﴿

للمُ سَقَوْلًا مِنْ رَّبِّ رَّحِيْمٍ ۞

وَا مُتَا زُوا الْيَوْمَا يُتِهَا الْمُجْرِمُونَ

ؠؽؾٞۺ

62. Era nti: Musinze Nze nzekka? Lino ﴿ اللَّهُ مُسْتَقِيْمُ وَالْكُونِيْءَ هَٰذَا صِرَّاطُ مُّسْتَقِيْمُ ﴿ 92. Era nti: Musinze Nze nzekka? Lino ﴿ وَإِنْ الْمُنْتَقِيْمُ لَا اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ ال ly'ekkubo eggolokofu.

mu mmwe. Abaffe, mwaali temukozesa magezi?

64. Eno nno ye Jahannamu gye mwasuubizibwanga.

65. Mugiyingire olwa leero, kubanga temwakkiriza.

gyabwe, emikono gyabwe gitutegeeze bye baakola, n'amagulu gaabwe gajulire kw'ebvo bye baakolanga.

emu amaaso gaabwe, awo nno lwe baalyeyunye okunoonya ekkubo. Naye olwo كَاشَتَبَقُواالصِّرَاطَ فَاتَّى يُبْصِرُونَ السِّرَاطَ فَاتَى يُبْصِرُ

63. Era ddala Sitaani yabuza abantu nkumu وَ لَقَدْ آضَلُّ مِنْكُمْ جِبِلًّا كَثِيْرًا الْفَكَمْ الله تَكُونُوا تَحْقِلُونَ اللهُ الله

هٰذِه جُهَنَّمُ الَّتِي كُنْتُمْ تُوْعَدُوْنَ ١٠

اِصْلَوْهَاالْيَوْمَ بِمَا كُنْتُمْ تَكُفُرُوْنَ ۞

اَلْيَوْمَ نَخْتِمُ عَلَى اَفْوَاهِهِمْ وَ تُسكِّلُمُنَّا السَّاسِينَ الْفَوَاهِهِمْ وَتُسكِّلُمُنَّا أيْدِيْهِمْ وَتَشْهَدُ أَرْجُلُهُمْ بِمَا كَانُوْا تكسينون 🖫

67. Era singa twayagala, ddala twalibajje- وَ لَوْ نَشَاَّاءُ لَطَمَشْنَا عَلَى آعُيُنِهِمْ

baalirabve batva?.

byabwe, olwo tebaalisobodde kutambula kugenda mu maaso wadde okudda emabega.

Ruku 5

69. Era buli gwe tuba tuwangaazizza, tumunafuya mu butonde. Abaffe, era tebaategeere?

70. Era *Nabbi* tetumuyigirizanga bitontome era tebimusaanira. Kino si kirala wabula ky'Ekijjukiza era ye Kur'an, Etangaaza.

71. Twagissa eryooke erabule oyo omulamu, n'ensala ervooke ekakate ku batakkiriza.

72. Abaffe, tebalaba nga bwe twabatondera مَوْلَمُ مَا اللَّهُ مُوالِمَ اللَّهُ مُوالِمُ اللَّهُ مُن اللَّهُ مُ مِن اللَّهُ مُن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُن اللّهُ مُن اللَّهُ مُن اللَّهُ مُن اللَّهُ مُن اللَّهُ مُن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُن الل ebisolo ebyo emikono gyaffe bye gyakola ate bo ne baba bakama ba byo?

ebimu ku byo era n'ebirala babirya.

n'ebyokunywa. Abaffe, tebeebaze?

رَ التَّخَدُوْا مِنْ دُوْنِ اللَّهِ اللَّهَ اللَّهَ الْكَاتُهُمُ كُونِ اللَّهِ اللَّهَ اللَّهُ اللَّالِي اللَّهُ ال abalala ebbali wa Allah mbu balyooke bayambibwe.

be baliba ekibinja ekirireetebwa ku bo okubalumiriza.

77. Kale okwogera kwabwe kuleme kukunakuwaza. Mazima Ffe tumanyi bye bakisa ne bye booleka.

twamutonda mu ttondo ly'amazzi agazaala, okwejjuukiriza ng'ate ve ow'olwaatu.

ako, kyokka neyeerabira okutondebwa kwe, n'agamba nti: Ani alizuukiza amagumba nga gamaze okusensebuka?

ogwasooka y'aligazuukiza era Ye y'amanyi obulungi buli kitonde.

وَ لَوْ نَشَآءُ لَمَسَخُنْهُمْ عَلَى مَكَانَتِهِمْ Bara singa twayagala, twalibasibidde mu ﴿ فَمَااسْتَطَاعُوا مُضِيًّا وَّلَا يَرْجِعُونَ ١٠٠

> وَمَنْ نُّعَمِّرُهُ نُنكِيشهُ فِي الْخَلْقِ مِ آفَلًا يَعْقَلُوْنَ 🕦

> وَمَاعَلَّمْنُهُ الشِّعْرَوْمَا يَنْبَغِيْ لَهُ الْ هُوَ اللَّاذِ حُرُّرَّ قُوْاكَ مُّبِينَ ﴾

لِّيُسْنَذِرَمَنْ كَانَ حَيَّاةً يَحِقَّ الْقَوْلُ عَلَى

أيدِيْنَآانْعَامًا فَهُمْلَهَا مَالِكُونَ 73. Era twabibagondeza balyooke beebagale وَذَ لَكُنْهَا لَهُمْ نَمِنْهَا رَكُوْ بُهُمْ وَمِنْهَا وَاكُلُونَ اللهِ

74. Era babirinamu n'emigaso emirala mingi كَ لَهُمْ نِيْهَا مَنَافِعُ وَ مَشَارِبُ مَا فَكُر تشكرون

يُنْصَارُوْنَ۞

لَا يَسْتَطِيْعُونَ نَصْرَهُ مُ اوَ هُمْ لَهُمْ لَهُمْ اللهِ مُ اللهِ مُعْدَلِهُمْ مَا 16. Tebasobola kubayamba wabula ate bo **كُنْدُّ مُّحْضًرُوْنَ**۞

﴿ فَلَا يَحْزُنْكَ قَوْلُهُمْ مِنَّا نَعْلَمُ مَا يُسِرُّوْنَ وَ مَا يُعْيِنُوْنَ ۞

78. Abaffe, omuntu talaba nga bwe أَوْ لَمْ يَكِرُ الْاِنْسَانُ ٱنَّا خَلَقْنُهُ مِنْ نُطْفَةٍ فَإِذَا هُوَ خَصِيْمُ مُّبِيْنُ

رَضَرَبَ لَنَا مَنَـ لَرٌ ذَّ نَسِيَ خَـلْقَهُ وقَالَ -79. Era ateekawo n'ebyokutugerageranyiza مَنْ يُنْحِي الْعِظَامَ وَهِي رَمِيْمُ

80. Gamba nti: Oyo eyagatonda omulundi عُلُ يُحْيِيْهَا الَّذِينَ ٱنْشَاكُمَا آوَّلَ مَرَّقِ وَ هُوَ بِكُلِّ خَلْقِ عَلِيْمُ اللهُ اللَّذِيْ جَعَلَ لَكُمْرِضَ الشَّجَرِ الْكَخْصَ السَّالِكِي السَّجَرِ الْكَخْصَ السَّالِيَّ اللَّهُ اللَّهُ ال mmwe kwe mukoleeza.

y'atasobola kutondayo babafaanana? Anti ddala Ye ye Ssaabatonzi, Omumanyi wa قَ مِثْلَهُ هُوَ اللهُ عَلَى وَهُوَ byonna.

ayagadde ekintu kyonna, kale akigamba bugambi nti: Ba! olwo ne kitandika okuba.

84. Kale Omutukuvu y'Oyo alina mu mukono gwe obuyinza bwa buli kimu era gy'ali mwenna gye mulizzibwa.

نَارًا فَاذَا آنْتُمْ مِنْهُ ثُوْقِ

اَوَكَيْسَ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمُونِ وَالْآرْضَ Ra. Abaffe, Oyo eyatonda eggulu n'ensi أَوَكَيْسَ النَّذِيْ خَلَقَ السَّمُونِ وَالْآرْضَ atasobola kutondayo bahafanana?

اِنَّمَا اَصُرُهُ إِذَا آرَا كَ شَيْعًا آنْ يَتَقُولَ لَـ فَ nga إِنَّمَا اَصُرُهُ إِذَا آرَا كَ شَيْعًا آنْ يَتَقُولَ لَـ فَ nga المُعَامِينِ المُعَمِينِ المُعَامِينِ المُعَمِّمِ المُعَمِّمِ المُعَامِينِ المُعَامِينِ المُعَلِّينِ المُعَامِينِ المُعَمِّمِ المُعَامِينِ المُعَامِينِ المُعَلِّينِ المُعَامِينِ المُعَمِّمِ المُعَامِينِ المُعَامِينِ المُعَمِّمِ المُعَامِينِ المُعَمِّمِ المُعَمِّمِ المُعَمِمِينِ المُعَمِّمِ المُعَمِينِ المُعَمِينِ المُعَمِّمِ المُعَمِّمِ المُعَمِّمِ المُعَمِ

ا شَيْء وَالَيْهِ تُرْجَعُون اللهِ





AL-SĀFFĀT

(Yakka lubeberye lwa Hijra)

1.	Ku	lw'erinny	ya Iya	Allah,	Omusaasizi
enny	yo, (Ow'ekisa	ekingi		

- 2. Njuliza abo abasimba ennyiriri olusimba,
- 3. Olwo nebatwala abalabe ekirinnyamutikka,
- 4. Ate nebasoma okubuulirirwa okuli mu Kur'āni Ekijiukiza.
- 5. Mazima Omusinzibwa wammwe ali Omu yekka,
- 6. Mukama w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri رَبُّ السَّلَ مُواتِ وَالْاَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا wakati wa byombi era ye Mukama w'ebuvanjuba yonna.
- w'ebuvanjuba yonna. وَرَبُ الْمَشَارِقِ فَى الْمُسَاءِ الدُّنْيَا بِزِيْنَةِ Mazima twawunda eggulu ly'okumpimpi إِنَّا زَيَّنَا السَّمَاءَ الدُّنْيَا بِزِيْنَةِ n'amatiribona g'emmunyeenye, الكواكب ال
- 8. Era netulikuuma ku buli Sitaani omujeemu.
- lw'oku ntikko ne bwe zigezaako zitya era zikasukirwa kibonoomu okuva buli ludda.
- 10. Nga zisindiikirizibwa, era zirina n'ekibonerezo eky'olubeerera.
- obunyakuzi, alondoolwa kibonoomu ayakaayakana.
- kola by'ebisinga obugumu oba Ffe bye twatonda? Mazima bo twabatonda mu طِيْكِ budongo obukwatira.
- 13. Ddala ggwe weewuunya, bajerega bujerezi.
 - 14. Ate bwe babuulirirwa, tebafaayo.
- 15. Era ne bwe balaba akabonero konna, bajerega bujerezi.
- 16. Nga bagamba nti: Kino si kirala wabula kubuzaabuza kwa nkukunala.
- okufa nga tufuuse ttaka na magumba, ddala

في بشمرالله الرَّحُمُن الرَّحِيْمِ ()

وَالصَّفَّتِ صَفًّا أَنَّ

فَالزُّجِرْتِ زَجْرًا ﴿

فَالتَّلِيْتِ ذِكْرًا أَ

ات الهكم كواحد في

وَحِفْظًامِّنْ كُلِّ شَيْطُنِ مَّارِدِ أَن

9. Sitaani teziyinza kuwuliriza mu lukiiko لَا يَشَمَّعُونَ إِلَى الْمَلَارِ الْآعْلَى وَيُقَدَّ فُوْنَ ڡۣڽٛػؙڷۣۼٙٳڹۑؚڽٛ

دُحُوْرًا وَلَهُمْ عَذَاكُ وَاصِكُ اللهِ

الله مَنْ خَطِفَ الْخَطْفَةَ فَأَتْبَتَهَ شِهَابُ 11. Wabula buli agezaako okunyakula تَاقِبُ 🕦

12. Kale babuuze nii: Abaffe, bo bye ba- ثَمْ مَا لَقَا اللهُ مَا اللهُ عَلَى اللّ خَلَقْنَا مِ إِنَّا خَلَقْنُهُ مُ مِنْ تلازب()

بَلْ عَجِبْتَ وَ يَشْغَرُونَ ﴿

وَ إِذَا ذُجِّرُوا لَا يَتُكُرُونَ ١٠

وَ إِذَا رَآوًا أَيَّةً يُّسْتَسْخِرُونَ ١٥٠٥

وَ قَالُوْا إِنْ هَٰذَاۤ إِلَّا سِحْرُ مُّبِينٌ أَمُّ

عَ إِذَا مِتْنَا وَكُنَّا تُرَامًا وَّعِظَا مًا ءَ إِنَّا السَّاعَ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ اللَّهُ عَلَى اللَّهُ

ate tulizuukizibwa?

المَنعُة ثُونَ اللهِ

18. Kazzi mbu ne bakitaffe ab'edda naho?

Gamba nti: Yee! Era muliswazibwa.

تُل نَعَمْ وَ آنْ تُمْ دَاخِرُونَ أَنْ

قِائَمَا هِيَ زَجْرَةٌ وَاحِدَةً قَاذَا هُـهُ عَلَى (20. Kale ddala lwo luliba olukowoola lumu, قَاتَمَا هِيَ okwejjuukiriza nga batunula! تنظر ون ا

وَقَالُوا لِوَيْلَنَا هٰذَا يَوْمُ الرِيْنِ 21. Era baligamba nti: Zitusanze! Mazima luno lwe lunaku lw'okusasulwa.

كُنُّا يَوْمُ الْفَصْلِ الَّذِي كُنْتُمْ بِمِ 22. Luno lwe lunaku lw'okulamula lwe mwali mulimbisa.

Ruku 2

اُحْشُرُواالَّذِيْنَ ظَلَمُوْاوَآزُوَاجَهُ وْوَمَا -Mu (23. Ba malayika baligambibwa nti: Mu kung'aanye abo abaavonoona كَانُوا يَعْبُدُونَ شَ bannaabwe n'ebyo bye baasinzanga

مِنْ دُوْنِ اللَّهِ فَا هَدُوْهُ مُرالِي صِرَاطِ 24. Ebbali wa Allah; kale muboolekeze eri ekkubo ly'omuliro; الجَحِيْمِ

25. Era mubayimirize, kuba ddala bateekwa okubuuzibwa.

وَقِفُوْ هُ هُ إِنَّا هُمْ مَّشَّعُوْلُوْنَ ۞

26. Balibuuzibwa nti: Mubadde ki, nga temuyambagana?

مَا تُكُمْ لَا تَنَاصَرُوْنَ 😙

27. Naye nno kw'olwo balijeemulukukira ddala.

بَتْلُ هُمُ الْيَوْمَ مُشْتَسْلِمُوْنَ ﴿ آقْتِلَ بَعْضُهُمْ عَلْ

قَالُوا بَلْ لَهُ تَكُونُوا مُؤْمِنِيْنَ ﴿

كُنْ تُمْ قَوْمًا طِغِيْنَ ۞

28. Era balyolekagana bokka na bokka بعثون nga bwe basimbagana ebibuuzo.

يَّ تَسَاءَ تُونَ الْهُ مُكُنْ تُكُمْ تَاتُوْنَنَا حَنِ -29. Baligamba nti: Mazima mmwe mwa قَالُوْا إِنَّكُمْ كُنْتُمْ تَاتُوْنَنَا حَنِ -29. Baligamba nti: Mazima mmwe mwa اليمين

tufulumanga ku ddyo.

30. Balibaddamu nti: Nedda. bennyini mmwe mutaali bakkiriza.

31. Kuba ffe tetwalina buyinza bwonnaku وَمَاكَانَ لَنَاعَلَيْكُمْ مِّنْ سُلْطَنِ مِبُلْ mmwe; wabula mmwe bennyini mwali bantu bajeemu.

32. Kale kati ensala ya Mukama waffe emaze okutukakatako, tuteekwa buteekwa okuloza ku kihonerezo.

33. Temutunenya, twababuza kuba naffe

فَحَقَّ عَلَيْنَا قَوْلُ رَبِّنَا ﴿ إِنَّا

فَآغْوَ يَنْكُمْ إِنَّا كُنًّا غُويْنَ @ twali babuze. غَا نَّهُ هُ يَوْمَيُذٍ فِي الْعَذَابِ مُشْتَرِكُوْنَ ﴿ 34. Kale abo kw'olwo be baliba mu kibonerezo nga bali bumu.

35. Mazima bwe tutyo bwe tuyisa aboonoonyi.

nti: Teri Musinzibwa mulala okuggyako Allah, nga beekuluntaza.

37. Era nga bagamba nti: Abaffe, tulekeyo وَيَقُولُونَ آئِئًا لَتَا رِكُوْ الْلِهَتِتَا لِشَاعِرٍ bakatonda baffe olw'omuviiya w'ebitontome omulogovvu?

بَكْ جَآءَ بِالْحَقِّ وَصَدَّقَ الْمُرْسَلِيْنَ ﴿ 38. Ddala oyo gwe mujerega y'aleese amazima ﴿ الْمُرْسَلِيْنَ ﴿ 39. Ddala oyo gwe mujerega y'aleese amazima n'akakasa n'obutuufu bw'Abatume bonna.

baabwe, abalibanga luulu enkusike.

26. Era baliyolekagana bokka na bokka nga بتشيق beewuunaganya.

اِتًا كُنَّا قَبُلُ فِيْ آهُلِنَا عَلِينًا عَبُلُ فِي آهُلِنَا عَبُلُ فِي آهُلِنَا عَبُلُ فِي آهُلِنَا عَبِلُ berye bwe twabanga mu baffe twatyanga nnyo Allah okutusunguwalira.

28. Kale ne Allah n'aba wa kisa gye tuli عَذَات عَادَنا وَ وَقُنا عَذَات اللهُ عَلَيْنا وَ وَقُنا عَذَات n'atuwonya ekibonerezo ky'olubabu.

رَبًا كُنَّا مِنْ قَبْلُ نَدْعُوْهُ وَإِنَّهُ هُوَ الْبَرُّ يَعِي Mazima n'olubereberye, ffe Ye gwe twalaajaniranga. Ddala Ye ye Mulungi ennyo, ow'ekisa ekingi.

Ruku 2 toli mugwi wa ddalu.

آهُ يَقُوْلُونَ شَاعِرٌ نَّتَرَبَّصُ بِهِ رَيْبَ wa بِي كَارَبَّصُ بِهِ رَيْبَ 31. Kazzi bagamba nti: Muyiiya wa bitontome, tumulindiriza kiseera eky'akabi?

32. Gamba nti: Kale mulindirire! Nange ndi مَنْهُمْ وَقَانَ wamu nammwe mu balindirira.

20. Baligambibwa nti: Mulye era munywe كُلُوْا وَ اشْرَبُوْا هَزِيْنِكُا رِبِمًا كُنْتُمْ

مُتَّحِيْنَ عَلَى سُرُدٍ مَّصْفُوْنَةٍ ۽ وَ 21. Nga bagalaamiridde ku ntebe empunde زَوَّ عِنْهُمْ بِحُوْرِ عِيْنِ

> بِإِيْمَانٍ ٱلْحَقْنَابِهِمْ ذُرِّيَّتُهُمُ وَمَّآ ٱلتَنْهُمْ قِنْ عَمَلِهِمْ مِنْ شَيْءٍ الْكُلُّ امْرِيًّ بِمَا كَسَبَ رَهِيْنَ ﴿

23. Era tulibongera ebibala n'ennyama eya وَ آَهُدَهُ نِهُمْ مِفَاكِهَةٍ وَ لَحْمِ مِّمَّا كشتهون

يَتَنَا زَعُونَ فِيْهَا كَأْسًا لَّا لَغْوُ فِيْهَا وَلَا

وَيَطُوْنُ عَلَيْهِمْ غِلْمَانٌ تَهُمْ كَأَنَّهُمْ عُلَالُهُمْ عُلَيْهِمْ غِلْمَانٌ تَهُمْ كَأَنَّهُمْ عِلْمُاك

وَ ٱقْبُلَ بَعْضُهُمْ عَلَى

- 33. Abaffe, amagezi gaabwe ge gabalagira هُمُ اَ مَا مُهُمْ اَ مُلَا مُهُمْ اِلْمُ اللَّهُ مُ اللَّهُ اللَّهُ مُ اللَّهُ مُلْ اللَّهُ مُ اللَّهُ مُ اللَّهُ مُ اللَّهُ مُلْ اللَّهُ مُلْكُمُ اللَّهُ مُلْمُ اللَّهُ مُلْمُ اللَّهُ مُ اللَّهُ مُلْمُ اللَّهُ مُلَّا مُلّلِهُ مُلْمُ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُلْمُ مُن اللَّهُ مُلْمُ اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُلْمُ اللَّهُ مُلْمُ اللَّهُ مُلْمُ مُلْمُ اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُلْمُ مُلَّا مُلَّا مُعُلِّمُ مُلْمُ مُلْمُ مُلْمُ مُلْمُ مُلْمُ مُلْمُ مُلْمُ مِن اللَّهُ مِن اللّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّالِمُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مِن اللَّهُ مُلْمُ مُلْمُ مُلْمُ مِ قَوْمٌ طَاغُونَ شَ
- 34. Nandiki, bagamba nti: Kur'āni ﴿ وَمُنُونَ تَقَوَّلَهُ مِبُلُلَّا يُوُمِنُونَ وَعَالَيْكُم بِلُونَ تَقَوَّلُهُ مِبُلُلِّا يُومُ وَمُنُونَ وَعَالِم اللهِ اللهُ اللّهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ الله
- عَلْيَا أَتُوا بِحَدِيْثِ مِّشْلِهَ إِنْ كَا نُوْا مِعَامِينَا تُوا بِحَدِيْثِ مِّشْلِهَ إِنْ كَا نُوْا مِعَام kino, obanga boogera mazima.
- oha bo be batonzi?
- 37. Nandiki be baatonda eggulu n'ensi? Nedda, tebalina bukakafu.
- 38. Abaffe, bo be balina amawanika ga الْمُدُونُ وَيِّلُكُ اَوْنُ وَيِّلُكُ الْمُورُ مُعَوِّلًا عَلَيْهُ الْمُعَالِقُ الْمُوْمُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِينَ الْمُعَالِقُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَالِقُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَالِقُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَلِّعُ اللَّهُ الْمُعَلِّمُ اللَّهُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَالِقُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِّعُ الْمُعَلِّعُ الْمُعِلِيعِ الْمُعَالِقُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِّمُ اللَّهُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِّمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ الْمُعَلِمُ اللَّهُ الْمُعِلِمُ الْمُعِمِ الْمُعِلِمُ الْمُعِلِمُ الْمُعِلِمُ الْمُعِلِمُ الْمُعِلِمُ ال
- 39. Nandiki, balinawo amadaala ge bawuliririzaako ebifa mu ggulu? Kale omuwuliriza waabwe aleete obukakafu obw'olwaatu.
- 40. Abaffe, Ye y'alina abaana abawala, mmwe nemuba n'abalenzi?
- 41. Nandiki obasabye mpeera nti bazitoowererwa bbanja?
- 42. Oba balina okumanya kw'ebyenkiso nti kati bo bye bawandiika?
- abatakkiriza okwekoba kwabwe ate kuddira
- Allah? Omutuukirivu ye Allah ali waggulu ennyo n'ebyo bye benkanya naye!
- 45. Era bwe balaba ekibajjo ekiva waggulu وَإِنْ يَّرُوا كِسُفًا مِنَ السَّمَآءِ سَاقِطًا nga kigwa, bagamba nti: Ebire by'enkuba binaatera okwetuuma.
- 46. Kale ggwe baleke okutuusa lwe balisisinkana n'olunaku lwabwe olwo lwe balikubirwamu eraddu.
- kutaligasa n'akatono, wadde tebaliyambibwa.
- 48. Era ddala abo abakola ebibi, balinayo n'ekibonerezo ekirala ebbali w'ekyo. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

آه خُلِقُوْا مِنْ غَيْرِ شَيْءٍ آهُ هُمُ 36. Nandiki, baatondebwa lwa bweerere الْمَالِقُهُ نَنَ اللَّهُ الْمُعَالِقَهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللّ

آهُ خَلَقُوا السَّمُونِ وَالْاَرْضَ مِيلَكُمْ

الْمُطِّيْطِرُوْنَ ﴿

آهُ لَـهُمْ سُلَّمُ يُسْتَمِعُونَ فِيْهِ ، فَلْيَاْتِ مُشتَمِعُهُمْ بِسُلْطَٰنِ مُّبِيْنٍ ﴿

آهُ لَهُ الْبَيْنَ وَ لَكُمُ الْبَيْنُونَ ٥

آهُ تَسْتَلُهُ هُ آجُرًا فَهُمْ مِنْ مَّخْرَمِ

آهُ عِنْدَهُمُ الْغَيْثِ فَهُمْ يَكُتُبُونَ أَنْ

اَمْ يُرِيدُونَ كَيْدًا مِنَا لَيْزِينَ كَفَرُوا هُمُ Anti era المَّذِيْنَ كَفَرُوا هُمُ 43. Nandiki, baagala kwekoba? Anti era المحيد ونش

عَمًّا يُشْرِكُونَ

يَّقُولُوا سَحًا كِ مُّرَكُومُ

فَذَرْهُمْ حَتَّى يُلْقُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي فثبه يُشعَقُونَ ١

يَوْمَ لَا يُغْنَيْ عَنْهُمْ كَيْدُهُمْ شَيْعًا وَّ 47. Olunaku okwekoba kwabwe lwe كَا هُمْ يُنْصَرُونَ۞

> وَإِنَّ لِلَّذِيْنَ ظُلُّمُوْا عَذَابًا دُوْنَ ذٰلِكَ وَلَكِنَّ ٱكْثَرَهُمْ لَا يَعْلَمُوْنَ ۞

49. Kale lindirira okusalawo kwa Mukama wo, mazima gwe oli mu bulabirizi bwaffe; era tendereza nnyo n'amatendo ga Mukama wo buli lw'ogolokoka,

50. Era ne mu kitundu ekimu eky'ekiro mutenderezenga nnyo, n'awo emmunyeenye we zigwiira.

وَاصْدِرْ لِمُصْمِرْ رَبِّكَ فَاتَكَ مِا عَيُنِنَا وَ سَبِّحْ رِيحَمْدِ رَبِّكَ حِيْنَ تَقُومُ اللهُ وَمِنَ الْكُورُمِ اللهُ وَمِنَ اللهُ وَمِنْ اللهُ وَمِنَ اللهُ وَمِنَ اللهُ وَمِنَ اللهُ وَمِنْ اللهُ وَاللهُ وَمِنْ اللهُ وَاللَّهُ وَمِنْ اللَّهُ وَمِنْ اللَّهُ وَمِنْ اللَّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمُنْ اللّهُ وَمُنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمُنْ اللّهُ وَمُنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَمِنْ اللّهُ وَاللّهُ وَالْمُولُولُولُولُولُولُولُ وَاللّهُ وَاللّهُ وَالمُعْلِمُ وَالمُولُولُولُولُولُولُولُولُولُ

سُوَيَّةُ النَّجْ مِ مَلِّيَةُ ٢٥



AL-NAJM

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza emmunyeenye awo nga egwa,
- 3. Munnammwe tabulanga wadde tawabanga,
- 4. Era tayogera lwa kweyagalira.
- 5. Ebyo si kirala wabula kwe kubikkulirwa okubikkulwa *Allah*.
 - 6. Ow'amaanyi amasukkirivu y'amuyigiriza,
- 7. Nannyini maanyi ag'ensusso. Bw'atyo eyatebenkera *ku Nnamulondo ye*.
- 8. Era *y'eyamubikkulira* nga ali ekkuzimu esingira ddala obutumbiivu.
- 9. N'oluvannyuma yasembera nnyo *eri Allah*, olwo ate n'akkirira *eri ebitonde*,
- 10. Kale n'aba ng'akagwa akali ku mitego gy'obusaale ebiri, oba okumpi ennyo okusingawo.
- 11. Olwo n'abikkulira Omuweereza we ebyo bye yabikkula.
 - 12. Omwoyo *gwa Mutume* tegwalimbamu kw'ebyo bye yalaba.
- 13. Abaffe, era munaamuwakanya kw'ebyo bye yalaba?
- 14. Era ddala yamulaba ne mu kukka okulala.
- 15. Okumpi *n'omuti gwa* Sidiri ogukomererayo.
- 16. Okumpi na gwo we wali Janna y'amaka ag'olubeerera.
- 17. Ekyo kyaliwo awo ng'ekisaanikira Sidiri kigisaanikidde.
- 18. Eriiso teryawubwa wadde teryalaba-nkana.
- 19. Mazima yalabira ddala obubonero bwa Mukama we obusingira ddala obukulu.

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمُونِ الرَّحِيْمِ ()

النَّجْمِرِ إِذَا هَوْى ﴿
مَا صَلَّ صَاحِبُكُمْ وَمَا غَوْى ﴿
وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوْى ﴿
وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوْى ﴿
إِنْ هُوَ إِنَّا وَشَيِّ يُتُوخِي ﴾

عَلَّمَةُ شَدِيدُ الْقُوى ﴿
عَلَّمَةُ شَدِيدُ الْقُولِ ﴿
حُوْمِ رِّيَةٍ * فَاسْتَوْى ﴿
وَهُوبِ الْمُ فُولِ الْاَعْلِ ﴿
ثُمَّةَ ذَنَا فَتَدَلَّ لَنَّ الْاَعْلِ ﴿
فَكَانَ قَابَ قَوْسَيْنِ اَوْ اَدْنِى ﴿

فَاوَخِي إِلَى عَبْدِهٖ مِنَ اَوْخِيْ اللهُ عَبْدِهٖ مِنَ اَوْخِيْ اللهُ عَبْدِهٖ مِنَ اَوْخِيْ اللهُ مَا كَذَايُ اللهُ اللهُ

مَّا زَاخَ الْبَصَرُ وَ مَا لَمَغِي ﴿

رِ ذَ يَغْشَى السِّدْرَةَ مَا يَغْشَى السِّدْرَة

كَقَدْ رَأْى مِنْ أَيْتِ رَبِّهِ الْكُبْرَى

20. Abaffe, mubalabye: Lāti * ne 'Uzza? *

21 N'omulala Manāti * owokusatu?

22. Abaffe, mmwe mulina ab'obulenzi, Ye alina ba buwala?

23. Mazima okwo nno kugabanya kwa kiryazaamaanyi!

ge mwatuuma mmwe ne bakitammwe. Allah tagassangako bukakafu bwonna. Tebagoberera kirala wabula kuteebereza, n'ebyo emyoyo *gyabwe* bye gyagala; so nga الْأَنْفُسُ * وَ لَقَدْ كِمَاءَهُمْ رَبِّنَ رَبِّهِمُ ddala baatuukibwako obulung'amu obwava eri Mukama waahwe.

25. Abaffe, omuntu ayinza okufuna buli kye yeegomba?

26. Kale eby'enkomerero n'eby'oku nsi bya Allah. Ruku 2

27. Ye ba malayika bameka abali mu ggulu *nave nga* okuwolereza kwabwe شَفَاعَتُهُمْ شَيْعًا إِلَّا مِنْ بَعْدِ آنْ يَاذَنَ kwabwe وَمَنْ بَعْدِ آنْ يَاذَنَ الْعَامِينِ الْعَامِ الْعَامِينِ اللَّالِ اللَّهِ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهِ اللَّهُ اللّلْمُ اللَّهُ ال nga Allah amaze kukkiriza oyo gw'aba ayagadde era ng'asiimye?

ddala be batuuma ba malayika amannya المُنْ الْمُنْ الْمُلْمُكُةُ تَسْمِيدًا لَا نُشْرَاهُمُ اللَّهُ اللَّ g'ekikazi,

29. So nga ekyo tebalina kye bakimanyiiko. Tebagoberera kirala wabula okuteebeeka; naye ddala okuteebeeka tekugasa n'akatono awali amazima.

Okubuulirira kwaffe era atanoonya kirala okuggyako obulamu bw'ensi.

Mazima Mukama wo y'asinga okumanya مَعْلَمُ عَنْ سَيِيْلِمِ وَهُوَاعْلَمُ وَمُواعَلَمُ اللَّهُ عَنْ سَيِيْلِمِ وَهُوَاعْلَمُ الْعَلَمُ وَمُواعِدًا وَهُوَاعْلَمُ اللَّهِ اللَّهُ عَنْ سَيِيْلِمِ وَهُوَاعْلَمُ اللَّهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهِ اللَّهِ عَلَمُ اللَّهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهِ عَلَيْهُ اللَّهِ اللَّهِ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَّهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَي okumanya oyo agoberera obulung'amu.

32. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah, n'ekivaamu asasula abaayonoona okusinziira ku bye baakola; n'asasula n'abo abakola ebirungi ng'abasasula ebyo ebisingira ddala obulungi.

أَفُرَ آيْتُمُ اللَّتُ وَالْحُرِّي اللَّهِ و مَنوة الثَّالِئَة الأخْرى ٱلكُمُ الذَّكَارُ وَلَهُ الْأُنْثَى ١ تِلْكَ إِذًّا يِسْمَةً ضِيْزَى ﴿

رِانَ هِيَ إِلَّا ٱشَمَاءُ سَمَّيْتُهُمُوْهَا ٱنْتُمْ وَ 24. Ago si kirala wabula mannya bunnya أَبَا وُكُمْ مَّا آثْزُلَ الله بِهَا مِنْ سُلطن، إِنْ يَتَنْبِعُوْنَ إِلَّا الظَّنَّ وَ مَا تَهُوَى الشري (١٠)

> آهُ لِلْائْسَانِ مَا تَمَثَّى أَمُّ ع خيشواكا خِرة و الأولى

وَكُمْ مِنْ مُلَكِ فِي السَّمْوْتِ لَا تُغْنِيْ الله لِمَنْ يُشَاءُ وَيَرْضَى

راتًا الَّذِيْنَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْأَرْحِرَةِ 28. Mazima abo abatakkiriza nkomerero وَمَا لِهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمِ انْ يَتَّبِعُونَ رِالَّا الظُّنَّ مِ وَإِنَّ الظُّنَّ لَا يُغْنِي مِنَ الْحَقِّ

عَا عَنْ مِنْ تَوَلَّى لا عَنْ ذِكْرِنَا وَ amabega eri فَأَعْرِضْ عَنْ مِّنْ تَوَلَّى لا عَنْ ذِكْرِنَا وَ لَهُ يُرِدُ إِلَّا الْعَيْوِةَ الدُّ نَيَّالَ

ذَالِكَ مَبْلَغُهُمْ مِينَ الْعِلْمِروانَّ رَبَّكَ هُوَ Marima Mukama mu kumanya. ذَالِكَ مَبْلَغُهُمْ مِينَ الْعِلْمِروانَّ رَبَّكَ هُو ر بمن اهتدى ا

> وَ بِلَّهِ مَا فِي السَّمَوٰتِ وَ مَا فِي الْأَرْضِ ا لِيَجْزِيَ الَّذِيْنَ اسَّأَءُوْا بِمَا عَيِمُوْا وَ يَجْزِي الَّذِينَ آحُسَنُوا بِالْحُسْنِي ﴿

33. Abo abeewalira ddala ebibi ebinene آگذین بھتنیہ ن کلٹ اکر ثیم و الْفَوَاحِشَ إِلَّا اللَّمَمَ وَالَّ رَبَّكَ وَاسِعُ Obusobyosobyo obuyitira — mazima الْفَوَاحِشَ إِلَّا اللَّمَمَ وَالَّ رَبَّكَ وَاسِعُ n'ebyambyoone—okuggyako الْمَخْفِرَةِ مُو آعْلَمُ بِكُمْ إِذْ ٱنْشَاكُمْ مِلْمُ الْمُعْفِرَةِ مُو الْمُعْفِرَةِ مُو الْمُعْلِمُ اللهِ okugazi. Ye mmwe y'asinga okubategeera okuviira ddala awo we yabatondera mu nsi era n'awo nga mukyali ttutumba mu za bannyammwe. Kale nno temwetukuzatukuzanga, Ye y'asinga okumanya oyo atya Allah.

Ruku 3

- 34. Abaffe, omulabye oyo akubayo amabega,
- 35. N'atoola katono, n'akodowala?
- 36. Abaffe, alinayo okumanya kw'ebyenkiso, bw'atyo asobola okulaba ebijja?
- 37. Abaffe, teyategeezebwa kw'ebyo ebiri mu biwandiiko bya Mūsa
- 38. Ne Ibrāhīmu oyo eyatuukiriza endagaano?
- 39. Nti tewali mwetissi yenna alyetikka buzito bwa mulala:
- 40. Era nti omuntu talifuna kyonna okuggyako ekyo ky'atakabanidde;
- 41. Era nti ddala okufuba kwe mangu nnyo kujja kulabwa;
- 42. N'oluvannyuma alisasulwa empeera enzijuvu;
- 43. Era ddala eri Mukama wo v'eri enkomerero ya buli kimu;
- 44. Era nti ddala Ye y'asesa era y'akaabya;
- 45. Era nti ddala Ye y'afiisa era y'awa obulamu;
- 46. Era nti ddala Ye y'eyatonda ebibiri ebibiri, ekisajja n'ekikazi,
- 47. Okuva mu ttondo ly'amazzi agazaala awo nga liyiibbwa;
- 48. Era nti ddala n'okutonda kw'oluvannyuma kuli ku Ye;
- 49. Era nti ddala Ye y'agaggawaza era y'amatiza;
- 50. Era Ye Mukama nti ddala w'emmunyeenye Shi'rā;
- 51. Era nti ddala y'eyazikiriza aba 'Adi abaasooka.

صِّنَا الْا رْضِ وَإِذْ آنْ تُهُ آجِنَّةً فِي بُطُوْنِ أُمَّهٰ يَكُمْ م فَلَا تُزَكُّوا النَّفْسَكُمْ م هُوَ ﴿ آعْلَمُ بِمَنِ اتَّقَىٰ ۖ

آفَرَءَ يُتَ الَّذِيْ تَوَكُّولُ وَآعْطَى قَلِيْلاً وَّ آكُذى ۞ آعِنْدُ لَا عِلْمُ الْغَيْبِ فَهُو يَرْي 🗇 آهُ لَـ هُ يُنتِبُّ إِمِمَا فِيْ صُحُفِهُ مُوسَى اللهِ وَإِيْرُهِيْمُ الَّذِي وَفَّى اللَّهِ آگم تَزِرُ وَازِرَةً وِرْزَرُ أَخْرِي اللهِ وَآنَ تُنِسَ لِلْهِ نُسًا بِ إِلَّا مَا سَلَّى اللَّهِ مَا سَلَّى اللَّهِ مَا سَلَّى اللَّهِ وات سعية سون في يراى ال ثُمَّ يُجْزِمهُ الْجَزَّاءُ الْأَوْفَى اللَّهُ وَآنَ إِلَى رَبِّكَ الْمُنْتَهٰي اللهُ وَمِنْ اللهُ وَمِنْ اللهُ وَمِنْ اللهُ وَمِنْ اللهُ وَاللَّهُ وَٱنَّهُ هُوَ آضْحَكَ وَٱبْكُي اللَّهُ وَٱتَّهُ هُوَ آمَاتُ وَآخِيانُ وَ ٱنَّهُ خَلَقَ الزَّوْجَيْنِ الذَّكَرَ وَ مِنْ نُطْفَةِ إِذًا تُمْنَى ﴿ وَآنَّ عَلَيْهِ النَّشَاةَ الْأُخْرِي ﴿ وَ أَنَّكُ هُو أَغْنَى وَ أَقْنَى اللَّهِ و آنيَّهُ هُو رَبُّ الشِّعْرِي الْ وَٱتَّـٰهُ ٱهْلَكَ عَادَالَ الْأُوْلُ اللَّهِ

52. N'aba Thamūda teyalekawo n'omu,

53. N'abantu ba Nūhu olubereberye — ddala bo baali boonoonefu nnyo, nga bajeemu nnyo —

54. N'ebibuga ebyavuunikibwa y'eyabisuula.

55. Kale nekibisaanikira ekyo ekyabisaanikira.

56. Kale ate kiki ky'owakanya ku byengera bya Mukama wo?

57. Ono ye Mulabuzi ali mu Balabuzi ab'olubereberye.

58. Essaawa ey'okusembera esembedde.

59.Teriiko ayinza kugiggyawo okuggyako Allah.

60. Abaffe, ekigambo kino kye mwewuunya?

61. Nemuseka busesi, nemutakaaba?

62. Era ne mutafa nayo?

63. Kale muvuunamire Allah era gwe mubanga musinza.

وَثَمُوْدَا فَمَا اَبْقَى ٥ وَتَوْمَنُوْمِ مِنْ قَبُلُ الْقَهُمْ كَانُواهُمْ اَظْلَمَ وَالْمُؤْتَوْكَةَ اَهُوٰى ٥ وَالْمُؤْتَوْكَةَ اَهُوٰى ٥ فَخَشْمَهَا مَا غَشْى ۉ فَنِهَ يَ الْآءِ رَبِّكَ تَتَمَالُى ۉ فَيِهَ يِ الْآءِ رَبِّكَ تَتَمَالُى ۉ هُذَا نَوْيَرُ مِنَ النَّذُرِ الْأُوْلِ ۉ اَوْفَتِ الْآوْفَةُ ۗ۞ اَوْفَتِ الْآوْفَةُ وَنِ اللهِ كَاشِفَةً ۞ اَفَمِنْ هُذَا الْمَدِيثِ تَعْجَبُونَ ۞ وَتَشْمَعُونَ وَلَا تَبْكُونَ ۞ وَتَشْمَعُونَ وَلَا تَبْكُونَ ۞ وَتَشْمَعُونَ وَلَا تَبْكُونَ ۞





AL-QAMAR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Essaawa esembedde, n'omwezi gwabiseemu.
- bayo mabega nebagamba nti: Bulogo bwa lutentezi.
- 4. Nebalimbisa era okwagala kwabwe. Naye buli kiragiro kiba n'ekiseera ekigere.
- amakulu ago agalimu okulabula —
- 6. Nga magezi majjuvu, naye okulabula tekugasa gye bali.
- 7. Kale ggwe baleke okutuusa olunaku Omukoowoozi lw'alikoowoola abantu eri ekintu ekitakkirizika.
- 8. Amaaso gaabwe galitunula wansi. Baliva mu ntaana nga balinga enzige ezisaasaanye,
- 9. Nga beeyuna eri Omukoowoozi. Abatakkiriza baligamba nti: Luno lunaku lukakanvavu.
- 10. Abantu ba Nühu abaabakulembera baalimbisa obubaka era nebalimbisa n'Omuwereza waffe, nebagamba nti mulalu era alumbiddwa ba lubaale.
- 11. Kale yasaba Mukama we nti: Ddala nze mpanguddwa, naye yamba!
- 12. Kale netuggulawo enzigi z'ebire n'amazzi agafukumuka:
- 13. Era netuvuuguula ensulo mu nsi, amazzi negasisinkana olw'ensonga eyali emaze okugerekebwa.
- 14. Era *Nūhu* netumusitulira mu *kyombo* eky'embaawo n'emisumaali.
- 15. Nga kiseeyeeya na kulabirira kwaffe, nga y'empeera y'oyo eyagaanibwa.

- بِشمِ اللهِ الرَّحْمُ فِي الرَّحِيْمِ () اِقْتَرَبِّتِ السَّاعَةُ وَانْشَقَّ الْقَمَرُ ﴿ 3. Naye bo bwe balaba akabonero, baku- وَإِنْ يَتَرَوْا أَيْتُمْ يُتُونُوا وَ يَقُولُوا وَلِيَقُولُوا سِحْرٌ مُّسْتَمِرٌ ﴿
 - nebagoberera وَكُذَّ بُوْا وَاتَّبَعُوْا اَهْوَاءَ هُمْ وَكُلُّ آمْرِ مُّسْتَقِرُّ ﴿
- 5. Era ddala baatuukibwako amawulire وَلَقَادُ جَاءَهُمْ مِينَ الْأَنْبَاءِ مَا فِيبِهِ
 - حِكْمَةُ بَالِغَةُ فَمَا تُغْنِ النُّذُرُ اللَّهِ إِ فَتَوَلَّ عَنْهُمْ مِيَوْهَ يَهُ عُ الدَّاعِ إِلَى شَيْءٍ
 - خُشُّعًا ٱبْصَارُهُمْ يَخْرُجُونَ مِنَ الْآجْدَاثِ كَأَنَّهُمْ جَرَادُ مُّنْتَشِرُ اللَّهُ مُّهُطِعِيْنَ إِلَى الدَّاعِ دِيَقُوْلُ الْكَفِرُونَ هٰذَا يَوْمُ عَسِرُ
 - كُذَّبُّتْ قَبْلُهُمْ قَوْمُ نُوْجٍ فَكُذَّبُوْا عَبْدَنَا وَقَالُوْا مَجْنُونٌ وَّٱزْدُجِرَ
 - فَدَعَارَبُّهُ ٱرْتِي مَعْلُوبُ فَاثْتَصِرُ
 - فَفَتَحْنَا آبُوَابَ السَّمَاءِ بِمَّاءٍ مُّنْهُورٍ ٣ وَّفَجَّرْنَا الْاَرْضَ عُيُونًا فَالْتَقَى الْمَآءُ عَلَى
 - آمْرِ تَدْ تُودُشَ وَكُّمُلْنُهُ عَلَى ذَاتِ ٱلْوَاتِ وَّدُسُرِ إِنَّ
 - تَجْرِيْ بِٱعْيُنِنَاء جَازَّاءٌ لِّمَنْ كَانَ ڪُفِرُ 🛈

Juzu 27

وَلَقَهْ تَّرَكُنْهَا أَيْمَ فَهَلَ مِنْ شُدَّ كِرِسَ وَاللَّهِ وَاللَّهِ وَاللَّهِ وَاللَّهِ وَاللَّهِ وَاللّ 16. Era mazima ekikolwa twakirekawo ng'akabonero; naye abaffe. waliwo ku yenna alabuka?

17. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula

kwange byali bitya?

18. Era ddala twafuula Kur'āni ennyangu okujjukirwa n'okutegeera. Naye abaffe, waliwo ku yenna afumiitiriza?

- 19. Aba 'Ādi baalimbisa *Omubaka*. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange byali bitya?
- twabasindikira kibuyaga 20.Mazima ow'essungu ku lunaku olw'ekikwa eky'olutentezi,
- 21. Ng'asikambula abantu *nebagwa eri* nebaba ng'ebikolo by'emitende egikuuliddwa.
- 22. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange byali bitya?
- 23. Era ddala Kur'āni twagifuula ennyangu okukwata n'okutegeera. Naye abaffe, waliwo ku yenna anaagikwata ku mwoyo?

Ruku 2

- 24. Aba Thamūda nabo baalimbisa Abalabuzi.
- 25. Ne bagamba nti: Abaffe, omuntu omu ati mu ffe gwe tuba tugoberera? Mazima olwo naffe tunaaba tuli mu bubuze na bulogovvu.
- 26. Era ye y'assibwako Okubuulirira mu ffe fenna? Nedda, oyo mulimba, mwepansi!
- 27. Enkya bajja kumanya ani mulimba, omwepansi!
- 28. Mazima tujja kuweereza eng'amira enkazi nga kigezo gye bali. Kale ggwe basseeko abiri era ogumiikirize.
- 29. Era bategeeze nti ddala amazzi ga kugabanyizibwa wakati waabwe naye nga buli kiseera ky'okunywa kikuumwa.
- 30. Naye baakoowoola munnaabwe, n'asinziira n'agitemako amagulu.
- 31. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange by'ali bitya?
- lumu, nebaba ng'omuddo omukalu, ogulinnyiriddwa.

فَكَيْفَكُانَ عَذَا بِن وَنُذُرِ ﴿ وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْاٰنَ لِلزِّحْرِ فَهُلْ مِنْ

كَذَّكَتُ عَادُ تَكَيْفَ كَانَ عَذَائِنُ وَ

اتًا آدسَلْنَا عَلَيْهِمْ دِيْحًا صَوْصَرًا فِي يَوْمِ نَحْسٍ مُّسْتَمِرِّ اللهِ

تَنْذِعُ النَّاسَ "كَأَنَّهُمْ آعْجَازُ نَخْيِل

فَكَيْفَ كَانَ عَذَانِيْ وَ نُدُرِ

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْأَنَ لِلذِّكْرِنَهُلُ مِنْ عَ مُّةَ كِرِشَ

كَذَّ بَثُ ثُمُوْدُ بِالنَّذُرِ

فَقَالُوْٓا آيَشُوّا مِنْاً وَاحِدًا نَّتَّبِعُهُ ۗ

ءُ ٱلْقِيِّ الذِّحْرُ عَلَيْهِ مِنْ بَيْنِنَا بَلْ هُوَ كَذَّابُ ٱشِرُ

سَيَعْلَمُوْنَ غَمَّاتَّنِ الْكَذَّابُ الْأَشِرُ

إِنَّا مُرْسِلُوا النَّاقَةِ فِتْنَدُّ لَّهُمْ فَارْتَقِبْهُمْ وَاصْطَيِرْ اللهُ

وَ نَيِّتُهُمُ أَنَّ الْمَاءِ يَسْمَدُّ بَيْهَ شِرْبِ مُّحْتَضَرُ 💮

فنادة واصاحبه فرفتكاطي فعقره

فَكَيْفَ كَانَ عَذَانِيْ وَنُذُرِ

اِنَّا اَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ صَيْحَةً وَّاحِدَةً \$ 2. Mazima twabasindikira olubwatuka فَكَانُوا كَهَشِيْمِ الْمُحْتَظِرِ

33. Era ddala Kur'āni twagifuula ennyangu okujjukira n'okutegeera. Naye abaffe, waliwo ku yenna afumiitiriza?

34. N'abantu ba Lūti baalimbisa abalabuzi.

35. Mazima twabasindikira omuyaga gw'oluyinjayinja, okuggyako ab'omu maka ga Lūti; bo twabawonya nga bunaatera okukya,

tutyo nno bwe tusasula oyo eyeebaza.

37. Era ddala vabalabula ku kibonerezo kyaffe, naye nebabuusabuusa okulabula.

38. Era ddala baagezaako okumuggya ku bagenyi be, kale netuziba amaaso gaabwe, netubagamba nti: Kale muloze ku kibonerezo kyange n'okulabula kwange.

39. Era ddala ekibonerezo eky'olutentezi ﴿ مُشْتَقِرُهُ مُ اللَّهُ مُنْكُرَةً عَذَابٌ مُسْتَقِرُّهُ وَاللَّهُ وَاللَّهُ مُنْكُونًا مُنْ اللَّهُ اللَّهُ عَلَّمُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ عَلَّمُ اللَّهُ اللّلِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللّلِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللّلِي اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللّلْمُ اللَّهُ اللَّ kyabatuukako ku maliiri.

40. Kale muloze ku kibonerezo kyange n'okulabula kwange.

41. Era ddala Kur'āni twagifuula ennyangu okujjukirwa n'okukwata. Naye abaffe, waliwo ku yenna anaalabuka?

Ruku 3 42. Era ddala abantu ba Farāwo nabo baatuukibwako Abalabuzi.

43. Baalimbisa obubonero bwaffe bwonna, kale netubakangavvula enkangavvula eya Kirimaanyi, Nannyini buyinza.

44. Abaffe, abatakkiriza abammwe be basinga kw'abo? Nandiki mulinawo obuwonero obwawandiikibwa mu Bitabo?

45. Kazzi bagamba nti: Ffe kibiina ekiwanguzi?

46. Naye mangu nnyo eggye lyabwe lijja kuwangulwa balage n'enkoona.

47. Ddala Essaawa kwe kusuubizibwa kwabwe, naye Essaawa ya kabenje nnyo era nkaawu nnyo.

48. Mazima aboonoonyi bali mu kubula na kuzoola.

bwabwe mu muliro baligambibwa nti: Muloze ku kukoonwako kw'omuliro.

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْانَ لِلذِّحْرِ فَهَلْ

كَذَّبَتْ قَوْمُلُوْطٍ بِالنَّهُ ذَرِ ۞

إِنَّا ٱرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ حَاصِبًا إِلَّا أَلَ لُوْطِ

نَعْمَةً مِّنْ عِنْدِنَا ۚ كَذَٰ لِكَ نَجْزِيْ مَنْ Bwe يَعْمَةً مِّنْ عِنْدِنَا ۚ كَذَٰ لِكَ نَجْزِيْ مَنْ

وَ لَقَدْ آنْذُرَهُمْ بَطْشَتَنَا فَتَمَارُوا

وَكَقَدْ رَاوَدُوْهُ عَنْ ضَيْفِهِ فَطَمَسْناً آعَيُنَهُمْ فَذُوْتُوا عَذَا بِيْ وَ نُذُرِ

فَذُوْ قُوْا عَذَانِيْ وَ نُذُرِ

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْاٰنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ

وَلَقَدْجَاءَ الَ فِرْعَوْنَ النَّذُرُشَ

اليتنا كُلِّهَا فَأَخَذْ نَهُمُ آخُذَ

آكُفًّا رُكُمْ خَيْرٌ مِّنْ أُولَئِكُمْ أَمْرَكُمُ بَرُآءَةً فِي الزُّبُرِشَ

آمْرِيَقُوْلُوْنَ نَحْنُ جَمِيْعُ مُّنْتَصِيْ سَيُهُزَمُ الْجَمْعُ وَيُو تُونَ الدُّيُرَ

بَلِ السَّاعَةُ مَوْعِدُهُمْ وَالسَّاعَةُ آذهي وَ آصَّةُ ١

إِذَا الْمُجْرِمِيْنَ فِيْ ضَلِّلِ وَّسُعُرِهُ

49. Olunaku lwe baliwalulirwa ku bwenyi يَوْمَيُسْحَبُوْنَ فِي النَّارِعَلَى وُجُوْهِهِمْ اللهُ عَلَى وَجُوهِهِمْ اللهُ ذُوْقُوْا مَسَّ سَقَرَ ﴿

50. Mazima buli kimu twakitonda mu kigero *ekisaanidde*.

رِتَّا كُلَّ شَيْءٍ خَلَقْنٰهُ بِقَدَرٍ⊙

52. Era ddala abaali bafaanana nga mmwe وَ لَقَدْ آهْلَكُنَاۤ آشْيَاعَكُمْ فَهَلَ مِنْ لَعِنْ الْعَلَمُ الْعَالَ الْعَلَامُ اللّهُ الْعَلَامُ الْعَلَ

53. Era buli kimu kye baakola kiri mu Bitabo.

54. Era buli kitono n'ekinene kiwandiikibwa.

55. Mazima abatya Allah be baliba mu Janna n'emigga,

56. Mu butuulo obw'amazima awali هَ فِيْ مَقْعَدِ صِدْ قِ عِنْدَ مَلِيْكِ مُّقْتَدِ رِهِ Kabaka Ow'obuyinza.





AL-RAHMĀN

(Yakka lubereberve lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Allah, Omusaasizi ennyo
- 3. Y'eyayigiriza Kur'ani.
- 4. Yatonda omuntu.
- 5. N'amuyigiriza ennyinyonnyola ennambulukufu.
- n'omwezi bitambulira ku 6. Enjuba kubalirira.
 - 7. Era ebimera n'emiti biwulize gy'ali.
- 8. N'eggulu y'eyaliwanika era n'assaawo ekipima buli kimu.
- 9. Kale temukyamyanga mu kupima.
- 10. Era mutereezenga okupima bwenkanya ate temukendeezanga ku kipimo.
- 11. Era n'ensi y'eyagissaawo olw'ebitonde byonna;
- n'emitende egirina eng'o,
- 13. N'ebimera eby'empeke eziriko ebikuta n'ebyakawoowo.
- 14. Kale mwembi, abantu n'Amajinni, kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?
- ekyookye.
- 16. Era n'atonda Amajinni mu nnimi z'omuliro.
- 17. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?
- 18. Mukama w'ebuyanjuba wombi era Mukama w'ebugwanjuba wombi.
- 19. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?
- 20. Y'akulukusa ennyanja ebbiri, lumu ezirisisinkana.

هالله الرَّهُمُن الرَّهِيْمِ ()

عَلَّمَ الْقُرْ اٰنَ الْ خَلَقَ الْدِنْسَانَ ٥

00 (TI) 1 4 A TE

ٱلشَّمْسُ وَالْقَمَرُ بِحُسْبَا يِنَ

وَّالنَّحُمُ وَالشَّجَّرُ يَسْجُدُ نِ وَالسَّمَاءَ رَفَعَهَا وَوَضَعَ الْمِيْزَانَ ٥

ٱلاَّ تَطْغُوْا فِي الْمِيْزَانِ۞

وَ أَقِيْمُوا الْوَزْنَ بِالْقِسْطِ وَ لَا تُخْسِرُوا mu الميزان وَالْأَرْضَ وَضَعَهَا لِلْأَنَّامِلُ

فَيْهَا فَاكِيمَةُ مُوادِّ النَّخُدُ فَإِنُّ أَرِثُ 12. Ng'erimu ebibala ebya buli ngeri الأحْمَامِ ﴿

وَالْحَتُ دُوالْعَصْف وَالرَّبْحَانُ شَ

فَبِأَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبِي ١

15. Yatonda omuntu mu budongo obukalu أَكُنُو الْهُ نُسَانَ مِنْ صَلْصَا لِ كَا لَفَخًا رِنَّ budoodooma obuling'anga ekibumbe

وَخُلَقَ الْجَاْتَ مِنْ مَّا رِبِح مِّنْ تَارِجُ فَبِاَيّ اللّهِ رَبُّكُمَا تُكُذِّبُنِ رَبُّ الْمَشْرِقَيْنِ وَرَبُّ الْمَغْرِبَيْنِ ﴿ فَبِاَيّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَدِّبُنِ

مَرَجَ الْبِكُورَيْنِ يَلْتَقِينِ الْمِكْورِيْنِ يَلْتَقِينِ

21. Kati wakati wa zombi waliwo ekiziviza kye zitayinza kubuuka.

22. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

23. Mu nnyanja ezo zombi muvaamu luulu ne marijaani.

24. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

الْبَحْرِ 25. N'ebyombo ebigulumidde ku nnyanja ng'agasoži bibye.

26. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe? Ruku 2

27. Buli ekiri ku yo (ensi) kya kuggwawo.

28. Olwo wasigalewo Mukama wo yekka 5 Kabwejungira Ow'entiisa n'Ekitiibwa.

29. Kale mwembi kiki kye munaagaana mu byengera bya Mukama wammwe?

bisaba Ye yekka. Buli kiseera Ye aba ku ttendo lya njawulo.

31. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

32. Mangu tujja kuboolekera, abange mmwe ba kirimaanyi ababiri.

33. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

لِمَحْشَّرَ الْجِتِّ وَالْرِنْسِ إِنِ اسْتَطَحْتُمْ Abange mmwe ebibiina by'Amajinni لِمَحْشَرً الْجِتِّ وَالْرنْسِ إِنِ اسْتَطَحْتُمْ n'abantu, obanga musobola okuyisa ensalo n avantu, ovanga musovota okuyisa ensalo عَنْ عَنْفُذُ وَا مِنْ ٱقْطَارِ السَّمَوْتِ وِ z'eggulu n'ensi, kale muyitewo. Naye temuyinza kuyitawo wabula lwa buyinza bwe.

35. Kale mwembi kiki kye munaagaana byengera bya Mukama wammwe?

z'omuliro ezitaleeta mukka, n'ekikomo ekisaanuuse, ate temujja kuyambagana.

37. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

limyuufu ng'eddiba erimyuufu.

بَيْنَهُمَا يَهُ زُخُ لَّا يَبْغِيٰنِ شَ فَبِآيِّ الْآءِ رَبِّكُمّا تُكَذِّبِي يَخْرُجُ مِنْهُمَااللُّؤْلُو وَالْمَرْجَانُ شَ نَبِاَيّ اللَّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ وَ لَهُ الْجَوَارِ الْمُنْشَئْتُ فِي الأعْلَامِهُ الْأَعْلَامِهُ

ع فَبِآيّ الآءِ رَبِّكُمّا تُكَوِّبِينَ

وَّ يَبْقَى وَجْهُ أَيْكَ ذُوالْجَلْلِ الْدِكْرَامِنَ

فَيِا يَ اللَّهِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ ۞ يَشَكُلُكُ مَنْ فِي السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ مَكُلَّ byonna كَلَّ عَلَى السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ مَكُلِّ يَّوْمِ هُوَ فِيْ شَاْرِنِيَ فَيِا يُ اللَّهُ رَبُّكُمَّا تُكَذِّبُن اللَّهُ وَيَعْلَمُ النَّكَذِّ لِن اللَّهُ سَنَفُرُغُ لَكُمْ آيُّكَ الثَّقَلْنِ ﴿

فَبِآيّ أَلاءَ رَبِّكُمَا تُكَذِّبن ﴿

الْاَرْضِ فَاتْفُدُوْا مِ لَا تَنْفُذُوْنَ إِلَّا بسُلُطُنِ

فَبِأَيَّ الَّاءِ رَبِّكُمًا تُكُدِّبُنِ

يُرْسَلُ عَلَيْكُمَا شُوَاظً وِّنْ نَّارِهُ وَ مَا اللهِ عَلَيْكُمَا شُوَاظً وِّنْ نَّارِهُ وَ إِللهِ عَلَيْكُما اللهِ عَلَيْكُما شُوَاظً وَنْ نَّارِهُ وَ اللهِ عَلَيْكُما اللهِ عَلَيْكُواللَّهُ اللهِ عَلَيْكُما اللهِ عَلَيْكُما اللهِ عَلَيْكُما اللهِ عَلَيْكُما اللهِ عَلَيْكُمُ اللَّهِ عَلَيْكُمُ اللهِ عَلَيْكُمُ اللهِ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلِيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهِ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُواللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ اللَّهُ عَلَيْكُمُ عَلَيْكُمُ ال نُحَاسٌ فَلَا تَنْتَصِرُ نَ شَ فَيِاَيِّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذِّ لِنِ ص

فَإِذَا انْشَقَّتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ رَرْدَةٌ \$38. Kale eggulu bwe liryabika, olwo liriba كالدِّهَانِ۞

39. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

tewaliba abuuzibwa ku kibi kye.

41. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

lambe bwabwe, kale balikwatibwa mu nviiri zoomu kawompo ne ku bigere.

43. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byegera bya Mukama wammwe?

gwe baalimbisanga.

wakati w'olweje olwesera.

46. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

Ruku 3 47. Naye oyo atya embuga ya Mukama we alifuna e Janna bbiri.

48. Kale mwembi kiki kye munaagaana mu byengera bya Mukama wammwe?

49. Nga zombi zirimu emiti gy'amatabi amangi.

50. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

51. Nga mu zombi mulimu ensulo bbiri ezikulukuta.

52. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

53. Mu zombi nga mulimu buli kibala nga kya ngeri bbiri bbiri.

54. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

55. Nga bagalaamiridde ku biwempe nga munda wa byo mulimu liiri omuzito, n'ebibala eby'e Janna zombi nga biri kumpi nnyo.

56. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيْهِنَّ قُصِرْتُ الطَّرْفِ لا كَمْ يَطْمِثْهُنَّ - 57. Nga mu zombi mulimu abakazi abakka kkamu b'amaaso, abatakoonebwangako olubereberye lwabwe muntu yenna wadde ejjinni.

فَيِاتِيَّ الْآرِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ اللَّهِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ 40. Kale kw'olwo omuntu wadde ejjinni عَنْ ذَنْبِهَ إِنْسُ وَّ الْمُسَالِقِ اللَّهُ عَنْ ذَنْبِهَ إِنْسُ وَ ال

فَيِاَيَّ الْآءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ ﴿ يُعْرَفُ الْمُجْرِمُوْنَ بِسِيمُ هُــَدُ فَيُؤُخِّذُ -42. Aboonoonyi balimanyibwa olw'obu بِالنَّوَا مِيْ وَ الْأَقْدَ اهِ شَ فَيِاَيَّ اللَّهُ رَبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ

المَّذِةِ جَهَنَّمُ الَّتِيْ يُكَذِّبُ بِهَا 44. Guno gwe muliro ogwo aboonoonyi إِ الْمُجْرِمُوْنَ ١٠٠٠

يَطُوْ فُوْ تَ بَيْنَ هَا وَ بَيْنَ حَمِيْمِ أَنِ فَى اللَّهِ عَلَى اللَّهِ عَلَى اللَّهِ عَلَى اللَّهِ اللَّه عُ نَبِاَيِّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَوِّبُونُ

> وَلِمَنْ خَافَ مَقَامَرَ يِهِ جَنَّتُنِ ١٠٠٠ فَبِآيِ اللَّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ أَن ذَوَاتًا ٱفْنَايِنَ

فَبِاً يِّ اللهِ رَبِّكُما تُكَذِّبُنِ ⊙ وْيْسِهِمَّا عَيْنُنِ يَجْرِيْنِ أَ

فَيِاً يِيَّ اللَّهِ وَيِتُكُمَّا تُكَذِّبُنِ؈ فِيْهِمَا مِنْ كُلِّ فَاكِهَةٍ زُوْجُنِ ﴿

فَبِآيّ اللّه رَبِّكُمّا تُكَذّبي مُتَّكِئِينَ عَلَى فُرُشِنَ بَطَّآمِنُهَا اِسْتَبْرُقِ وَجَنَا الْجَنَّتَيْنِ دَانِيَ

نَبِاَيِّ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَوِّبُنِ؈

اِنْسُ قَبْلَهُمْ وَلَا كُانُّ هُ

58. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

59. Abaling'anga yaakuuti ne marijaani.

60. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

okuba ekirala okuggyako obulungi?

62. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

63. Era n'ebbali w'e Janna zombi nga eriyo Janna endala bbiri.

64. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

65. Zombi nga zirimu ebikoola ebya kiragala omukwaafu.

66. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

67. Mu zombi nga mulimu ensulo bbiri ezitiiriika ennyo.

68. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

69. Mu zombi nga mulimu ebibala ebya buli ngeri, n'entende n'enkomamawanga.

70. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

71. Mu zombi nga mulimu abakazi ba nnalulungi ab'empisa ennungi —

72. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

73. Abakazi amakula abalabiririrwa mu weema -

74. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

75. Abatakoonebwangako muntu yenna olubereberye lwabwe wadde ejjinni —

76. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

kiragala n'ebiwempe amakula.

78. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

عِ تَابِرَكَ اشْهُرَبِّكَ ذِى الْجَلْلِ وَالْرَكْرَامِ صُ 79. Lya mikisa nnyo elinnya lya Mukama wo ow'Entiisa n'Ekitiibwa.

فَبِاَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَا تُكَذِّ لِنِ ٥ كَأَنَّهُنَّ الْيَاقُوْتُ وَالْمَرْجَانُ 6 فَبِاَيّ الَّاءِ رَّبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ هَـُلُ جَـزَآءُ الْدِهْسَانِ إِلَّا الْدِهْسَانُ أَنْ eyinza أَوْ الْدِهْسَانِ إِلَّا الْدِهْسَانُ أَنْ فَيِاكِ اللَّهِ رَبِّكُمَا تُكَذِّبُنِ ﴿ رَمِنْ دُورنِهِما جَنَّتْنِ شَ فَبِاَيّ اللَّهِ رَبِّكُمّا تُكَذِّبْنِ أَنّ مُدْهَامَّتْنِ٠ فَيِاَيّ الَّاءِ رَبُّكُمَّا تُكَذِّبُنِ ﴿ فِيْهِمَاعَيْنُ نَضًّا خَتْنِ اللهُ فَيِمَايِّ الَّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبٰنِ وْيْهِمَا فَاكِهَةً وَّ نَخْلُ وَّ رُمَّاكُ أَهُ فَبِاَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَّا تُكَدِّبُنِ ﴾ وْيْهِنَّ خَيْرْتُ حِسَانُ اللهِ فَبِاَيِّ الَّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبُنِ ﴿ حُوْرٌ مَّ قَصُوْراتُ فِي الْخِيّامِ ﴿ فَبِاَيِّ اللَّهِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ 6 لَمْ يَطْمِثْهُنَّ إِنْسٌ قَبْلَهُمْ وَلَا جَانَّ هُ فَيِهَا يِيَّ الَّذِءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ 6 مُتَّكِوْيْنَ عَلَى رَفْرَفِ خُضْرِ وَ عَبْ قَرِيٍّ Ar. Nga bagalaamiridde ku mitto egya

Juzu 27

فَبِاَيِّ الَّاءِ رَبِّكُمَّا تُكَذِّبْنِ



AL-WAOI'ĀH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo eky'okugwawo bwe kirigwawo —

3. Tewali ayinza kulimbisa kugwawo kwa kvo —

4. Abamu kiribassa wansi n'abalala

kiribagulumiza.

5. Awo ensi bw'erikankanyizibwa oluka-

6. N'ensozi nezimulungulwa olumulungulwa,

7. Kale zirifuuka fufugge erifuumuuka,

8. Era muliba mu bibinja bisatu:

9. Kale abantu b'oku ddyo abantu b'oku ddyo ate be baliba batya!

10. Era abantu b'oku kkono — abaffe, اصفحت abantu b'oku kkono ate be baliba batya!

11. Era abaakulembera be balikulembera.

12. Abo nno be b'oku lusegere lwa Allah.

13. Abaliba mu Janna ez'essanyu erijjuvu —

14. Nga ekitundu ekinene kiva mu baasooka okukkiriza Obusiraamu,

15. N'abatonotono nga baya mii b'oluvannyuma,

16. Nga bali ku ntebe empunde ne zaabu ne luulu.

17. Nga bagalaamiridde ku zo, nga batunuuliganye.

18. Nga beetooloolwamu abavubuka abatava mu kigero.

n'ebikompe ebirimu eby'okunywa ebiva mu nsulo ezitiiriika.

لاً يُصَدَّ عُنُونَ عَنْهَا وَكُمْ يُسْنُزِنُونَ قُنْ اللهِ 20. Tebiribalumya mitwe wadde tebalitamiira.

بشواداته الرَّحمن الرَّحيون إِذَا وَقَعَتِ الْهَ ايْعَةُ أَنَّ الْ يُسَالِوَ ثَعَيْهَا كَاذِيَةً ﴿ خَافِضَةً رَّافِحَةً ﴾ اِذَا رُجَّتِ الْأَرْضُ رَجَّانُ و بُسَّتِ الْجِبَالُ بُسَّالُ فَكَانَتْ هَنَاءً مُّنْنَكُ اللهِ وَّكُنْتُمُ أَزْوَاهًا ثَلِقَةً مُ

فَأَصْحُبُ الْمَيْمَنَةِ لَمْ مَنَ آصَحُبُ الْمَيْمَنَةِ لَمْ مَنَ آصَحُبُ abaffe, بنامة

الْمَشْغُمَة لَهُ مَا

وَالسِّبِقُونَ السِّبِقُونَ السَّبِقُونَ أَنُّ

اُولِئُكَ الْمُقَرِّبُونَ ﴿

في جَنّْتِ النَّحِيْمِ (١)

ثُلَّةً مِّنَ الْاَوِّلِيْنَ ﴿

وَ قَلِيْلُ مِّنَ الْأَخِيرِيْنَ أَنَ

عَلْى سُرُرِ مِّوْضُونَةٍ أَن

مُّتُكِئِنَ عَلَيْهَا مُتَقْبِلِيْنَ ﴿

يَطُوْفُ عَلَيْهِمْ وِلْدَانُ مُّخَلَّدُوْنَ اللهِ

بِٱكْوَابِ وَّ ٱبَارِيْقَ مُّ وَكَاْسِ مِّنَ 19. Nga babaweereza eggiraasi n'ebbinika

21. Baliweebwa n'ebibala mw'ebvo bve balyeroboza,

22. N'ennyama y'ennyonyi mw'eyo gye balyagala.

23. N'abakyala amakula ab'amaaso ag'endege.

24. Abaling'anga luulu omukusike.

25. Nga y'empeera olw'ebyo bve baakolanga.

ebibi.

27. Okuggyako ekigambo ky'okulamusa

nti: Mirembe, mirembe.

28. Era abantu ab'oku ddyo — Ye ate الْيَمِيْنِ الْمَا اصْحُبُ الْيَمِيْنِ الْمَا الْمَاكِمِينِ الْمَا الْمَاكِمِينِ الْمَا الْمَاكِمِينِ الْمِينِ الْمَاكِمِينِ الْمِينِينِ الْمَاكِمِينِ الْمَاكِمِينِ الْمَاكِمِينِ الْمَاكِمِينِ الْمِينِ الْمَاكِمِينِ الْمِينِينِ الْمَاكِمِينِ الْمِينِينِ الْمِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِينِ الْمِينِينِ الْمُعْمِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِ الْمِينِينِينِ الْمِينِينِينِ الْمِينِينِينِينِينِ الْمِينِينِينِ الْمِينِينِينِينِينِ الْمِينِينِينِينِينِينِينِ الْمِ abantu b'oku ddyo be baliba batya!

29. Balibeera mu *miti gva* sidiri egitaliiko maggwa,

30. N'ebitooke ebissizza,

31. N'ebisiikirize ebigaziyizibbwa,

32. N'amazzi agafukumulwa.

33. N'ebibala enfaafa.

34. Ebitasalikako era ebitaziyizibwa,

35. N'abakyala aba waggulu ennyo —

36. Ddala twabatonda olutonda.

37. Kale twabakola nga mbeerera,

38. Nga baagalwa nnyo, ba myaka egyenkanankana

39. Nga ba bantu b'oku ddyo.

Ruku 2

40. Nga ekitundu ekinene kiva mu bantu abaasooka *okukkiriza Obusiraamu*,

41. N'ekitundu ekinene *ekirala* nga kiva mu b'oluvannyuma.

42. Era abantu b'oku kkono — Ye ate abantu b'oku kkono be baliba batya!

43. Balibeera mu mpewo eyokya, n'olweje,

44. N'ekisiikirize ky'erikka eriddugavu,

45. Ekitaliimu bunnyogovu wadde akalungi konna!

وَ فَاكِمَةٍ مِتَّا يَتَغَدُّونَ شُ وَ لَهْمِ طَيْرٍ مِّمَّا يَشْتَهُوْنَ أَنَّ وَحُورٌ عِينَ ﴿

كَآمَثَالِ اللُّو لُوءِ الْمَكْنُونِ ﴿ جَزَاءً بِمَا كَانُوْا يَعْمَلُوْنَ

كَا يَهُمَّعُونَ فِيْهَا كُفُوًا وَّ لَا تَا ثِيْهِمًا هُمُ اللَّهِ عَلَى 26. Tebaliwuliriramu bya swaakaba wadde

الاقتلاسلماسلما

فِي سِدْرِ مَّخْضُوْدِ اللهُ

وَّ طَلْحِ مَّنْضُوْدِ ﴿

وَّ ظِلِّ مِّ مُدُوْدِ ﴿ وَّمَا ﴿ مُسْكُوبٍ ﴿

وَّ فَاكِهَةٍ كَثِيثُورَةٍ ﴿

وَّ فُرُشِ مَّ دُفُوعَةِ أَ

رِاكًا آئشاً نَهُنَّ إِنْشَاءًا وَحَعَلْنُهُ مِنْ آئِكًا رُاكُ

عُدُكًا آثرًا لَكُاكُ

ع لِآصْحٰبِ الْيَمِيْنِ الْمُ

ثُلَّةً مِّنَ الْأَوْلِيثِينَ

يحُبُ الشِّمَالِ لا مَّا

وَّ ظِلِّ مِّنْ يَحْمُوْمِ

لاَّ بَارِدِةً لَا كَرِيْمِ



46. Ddala olubereberye lwa bino bo baalinga mu bulamu obw'eddembe n'ebvobugagga.

47. Era ekisukkiriyu

48. Era baagambanga nti: Abaffe, bwe وَكَانُوْا يَقُوْلُوْنَ لَا آئِدًا مِثْنَا وَكُنَّا وَكُنَّا وَكُنَّا tulifa netufuuka ettaka era nga tuli magumba, abaffe era tulizuukizibwa,

49. Era ne bakitaffe ab'edda?

50. Gamba nti: Mazima ab'olubereberve n'aboluvannyuma,

51. Ddala balikung'aanyizibwa ku kiseera ekyategekebwa eky'olunaku olumanyiddwa.

الطَّعَا لَيْنَ فَي (52. N'oluvannyuma nammwe abaabula) abaalimbisa *amazima*.

53. Ddala mulirya ku muti gwa Zagqūmi,

54. Kale mugujjuze embuto zammwe,

55. N'oluvannyuma mugunywereko ama-

zzi olweje, 56. Kale nga munywa ennywa ering'anga

ey'eng'amira etawona nnyonta.

57. Okwo nga kwe kusembezebwa kwabwe ku lunaku lw'okusasulirwako.

kasa bye tugamba?

59. Kale mulowooza mutya ku 'mani' ge muyiwa?

batonzi?

era Ffe tetulemwa.

ababafaanana, mmwe netubakola mu ngeri endala gye mutamanyi.

eyasooka. Kale lwaki temufumiitiriza?

64. Abaffe, mulaba mutya ebyo bye mulima?

ءَ ٱنْتُمْ تَزْرَعُوْنَهَ آمْ تَحْنُ 65. Abaffe, mmwe mubimeza oba Ffe bameza ba byo?

رانَّهُمْ كَانُوا قَبْلَ ذُرِكَ مُ تُرَفِيْنَ أَمُّ

nga bagugubira nnyo ku kibi عَلَى الْحِنْثِ عَلَى الْحِنْثِ

تُرَاعًا وَعِظَامًا ءَ إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ ٥ آوَ أَكَا وَكُونَ الْأَوْلُونَ فَا

قُلْ إِنَّ الْأَوَّلِيْنَ وَ الْأَخِيرِيْنَ ٥

لَمَجُمُوْعُوْنَ مَ إِلَّى مِيْقَاتِ

آيتُها الْمُكَذِّ يُوْنَ أَنَّ

كَاٰ كِلُوْنَ مِنْ شَجَرٍ مِّنْ زَقُّوْمٍ ۞

فَمَالِئُونَ مِنْهَا الْبُطُونَ ٥

فَشَارِ بُوْنَ عَلَيْهِ مِنَ الْحَمِيْمِ ٥

فَشَارِبُونَ شُرْبَ الْهِيْمِ

هذا نُزُلُهُمْ يَوْمَ الدِّيْنِ

58. Ffe twabatonda. Naye lwaki temuka- ⊚نَهْنُ خَلَقْنُ كُمْ فَلَوْ كَا تُصَدِّقُوْنَ اللهِ عَلَيْهُ اللهِ عَل

آفَرُءَ يُتُمْ مَّا تُمْنُونَ ٥

60. Abaffe, mmwe mugatonda oba Ffe وَاَنْتُكُونَا هَا اَهُ اَنْتُكُونَا هَا اَهُ اَنْتُكُونَا الْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَلَّالِمُعِلَّا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَلَامِ الْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعِلِّقُونِ وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِي وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَالِّقُونَا وَالْمُعَلِّقُونَا وَلَّالِمُ وَالْمُعَلِّقُونِا وَالْمُعَلِّقُونِا وَالْمُعَلِّقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَالِقُونَا وَالْمُعَلِّقُونِ وَالْمُعَلِّقُونَا وَالْمُعِلَّالِمُعِلَّا مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّقُونِ وَلَامُ وَالْمُعِلِّي وَالْمُعِلَّالِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّ عُلِي الْمُعِلِّقُونِ وَلَا مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّيِ مِنْ الْمُعِلِّقُونِ الْمُعِلِّقُ وَلِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّ عُلِيلًا مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّيِ مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِي وَالْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّ عُلِي مُعِلِّقُونِ مِنْ الْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّ عُلِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّ مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِي مُعِلِّمُ وَالْمُعِلِي وَالْمُعِلِي مُعِلِّ عُلِي مُعِلِمُ مُعِلِمُ وَالْمُعِلِّ عُلِي مُعِلِّ مُعِلِّ مُعِلِّ مُعِلْ

61. Ffe twagereka okufa wakati wammwe, آخَنُ تَدَّ رُنَا بَيْنَكُمُ الْمَوْتَ وَ مَا تَحْنُ بِمَسْبُوتِيْنَ ﴿

62. Mmwe okubakyuusaamu abalala عَلَى آنْ نُبُدِّلَ آمْثَالَكُمْ وَنُنْشِئَكُمْ فْ مَالَا تَعْلَمُوْنَ ﴿

63. Era ddala mumanyi bulungi entonda كَ نَكُو كُمُ النَّشَاءُ الأَوْلَى فَكُو كَا اللَّهُ اللَّا الللَّلْمُ اللَّا اللَّهُ اللَّا ال تَـذَكُّرُونَ۞

آفَرَءَ يُتُمْ مَّا تَحْرُثُوْنَ ١٠

الزُّارِعُونَ۞

nsebufu nemusigala nga mwesaasaabaga,

67, Nti: Ddala tufiirizibbwa,

68. Ddala ffe tummiddwa!

69. Abaffe, mulaba mutya amazzi ago ge munywa?

oba Ffe bassi ba go?

Kale lwaki temwebaza?

72. Abaffe, mulaba mutya omuliro gwe mukuma?

gwo oba Ffe batonzi?

74. Ffe twagufuula ekijjukizo era eky'o- تَذْكِيَةً وَ مُتَاعًا mugaso eri abatambuze.

75. Kale tendereza erinnya lya Mukama wo, Omukulu ennyo.

Ruku 3 76. Nedda, njuliza okugwa kw'emmunyeenve -

77. Era ddala ekyo kirayiro kikulu nnyo, singa mubadde mumanyi —

78. Nti ddala eno ye Kur'āni ey'Ekitiibwa,

79. Eri mu Kitabo ekyekusifu,

80. Ennono ya yo tetuukibwako, okuggyako abo abatukuzibbwa.

81. Kwe kubikkulirwa okwayiira ddala eri Omutonzi w'ebitonde byonna.

82. Abaffe, ekigambo kino mmwe kye mwekkiriranyamu?

83. Ddala okukirimbisa mmwe kwe mufudde ekkubo ly'okufunamu eky'okulya kvammwe?

84. Kale lwaki awo nga omwoyo gw'oyo afa gutuuse mu ddookooli,

85. Mu kiseera ekyo mutunula butunuzi,

86. Era Ffe tuba okumpi ennyo naye كَ نَحْنُ ٱقْرَبُ إِلَيْهِ مِثْكُمْ وَ لَكِنْ لَّا عَالِيهِ مِثْكُمْ وَ لَكِنْ لَّا okusinga mmwe, naye mmwe lwa butalaba.

66. Bwe tuba twagadde,ddala tubifuula ebise- هُطَامًا فَظَلْتُمْ عُطَامًا تَفَحُّهُوْ نَ۞

انَّا لَمُغْرَمُوْنَ أَنَّ بَلْ نَحْنُ مَحْاُ وَمُوْنَ ١٠

اَ فَرَءَ يُتُمُ الْمَاءَ الَّذِي تَشْرَبُونَ أَن

مَ ٱنْتُكُمْ ٱنْزَلْتُكُمُوْكُ مِنَ الْمُزْنِ آهِ To. Abaffe, mmwe mugassa okuva mu bire وَآنْتُكُمُ وَالْمُوْنِ آهُمُ الْمُؤْنِ آهُمُ نَحْنُ الْمُنْزِلُونَ ۞

71. Bwe tuba twagadde, tugafuula agakaawa. لَا يُعَلَّمُ الْمِاجُةُ الْمِعْلَمِ الْمُعَالِمُ الْمُعَالِمُ الْم

أَفَرَءُ يُعتُمُ النَّارَ الَّتِي تُورُونَ ١٠٠

73. Abaffe, mwe mwatonda omuti ku lwa وَآنَشُانُو شَجَرَتُهَ آَوْنَدُنُ وَانْشَانُو شَجَرَتُهَ آَوْنَدُنُ

لِّلْمُقُويْنَ۞

إلى عَلَيْتُ مِ إِلَّهُ مِر رَبِّكَ الْعَظِيمِ مَنْ

فَلَّا ٱقْسِمُ بِمَوْقِعِ النَّجُوْمِ أَن

وَانَّهُ لَقَسَمُ لَّوْ تَعْلَمُوْنَ عَظِيْمُ اللَّهِ

رِنَّهُ لَقُوانَ كريهُ فِيْ كِتْبِ مَّكْنُوْنِ أَن

لاً يَمَشُكَ إِلَّا الْمُطَهِّرُونَ أَن

تَ نُزِيلُ مِّن رَّبِ الْعُلَمِينَ ۞ ا فَيِهٰذَا الْحَدِيْثِ آنْتُهُ مُّدُهِنُونَ الله

وَتَجْعَلُوْنَ رِزْقَكُمْ انْكُمْ أَنَّكُمْ تُكَذِّبُوْنَ ﴿

فُلُوْ لُا رَاذًا بَلَغَتِ الْحُلْقُوْمَ الْ

وَ ٱنْتُمْ حِيْنَيْدِ تَنْظُرُونَ ٥

تُبْصِرُوْنَ۞

87. Kale obanga ddala temuli ba kulamulwa,

88. Lwaki temugukomyawo, obanga mwogera mazima?

89. Naye *omufu* bw'aba ng'ali mw'abo ab'oku lusegere *lwa Allah*.

90. Olwo liba ddembe n'ebyakaloosa n'e Janna ey'essanyu erijjuvu.

91. Ate *omufu* bw'aba nga ali mu bantu b'oku ddyo,

92. Kale *agambibwa nti:* Emirembe gibeere ku ggwe, *owange gwe* ali mu bantu b'oku ddyo.

93. Naye omufu bw'aba ng'ali mw'abo وَ ٱلْمُكَانِّ مِنَ الْمُكَانِّ مِنْ الْمُكَانِي مِنْ الْمُكَانِي مِنْ الْمُكَانِي مِنْ الْمُكَانِي مِنْ الْمُكَانِي مِنْ الْمُعَلِّينِ الْمُكَانِينِ مِنْ الْمُعَلِّينِ مِنْ الْمُعَلِّينِ مِنْ الْمُعَلِينِ مِنْ الْمُعَلِينِ مِنْ الْمُعَلِينِ مِنْ الْمُعِلَّى الْمُعِلَّى مِنْ الْمُعِلَّى الْمُعَلِينِ مِنْ الْمُعِلْمِينِ مِنْ الْمُعِلَّى الْمُعَلِينِ مِنْ الْمُعِلَّى الْمِنْ مِنْ الْمُعِلِينِ مِنْ الْمُعِلَّى الْمُعِلَّى الْمُعِلَّى الْمُعِينِ مِنْ الْمُعِلَّى الْمُعِلَّى الْمُعِلَّى الْمُعِلَّى الْمُعِينِ مِنْ الْمُعِلَّى الْمُعِلِّى الْمُعِلِّي الْمُعِلَّى الْمُعِينِي وَلِي مِنْ الْمُعِلِي الْمِنْ عِلْمُ عِلَيْكُولِي الْمُعِلِي الْمُعِلَّى الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعْلِيلِي الْمُعِلِي الْمِنْ عِلْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمِنْ عِلْمِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمِنْ عِلْمُعِلِي الْمِنْ عِلْمِي الْمِنْ عِلْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِيلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي الْمُعِلَّى الْمُعِلَى الْمِنْ الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي الْمِنْ الْمُعِلِي عِلْمِي الْ

94. Olwo okusembezebwa kwe kuliba kwa mazzi olweje,

95. N'okwokebwa mu muliro.

96. Ddala gano ge mazima amakakafu.

97. Kale tendereza n'erinnya lya Mukama wo Omusukkirivu.

قَلَوْ لَآلِنْ كُنْتُمْ غَيْرَ مَدِيْنِيْنَ ﴿ تَرْجِعُونَهَآلِنْ كُنْتُمْ صَدِقِيْنَ ﴿ فَامَّآلِنْ كَانَ مِنَ الْمُقَرَّبِيْنَ ﴿ فَرَوْحُ وَرَيْحَانُ ﴿ وَجَنَّتُ تَعِيْمٍ ﴿ وَامَّآلِنْ كَانَ مِنْ اَصْحٰبِ الْيَمِيْنِ ﴿ فَسَلْمُ لِّلْكَ مِنْ اَصْحٰبِ الْيَمِيْنِ ﴿

ر الطَّمَّا لِدِينَ اللَّهُ اللَّهُ مَا يَدِينَ اللَّهُ مَا يَدِينَ اللَّهُ مَا يَدُولُ اللَّهُ مَا وَالْمُولُ

اِنَّ لَهُ اللَّهُوَ حَقُّ الْيَقِيْنِ ﴿ إِنَّ نَسَيِّحُ بِالْسِيرِ رَبِّكَ الْعَظِيْمِ ﴿

أساتفاه

AL-HADĪD

(Yakka luvannyuma lwa Hiira)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

bitendereza Allah era ye Luwangula, Omugezi ennyo.

- 3. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bubwe. Y'awa obulamu era y'afiisa era ye w'Obuyinza ku buli kimu.
- 4. Ye ye w'Olubereberye era ye w'Oluvannyuma, era ye w'Olwaatu era ye Mwekusifu, era y'Amanyi obulungi buli kimu.
- 5. Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Y'amanyi ebiyingira mu nsi n'ebigifulumamu, n'ebyo ebikka okuva mu nammwe wonna we mubeera. Era byonna جُنْهَا وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَعْرُجُ bye mukola, Allah abiraba.
- 6. Ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.
- 7. Y'ayingiza ekiro mu misana, era y'ayingiza emisana mu kiro era y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.
- 8. Mukkirize Allah ne Mutume we era mutoole okuva mw'ebyo bye yabasikiza. Kale abo abakkiriza mu mmwe nebatoola mu kkubo lya Allah balifuna empeera nnene nnyo.
- 9. Ye mubadde ki obutakkiriza Allah ng'ate Omubaka abakoowoola mulyooke يَدْعُوْهُ لِتُوْمِنُوْا بِرَبِّكُمْ وَقَدْاَخَةَ الْمَانِينَ عِلْمُ الْمُؤْمِنُوا بِرَبِّكُمْ وَقَدْاَخَةً mukkirize Mukama wammwe, ate nga Ye yamala okutwala endagaano yammwe, obanga ddala muli bakkiriza?

بِشمِراللهِ الرَّحَمْنِ الرَّحِيْمِ 2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna مَتِّحَ رِبِيلُهِ مَا فِي السَّمُونِ وَالْأَرْضِ مَوْهُوَ العزيز العكيم

> لَكَ مُلْكُ السَّمَوْتِ وَالْأَرْضِ مِيْحَي وَ يُوينتُ ، وَ هُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرُنَ هُوَ الْأَوَّلُ وَالْأَيْدِرُ وَالظَّاهِرُ وَالْبَاطِنُ مِ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءِ عَلِيثُمْ ()

> هُوَ الَّذِيْ خَلَقَ السَّمَوْتِ وَالْاَرْضَ فِيْ سِنْتَةِ آيَّامِ ثُمَّ اسْتَوٰى عَلَى الْعَرْشِ ا يَعْلَمُ مَا يَلِجُ فِي الْأَرْضِ وَ مَا يَخُرُجُ فِيْهَا وَهُوَ مَعَكُمْ آيْنَ مَا كُنْتُمُ وَاللَّهُ بمًا تَعْمَلُونَ بَصِيْرُ

> لَهُ مُلْكُ السَّمَوْتِ وَالْأَرْضِ ، وَ إِلَّى اللهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ

> يُوْلِجُ الَّيْلَ فِي النَّهَارِ وَ يُوْلِجُ النَّهَارُ فِي الَّيْلِ وَهُوَ عَلِيثُمُّ بِذَاتِ الصُّدُ وُرِ ﴿

> أمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَ ٱنْفِقُوا مِمَّا يَعَلَكُمْ مُسْتَعْلَفِيْنَ فِيهُو مَا لَّذِيْنَ أَمِّنُوْا مِنْكُمْ وَ آنْفَقُوْا لَـهُـمْ آجُرُّ ڪَبِيْرُ⊙

> وَمَا لَكُمْ لَا تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ مِوَالرَّسُولُ مِينًا قَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُّوْمِنِينَ ۞

ez'olwaatu, alyooke abaggye mu kizikiza abalaze eri obutangaavu. Era ddala Allah الطُّلُمٰتِ إِلَى الظُّلُمٰتِ إِلَى الظُّلُمٰتِ إِلَى الظُّلُمٰتِ اللَّ

 - 17. N'essamba ez'emiti egy'ekifuko.
- 18. Mazima olunaku lw'okulamula lulina ekiseera ekigereke.
- kale mulijja bibinja na bibinja.
- 20. N'eggulu liriggulwawo, kale neliba miryango myereere;
- 21. N'ensozi ziritambuzibwa neziba ng'ekimyanso ekiri ng'amazzi ku museetwe.
 - 22. Mazima omuliro gwo guteeze,

﴿ عَمَّ يَتُسَاءُ لُوْنَ ۗ عَنِ النَّبَا الْعَظِيْمِ اللَّهِ اللَّذِي هُمْ فِيْهِ مُخْتَلِفُهُ نَاكُ كُلَّا سَيَعْلَمُوْنَ 💍

ثُمَّ كُلَّا سَيَعْلَمُوْنَ۞

ٱكَمْ نَجْعَلِ الْأَرْضَ مِهْدًا الْ وَّالْجِبَالَ آوْتَادًاكُ

وَّ خَلَقْنُكُمْ اَزْوَاجًالُ

وجَعَلْنَا نَوْمَكُمْ سُيّاتًا أَنَّ وَّجَعَلْنَا الَّيْلَ لِبِتَا سُّالُ

وَجَعَلْنَا النَّهَارَ مَعَا شَانٌ

وَّبَنَيْنَا فَوْ فَكُمْ سَبْعًا شِدَادًا اللهُ

وَّجَعَلْنَا سِرَاجًا وَّهَّا جُانُّ

رَّا كَا زَلْنَا مِنَ الْمُعْصِرْتِ مَلْمُ زُجِّا جَاكَا Era tufukumula amazzi mu bungi okuva أَوْ ا لِنُخْرِجَ بِهِ حَبًّا وٌّ نَبَّا ثَانُ

وَّ جَنْتِ ٱلْفَا فَالَ

رات يَهْ مَالْفَصْلِ كَانَ مِثْقَاتًا اللهُ

يَّوْمَ يُنْفَخُ فِي الصُّوْرِ فَتَأْتُونَ .19. Olunaku eng'ombe lw'erifuuyibwamu

وَّ فَتُحَتِ السَّمَّاءُ فَكَانَتُ آبُوا بِالسَّ

و سُيِرتِ الْجِبَالُ فَكَانَتُ سَرَابًانُ

انَّ حَمَنَّهُ كَانَتُ مِرْصَادًا شُ



- 23. Era gwe guliba amaka g'abajeemu,
- 24. Baligumalamu emirembe mingi.
- 25. Mu gwo tebaliroza ku buweweevu bwonna wadde eky'okunywa kyonna,
- 26. Okuggyako olweje olubabula, n'amazzi amannyogovu agameketa.
 - 27. Nga y'empeera ennenkamunkamu.
- 28. Kubanga ddala bo tebaatyanga kubalirira.
- 29. Era baalimbisanga Aya zaffe olulimbisa.
- 30. Era buli kimu twakibalirira Kitabo.
- 31. Kale muloze ku kibonerezo. Ate tetujja kubongera okuggyako ekibonerezo.

Ruku 2 abawulize be balifuna 32. Mazima obuwanguzi:

33. Ensuku ezikugiddwa, n'emizabibu,

- 34. N'abawala abaakavubuka ab'emyaka egimu,
 - 35. N'ebikopo ebibooga.
- 36. Tebaliwuliriramu bya swaakaba wadde obulimba.
- 37. Nga y'empeera ey'ekirabo ekiva eri Mukama wo etuukana n'ebyo bye baakolanga —
- 38. Mukama w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombi, Omusaasizi ennyo; tebaliba na buyinza kwogera gy'ali.
- baliyimirira mu nnyiriri, tebalyogera, okuggyako oyo Allah Omusaasizi gw'alikkiriza, era nga ky'ayogera kituufu.
- 40. Olwo olunaku ddala lwa kubaawo. Kale oyo ayagala, anoonye obubudamu eri Mukama we.
- 41. Mazima tubalabudde ku kibonerezo ekiri okumpi: ku lunaku omuntu lw'aliraba ebyo emikono gye bye gyakulembeza, n'omutakkiriza aligamba nti: Woowe! Nga ndabye, singa kale nali nfuufu!

للطِّغِينَ مَأْكُاكُ يثثن فِيثُمَّا رَحْقًا مَّاكُ لَا يَذُوْ قُوْنَ فِيْهَا بَوْدًا وَلا شَرَا بُالً الآحميماة غشا قال جَزَاءً وْفَاقًاشُ رِاتُّهُمْ كَانُوْالَّا يَرْجُوْنَ حِسَا بُالَّ وَّكُذَّ بُوايِا لِيتِنَاكِذَّ ابَّانَ وَكُلُّ شَيْءِ آحْصَىنَكُ كِتْبًالَ اللهُ فَذُوْقُوا فَكَن تَّزِيدَكُمُ اللَّهُ عَذَا بُالُ

اتَ لِلْمُتَّقِيْنَ مَفَازًانُ حَدَّا يُقَ وَ آعْنَا يُناهُ و كواعب آثر ايان وَّكَا سَادِ مَا قَاقَ لا يَسْمَعُونَ زِيْهَا لَغُوّا وَّ لاعِدّ بالصّ جَزُآءُ مِّن رُبِكَ عَطَآءً حِسَا بُالْ

رِّبِ السَّمَوْتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا الرَّهُمْنِ لَا يَمْلِكُونَ مِنْهُ خِطَا بَّالْ يَوْ مَرِيقُوْ مُالرُّوْحُ وَالْمَلَئِكَةُ صَفَّالِةً عَالَيْ 39. Olunaku Mwoyo ne ba malayika lwe لَّا يَتَكَلَّمُوْنَ إِنَّا مَنْ أَذِنَ لَـهُ الرَّحَمْنُ وَ قَالَ صَوَا يُا 🖰

ذٰلِكَ الْيَوْمُ الْحَقُّ مِ فَمَن شَاءً اتَّخَذَ إلى رَبِّهِ مَابًانَ

إِنَّا ٱنْدُرُنْكُمْ عَذَابًا قَرِيبًا مَّصِيَّوْمَ كنْظُوا لَهَدْءُ مَا قَدَّمَتْ يَكِذِهُ وَيَقُولُ غُ الْحُوْرُ لِلَيْتَانِيْ كُنْتُ تُرابًا ١٠



سُورَةُ النَّزِعْتِ مَرِّيَّةُ ٧٩



AL-NĀZI'ĀT

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Njuliza abo ababbira mu kumanya nebasika abantu olusika babbire mu kwo,

3. Era njuliza n'abo abatambula *mu* mawanga mu bwangu,

4. Era njuliza n'abo abaseeyeeya ku nnyanja oluseeyeeya oluwanvu mu bwangu,

5. Era nebavuganya oluvuganya olw'okusingagana,

6. Era njuliza abo abategeka era nebatuukiriza ensonga zaabwe obulungi,

7. *Bino biribaawo* olunaku ekikankanya lwe kirikankanya,

8. Ekikankano eky'okubiri kirikigoberera.

9. Kw'olwo emitima girikubagana *olw'o-kutya*.

10. N'amaaso gaabwe galitunula wansi—

11. Nga bagamba nti: Abaffe, tunazzibwa-yo mu mbeera eyasooka?

12. Nga tumaze n'okufuuka amagumba amamulungufu?

13. Bagamba nti: Okwo nno kwe kuddawo okw' okufiirwa.

14. Kale ddala luliba olubwatuka lumu lwokka,

15. Okwejjuukiriza nga bali mu kyangaala!

16. Abaffe, watuukwako ebyafa ku Mūsa?

17. Nga Mukama we bwe yamukoowoolera mu kiwonvu ekitukuvu Ṭuwā,

18. Nti: Genda eri Farawo, kuba ddala ayitiridde obujeemu.

19. Kale ogambe nti: Abaffe, tewaalyagadde kufuna butukuvu?

20. Era nkulung'amye eri Mukama wo, kale osobole okumutya.

21. Kale n'amulaga akabonero akanene ennyo.

بِشهِ اللهِ الرَّحمٰنِ الرَّحِيْمِنَ وَالنُّزِعْتِ عَرْقًالُ و التشطت تشطال وَالشِّيخْتِ سَيْحًانُ فَالشِّيقْتِ سَبْقًالُ الله المُكرِيرِ إِمْرُانُ اللهُ الله يَوْمُ تَرْجُفُ الرَّاجِفَةُ ﴾ تَثْبَعُهَا الرَّادِ فَـدُّثُ قُلُوْ بُ يَوْمَئِذٍ وَاجِفَةً أَ المُ المُعَادُمُ الْمُعَادُمُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّا اللَّا اللَّهُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ الل يَقُولُونَ ءَ إِنَّا لَمَوْدُودُونَ فِي الْمَافِرَةِ أَنَّ ءَ إِذَا كُنَّا عِظَامًا تَخِرَةً ١ إِذَا كَرَّةً خَاسِرَةً ﴾ قَالُوا تِلكَ إِذًا كَرَّةً خَاسِرَةً ﴿ فَإِنَّمَا هِيَ زَجْرَةً رَّاحِدَةً شُ فَإِذًا هُمْ بِالسَّا هِرَةِ ٥ الله مَل الله كَدِيثُ مُوسَى ﴿ إِذْ نَادِيهُ رَبُّهُ بِالْوَادِ الْمُقَدِّينِ إِذْ هَبِ إِلَى فِيرْعَوْنَ إِنَّهُ طُخِي أَهُم فَقُلْ هَلْ لَكَ إِلَّى آنْ تَزَخَّى إِلَّ وَ آهُ دِيكَ إِلَى رَبِّكَ فَتَخْشَى ١٠٠٥

فَأَرْحُ الْأَيْتُةُ الْكُثْرُى اللَّهُ

- 22. Naye ye n'alimbisa era n'ajeema,
- 23. N'oluvannyuma yakubayo amabega, n'anyiikira okumwekobera.
- 24. Olwo n'akung'aanya abantu be n'alangirira,
- 25. N'agamba rti: Mazima nze mukama wammwe ali waggulu wa bonna.
- nerezo ky'enkomerero n'eky'oku nsi.
- 27. Mazima mw'ekyo mulimu eky'okuyiga eri oyo atya Allah.

Ruku 2

- 28. Abaffe, mmwe musinga obuzibu أَنْ تُعُلِقًا أَمِ السَّمَ أَمِّا بُنْمَهُ أَنْ اللَّهُ مُنْ اللَّهُ اللَّهُ الْمُعَالَمُ اللَّهُ اللَّا اللَّهُ اللَّهُ ال okutonda oba eggulu lye yatonda?
- 29. Yatumbiiza obuwanyu bwa Iyo ate n'aliyooyoota.
- 30. Era n'assa ekizikiza mu kiro kya lyoera n'afubutulayo omusana gwa lyo,
- 31. N'ensi oluvannvuma lw'ekvo yagyalirira.
- 32. N'aggya mu yo amazzi ga yo n'omuddo gwa yo,
- 33. N'ensozi n'azinyweza.
- 34. Nga by'ebyetaago gye muli n'eri ebisolo byammwe.
- 35. Naye akabenje ssemabenje bwe kalituuka.
- 36. Kw'olwo omuntu lw'alifumiitiriza ennyo kw'ebyo bye yatakabaniranga.
- 37. N'omuliro gulyolesebwa eri ovo alaba.
 - 38. Naye oyo ajeema,
- 39. N'asukkiriza okwagala obulamu bw'ensi.
- 40. Kale omuliro gwe guliba amaka.
- we, n'aziza omwoyo gwe okwagala okubi,
- 42. Kale Janna ge galiba amaka.
- Ssaawa آیّان 43. Bakubuuza ebifa ku eyalagaanyizibwa nti eribaawo ddi?
- 44. Abaffe, ggwe nga ogenderera ki okugyoogerako?

ثُمَّ آدَبَرَ يَش فَحَشَرَ فَنَا ذِي أَيُّ فَقَالَ آنَا رَثُكُمُ الْأَعْلَى أَنَّا عَلَىٰ اللهُ تَكَالَ الْأَخِرَةِ وَالْأُوْلِي ﴿ 26. Kale Allah n'amukwatamu olw'ekibo ﴿ وَالْأُوْلِي ﴿ 26. Kale Allah n'amukwatamu olw'ekibo عَ إِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَعِبْرَةً لِّمَنْ يَبْحُشٰى ﴾

> رَفْعَ سَمْكُهُا فَسَوْمِهُا شَالًا وَ أَغْطُشُ لَيْلَهَا وَ أَخْرَجَ ضُحْمَهَا كُ وَالْأَرْضَ يَعْدَ ذَلِكَ دَخْمِهَا أَنَّ آشريج مِنْهَا مَاءَهَا وَمَرْعُمِهَا صُ وَالْجِبَالُ ٱرْسْمَالُ مَتَاعًا لَّكُمْ وَ لِأَنْعَامِكُمْ أَنَ فَإِذَا جَآءًتِ الطَّآمَّةُ الكُنْزِي أَمَّ يَوْمَ يُتَذَكِّرُ الْرِنْسَانُ مَا سَعِيهُ

> > رُبُرِّزَتِ الْجَحِيْمُ لِمَنْ يَرَى ۞ فَأَمُّا مَنْ طَغْيِدُ وَأَثِرُ الْحَيْوِةُ الدُّنْيَالِيُّ فَإِنَّ الْجَحِيْمَ هِيَ الْمَأْوٰى أَنْ

41. Naye oyo eyatya embuga ya Mukama وَأَمَّا مَنْ خَافَ مُقَامَرُ رَبِّهِ وَ نَحَى التَّفْسَ عَنِي الْهَوْي أَنْ فَإِنَّ الْجَنَّةَ هِيَ الْمَاوْيِ

يَشَعُلُونَكَ عَنِ السَّاعَة

فِيْمَ أَنْتَ مِنْ ذِكُا مِهَاكُ



45. *Okumanya* kwa yo okusembayo kuli eri Mukama wo.

46. Mazima ggwe oli Mulabuzi eri oyo agitya.

47. Lwe baligiraba, baliba ng'abatawang-adde wabula olw'eggulo *lw'olunaku* oba amakya ga lwo.

اِلْى رَبِّكَ مُنْتَلِمَ هَا اللهِ اللهِ مَنْتَلَمَ اللهِ اللهِ مُنْذِرُ مَنْ يَكُشْمَا اللهِ اللهِ اللهِ الله

كَانَّهُمْ يَوْمَ يَكَرُوْنَهَا كَمْ يَكْبَثُوْا اِلَّا غٍ عَشِيَّةً اَوْضُلْمُهَا۞



سُورَةُ عَبَسَ مَكِّيَّةً • ٨



'ABASA

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
 - 2. Yaleeta emitaafu n'akyuuka,
- 3. Olw'okubanga omuzibe w'amaaso azze gy'ali.
- 4. Naye ggwe kiki ekikumanyisa nti ddala anaatukula,
- 5. Oba nti anaafumiitiriza, okufumiitiriza nekumugasa?
- 6. Naye ddala balowooza nti oyo atafaayo,
- 7. Ate ggwe gw'ossaako ennyo omwoyo.
- 8. Naye *Basaana bamanye nti* si ggwe ovunaanyizibwa bw'aba nga tatukudde.
- 9. Naye *kiyinzika kitya* oyo ajja gy'oli ng'adduka,
 - 10. Era ng'atya Allah,
 - 11. Ate ggwe n'otamufaako?
- 12. Si kyo! Mazima yo *Kur'āni* ky'Ekijju-kiza
 - 13. Kale oyo ayagala agisseeko omwoyo —
 - 14. Eri ne mu Bitabo eby'ekitiibwa,
 - 15. Ebigulumizibwa, ebitukuzibwa,
 - 16. Mu mikono gy'abawandiisi,
 - 17. Ab'ekitiibwa, abatuukirivu.
- 18. Omuntu azikirire! Ye abaffe, nga tasiima!

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمٰقِ الرَّحِيْمِ ()
عَبَسَ وَ تَوَلَّنَ أَنُّ
اَنْ جَاءَهُ الْاعْمٰی أَنْ
وَمَا يُهُ رِيْكَ لَعَلَّهُ يَرَّخِيْ أَنْ فَكَ الْعَلَمُ الرِّحْمَٰقُ أَنْ الْمُعْمُ الرِّكُوْنَ أَنْ فَكُ المُلْكُونُ أَنْ الْمَنْ فَعَلَمُ الرِّكُونِ الْمَنْ فَعَلَمُ الرِّكُونِ الْمَنْ فَعَلَمُ الرِّكُونِ الْمَنْ فَعَلَمُ اللهِ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهِ اللهُ الل

الله فَمَنْ شَاءَ ذَكَرَهُ الله

فِي صُحُفِ مُّكَرَّمَةِ أَنَّ

مَّرْفُوْعَةِ مُّطَهِّرُةً أَنَّ

قُتِلَ الْإِنْسَانُ مَا ٱكْفَ يُهُ

بِٱيْدِيْ سَفَرَةٍ ﴿

كِرَا لِمُ بَرَرَةٍ ۞

- 19. Ye nno Allah yamutonda mu ki?
- 20. Mu ttondo lya mani! N'amutonda ate n'amwenkanyankanya,
- 21. N'oluvannyuma ekkubo yalimufuulira eryangu,
- 22. N'oluvannyuma amufiisa kale n'amussa mu ntaana:
- 23. Nate bw'aliba ayagadde, alimuzuukiza.
- 24. Nedda! Tannatuukiriza ebyo bye yamulagira.
- 25. Kale omuntu atunuleko eri emmere ye:
- 26. Mazima Ffe tufukirira amazzi ku yo olufukirira.
- 27. N'oluvannyuma twaasa ettaka olwaasa—
 - 28. Netumeza mu lyo empeke,
 - 29. N'emizabibu, n'enva,
- 30. N'emizayituuni, n'emitende.
- 31. N'essamba ez'emiti egy'ekifuko eziriko enkomera,
 - 32. N'ebibala, n'omuddo,
- 33. Nga by'ebyetaago byammwe, n'olwebisolo byammwe.
- 34. Naye okubwatuka okuziba amatu bwe kulituuka,
- 35. *Olwo* lwe lunaku omuntu lw'alidduka muganda we,
- 36. Ne nnyina, ne kitaawe,
- 37. Ne mukyala we, n'abaana be,
- 38. Buli omu mu bo kw'olwo aliba يَوْمَيُّذٍ شَانَكُ n'ensonga eyiye emumalawo.
- 39. Obwenyi obumu kw'olwo buliba bwakaayakamu,
- 40. Nga buseka era nga busanyufu nnyo!
- 41. Naye obwenyi *obulala* kw'olwo bulibaako enfuufu,
 - 42. Nga busaanikiddwa ekizikiza.
- 43. Abo nno be baali abatakkiriza, aboononefu.

مِن آي شَيْءِ خَلَقَهُ أَن مِنْ نُطْفَة مِ خَلَقَهُ فَقَدَّ رَهُ أَن ثُمِّ السَّينِلَ يَسَرَّهُ أَنَّ ثُمَّ آمَاتَهُ فَأَقْبُرُهُ إِنَّ شُمَّ إِذَا شَاءَ ٱنْشَرَهُ إِنَّ كُلَّا لَمَّا يَقْضِ مَا آصُرَهُ أَ فَلْيَنْظُرِ الْانْسَانُ إِلَى طَعَامِهِ أَنْ أَتَّا صَيَعْنَا الْمَاءَ صَيًّا أَنَّ شُمَّ شَقَقْنَا الْأَرْضَ شَقًّا الله فَأَثُكُتُنَا فِيْهَا حَبَّالً وعَنَاوَ قَضْمًا ﴿ وَ زَيْتُو نَاوَ يَخْلُاكُ و حَدَّ إِنْقَ غُلْتًا اللهِ وَّ فَا كِلَمَةً وَ ٱتَّالَّ مَّنَاعًا لَّكُوْ وَلِا نُعَامِكُوْ أَسُ فَإِذَا جَاءَتِ الصَّاخَّةُ ﴿ يَوْمَ يَفِيرُ الْمَرْءُ مِنْ أَحْمُونُ لِكُلِّ امْرِئُ مِّنْهُمْ وُجُوكُ يُتُومَئِذِ مُسْفِرَةُ أَنَّ ضَاحِكَةُ مُشتنشةً أُنَّ وَوُجُوهُ يَتُوْ مَئِذِ عَلَيْهَا غَيْرَةً أَنَّ تَرْهَقُهَا قَتَرَةً ١٠ عُ أُولِيْكَ هُمُ الْكَفَرَةُ الْفَجَرَةُ ﴿



سُوَرَةُ التَّكُويُرِمَكِيَّةُ ٨١



AL-TAKWĪR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
 - 2. Awo enjuba bw'erizingibwako,
- 3. Era awo emmunyeenye bwe zirizi-meera.
- 4. Era awo ensozi bwe ziritambuzibwa,
- 5. Era awo eng'amira ez'embuto ez'emyezi ekkumi bwe zirirekebwa ettayo,
- 6. Era awo ebisolo bwe birikung'aanyizibwa,
- 7. Era awo ennyanja bwe zirikuluku-sibwa *nezeegatta*,
- 8. Era awo abantu *eb'enjawulo* bwe baligattibwa awamu,
- 9. Era awo omuwala omuto eyaziikibwa nga mulamu bw'alibuulirizibwako,
 - 10. Nti: Musango ki ogwamussa?
- 11. Era awo ebitabo bwe biribunyisibwa wonna,
- 12. Era awo eggulu bwe liriggyibwako eddiba,
 - 13. Era awo omuliro bwe gulikumibwa,
 - 14. Era awo e Janna bw'erisembezebwa,
- 15. Olwo buli muntu alimanya bye yaleeta.
- 16. Nedda! Njuliza ba sseng'endo abadda ekyennyumannyuma,
- 17. Abagenda mu maaso *n'oluvannyuma* nebeekweka.
 - 18. Era njuliza ekiro awo nga kibulirayo,
 - 19. N'amakya awo nga busaasaana,
- 20. Mazima kino ky'Ekigambo ekyabikkulirwa Omutume ow'ekitiibwa,
- 21. Nannyini maanyi agava eri Nannyini Nnamulondo ennyweevu,
- 22. Agonderwa, ate nga mwesigwa.
- 23. Era munnammwe si mugwi wa ddalu.

بشورا للوالرَّحمٰن الرَّحِيْمِن إِذَا الشُّهُسُ كُوِّرَتُ ﴾ وَإِذَا النُّجُوْمُ انْكُدَرَثُ أَنْ وَرادَا الْحِبَالُ سُيِّرَتُ ﴿ وَإِذَا الْعِشَا رُعُطَّلَتُ ثُنَّ وَإِذَا الْوُحُوشُ حُشِرَتُ أَنَّ وَإِذَا الْبِحَارُ سُجِّرَتُ ﴿ وَلِذَا النُّفُوْ سُ رُوِّجَتُ ﴾ وَإِذَا الْمَوْءُ دَةُ سُئِكَتُ أَنَّ بِأَيِّ ذَنْبِ قُتِلَتْنَ وَإِذَا الصُّحُفُ نُشَرَّتُ أَنَّ ولذاالحجثم سترث وَإِذَا الْحَنَّةُ أُزْلِقَتْ أُنْ لِقَتْ أُنَّا عَلِمَتْ نَفْشَ مَّآ آحْضَرَتْ فَكُلَا أُقْسِمُ بِالْخُنِّسِ إِنَّ الْجَوَّارِ الْكُنِّسِ اللهِ وَالَّيْلِ إِذَا عَشْعَسُ إِنَّ وَالصُّبْحِ إِذَا تَنَفُّسَ إِنَّ رِنَّهُ لَقُوْلُ رَسُوْلِ كُرِيْجٍ ۞ ذِيْ قُوَّةٍ عِنْدَ ذِي الْعَرْشِ مَكِيْنِ مُّطَاءٍ نَـمَّ آمِيْنِ ﴿ وَمَاصَاحِبُكُمْ بِمَجْنُوْنِ شَ

24. Era mazima yamulabira ddala eyo ekkuzimu aweetadde.

25. Era ye si mukodo mu kunnyonnyola eby'enkiso.

26. Era kino si kigambo kya Sitaani agobaganyizibwa,

27. Kale ate mulaga wa?

28. Kino si kirala wabula ky'Ekijjukiza eri ensi yonna,

29. Eri oyo mu mmwe aba ayagadde okukwata ekkubo eggolokofu.

okuggyako nga Allah, Omutonzi w'ebitonde byonna, y'asazeewo.

وُلَقَدْ رَاهُ بِالْانْفِقِ الْمُبِيْنِ ﴿ وَمَا هُوَ عَلَى الْغَيْبِ بِضَنِيْنِ أَن وَمَا هُوَ بِقُولِ شَيْطِي رَّحِيْمِ ﴿ فَأَيْنَ تَذْهَبُوْنَ أَنْ اِنْ هُوَ إِلَّا ذِكُرُ لِلْعُلَمِيْنَ أَنَّ لِمَنْ شَاءَ مِثْكُمْ أَنْ يُسْتَقِيْمَ أَنْ

30. Era temuyinza kusalawo ku kyonna جُمَا تَشَاءُوْنَ إِلَّا أَنْ يَّشَاءُ اللَّهُ رَبُّ عُ الْعُلَمِيْنَ ﴿





AL-INFITĀR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Awo eggulu bwe liryabika,
- 3. Era awo emmunyeenye bwe zirisaasaana,
- 4. Era awo ennyanja bwe zirikulukusibwa nezeegatta,
 - 5. Era awo entaana bwe ziriziikulwa,
- 6. Olwo buli muntu alimanya bye yakulembeza ne bye yaleka.
- 7. Owange ggwe omuntu, kiki ekyakubuzaabuza ku Mukama wo Omugabi ennyo,
- 8. Oyo eyakutonda era n'akuyooyoota, n'akwenkanyankanya?
- 9. Mu nfaanana yonna gye yayagala mwe yakubumba.
- 10. Nedda! Mulimbisa nnyo olunaku lw'okulamulirwako.
- Ate ddala muliko abalabirizi.
- 12. Abawandiisi, ab'ebitiibwa,

إذا السَّمَاءُ انْفَطَرُتُ أَنَّ وَلِاذَا الْكُوَاكِكِ الْتَكْتُوكِ الْكُواكِكِ الْتَكْتُوكِ الْكُواكِكِ الْتَكْتُوكِ الْمُ وَلِذَا الْبِعَارُ فُجِّرَتْ ﴿ وَإِذَا الْقُيُورُ بُعِيْرَتُنَ عَلِمَتْ نَفْسٌ مَّاقَدَّمَتْ وَأَخَّرَتُثُ يَا يُهُا الرئسانُ مَا غَرَّكَ بِرَيْكَ الْكُرِيْمِڻُ الَّذِيْ خَلَقُكَ فَسَوْلِكَ فَعَرَلُكُ ٥ فِي آيِ صُوْرَةِ مَّا شَآءُ رُكَّبَكُ أَ

كُلَّ بَلْ تُحَدِّ بُوْنَ بِالرِّيْنِ أَن

دَاتَ عَلَيْكُمْ لَحْفِظِيْنَ ١٠

كِرَامًا كَاتِبِيْنَ أَنْ

بشيرا بله الرَّعْمٰنِ الرَّحِيْمِنَ

- 13. Abamanyi byonna bye mukola.
- 14. Mazima abatuukirivu be baliba mu ssanyu erijiuvu:
 - 15. Ate aboononefu be baliba mu muliro.
- 16. Gwe baliyingiramu ku lunaku lw'okulamulirwako:
- 17. Ate tebalisobola kugutolokamu.
- 18. Ye kiki ekinaakumanyisa nti olunaku lw'okulamulirwako kye ki?
- 19. Nate era kiki ekinaakumanyisa nti olunaku lw'okulamulirwako kye ki?
- 20. Lwe lunaku omuntu lw'ataliba na buyinza n'akatono kugasa muntu mulala. Era okulagira kwonna kw'olwo kuliba kwa Allah.

يَعْلَمُونَ مَا تَفْعَلُونَ ١ إِنَّ الْهَ بَرَارَ لَفِيْ نَعِيْمِ أَنَّ وَإِنَّ الْفُجَّارَ لَفِيْ جَحِيْمِ أَمُّ يتصلُّونها يَوْمَ الدِّين وَمَا هُـمْ عَنْهَا بِغَائِبِيْنَ اللهِ وَمَّا أَدْرُ مِكَ مَا يُؤْمُ الدِّيْنِ ١٠ ثُمَّ مَا آدْ (لَكَ مَا يَوْمُ الرِّينِ اللهِ يَوْمَ لَا تَمْلِكُ نَفْسُ لِنَفْسِ شَيْعًا م الله عُورُ الأَمْرُ يَوْمَئِذٍ لِتَلْهِ





AL-TATFIF

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Zibasanze abo ababbira mu kupima!
- 3. Abo ababa nga beepimira okuva eri الَّذِيْنَ إِذَا اكْتَالُوْا عَلَى النَّاسِ abalala, nebatwala bijjuvu; يَسْتَهُ فُهُ نَ شُ
- 4. Naye nga bwe baba bagerera abalala وَاذَاكَالُوهُمْ آوْ وَّزَنُوهُمْ مُريُحْسِرُوْنَ لَ oba nga babapimira, bakendeezaako.
- 5. Abaffe, abo tebalowooza nti balizuukizibwa
- 6. Ku lunaku olw'entiisa,
- 7. Olunaku abantu lwe baliyimirira mu maaso g'Omutonzi w'ebitonde byonna?
- 8. Nedda! Mazima ekitabo ky'aboononyi kiri mu Sijjiini.
- 9. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Sijjiini kve ki?
 - 10. Ky'ekitabo ekyasengekebwa.
 - 11. Ziribasanga kw'olwo abaalimbisa,

بشيرا بله الرَّحُمْنِ الرَّحِيْمِ ()

ٱلا يَظُنُّ أُولَظِكَ ٱنَّهُمْ مَّبْعُوثُونَ ٥

لِيَوْمِ عَظِيْمٍ أَ

يَّوْمَ يَقُوْمُ النَّاسُ لِرَبِّ الْعُلَمِيْنَ كُلَّآرِاتَّ كِتْبُ الْفُجَّارِ لَفِيْ سِجِّيْنٍ ﴿ وَمَا اَدُوْرِ مِكَ مَاسِيِّةِ بِنَنْ أَنْ

كِتْبُ مِّرْقُوْمُرْ اللهِ

وَيْلُ يَّوْمَئِذِ لِلْمُكَذِّ بِيْنَ أَمُ



12. Abo abaalimbisa olunaku lw'okulamula.

13. Naye tewali alulimbisa okuggyako buli mujeemu, omwononyi,

المَا تُثلَى عَلَيْهِ البُتُنَا قَالَ آسَاطِيْرُ 14. Nga bw'asomerwa Aya zaffe, agamba إِذَا تُثلَى عَلَيْهِ البُتُنَا قَالَ آسَاطِيْرُ nti: Ngero z'abedda!

كلَّا بَلْ عَدْ رَانَ عَلَى قُلُوبِهِمْ مَّا كَانُوا 15. Nedda, ddala ebyo bye baakolanga byatalazza emyoyo gyabwe. يكسِبُوْنَ۞

كُلُّ اِنَّهُمْ عَنْ يَوْمَئِذِ 16. Nedda, mazima bo ku lunaku olwo baliziyizibwa eri Mukama waabwe. المُحْجُوبُونَ اللهُ

17. N'oluvannyuma ddala baliyingira mu muliro.

Guno gwe gwo gwe mwalimbisanga.

19. Nedda! Mazima ekitabo ky'abatuukirivu kiri mu 'Illivviina.

20. Naye kiki ekinaakumanyisa 'Illivyūna kve ki?

21. Ky'ekitabo ekyasengekebwa.

22. Ab'oku lusegere lwa Allah kye baliraba.

23. Mazima abatuukirivu be baliba mu ssanyu erijjuvu.

24. Nga bali ku ntebe empunde, beerolera.

كَشُرَة Olibamanyira ku bwenyi bwabwe نَصْرَة obumegerevu olw'essanyu eringi.

26. Balinywesebwa eky'okunywa ekitukuvu. ekikonere.

27. Nga enkonera ya kyo ya miski—kale kino abayaayaana kye baba bayaayaanira-

28. Era entabula ya kyo eriba ya Tasniimu,

29. Ensulo erinywebwamu ab'oku lusegere lwa Allah.

reranga abakkiriza;

ثُمَّ النَّهُمْ لَصَالُوا الْجَوِيْمِ أَنَّ

النزين يُكزِّبُونَ بِيكوْمِ الرِّيْنِ اللهِ

وَمَا يُكَذِّبُ بِهَ إِلَّا كُلُّ مُعْتَدٍ آفِيْمِ اللهِ

الله عَمْ اللَّذِي كُنْتُمْ بِهِ 18. N'oluvannyuma kirigambibwa nti: شُمَّ يُقَالُ هٰذَا الَّذِي كُنْتُمْ ئىگىدىۋ

كُلَّاكَ كِتْبَ الْأَبْرَارِلَفِيْ عِلِّيِّيْنَ الْ

وَمَا آورلك مَا عِلْتُون أَنْ

كتك من فورد

يَّشْهَدُهُ الْمُقَرِّبُهُ الْمُقَرِّبُهُ الْمُقَرِّبُهُ وَ الْمُقَرِّبُهُ وَالْمُقَرِّبُهُ وَالْمُقَرِّبُولُ وَالْمُقَرِّبُولُ وَالْمُقَرِّبُولُ وَالْمُقَرِّبُولُ وَالْمُعُلِّمُ وَالْمُعُلِّمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلَّمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُؤْلِقُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُؤْلِقُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُؤْلِقُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُؤْلِقُ وَالْمُؤْلِقُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُؤْلِقُ وَالْمُعُلِمُ الْمُعْلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعِلْمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعُلِمُ الْمُعِلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعِلْمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعُلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْمُعِلِمُ والْمُعِلِمُ وَالْمُعِلِمُ وَالْم

اِقَ الْأَبْرَادَ لَفِيْ نَعِيْمٍ اللهِ

عَلَى الْأِزَائِكِ يَنْظُرُوْنَ اللهِ

تَعْرِفُ فِيْ

خِتْمُهُ مِسْكُ م وَ فِيْ ذٰلِكَ فَلْيَتُنَا فَسِ الْمُتَنَافِسُوْنَ۞

وَمِزَاجُهُ مِنْ تَسْنِيْمِ أَن

عَيْنًا يَشْرَبُ بِهَاالْمُقَرِّبُونَ شُ

رِكَ الَّذِيْنَ أَجْرَمُوا كَانُوا مِنَ الَّذِيْنَ Jananga abo abaayonoona, baaseke- رِكَّ اللَّذِيْنَ امَنُوا يَضْحَكُوْنَ آجَ

31. Era bwe baabayitangako, nga batemyaganako.

32. Ate bwe baddangayo eri ab'ewaabwe, nga badda mu kujerega bakkiriza;

وَ إِذَا انْقَلَبُوٓا إِلَّ اَهْلِهِمُ انْقَلَبُوْا

وَإِذَا مَرُّوا بِهِمْ يَتَغَامَرُونَ أَصَّ

وَمَا أُرْسِلُوا عَلَيْهِمْ حَفِظِ مِنْ أَنَ

nti: Ddala bano babuze!

33. Era bwe baabalabanga, baagambanga أَوْنَ مَنْ اللَّهُ وَلَا مَا وَاللَّهُ مُعْدَقًا لُوْا رَآوْ هُمْ وَقَالُوْا رِانَّ هَوْ وَلَا مُنْ اللَّهُ وَاللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّهُ عَلَى اللَّ

34. Naye Ababaka tebaatumwa gye bali kuba bakuumi ku bo.

عَا لَيَوْمَ الَّذِيْنَ أَمَنُوا مِنَ الْكُفَّارِ -S5. Kale olwa leero abo abakkiriza be bana يَضْحَكُوْنَ أَنْ

sekerera abatakkiriza.

عَلَى الْأَرْآئِكِ يَنْظُرُوْنَ الْ

36. Nga bali mu ntebe empunde, beerolera.

37. Balvebuuza nti: Abaffe, abatakkiriza basasuddwa kyenkanyi n'ebyo bye baakolanga?

﴿ هَلْ ثُوِّبَ الْكُفَّارُ مَا كَا نُوْ ايَفْعَلُوْنَ ﴿





AL-INSHIQÃQ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo eggulu bwe liryabika,

3. Nelitega amatu eri Mukama wa Iyo —era liriteekwa buteekwa okukikola ---

Era awo ensi bw'eriyanjuluzibwa,

5. Erikasuka eri byonna ebigirimu, neyeemagaza

6. Era eritega amatu eri Mukama wa yo — era eriteekwa buteekwa okukikola —

7. Owange ggwe omuntu, ddala ggwe آياَيُّهَا الْدِنْسَانُ إِنَّكَ گَادِحُ إِلَى رَبِّكَ olafuubana olulafuubana eri Mukama wo; kale olisisinkana naye.

8. Naye oyo aliweebwa ekitabo kye mu ddyo we,

9. Oyo y'alibalwa mu mbala ennyangu,

10. Era y'aliddayo eri ab'ewaabwe nga musanyufu.

مِرا بِتَّهِ الرَّعُمْنِ الرَّحِيْمِ ()

إِذَا السَّمَاءُ انشَقَّتُ ﴾ وَآذِ نَثْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ أَ وَلِذَا الْأَرْضُ مُدِّثُ وَٱلْقَتْ مَا فِيْهَا وَيُخَلِّثُ

وَأَذِنَتْ لِرُبِّهَا وَحُقَّتُنُ

كَدْمًا فَمُلْقِيْدِ ٥

فَأَمَّا مَنْ أُورِي كِتْبَهُ بِيَمِينِهِ ٥ فَسُوْفَ يُمَا سَبُ حِسَابًا يُسِيْرًانُ وَّ يَتْقَلِكُ إِلَى آهَلِهِ مَسْرُوْرًا أُنَّ

- 11. Nave oyo aliweebwa ekitabo kye okuva emabega w'omugongo gwe,
- 12. Kale oyo mangu nnyo alikoowoola okuzikirira.
 - 13. Era y'aliyingira mu muliro ogubumbujja.
- 14. Kuba ye yalinga mu b'ewaabwe nga veesanyukira.
- 15. Ddala ye yalowoozanga nti taliddayo eri Allah
- 16. Tewali kubuusabuusa, Mukama we ddala yamulabanga.
- 17. Ddala njuliza okumyuka kw'ebire awo nga buwungeera,
 - 18. N'ekiro n'ebyo bye kibikkirira,
- 19. N'omwezi awo nga gwa ggabogabo,
- 20. Mazima mulirinnya mugigi ku mugigi.
- 21. Ye babadde ki, lwaki tebakkiriza?
- 22. Era basomerwa hwe tebayuunama:
- 23. Wabula ate bo abatakkiriza balimbisa bulimbisa.
- 24. Naye Allah, amanyi bulungi ebyo bye bakisa.
- 25. Kale bawe amawulire g'ekibonerezo ekirumya ennyo.
- ebikolwa ebirungi, abo be balifuna empeera etaliiko kkomo.

وَآمًّا مَنْ أُوْلِنَ كِعْيَهُ وَرَّآءَ ظَهُرِهِ أَنَّ فَسَوْفَ يَهِ عُوْا ثُنُورًا اللهُ ويصل سَعِيْرًا الله

راتك كان فِي آهلِهِ مَسْرُورًا الله أَوْ إِنَّهُ ظُنَّ آنَ لَّنْ تُحُورُهُمْ

بَلْ ﴿ إِنَّ رَبُّهُ كَانَ بِهِ بَصِيْرًا اللهُ فَلَّا ٱقْسِمُ بِالشَّفَقِيُّ وَالَّيْلِ وَمَا وَسَقَ اللَّهِ

وَالْقَمَرِ إِذَا اتَّسَقَى اللَّهِ

لَتُرْكُبُنَّ طَبَقًا عَنْ طَبَقِينَ

فَمَا لَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ فَأَلَّ

لْمَا وَاذَا قُرِئَ عَلَيْهِمُ الْقُوانُ لَا يَسْجُدُونَ ﴿ Kur'āni بَلِ الَّذِينَ كَفَرُوْا يُحَدِّ بُوْنَ أَ

وَاللَّهُ الْمُكُمِّ بِمَا يُوْعُونَ أَيْ

فَبَشِّرْهُمْ بِعَذَابِ ٱلِيثِمِنُ

26. Okuggyako abo abakkiriza nebakola مُوْا الصَّلِحْتِ لَهُمْ السَّلِحْتِ لَهُمْ عَ ٱجْرُغَيْرُمُمْنُونِ أَن





AL-BURŪJ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, O'wekisa ekingi.
- 2. Njuliza eggulu eririna enkulungo z'emmunyeenye.
 - 3. N'olunaku olwasuubizibwa,

بسيرا بلوالرَّحمن الرَّحيير وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الْهُرُوْيِينَ وَالْيَوْمِ الْمَوْعُودِ اللهِ



4. N'omujulizi n'oyo aweebwako obujulizi.

5. Bakolimirwe ba nannyini lunnya —

6. Lw'omuliro ogujiudde enku —

7. Awo nga batudde ebbali ku gwo,

abakkiriza.

kubanga bakkiriza Allah, Luwangula, Atenderezebwa ennyo,

10. Oyo Nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi. Era Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

11. Mazima abo abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi n'oluvannyuma ne batabonerera, kale ثُمَّرَكُمْ عَذَا بُ جَهَنْمُ وَلَهُ هُرَ balifuna ekibonerezo kya Jahannamu era baliba n'ekibonerezo ky'okubengeya.

ebikolwa ebirungi, balifuna ensuku غُلْكُ الْفَوْدُ ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Okwo جُنْتُ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْاَنْهُ وَهُ ذَٰلِكَ الْفَوْدُ nno kwe kuwangula okunene.

13. Mazima okuvumbagira kwa Mukama wo kukakali nnyo.

14. Mazima Ye y'atandika buli kimu era v'akiddamu.

15. Era Ye ye Musonyiyi ennvo. Ow'omukwano ennyo eri oyo amwagala;

16. Nannyini Nnamulondo, Nannyini kitiibwa.

17. Akola *n'atuukiriza* ky'aba ayagadde.

18. Abaffe, watuukwako ebyafa ku magye?

19. Ga Farawo ne Thamuda?

20. Kyokka abatakkiriza bo bali mu kulimbisa.

21. Naye Allah abeetoolodde mu ngeri gye batamanyi.

22. Ddala eno ye Kur'āni entukuvu,

23. Eri ku kipande ekikuumibwa obutiribiri.

وَشَاهِدٍ وَ مَشْهُوْدِثُ

قُتل آصْحَا الْأَخْدُودِ ٥

النَّارِذَاتِ الْوَقُّودِ أَن

إِذْ هُمْ عَلَيْهَا تُعُودُكُ

8. Era bo bajulizi kw'ebyo bye baakolanga أُمُّهُمْ عَلَى مَا يَفْعَلُونَ بِالْمُؤْمِنِيْنَ شُهُوْ \$ أَبُّ

9. Era tebaabawalanira kirala wabula lwa وَمَا نَقَمُوْا مِنْهُمْ إِلَّاآنَ يُّوْمِنُوْا بِاللَّهِ الْعَزِيْزِ الْحَمِيْدِ أَنْ

> الَّذِيْ لَهُ مُلْكُ السَّمَاتِ وَالْاَرْضِ ا وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَكَّىءِ شَهِيدُ ﴿

اتَّالَّذِيْنَ فَتَنُواالْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُؤْمِنِيْنَ وَالْمُؤْمِنِيةِ عَذَابُ الْحَرِيْقِ أَنْ

اتَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوْا وَعَمِلُوا الشَّلِيْتِ لَهُمْ Mazima abo abakkiriza era nebakola إِنَّ الَّذِيْنَ أَمَنُوْا وَعَمِلُوا الشَّلِيْتِ لَهُمْ الكييرش

> راتٌ بَطْشَ رَبِكَ لَشَدِيدُ أَنَّ اِنَّهُ هُو يُبْدِي مُ وَيُعِيْدُ أَنَّ وَهُوَ الْخَفُورُ الْوَدُودُ أَنْ

> > ذُوالْعَرْشِ الْمَجِيْدُ اللهِ فَعَالُ لِمَا يُرِيدُ۞

هَلْ أَتِّيكَ حَدِيثُ الْجُنُودِ الْمُ الله المُعَوْنَ وَ فَكُمُوْدُ اللهِ

بَلِ اللَّذِينَ كَفَرُوْا فِيْ تَكْذِيبٍ أَنَّ وَّا مِلْتُهُ مِنْ وَّرَارِيْهِمْ مُّحِيْطُ أَشَ بَلْ هُوَ قُرْانٌ مَّجِيدُ اللهُ ﴿ فِي لَوْمِ مَّحْفُوظٍ ﴿







يشمرا للوالرَّحُمٰن الرَّحِيْمِن

وَالسَّمَاءِ وَالطَّارِقِ اللَّهِ

وَمَا اَدْرُ لِكَ مَا الطَّارِقُ صُ

AL-TĀRIO

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza eggulu n'emmunyeenye y'oku makya —
- 3. Naye kiki ekinaakumanyisa emmunyeenye y'okumakya nga bw'eri?
- 4. Y'emmunyeenye eyakaayakana ennyo—
- 5. Teri mwoyo gwonna wabula guliko omukuumi.
- 6. Kale omuntu yekkaanye nnyo ekyo kye vatondebwamu.
- 7. Yatondwa mu mazzi agasindikibwa olwokvo.
- 8. Agava wakati w'ekiwato n'embiriizi.
- 9. Mazima Ye okumuzzaawo ddala akisobola nnyo,
- 10. Olunaku ebyaama lwe biribikkulwa.
- 11. Kale taliba na maanyi omuyambi.
- 12. Njuliza ebire ebbidding'ana nga bireeta enkuba.
- 13. N'ettaka eryeyuza olw'ebimera.
- ekisalawo.
 - 15. Era yo si kubalaata.
 - 16. Mazima ddala beekobye olwekoba.
 - 17. Nange neekobye olwekoba.
- النَّجُمُ الثَّاقِبُ أَ إِنْ كُلُّ نَفْسِ لُّمَّا عَلَيْهَا مَا فِظُّ ﴿ فَلْيَنْظُرِ الْهِنْسَانُ مِمَّ خُلِقَ أَن خُلِقَ مِنْ كُمَا عِدَا فِقٍ ﴾ يَّخُرُجُ مِنْ بَيْنِ الصُّلْبِ وَالثَّرَآئِبِ أَ إِنَّهُ عَلَى رَجْعِهِ لَقَادٍ زُنَّ يَوْمَ تُثِيلَ السَّرَائِدُنُ فَمَا لَهُ مِنْ قُوَّةٍ وَّلَا نَاصِرِ أَن وَالسَّمَّاءِ ذَاتِ الرَّجِعِ اللَّهُ وَالْكَارُضِ ذَاتِ الصَّدْعِشُ إِنَّهُ لَقَوْلُ فَصْلُ اللَّهِ 14. Mazima yo Kur'āni ky'ekigambo وَّ مَا هُوَ بِالْهَزْلِقُ ا تُهُمْ يَكِيْدُوْنَ كَيْدًانَ وَّ آكِيْدُ كَيْدًا أَهُ
- 18. Kale abatakkiriza bawe akaagaanya. هُ فَمَهِّلِ الْحُفِرِيْنَ آمُهِلْهُمْ رُوَيْدًا اللهُ الْحُفِرِيْنَ آمُهِلْهُمْ رُوَيْدًا اللهُ الْحُفِرِيْنَ آمُهِلْهُمْ رُوَيْدًا *Naye* bawe akaagaanya katono.



سُوَةُ الْأَعْلَى مَلِّيَةً ١٨٧



AL-A'LĀ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Gulumiza nnyo elinnya lya Mukama wo, Owa waggulu ennyo,
- 3. Oyo atonda era n'ayooyoota,
- 4. Era oyo agereka era n'alung'amya,
- 5. Era Oyo amezesa amalundiro,
- 6. N'oluvannyuma n'agafuula bisasiro ebiddugavu.
- 7. Ffe tujja okukusomesa *Kur'āni*, era tojja kwerabira,
- 8. Okuggyako nga Allah bw'anaaba ayagadde. Mazima Ye y'amanyi eby'olwaatu n'ebyenkiso.
- 9. Era tujja kukuwewulako odde eri obwangu.
- 10. *Kale* buulirira; mazima okubuulirira kugasa nnyo.
 - 11. Kale oyo atya Allah ajja kufumiitiriza,
 - 12. Naye ow'ekikwa y'anaabyebengulako,
- 13. Oyo aliyingira mu muliro ssemaliro.
- 14. Ate talifiiramu wadde taliba mulamu.
- 15. Mazima amaze okuganyulwa oyo anoonya okutukula,
- 16. N'ajjukira elinnya lya Mukama we, n'asaala.
- 17. Naye muwa nnyo enkizo obulamu bw'ensi eno,
- 18. So nga obw'enkomerero bwe businga era bwe buwangaazi.
- 19. Mazima kino ddala kiri ne mu Bitabo ebyasooka
 - 20. Mu Bitabo bya Ibrahimu ne Musa.

بِسْمِ اللهِ الرَّحُمْنِ الرَّحِيْمِ ()
سَبِّحِ اسْمَ رَبِّكَ الْاَعْلَى ﴿
الَّذِيْ مَلَقَ فَسَوْى ﴿
الَّذِيْ مَلَقَ فَسَوْى ﴿
وَالَّذِيْ مَنَةً رَفَهَ لَى ﴿
وَالَّذِيْ اَمْرَجَ الْمَرْعِ ﴿
وَالَّذِيْ اَمْرَجَ الْمَرْعِ ﴿
فَجَعَلَكُ غُمُّا مِ الْمَرْعِ ﴿

ما تكا مَا شَاءً اللَّهُ مِما نَّهُ يَعْلَمُ الْحَهْرَ وَ مًا يَحْفِي أَنْ وَثُكِسُوكَ لِلْنُسُائِ فَيَ فَذَيِّرُ إِنْ تَفَعَتِ الدِّكُرِي اللَّهِ عُرِي اللَّهِ عُرِي اللَّهِ عُرِي اللَّهِ عُرِي اللَّهِ سَيَّدٌ كُوْ مَنْ يَحْشَى أَنْ وَيُتَحِنَّتُهُا الْأَشْقَى اللَّهُ اللَّهُ مَا اللَّهُ اللَّهُ مِنْ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الَّذِي يَصْلَى النَّارَ الْكُهُرِي شَ ثُمَّرُكُ يَمُوْ تُرفِيْهَا وَلَا يَحْلِي شُ قَدْاَ فْلُحُ مَنْ تَذَكُّمْ شُ وَذُكُرُ اشْمَر رَبِّهِ فَصَلَّى ١٠ بَلْ تُؤْثِرُونَ الْحَيْوِةُ الدُّنْيَا ﴿ وَالْاخِرَةُ خَيْرُوًّا بَقَيْ إِنَّ هٰذَا لَفِي الصُّحُفِ الْأُوْلَى اللَّهِ الْأُوْلَى اللَّهِ ع صُحُف إبر هِيْمَ وَمُوسَى



سُوَةُ إِلْغَاشِيةِ مَكِيَّةً ٨٨



AL-GHĀSHIYAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Abaffe, watuukwako ebifa ku *mutawa-ana* ogubuutikira?
- 3. Ebyenyi *ebimu* ku lunaku olwo biritunula wansi;
- 4. Nga *amaaso* gakabassana, nga makoowu.
- 5. Baliyingira mu muliro olubabu;
- 6. Banywesebwe mu nsulo eyeesera;
- 7. Tebaliba na mmere okuggyako omuddo omukalu ogw'amaggwa ogukaawa ennyo,
- 8. Ogutagezza wadde ogutagasa ku njala.
- 9. Ebyenyi *ebimu* kw'olwo biriba bisanyufu nnyo,
- 10. Nga bisanyufu olw'okutakabana kwa byo,
- 11. Nga bali mu Janna eya waggulu ennyo,
 - 12. Nga towuliriramu bya swaakaba;
- 13. Mulibaamu ensulo ekulukuta,
- 14. Mulibaamu entebe empunde, engulumivu.
 - 15. N'ebikopo ebitegeke obulungi,
 - 16. N'emitto emisimbe mu nnyiriri,
 - 17. N'ebiwempe ebyaaliire.
- 18. Abaffe, tebatunulako eri eng'amira الْمَارِيلِ كَيْفَ خُلِقَتُ اللَّهِ عِلْمَالًا اللَّهِ عِلْمَا اللَّهِ اللَّهِ عَلَيْ اللَّهِ عِلْمَالًا اللَّهِ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهِ اللَّهُ عَلْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ اللَّهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهِ عَلَيْهُ عَلَيْهِ عَلْهُ عَلَيْهِ عَلَيْ
 - 19. N'eri eggulu nga bwe lyawanikibwa?
 - 20. N'eri ensozi nga bwe zaanywezebwa?
 - 21. N'eri ensi nga bwe yayaliirwa?
- 22. Kale buulirira, mazima ggwe oli Mubuulirizi;

بشيرا مله الرَّحْمٰن الرَّحِيْمِ هَلُ أَتْمِكَ حَدِيثُ الْغَاشِيَةِ ﴿ وُجُوهٌ يَوْمَئِذِ خَاشِعَةً أَنَّ عَامِلَةً نَّا صِيَةً أَنَّ تَصْلَى نَارًا كَامِيَةً ٥ تُشقى مِنْ عَيْنِ أَرِنيَةٍ ﴿ كَيْسَ لَهُمْ طَعَّامٌ إِلَّامِنَ ضَرِيعٍ ﴾ لا يُشمِنُ وَلَا يُغْنِيٰ مِنْ جُوْعِيُ وُجُوهُ يَّوْمَئِذٍ تَاعِمَةً أَن رِّسَعْيِهَا رَاضِيَةً أَنْ فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ أَنَّ لَّا تَشْمَعُ فِيْهَا لَاغِنَةً أَشْ إِذِيهُا عَيْنُ جَارِيةً ﴿ فِيْهَا سُرُرُ مَّدْ فُوْعَةُ اللهُ

ٷڒڗٳۑؿ۠ۘػؠؿؙۉؿڎؙ۞ ٵڡؘڒؾڹٛڟؙۯۉڽٳڶ۩ڎڔؠڶۣػؽڡؘٛ؞ؙڟ۪ۊؘ ٷٳڶ۩ۺػٳٙٷؽڡؘۯڣػڞٛٞ ٷٳڶ۩ۮڿٟؾٵڶۣػؽڡؘ؈ؙڝڹڞٛٛ ٷٳڶ۩ٛ؆۬ۯۻڰؽڡؘڛؙڟۣػڞٛڞٛ ڡؘۮٙڿۜۯڝ۠ٳؾۜٛػٵٛڽٛؾ؈ؙڟػڞٛڞٛ

و ٱكُوابُ مَّوْضُوْعَةً اللهُ

وَّنْمَا رِقُ مَصْفُوْ فَدُّ اللهِ

23. Toli mukuumi ku bo.

24. Naye oyo eyeefuula neyeerema,

25.Kale Allah alimubonereza ekibonerezo ekinene ennyo.

26. Mazima gye tuli y'eri obuddo bwabwe,

27. N'oluvannyuma ddala n'okubalwa kwabwe kuli gye tuli.

كشت عكيه فريم مَكيولي الله مَن تَوَلَّى وَكَفَر الله مَن تَوَلَّى وَكَفَر الله الله وَكَفَر الله وَكَفَر الله وَكَفَر الله وَكَفَر الله وَلَا الله وَلَهُ وَلِهُ وَلَهُ ولَهُ وَلَهُ ولَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَّهُ وَلَهُ وَلَا لِمُؤْلِقًا وَلَا لَا لِمُؤْلِقًا وَلَا لَا لَا مِلْمُ وَلِمُ لِلْمُ وَلِمُ وَلَا مُؤْلِمُ وَلَا مُؤْلِمُ وَلَا مِلْمُ وَلَهُ وَلَهُ وَلَا مُؤْلِقًا مِلْمُ لِمُؤْلِمُ وَلَمُ و



سُوَرَةُ الْفَجْرِ مَكِّيَةُ ٨٩



AL-FAJR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza emmambya,
- 3. N'ebiro ekkumi,
- 4. N'ebyenkanankana, n'ebyensuusuuba.
- 5. N'ekiro awo nga bugenda okukya,
- 6. Abaffe, mw'ebyo temuliimu bujulizi obw'amaanyi eri oyo alina amagezi?
- 7. Abaffe, tolaba nga Mukama wo bwe yakola aba 'Ādi —
- 8. Ab'eggwanga lya Irama abaalina ebizimbe ebitumbiivu,
- 9. Ebizimbe ng'ebyabwe byaali tebizimbwangako mu nsi—
- 10. N'aba Thamūda abaawookoolanga enjazi mu kiwonvu,
 - 11. Ne Farāwo nannyini magye?
 - 12. Abo abaajeemera mu nsi,
 - 13. Era nebasukkiriza obwonoonefu mu yo.
- 14. Kale Mukama wo n'abayiwako embooko y'ekibonerezo.
- 15. Mazima Mukama wo ali mu kuteegerera.

بِشرِ اللهِ الرَّهُ لَمِنِ الرَّحِيْمِ نَهُ الرَّحِيْمِ نَهُ الرَّحِيْمِ نَهُ الرَّحِيْمِ نَهُ الْوَقِي الرَّحِيْمِ فَيَالٍ فَكُونُ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِمُ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِّمِ فَيْ الْمُعَلِمِ اللّهِ عَلَيْهِ الرَّائِمِ عَلَيْهِ الْمُعَلِمِ فَيْ الْمُعَلِمِ اللّهِ عَلَيْهِ اللّهِ عَلَيْهِ اللّهِ عَلَيْهِ اللّهِ عَلَيْهِ اللّهِ عَلَيْهِ اللّهِ عَلَيْهِ فَيْ الْمُعَلِمِ فَيْعِيْمِ اللّهِ عَلَيْهِ فَيْعِيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْعِيْمِ فَيْمِ فَيْعِيْمِ فَيْمِ فَيْمِيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فِي فَيْمِ فِي مِنْ عَلَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فَيْمِ فِي فَيْمِ فِي فَيْمِ فِي فَيْمِ فِي فَيْمِ فِي فَيْمِ فِي فَالْمِي فِي فَيْمِ فِي فَالْمِنْ فِي فَلِي مِنْ فِي فَيْمِ فِي فَالْمِيْمِ فِي فَالْمِنْ فِي فَالْمِنْ فِي فَالْمِنْ فِي فَالْمِيْمِ فِي فَالْمِنْ فِي فَالْمِنْ فِي فَالْمِنْ فِي فَالْمِيْمِ فِي فَالْمِيْمِ فِي فَالْمِلْمِ فِي فَالْمِلْمِ فِي فَالْمِلْمِ فِي فَلِي مِنْ فِي فَالْمِلْمِ فَيْمِ فَالْمِلْمِ فِي فَالْمِلْمِ فَيْمِلْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِ فَالْمِلْمِيْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِ فَيْمِ فَيْمِلْمِلْمِ فَالْمِلْمِ فِي فَالْمِلْمِي فَالْمِلْمِي فَالْمِلْمِ فَيْمِلْمِلِي فِي فَالْمِلْمِ فَلْمِلْمِي فَالْمِيْمِ فِي فَالْمِلْمِ فِي فَالْمِلْمِ فِي فَالْمِلْمِي فِي فَالْمِ

وَّالشَّفْعِ وَالْوَثْرِنُ وَالْيُلِ إِذَا يَشْرِنُ

هَلْ فِيْ ذَٰلِكَ قَسَمُ لِّـذِيْ حِجْرٍۗ ٱكَـهْرَتُــرَكَيْفَ فَعَلَ رَبُكَ بِعَادٍرُۗ مارَةَ ذَاتِ الْحِـمَادِرُّ

التَّتِيْ لَمْ يُخْلَقْ مِثْلُهَا فِي الْبِلَادِيُّ

وَ ثُمُوْدَ الَّذِيْنَ جَابُوا الصَّحْرَ بِالْوَادِرُّ

> ۯڿۯۘػۉٷڿؽٵڷۘۘۘڒۉؾٵڿڽ ٵڷڿؽؽؘڟۼۉٳڣٳڷڸڸڒڿڽ ڡؙٚٲۿؿۘۯٷٳۼؽڡٵڷڣڛٙٵڿۺ۠

فَصَبٌ عَلَيْهِمْ رَبُّكَ سَوْطَ عَذَا بِأَنَّ

اِنَّ رَبِّكَ لِبِالْمِرْصَادِي

- 16. Nave omuntu Mukama we bw'amugezesa n'amuwa ekitiibwa n'amuwa n'ebyengera. dde nnyo ekitiibwa.
- ebyamuweebwa, olwo nga agamba nti: Mukama wange ampeebudde.
- 18. Si kyo, ddala temuwa bamulekwa kitiibwa,
- 19. Era temukubiriziganya ku kuliisa banaku.
- 20. Era mulya n'ebyobusika bye musigiddwa mu ndya ey'okuvaabira,
- 21. Era mwagala nnyo eby'obugagga okwagala okusukkiridde.
- 22. Mwetegereze! awo ensi bw'eribetentulwa olubetentula.
- Era Mukama wo n'ajja ne ba malayika mu nnyiriri n'ennyiriri;
- 24. N'omuliro kw'olwo ne guleetebwa, ku lunaku olwo omuntu alijjukira, naye nno nga okujjukira kwe kukyamugasa ki?
- 25. Aligamba nti: O! Nga zinsanze, singa kale nakulembeza birungi olw'obulamu bwange obw'oluvannyuma!
- 26. Kale ku lunaku olwo, tewali n'omu alibonereza kibonerezo ng'ekikye;
- 27. Era tewaliba n'omu alisiba ensiba ng'eyiye.
- 28. Owange ggwe omwoyo omutebenkevu!
- 29. Dda eri Mukama wo nga oli musanyufu gy'ali, nga naye musanyufu gy'oli.
- 30. Kale yingira mu baweereza bange abaagalwa,
- 31. Era yingira mu Janna yange.

17. Naye bw'amugezesa n'amukundeereza وَاَهَّالِذَامَا ابْتَلْدَهُ فَقَدَرُ عَلَيْهِ رِزْقَكُ اللهُ اللهُ فَقَدَرُ عَلَيْهِ رِزْقَكُ اللهُ اللهُ اللهُ اللهُ فَقَدَرُ عَلَيْهِ رِزْقَكُ اللهُ ا فَيَقُوْلُ رَبِّي آهَا نَنِ أَنَّ كُلَّا بَكُ لَا تُكْرِمُونَ الْيَتِيْدَمُ وَ لَا تَحْضُونَ عَلْى طَعَامِ الْمِشْكِيْنِ أَنَّ وَتَا كُلُونَ التُّواكَ ٱكُلُو لَهًا أَن وَّ رُحِيدُ نَ الْمَالَ حُبَّاجَمًّا أَنَ عَلَّا إِذَا دُكَّتِ الْإِنْ مُ دَكًّا دَكًّا اللهِ وَّجَاءَ رَبُكَ وَالْمَلَكُ صَفًّا صَفًّا شَ وَجِايْءَ يَوْمَئِزُ بِجَهَنَّمَ لا يَوْمَئِزِ يَّتَذَكُّوا كُر نُسَانُ وَأَنَّى لَهُ الذِّكْرَى ﴿ يَقُولُ بِلَيْتَنِي قَدَّمْتُ لِحَيا تِيْ شَ فَيَوْمَئِذِ لَّا يُعَدِّبُ عَذَا بَهَ أَكَدُ اللَّهُ أَكَدُ اللَّهُ أَكَدُ اللَّهُ وَلَا يُوثِقُ وَثَاقِيةً آحَدُهُ يَّا يَتَنَّهُ النَّفْسُ الْمُطْمَئِنَّةُ ﴿ ارْجِعِيٓ إلى رَبِّكِ رَاضِيةً مَّرْضِيَّةً ﴿

فَا دُخُولِي فِي عِبَادِينَ أَ

﴿ وَادْخُرِنْ جَنَّتِيْ شَ

فَأَمَّا الْانْسَانُ إِذَا مَا ابْتَلْمَهُ رَبُّهُ





(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Nedda, njuliza ekibuga kino.
- 3. Era ggwe *lumu* olidda mu kibuga kino.
- 4. Era njuliza omuzadde n'oyo gwe yazaala,
- 5. Mazima twatonda omuntu nga wa kutakabana.
- 6. Abaffe, alowooza nti tewali n'omu amulinako buyinza?
- 7. Agamba nti: Nsaasaanyizza eby'obugagga bingi.
- 8. Abaffe, alowooza nti tewali n'omu amulaba?
- 9. Abaffe, tetwamuwa amaaso abiri,
- 10. N'olulimi, n'obumwa bubiri?
- 11. Era netumwoleka amakubo abiri eddungi n'ebbi?
- teyawalampa kkubo 12. Nave 'Aqabah.
- 13. Naye kiki ekinaakumanyisa ekkubo lya 'Aqabah?
 - 14. Kwe kuta omuddu.
 - 15. Oba okuliisa ku lunaku olw'enjala
 - 16. Mulekwa ow'oluganda,
 - 17. Oba omwavu avulubanye enfuufu.
- شُرُّ كَانَ مِنَ الَّذِيْنَ أَصَنُوا وَ تَوَاصَوْا وَمَ 18. Ate ng'ali mw'abo abakkiriza abakuutiragana ku kugumiikiriza nebakuutiragana ku kusaasiragana.
 - 19. Abo nno be bantu b'oku ddyo.
- 20. Naye abo abaagaana Aya zaffe, bo وَالْكَوْيُنَ كَفُرُوْا بِالْيِتِنَا هُمْ ٱصْحُبُ be bantu b'oku kkono.

بِسْمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () لَا اُقْسِمُ بِهٰذَا الْبَلَوِ أَنَ وَانْتَ حِلُّ بِهٰذَا الْبَلَوِيُ وَوَالِيهِ وَمَا وَلَدَنُ

لقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي كَبِيرُ إُ أَيَحْسَبُ أَنْ لَكُنْ يَقْدِرَ عَلَيْهِ أَحَدُنُ

> يَقُولُ آهْلَكْتُ مَالَّا تُبَدَّانُ آ يَحْسَبُ آنْ لَمْ يَرُةٌ آحَدُّ أَ

ٱكَمْ نَجْعَلْ لَّهُ عَيْنَيْنِ أَن وَلِسَانًا وَ شَفَتَيْنِ اللهِ وَهَدَيْنُهُ النَّجْدَيْنِ أَنْ

فَلَا ا تُتَحَمِّ الْعَقَبَةُ أَنَّ وَمَا آدُر لِكَ مَا الْحَقَدَةُ أَشَ

فَكُّ رَقَبَةٍ اللهُ

ٱڎٳڟڂڴڔڣٛؽؾۉۄۣڿؽػۺۼؠۜڐۣ<u>؈</u>۠ يَّتِيْمًا ذَا مَقْرَبَةِ ﴿

آوْمِشكِينًا ذَامَثْرَبَةٍ أَنْ

أُولِيْكَ أَصْلِحْتُ الْمَيْمَنَةِ أَنَّ

بالصِّيْرِوَتُواصَوْا بِالْمَرْحَمَةِ أَمُ

21. Ku bo omuliro ogw'embiga kwe gulibuukira هُ عَلَيْهِمْ نَازُ مُؤْصَّدَةً أَنَّ



سُورَةُ الشَّهُ سِ مَكِّيَّةُ ٩١



AL-SHAMS

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza enjuba n'ekiseera w'eviirayo,
- 3. N'omwezi awo nga gugigoberera,
- 4. N'emisana awo nga gugyoolesa,
- 5. N'ekiro awo nga kigibuutikira,
- 6. N'eggulu n'enzimba ya lyo eyewuu-nyisa,
- 7. N'ensi n'okwaliirwa kwa yo,
- 8. N'omwoyo n'okuyooyootwa kwa gwo —
- 9. Kale yagubikkulira *amakubo* g'ebibi bya gwo n'agobutuukirivu bwa gwo —
- 10. Mazima amaze okuganyulwa oyo agutukuza,
 - 11. Era amaze okuzikirira oyo agwoonona.
- 12. Aba Thamūda baalimbisa *obubaka* olw'obujeemu bwabwe.
 - 13. Awo abasinga ekikwa bwe yayimuka,
- 14. Kale Omubaka wa Allah n'abagamba nti: *Muleke* eng'amira ya Allah eno enkazi n'okunywa kwa yo.
- 15. Naye baamulimbisa, ne bagitemako amagulu, olwo Mukama waabwe n'abazikiririza ddala olw'ekibi kyabwe, kale eggwanga lyaabwe n'alisaanyaaawo.
 - 16. Era teyafaayo ku binaakivaamu.

<u>م</u>الله الرَّحُمٰن الرَّح وَالشَّمْسِ وَضُحْمَهَا ﴿ اللَّهُ مُسِالًا اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللهُ وَالْقَمَرِ إِذَا تَلْمَهَا ﴿ وَالنَّهَا رِإِذَا جَلْمُهَانُّ وَالَّيْلِ إِذَا يَغْشِيهَاكُمْ وَالشَّمَاءُ وَمَا كُنْيِعَانُ وَالْارْضِ وَمَا طَحْمَهُالُّ وَنَفْسٍ وَّمَا سَوِّ مَهَا أُنَّ فَأَلْهُمُهُا فُكُوْدَهَا وَتَقُوْلِهِا ثُلُقَالًا قَدْرَا فُلِحُ مَنْ زَكِّيهَا أَنَّ وَقَدْ خَاتَ مَنْ دَشْعَالُ كَذَّبَتْ ثُمُوْدُ بِطَغُولِهِ آَثُ إِذِ انْبَعَثَ أَشْقُيهَا شُ فَقَالَ لَهُمْ رَسُولُ اللهِ نَاقَةَ الله

وَكُذَّبُوهُ فَحَقَّرُوهَا مِنْ فَكَمْدُمَ

عَكَيْهِمْ رَبُّهُمْ بِذُنْبِهِمْ فَسَوّْمَهُا ۖ

﴿ وَلا يَخَافُ عُقْلِمُهُا أَنَّ اللَّهُ اللّلْمُ اللَّهُ اللَّا اللَّا اللَّاللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ الللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ اللَّهُ



سُوَرَةُ اللَّيْكِ مَكِّيَّةُ ٩٢



AL-LAIL

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza ekiro awo nga kibuutikidde ensi.
- 3. N'omusana awo nga gwakaayakana,
- 4. N'okutondebwa kw'ekisajja n'ekikazi,
- 5. Mazima okutakabana kwammwe kwa njawulo.
- 6. Naye oyo alitoola ku lwa Allah era neyeekuuma,
- 7. Era n'akakasa ebituufu byonna,
- 8. Kale tulimuwewula n'adda eri obwangu.
- 9. Naye oyo alikodowala neyeefuula eyeemala,
 - 10. N'alimbisa ekituufu,
 - 11. Kale tulimwanguyiza eri obuzibu.
- 12. Era eby'obugagga bwe tebigenda kumugasa ng'azikirira.
 - 13. Mazima okulung'amya kuli ku Ffe,
- 14. Era ddala *obulamu* bw'enkomerero n'obwolubereberye bwaffe.
 - 15. Kale mbalabula ku muliro ogubumbujja.
- 16. Teri aliguyingiramu okuggyako oyo ow'ekikwa ennyo,
 - 17. Oyo eyalimbisa n'akubayo amabega.
- 18. Naye gulyewazibwa oyo eyeekuuma ennyo,
- 19. Oyo atoola eby'obugagga bwe olw'o-kunoonya obutukuvu.
- 20. Era nga ku lulwe tewali yenna gw'a-kolera kisa kyonna nti asasulwe,

بِهُ مِ اللّهِ الرَّحُمْنِ الرَّحِيْمِ ()
وَالْيَكِ اِذَا يَغْشَى ﴿
وَالنَّهَارِ اِذَا تَجَلَّى ﴿
وَمَا خَلَقَ الذَّكَرَ وَالْأُ ثُنَى ﴾
وَمَا خَلَقَ الذَّكُرَ وَالْأُ ثُنَى ﴾
وَمَا خَلَقَ الذَّكُمُ لَشَتَّى ﴿
فَا مَّنَا مَنْ اَعْطَى وَا تَتَقَى ﴿
وَصَدَّقَ بِالْهُ شَمْى ﴿
وَصَدَّقَ بِالْهُ شَمْى ﴿
وَصَدَّقَ بِالْهُ شَمْى ﴿
وَامَّنَا مَنْ بَهِ لَ وَاسْتَغْنَى ﴾

اِنَّ عَلَيْنَا لَلْهُدَى أَنَّ عَلَيْنَا لَلْهُدَى أَنَّ وَالْأُوْلِي وَالْأُوْلِي وَالْأُوْلِي وَالْأُوْلِي وَالْأُوْلِي وَالْأُوْلِي فَالْدُوْلِي فَالْدُوْلُ وَلَا تَلَقَّى أَنَّ لَا تَلَقَّى أَنَّ لَا يَصْلَمُهَا وَلَا الْاَشْقَى أَنَّ لَا يَصْلَمُهَا وَلَا الْاَشْقَى أَنِي الْاَشْقَى أَنِي الْاَشْقَى أَنْ الْالْدُوْلُ فَي اللّهِ الْاَيْدُ فَي اللّهِ الْاَيْدُ فَي اللّهُ الْاَيْدُ فَي اللّهُ الْاَيْدُ فَي اللّهُ الْاَيْدُ فَي اللّهُ الْالْدُوْلُ اللّهُ الْاَيْدُ فَي اللّهُ الللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ اللّهُ ا

وَمَا يُغْنِيْ عَنْهُ مَا لُهُ إِذَا تُرَدِّي شُ

٠ مَوْيِ مَدْ بِ رُوْق وَسَيُجَنَّبُهُا الْأَثْقَى ۞ اتَّذِيْ يُؤْتِنْ مَاكَهُ يَتَزَكُّ۞

وَمَا لِاَ كَدِ عِنْدَهُ مِنْ زِّعْمَةٍ تُجْزَى أَ

21. Wabula akikola lwa kunoonya kusiima kwa Mukama we, Omugulumivu.

22. Era mangu nnyo Allah ajja kusiima by'akola.

اِلَّا ابْتِغَاءَ وَجُهِ رَبِّهِ الْأَعْلُ أَمْ في وَلَسَوْفَ يَرْضَى شَ





AL-DUHĀ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
- 2. Njuliza akasana k'oku makya,
- 3. N'ekiro awo nga kibunye wonna,
- 4. Mukama wo takwabuliranga wadde tanyiiganga ku lulwo.
- 5. Mazima ekiseera kyo eky'oluvannyuma ky'ekisinga obulungi gy'oli ku ky'olubereberye.
- kuwa osiime.
- 7. Abaffe, teyakusanga nga oli mulekwa, n'akuwa obubudamo?
- 8. Era yakusanga obulubuuta, n'akwoleka ekkubo.
- 9. Era yakusanga nga oli mu bwetaavu, n'akugaggawaza.
- 10. Kale mulekwa, tomutuntuzanga,
- 11. N'asaba, tomuboggoleranga,
- 12. Era ebyengera bya Mukama bibuulirengako abalala.

بشيرانله الركه في الرحيد وَالضُّحٰيُ أَنَّ وَالَّيْدِلِ إِذَا سَجِي اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ الله مَا وَدَّعَكَ رَبُّكَ وَمَا قَلْيُ

وَلَلْاخِرَةُ خَيْرُكُكَ مِنَ الْأُولِي ٥

6. Era mangu nnyo Mukama wo ajja ku- أَكْسُوْفَ يُعْطِيْكَ رَبُّكَ فَتَكُرْضَى اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ اللَّهِ ٱكَمْ يَجِدْ كَ يَتِيْمًا فَأَوْى ﴿

وَوَجَدُكَ ضَالًا فَهَدِي

وَوَحَدُكَ عَائِلًا فَأَغْنَى أَنْ

فَأَمَّا الْمُتنهُ فَلَا تَقْهَدُهُ

وَآمَّا السَّائِكَ فَلَا تَنْهُوْهُ

﴿ وَآمَّا بِنِعْمَةِ رَبِّكَ فَحَدِّثُ





AL-INSHIRĀH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
 - 2. Abaffe, tetwakwanjululiza ekifuba kyo,
 - Era netukutikkulako obuzito bwo
- بِشمِ اللهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ () اَلَهُ نَشْرَحُ لَكَ صَدْرَكُ ﴾

وَوَضَعْنَا عَنْكَ وِزْرَكَ أَنَّ



4. Obwali *bunaatera* okumenya omugongo gwo,

5. Era netututumula elinnya lyo?

6. Kale ddala wabaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.

7. Era ddala wabaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.

8. Kale buli lw'ofunanga akaagaanya, ofubanga nnyo,

9. Era eri Mukama wo gy'obanga osinga okwemalira.

الَّذِيْ اَنْقَضَ ظَهْرَكَ أَنْ وَرَفَعْ نَا لَكَ ذِكْرَكَ أَنْ فَا تَّ مَعَ الْعُشرِ بُسُرًا أَنَّ إِنَّ مَعَ الْعُشرِ يُشرًا أَنْ فَاذَا فَرَغْتَ فَا نَصَبُ أَنْ إِنَّ مَا لَكُسُو يُسْرًا أَنْ فَاذَا فَرَغْتَ فَا انْصَبُ أَنْ إِنْ وَإِلَى رَبِّكَ فَارْغَبُ أَنْ



سُورَةُ السِّيْنِ مَكِيَّةُ ٥٥



AL-TĨN

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

- 1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
 - 2. Njuliza Omutiini n'Omuzayituuni,
 - 3. N'olusozi Sinaayi,
 - 4. N'ekibuga kino eky'emirembe.
- esingira ddala obulungi;

 6. N'oluvannyuma *bw'ayonoona*, tumu-
- 7. Okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi; kale abo be balifuna empeera etaliiko kkomo.

zzaayo mu ba wansi abasemberayo ddala,

- 8. Kale ate kiki oluvannyuma *lwa kino* ekinaakulimbisa ku ky'okulamula?
- 9. Abaffe, Allah si y'asinga abalamuzi bonna?

بِسْمِ اللهِ الرَّحُمٰنِ الرَّحِيْمِ ()

وَالسِّيْنِ وَالرَّيْتُونِ ﴾

وَ طُوْرِ سِيْنِيْنَ ﴾

وَهٰذَا الْبَلْدِ الْاَصِيْنِ أَ

- كَفَدْ خَلَقْنَا الْرِنْسَانَ فِيْ آخْسَنِ ngeri الْحَسَنِ 5. Mazima twatonda omuntu mu ngeri تَقْوِيْدِهِنَ
 - ثُمَّرُدُد نُهُ آشفَلَ سَا فِلِينَنْ أَ

Ekigendererwa kyabwe. 23:52,53.

Ensonga Iwaki Ababaka n'abagoberezi baabwe babonaabona. 2:156-158,215.

Abatakkiriza basaba Allah ebikontana n'obutonde. 2:119.

BADDU

Okubanunula kikolwa kya ttendo. 2:178; 4:93; 5:90; 9:60; 58:4; 90:14.

BADR, OLUTALO LW'E

— lwalangibwa mu Kur'āni. 3:124; 30:5;54:45-49.

Abalabe basaba ensala, 8:20.

— kaali kabonero akalaga amazima. 3:14. Obuyambi bwa Allah eri abakkiriza mu lwo. 3:124; 8:10; 8:18.

Allah yawa abakkiriza obunywevu. 8:12. Enfo z'amagye g'enjuyi zombi. 8:43.

Okweraga kw'eggye ly'abatakkiriza. 8:48,49. Eggye ly'abatakkiriza lyafuntulwa. 8:51,52

Abatakkiriza abaawambibwa. 8:71.

RAFU

- tebadda mu nsi muno. 2:29; 21:96; 23:100,101; 39:59,60.
- mu by'omwoyo bayinza okuzuukizibwa mu bulamu bw'ensi eno. 8:25.43.

BAI'AT.(EKISUUBIZO KY'OBUWULIZE)

Okuwera eri Omubaka kuba kuwera eri Allah. 48:11

Bai'at y'e Hudaibiya. 48:19.

Bai'at y'abakkiriza abakazi. 60:13.

BAIBULI

- yadibagibwa abantu. 2:80; 5:14,16.

BAJULIZI KU NDAGAANO

Ebibakwatako, 2:283.

Okujulira ku ddaame. 5:107-109.

BAJULIZI

— baba balamu emirembe n'emirembe. 2:155; 3:170.

BAKKIRIZA ABATUUFU

Ebisanyizo byabwe. 2:4-6,166,286; 8:3-5,75,76;9:124;24:52,53,63; 31:5,6;32:16,17; 42:24; 58:23.

Obukkiriza buyimiridde ku mazima.12:109.

Allah mukwano gwabwe.2:258; 3:69; 8:20; 47:12. Allah yekakasaako okubayamba. 22:39; 30:48.

Amadaala gaabwe ga njawulo. 9:20; 20:76; 58:12. — balifuna empeera ensuffu. 33:48.

Allah abaggya mu kizikiza. 2:258.

— tebaliba na kutya. 5:70; 6:49; 7:36.

Allah abongera obulung'amu. 8:3; 47:18.

- banoonya kusanyusa Allah. 3:16;5:3;9:16,72
- abituusa abakkiriza ku kuganyulwa. 23:2-12. Okufuubana kwabwe tekugwa butaka. 4:125;10:10; 16:98;20:113;21:95.

Allah yabasuubiza amaka n'ensuku. 2:26; 9:72.

- balisanyusibwa mu kitiibwa.4:176;13:30;30:16.
- balisonyiyibwa era baligabulwa mu kitiibwa. 8:5.75.

Allah yabategekera empeera ey'ekitiibwa. 10:11; 33:45; 36:59.

Allah yabasuubiza empeera ensuffu. 4:147; 17:10.

— balifuna empeera etaliiko kkomo. 41:9; 84:26; 95:7.

— banguyira eri okukola ebirungi era bo ku byo bakulembeze, 23:62.

BA QURAISH

— baataasibwa olukwe lwa Abraha. 106:2-5.

BAKYALA BA MUTUME

- baba bannyaffe. 33:7.
- kizira okubawasa. 33:54.
- balina eddaala lya njawulo. 33:31-35.
- baaweebwa eddembe okwesalirawo. 33:29,30. Omu ku bo yayatula ekyaama. 66:4.

Mutume okuwera ebyakkirizibwa ku lwabwe. 66:2 Abannanfuusi baakonjera 'Aisha. 24:12.

'Aisha yejjeerera. 24:24.

Zainabu Allah y'eyamufumbiza Mutume. 33:38.

BALINA AMAGEZI

Enneyisa yaabwe. 13:20-25.

BAMALAYIKA

— bakakasa obwannamunigina bwa Allah. 3:19. Kya tteeka okubakkiriza. 2:187;286.

Abagaana aba abuze. 4:137.

- tebajeemera Allah. 66:7.
- bakyakka. 41:31-33; 97:5.
- ne Mwoyo bakka lwa kiragiro kya Allah. 97:5.
- bamanya ekyo kyokka Allah ky'abayigirizza. 2:33.
- balimu amadaala. 35:2.
- bawaniridde Nnamulondo (i.e.amatendo ga Allah).69:18.
- abamu bakuumi. 13:12.
- abamu bawandiisi, 82:11-13.

EMIRIMU GYA BAMALAYIKA

- (i) Kuleeta bubaka okuva eri Allah. 22:76.
- (ii) Kutwaala myoyo (kufiisa). 32:12.
- (iii) Kutuusa bibonerezo ku balabe b'Ababaka. 6:159: 96:19.
- (iv) Kuyamba, kugumya n'okuleetera abakkiriza amawulire ag'essanyu. 41:31-33.
- (v) Kuteeka nsisi n'okutya mu mitima gy'abalabe b'Ababaka. 3:125,126.
- (vi) Kuwa bujulizi na kunyweza bwannamunigina bwa Allah. 3:19.
- (vii) Kukakasa na kulaga butuufu bwa Babaka. 4:167.
- (viii) Kutendereza Allah n'amatendo ge. 39:76.

(ix) Kusabira bakkiriza okusonyiyibwa.40:8;42:6.

(x) Kusabira Mutume (s.a.w) buwanguzi, n'aba-kkiriza emikisa n'ebyengera. 33:44,57.

(xi)Kuwandiika bikolwa bya buli muntu.82:11-13.

(xii)Kugumya bigere by'abakkiriza. 8:13.

BAMULEKWA

— tebasaanye kunyigirizibwa. 93:10.

Okubaliisa, 90:15,16.

Okubaddaabiriza n'okubabudabuda. 2:221.

Ebintu byabwe bilabirirwe bulungi.4:3;6:153; 17:35.

Abakuza beekuume nnyo ku bintu bya bamulekwa. 4:10,11.

Enkuza yabwe entuufu. 4:7.

— balabirirwenga mu bwenkanya 4:128.

BANNANFUŬSI

- —baayagala okuleeta obutategeeragana wakati w'abakkiriza. 63:8,9.
- tebaagaliza Mutume (s.a.w) kirungi. 9:50, 58.61.
- bakuma mu batakkiriza omuliro. 59:12.
- batiisatiisa abakkiriza.3:174;4:84;9:81; 33:14.
- —balina obulwadde mu mitima.2:11;5:53; 9:125; 74:32.
- batabuzitabuzi, batabangula eddembe. 2:12,13,28,221.

Abakulembeze baabwe masitaani, 2:15.

- tebaba bakkiriza batuufu.2:15,77;3:120; 5:62; 4:144.
- baba bakirumira mpuyi bbiri. 4:73,74.
- bekwaasa obusongasonga, 33:14.
- bannampawengwa. 4:144.
- balifuna ekibonerezo ekiruma ennyo. 4:139,146.
- bafuula abatakkiriza mikwano gyabwe. 3:29,119:4:140,145.

BANTU (AMAWANGA)

1. — ba 'Ādi. 7:66;11:51.

Kibuyaga namuzisa yabazikiriza. 46:25,26.

2. — ba Thamūda. 7:74;11:62.

Akabonero k'eng'amira enkazi.. 11:65

- baagitemako amagulu, baabonerezebwa. 7:78; 11:66-68; 26:158.
- baakwatibwa musisi. 7:79.
- 3. boomu kibira. (As-hābul-Aika)

Abantu ba Shuaib baayitibwanga bantu ba mu kibira 15:79; 50:15.

- 4. b'e Tubba baazikirizibwa. 44:38; 50:15.
- 5. bo ku luzzi (As-hābul-Ras).
- baali bamu ku bantu b'eggwanga lya 'Ad. 25:39.
- 6. b'enjovu (As-hābul-Fiil) baali Abraha, kabaka wa Abisiniya, Gavana wa Yemeni n'eggye lye. 105:2.

Olukwe lwabwe, n'okuzikirizibwa kwabwe. 105:3.

7. — Abasabiyi. 5:70.

8. — b'empuku (As-hābul-Kahf)

Empuku weyali. 18:18.

Omuwendo gwabwe. 18:23.

Ekiseera kye baamala mu mpuku, 18:26.

Embwa yaabwe. 18:23.

BANTU B'ENJOVU

Abraha (kabaka w'e Yemen) yazinda Makka n'eggye ly'enjovu. 105:2-6.

BANTU BA SABAYI

— baafuna akabonero okuva eri Allah.34:16-22.

BANTU B'E HIJR

Ekibonerezo kyabavumbagira 15:81-85.

BANTU BOMU KIBIRA(AS-HABUL AIKAH) Baalimbisa ababaka nebakakatako ekibonerezo. 15:79; 26:177; 38:14; 50:15.

BARZAKH

Ekiziyiza obutadda oluvannyuma lw'okufa. 23:101.

BASIRAAMU

- kibagwanira okuvuganya mu birungi. 2:149.
- baalina obukyayi eri okulwana. 2:217.
- ky'ekibiina ekisinga obulungi. 3:111.
- —baaziyizibwa okulwanira mu Myezi Emitukuvu. 2:218.
- tebatwalanga abatakkiriza okuba ab'emikwano. 2:258;5:57;5:81,82; 45:20;58:15; 60:9.10.

BATAKKIRIZA

— bawaanyisa obubuze mu bulung'amu. 2:17,87,176; 3:178; 14:4; 16:108.

— bakiggala, bakasiru, bamuzibe. 2:19,172; 6:40;7:180; 8:23; 10:43; 11:25; 17:73,98; 21:46; 27:81; 30:53,54; 43:41.

Emitima gyabwe mikakanyavu. 2:25,75; 5:14; 6:44; 22:54; 39:23; 57:17.

Ebikolwa byabwe bya kufaafaagana. 2:218; 3:23; 5:6,54; 7:148; 9:17,69;11:17; 18:106; 47:33.

- tebatya kubalirira. 78:28.
- balifuna ekibonerezo ekirumya. 85:11.
- Allah abetoolodde. 85:20,21.
- Malayika zijja kubabonereza. 25:23,24.

BAWAMBE

- bawambibwa luvannyuma lwa kulwana. 8:68.
- bateebwa olw'okwenunula. 47:5.
- bategekerwe obufumbo 24:33,34.
- bayinza okuteebwa ku bukwakkulizo. 24:34.

BAWANDIISI (BAMALAYIKA)

— bamanyi byonna omuntu by'akola. 82:11-13.

BAWARABU

— baasaddaakanga abaana baabwe. 6:138. Abaana b'obuwala baabatwalanga nga ab'ekikwa.

16:59,60; 43:18.

Baaziikanga abaana b'obuwala nga balamu. 16:60. BAWEEREZA BA ALLAH OMUSAASIZI

- baba bawombeefu. 25:64.
- baagaliza buli omu emirembe. 25:64.
- basula basinza Allah 25:65.
- bawanjagira Allah abasonyiwe, 25:66.
- tebadiibuuda era tebakodowala. 25:68.
- beewala shiriki, tebatta okuggyako mu butongole era tebenda. 25:69.
- tebajulira bya bulimba. 25:73.

Empeera yaabwe. 25:76,77.

BAYIGIRIZWA

— ba 'Isa baayitibwanga bayambi ba Allah. 3:53:61:15.

BAYUDAAYA

- beebo Allah beyasunguwalira. 1:7; 2:62,91; 3:113; 5:61,79.
- Allah yabalagira obutasukka nsalo.4:172; 5:78. Enkwe zebaakolera Abasiraamu mu lutalo lw'e Ahzāb.33:27,28.

Okufufuggazibwa kw'eggwanga lya Banū Nadhīr. 59:3-7.

BAZADDE

- bayisibwe bulungi. 17:24; 29:9; 31:15. Tukuutirwa okubasabira. 17:25.
- bagonderwe mu buli nsonga okuggyako Shiriki. 29:9.

BIBI

Omuntu yatondebwa nga mulongoofu, alina obusobozi bw'okukola ebirungi. 76:3,4; 90:9-11; 91:8,9; 95:5.

Leka ebibi eby'olwatu n'ebyenkiso. 6:121,152; 7:34.

Ekibi kisasulwa n'ekyenkanankana nakyo. 6:161; 10:28; 28:85; 40:41.

Abatakkiriza bagugubira ku bibi. 2:171; 7:29; 31:22.

Omutima gunenya nnyini gwo olw'ekibi ky'aba akoze. 75:3,15,16.

Ekibi kituusa nnyini kyo mu muliro. 2:82.

Ebirungi biggyawo ebibi. 11:115;25:71; 41:35. Bwe wenenya, Allah akusonyiwa ebibi byo. 3:136,137; 4:111; 16:120; 42:26.

Omuntu mu butonde bwe akyawa ekibi 30:31; 49:8; 75:15,16; 91:8,9; 95:5.

Okugoberera obuwufu bw'Omubaka kiwonya ebibi. 3:32; 24:55; 33:22.

Okusaba kuziyiza ebibi. 3:136; 6:41-42; 7:201,202; 21:77,84,85,88-91; 29:46; 41:37.

Allah tavunaana bibi ebikolebwa mu butanwa ne mu butamanya. 2:226;4:18;5:90;6:55;16:120; 20:116.

BIBONEREZO BYA ALLAH

Ekigendererwa kya byo. 2:156-158.

BIBUGA

Nnyina bibuga (Makka) 6:93.

BIKOLWA

Ebiva mu bikolwa bibifaanana. 17:14.

Nabbi Omutukuvu y'eyali asinga empisa ennungi. 68:5

Nabbi Omutukuvu y'eyali eky'okulabirako amakula. 3:32; 33:22; 59:8.

— ebibi biva ku butakkiriza Nkomerero.27:5-6. Okupima ebikolwa ebibi n'ebirungi.7:9-10;23:103,104; 101:7-10.

BIKOLWA EBIBI

Obwenzi. 6:152; 17:33; 25:69.

Okwemanya.2:35,88; 4:174; 7:37,41,49, 76,77,89,-134;10:76; 14:22; 23:47; 25:22; 28:40; 29:40; 34:32-34; 38:75-76; 39:60; 40:48-49; 41:16,39; 45:32; 46:11,21; 71:8; 74:24.

Okugeya. 49:13.

Okwewaana. 57:24

Okunyoomerera n'okusekerera. 49:12.

Okuggwamu essuubi.12:88;15:56-57; 29:24;39:54.

Okukozesa ebitamiiza. 2:220; 5:91-92.

Ensaalwa, 113:6.

Okudiibuuda. 7:32; 17:27-28;25:68.

Okukumpanyisa amaaso. 7:117;40:20.

Okugoberera ky'otategeera. 11:47-48;17:37.

Zaala. 2:220: 5:91-92.

Amalala. 17:38; 23:47; 31:19.

Okwogera ebitasaana. 23:4; 25:73; 28:56.

Okuseera. 6:153;7:86;11:85-86;17:36;26:182;83:2-4.

Okuyiting'ana amannya amabi. 49:12.

Obukodo. 3:181; 4:38; 17:30; 25:68; 47:39; 57:25; 59:10; 64:17.

Obukumpanya n'okuwolereza abakyaamu. 4:106,108; 8:28,59.

Okuteebereza. 3:155; 4:158; 10:37; 49:13.

Okulimba. 22:31; 25:73; 39:33; 92:9-11; 96:14-15. Obubbi. 5:39; 60:13.

Allah tayagala kulaalaasa kibi. 4:149.

BIKOLWA EBIRUNGI

- bisasulwa emirundi kkumi. 4:41; 6:161.
- by'ebyokusigalawo. 18:47.

Amateeka agabifuga. 2:208; 4:75; 5:17; 6:163; 60:2; 92:19-22.

Okutuukiriza endagaano. 2:178;5:2; 6:153; 13:21; 16:92; 17:35; 23:9; 33:16.

Okwesammula endagaano embi. 8:59.

Obwekuumi. 17:33; 23:6-8; 24:31,34,61; 25:69; 33:36; 70:30-32.

Obuyonjo. 2:223; 4:44; 5:7; 22:30; 74:5-6.

Okufuga obusungu. 3:135, 42:38.

Okuyambagana mu birungi. 5:3

Obuvumu. 2:178; 3:173-175; 8:16,17,46; 9:40; 20:73-74; 33:40; 46:14.

Okuvisa abakozi obulungi, 4:37.

Okukubiriza ebirungi n'okuziyiza ebibi. 3:111. Okuwa obujulizi obutuufu. 4:136; 5:9; 25:73.

Okuvuganya n'abalala mu kukola ebirungi. 2:149; 3:134; 5:49; 35:33; 57:22.

Okuliisa abayala. 76:9; 90:15-17; 89:19.

Okusonyiwa.2:110;3:135,160;4:150; 5:14; 7:200; 12:93; 24:23;41:35;42:38-41.

Okukola ebirungi. 2:196:3:135;5:94;7:57.

Okusiima. 2:153,173,186,244;3:145;5:7,90; 14:8:39:8,67; 46:16.

Obwetoowaze. 6:64; 7:14,56,147; 16:24,30; 17:38; 28:84; 31:19,20; 40:36.

Obwenkanya. 5:9; 6:153; 16:91; 49:10.

Okukkakkanya amaaso. 24:31,32.

Okuyisa obulungi baliraanwa. 4:37.

Okuyisa obulungi abazadde. 4:37; 17:24-25.

Obugumiikiriza. 2:46,154,156,178; 11:12; 13:23; 16:127-128; 28:81; 29:60; 39:11; 42:44; 103:4. Okutabaganya. 4:115; 49:10.

Okulabirira abaavu. 2:84,178,216; 4:9,37; 8:42; 17:27;24:23; 30:39; 51:20; 76:9; 90:17.

Okutukula; 2:223; 5:7; 9:103,108; 24:22; 33:34; 74:5; 87:15; 91:10-11.

Okuyisa obulungi ab'oluganda; 2:178; 16:91; 30:39.

Okwefuga. 79:41-42.

Obugumiikiriza. 2:154; 3:201; 11:12; 16:97,111; 25:76; 28:55; 31:18; 41:36; 42:44; 46:36; 76:13; 90:18; 103:4.

Okutoola ku lwa Allah; 2:178; 17:27.

Okwewala okubuusabuusa; 49:13.

Okuwa obuvunaanyizibwa abalina ebisaanyizo n'okutuukiriza obwesigwa; 2:284; 4:59; 23:9; 70:33.

Amazima; 4:136; 5:120; 9:119; 17:82; 22:31; 25:73; 33:25; 39:33.

Obuteyagaliza wekka; 2:208,263; 59:10; 64:17; 76:9-10; 92:20-21.

BIPANDE

- bya Kur'āni. 85:23.
- bya Mūsa. 7:146,151,155.

BIRAYIRO

- eby'okubalaata Allah tabiyunaana.2:226; 5:90.
- bisaanye bikuumibwe.5:90.

Okutangirira kwa byo. 5:90; 66:3.

- tebisaanye kumenyebwa. 16:92.
- tebisaanye kufuulibwa bya kubuzaabuza. 16:93,95.

Okwerayirira obutayita eri bakyala 2:227,228.

RIRE

— by'enkuba Allah abisitula. 13:13; 40:41.

Allah atonnyesa enkuba okuva mu bire. 15:23.

Allah abibunyisa buli wamu. 24:44.

Enkuba,omuzira n'okubunyisibwa kwa byo buli wamu. 24:44; 30:49-51.

Enkuba kabonero ka Allah. 2:165.

BIRIIBWA

ebyakkirizibwa, 5:5,6,97.

— bisaana okuba nga byakkirizibwa ate nga birongoofu, 2:169; 5:89; 8:70; 16:115.

— birina kye bikola ku bulamu bw'omuntu. 7:33; 23:52.

Abeekuuma balya birongoofu byokka. 5:94.

Ensi esobola okuyingiwaza emmere emala abantu bonna.2:262,266; 13:4;15:20;30:41; 41:11; 77:28.

BYAZIYIZIBWA OKULYA

Kalannamye. 2:174; 5:4.

Omusaayi, 2:174; 5:4; 6:146; 16:116.

Ennyama y'embizzi. 2:174; 5:4; 6:146; 16:116.

Ekitalaamiriziddwako linnya lya Allah.

2:174; 5:4; 6:122,146; 16:116

Ennyama eziyizibwa okulya okusinziira ku ngeri ensolo gy'efuddemu. 5:4; 6:119,120,122.

BISEERA BY'EKYAAMA

Musookenga kusaba lukusa. 24:59,60.

BISOLO

— byatondebwa kugasa muntu.6:143-145; 16:6,67,81; 23:22; 39:7; 40:80,81.

BISUUBIZO

— bisaanye okutuukirizibwa. 5:2; 6:92,93.

Allah tayagala bakumpanya ndagaano. 8:59.

BITABO

Okulanga kw'ebitabo okubuna wonna. 81:11. BITAMIIZA

— byaziyizibwa. 2:220; 4:44; 5:91,92.

BITIIBWA ALLAH BY'AWA ABAKKIRIZA Bannamukisa abali mu kibinja kino. 4:70,71.

BUBBI

Ekibonerezo kya bwo. 5:39.

BUFUMBO

Ekigendererwa mu bwo. 30:22.

BUGUMIIKIRIZA

Ebibala bya bwo. 2:154-157.

BUJULIZI

Ebikwata ku bujulizi. 2:283;4:7;5:9,107, 109;24:5,14:25:73.

Abajulizi ku ndagaano. 5:107-109.

— bw'amaaso, amatu n'omubiri. 41:21-23.

— obukyaamu busambajjibwa. 5:107.

BUKKIRIZA (IMĀN)

Amakulu ga Imaan. 49:15,16.

Okukkiriza kwokka tekumala. 3:180;29:3,4. Enjawulo wakati w'obukkiriza n'obutebenkevu bw'omutima 2:261.

Okukkiriza Allah n'Omubaka we 3:180; 4:171; 7:159; 57:8; 64:9;

Okukkiriza Ababaka bonna n'Ebitabo. 2:137, 286; 29:27.

Empeera y'obukkirza n'okutoola mu kkubo lya Allah, 61:11-13;64:10.

Okukkiriza Enkomerero. 2:5

Okukkiriza n'okukola ebikolwa ebirungi. 2:26; 18:89; 41:9; 95:7.

Obubonero bunyweza Imān. 9:124; 33:22,23; 47:18.

— oluvannyuma lw'okulaba ekibonerezo tebugasa. 6:159; 10:52,53,91-93; 32:30; 40:86.

- kitangaala. 2:258; 57:13.

— obutaliimu bikolwa birungi tebugasa. 6:159. Allah talung'amya bantu beerema oluvannyuma lw'okukkiriza, 3:37,91; 5:6.

BUKODO

Kibi nnyo okukodowalira ebyo Allah by'akuwadde. 3:181; 4:38.

BUKULEMBEZE

buweebwa asobola, 4:59.

abalondebwa ku bukulembeze beebuuze ku be bakiikirira 3:160.

- bwesigamye ku:
- (i) kuteesaganya; 42:39.
- (ii) kugondera Allah, Omubaka n'abobuyinza; 4:60.
- (iii) kulamula n'obwenkanya 4:59.
- (iv) kukuuma ggwanga, abalirimu n'ebyaabwe 3:201.

BUKULISITAAYO

— baasukka ekigero bwe baafuula Yesu katonda 4:172

Endowooza egamba nti Yesu mwana wa Katonda mpangirire era nkyaamu. 3:60; 4:173; 6:117,118; 9:30,31; 19:32; 43:60.

Enjigiriza y'obusatu nkyamu. 5:74,75.

Enjigiriza egamba nti Yesu yatufiiririra olw'ebibi byaffe ngingirire. 6:165; 53:39.

Okulanga kw'ettutumu ly'Obukulisitaayo. 18:19.

Okulanga kw'okugwa kw'Obukulisitaayo oluvannyuma lw'okufuna ettutumu. 18:33-45; 20:103-105.

Ettutmu ly'Obukulisitaayo ely'ebyaasa ekkumi. 20:104.

Eby'obugagga bwabwe kigezo gye bali. 20:132. Endowooza y'amawanga g'ebugwanjuba ejerega enjigiriza ya Allah. 82:7-13.

BUKUZA

— abaana abakuzire tebaba ba ddala; 33:5

BULABIRIZI OBA BUYIMA

Omulabirizi akiikirira ateesobola. 2:283; 17:34. Omukuza tasaanye kulya bintu bya bamulekwa mu bukyaamu 4:6-7.

BULAMU

— bugendera ku kuvuganya na kutakabana. 2:149; 5:49; 53:40; 79:36; 90:5.

Okugerageranya wakati w'obulamu obw'oku nsi n'obwoluvannyuma lw'okufa. 6:33; 29:65; 47:37; 57:21.

Okutondebwa kw'omuntu kulina ekigendererwa. 23:116; 51:57.

Amazzi y'ensibuko y'obulamu. 21:31.

Buli kitonde kyatondebwa mu migogo gya bibiri bibiri, 13:4; 36:37; 51:50.

Emitendera gy'okutondebwa kw'omuntu. 18:38; 23:13-15; 40:68; 53:33; 71:15-19.

BULAMU BW'ENSI

Abatakkiriza babwegomba nnyo. 2:201; 4:135; 42:21; 75:21; 87:17.

Omutindo gw'obulamu bw'ensi gwa wansi ku gw'obulamu bw'oluvannyuma lw'okufa. 4:78; 9:38; 10:25;13:27;18:46;29:65;87:18;93:5.

- bwa kiseera kitono ddala 23:115.

BULAMU OLUVANNYUMA LW'OKUFA

— ky'ekisuubizo ky'obulamu bw'omulundi ogwokubiri. 2:29,47; 23:17; 53:48; 64:8.

Obwetaavu bw'obulamu oluvannyuma lw'okufa. 10:5.

- bwa nkalakkalira, 29:65; 40:40.
- —businga obulamu bw'ensi eno. 4:78;12:110; 17:22. Okusaasira kwa Allah kulibeera ku bakkiriza, abatakkiriza balibonerezebwa. 58:21.

Abakkiriza bokka be baliganyulwa mu bulamu oluvannyuma lw'okufa, 17:72,73.

Buli kikolwa kiribalibwa mu bulamu oluvannyuma lw'okufa, 18:50: 20:16.

Abakkiriza balisasulwa mu bulamu oluvannyuma lw'okufa. 2:26.

Ababulafuubanira balisiimibwa. 17:20.

Abakkiriza baliraba Allah ku nkomerero. 75:24. Ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obunene. 39:27.

Abatakkiriza nkomerero balifuna ekibonerezo ekirumya. 17:11.

Abatakkiriza baggwaamu essuubi ku by'obulamu bw'oluvannyuma lw'okufa. 6:30,31; 16:39; 17:50-52; 36:79-82.

- businziira ku bikolwa by'oku nsi. 17:14,15; 21:95; 43:81; 45:30; 50:19; 82:11-13; 83:8-19.
- butandikira mu bulamu buno obw'oku nsi okweyoleka eri omuntu. 41:31-33;55:47; 89:28-31. Mu bulamu oluvannyuma lw'okufa ebikolwa by'omuntu bilyeraga mu bujjuvu. 39:70; 50:22-

24; 57:13; 69:19; 86:9,10; 99:7-9.

Okukulaakulana mu madaala mu bulamu oluvannyuma lw'okufa tekulibaako kkomo. 15:48; 35:35,36; 39:21; 66:9.

BULUNG'AMU

Allah yatonda buli kintu n'akiwa obulung'amu bwa kyo, 20:51.

Allah alung'amya gw'aba asiimye. 2:214,273; 5:17; 6:89; 10:26; 13:28; 14:5; 16:94; 22:17; 24:26,47; 28:57; 33:5; 35:9; 42:14; 74:32.

Allah ayongera ku bulung'amu bw'abo ababugoberera. 19:77; 47:18.

Tewali alung'ama awatali buyambi bwa Allah. 4:89,144; 7:44,179,187; 13:34; 17:98; 18:18; 39:24,37-38; 40:34; 42:45-46.

Obulung'amu buva ku bukkiriza na bikolwa birongoofu. 4:176; 10:10; 13:30; 14:24; 47:5-6. Allah talung'amya boononefu. 2:259,265; 3:87; 5:52,68,109; 6:145; 9:19,24,37,80,109; 12:53; 16:38,108; 27:81-82; 28:51; 39:4; 40:29; 46:11; 61:8; 62:6; 63:7.

Okusaba obulung'amu 1:6

Okusaba obulung'amu oba osaba bwannabbi. 1:6-7; 6:84-91.

Abajeemulukufu be basuubizibwa obulung'amu. 3:21; 5:17; 13:28.

Okugoberera eby'obulung'amu kutuusa omuntu ku kuganyulwa. 2:6,158; 23:2; 28:68; 31:6; 87:15; 91:10.

BUSATU

Okusambajjibwa kw'obusatu. 4:172; 5:74.

BUSIKA

Engabanya y'ebintu by'omufu. 4:8,9,12,13,177. Okukola eddaame elirumiriza abasigaddewo okugaba ebintu by'omufu mu mateeka. 2:181; 5:107.

Okukyuusa eddaame ly'omufu mu bukuusa kibi kinene. 2:182.

Okutereeza mu ddaame erivudde ku mateeka ga Kur'āni Entukuvu. 2:183.

Kur'āni Entukuvu y'egaba ebintu by'omufu. 4:8,9,12,13,34,177.

Okugabira ku bamulekwa n'abaavu mu kiseera ky'okugaba ebintu by'omufu. 4:9.

Emigabo gy'abasika 4:12.

Omugabo gwa Ssemwandu, Namwandu. 4:13. Ebikwaata ku bintu bya'Kalaalah'. 4:13,177.

BUSIRAAMU

Erinnya 'Busiraamu' lyatuumibwa Allah yennyini. 2:133; 3:20,86; 5:4; 22:79.

Islam (Obusiraamu),kitegeeza mirembe, kwewaayo, buwulize na kujemulukukira Allah. 2:113,132,209; 4:126; 6:163,164.

Ebikwaata ku Busiraamu

Empagi z'Obusiraamu:-

(i)Okutongoza obwannamunigina bwa Allah.112:1-5.

(ii)Okuyimirizaawo essaala. 2:4,239; 4:104; 35:30.

(iii)Okutoola Zaka.2:44;4:163;19:32; 22:79; 41:7-8.

(iv)Okusiiba omwezi gwa Ramadhān. 2:184-186.

(v)Okulamaga olugendo olutukuvu (Hajj). 3:98; 5:98

Empagi z'obukkiriza:-

(i)Okukkiriza Allah. 2:178,286; 24:55; 112:1-5.

(ii)Okukkiririza mu ba Malayika. 2:99,178, 286; 4:137.

(iii)Okukkiririza mu Bitabo Ebitukuvu. 2:178,286; 4:137; 74:32.

(iv)Okukkiririza mu Babaka ba Allah. 2:137,286; 4:137; 24:55,57.

(v)Okukkiririza mu lunaku lw'enkomerero. 2:5; 6:93; 27:4; 31:5; 70:27;

(vi) Okugera kwa Allah. 25:3, 57:23.

- y'Eddiini enzijuvu 3.20,86;5:4.

— y'Eddiini yokka ekkirizibwa eri Allah era y'eyamazima. 3:20,86; 5:4.

Mu Busiraamu temuliimu kuwaliriza. 2:257; 10:100; 11:119; 18:30; 76:4, 28:57.

Asiramuka aba talina gw'akoledde kisa. 3:165; 10:109; 27:93; 49:18.

Obulung'amu obujjuvu buli mu Busiraamu. 2:6,17,39,98,121; 6:72; 7:53; 9:33; 16:65,103; 22:68; 31:6; 48:29; 61:10.

— y'Eddiini esinga zonna. 3:86,20; 4:126.

— tebuliimu kuzitoowereza. 2:186,287; 5:7; 22:79.

— ky'ekyekwatwako ekinywevu 2:257; 31:23.

— bulung'amya eri ekkubo ly'abo Allah beyawa ebyengera. 1:6-7; 4:70; 19:59; 57:20.

— bulinga omuti omulungi. 14:25.

Mu Busiraamu asinga okutya Allah y'asinga okuba ow'ekitiibwa. 49:14.

—bulagira kukola bwenkanya. 4:59,136; 5:9,43; 6:153; 7:30; 11:86; 16:77,91; 17:36; 26:183; 49:10; 55:10; 60:9.

—bulagira okuyisa abantu bonna obulungi. 4:37; 6:152; 17:24,25.

—y'Eddiini ya ba Nabbi bonna. 4:164; 16:124; 42:14

Okulanga kw'obuwanguzi bw'Obusiramu. 9:33; 48:29: 61:10.

Okulanga kw'okwatiikirira n'okuddirira kw'Obusiraamu. 32:6.

Okubuulira Obusiraamu kwalaalikibwa ku bakkiriza bonna. 3:105,111,115; 5:68; 6:20; 7:158; 9:71; 12:109; 16:126; 31:18; 33:40; 41:34.

BUSOSOLOOTI

— bwagunjibwawo bugunjibwa. 9:35; 57:28.

BUSUUBUZI

- bukkirizibwa. 2:276; 4:30.
- tebusaanye kukwerabiza Allah. 9:24; 24:38; 62:12.

Eky'obusuubuzi ekisinga byonna 35:30,31; 61:11-14.

— obutagobolola. 2:17.

BUTAKKIRIZA (KUFR)

- kitegeeza kugaana Allah. 2:29; 18:38; 40:13.
- kitegeeza kugaana byengera bye.14:8; 16:113; 27:41.
- kitegeeza okugaana amazima n'Ababaka. 2:27,40,90,106;14:10;41:53;46:11;60:5.

Abatakkiriza baliko ebikoligo, 36:9.

Amasanamu g'Abawarabu ab'edda. 5:104; 38:7; 43:58-59; 71:24.

Abatakkiriza tebaganyulwa. 6:22; 10:70; 23:118; 28:83.

Ebikolwa by'abatakkiriza tebiribagasa. 2:218; 3:22,23; 5:6; 11:17; 18:106; 33:20; 47:10; 47:29; 47:33.

Abatakkiriza beemalira ku bulamu bw'ensi. 2:201; 10:8; 23:38; 45:25.

Enkomerero y'abatakkiriza. 3:163,152,198;

4:122; 5:73; 9:73; 10:9; 13:19; 17:98; 24:58; 66:10: 79:40: 98:7.

Abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo. 2:105; 2:175; 3:22; 3:78; 5:37; 9:3; 10:5; 10:98; 16:105; 29:24; 34:6.

BUTONDE, OBWANJULUKUFU BWA BWO

Obubonero bw'obwanjulukufu bw'obutonde 13:4,5.

BUTONDE, OKUTABAGANA MU BWO.

Mu kutonda kwa Allah temuli njawukana yonna. 67:4.5.

BUWOMBEEFU

Abakkiriza kibagwanira okuba abawombeefu. 25:64; 31:19,20.

BUZITO

Buli muntu wakwetikka bubwe. 29:13,14; 35:19.

BWENKANYA

Abakkiriza bakubirizibwa okuba abenkanya. 5:9.

BWENZI

— bwaziyizibwa. 17:33; 25:69.

Ekibonerezo kya bwo, 24:4.

Obujulizi bwetaagibwa. 24:5

Tobusemberera. 24:31,32.

Okukangavvula abagwenyufu. 4:16-17.

Ekibonerezo ky'okuwaayiriza omukazi/omusajja nti ayenze. 24:7-11.

Temuwaliriza bakazi kukola bwenzi. 24:34.

Okuwaayiriza omukazi mwekuumi. 24:5.

Weekuume nga tonnafumbirwa/tonnawasa. 24:34.

Omwenzi agatta na mwenzi oba musamize. 24:3.

BWEETOWAZE

Allah tayagala malala. 31:19; 2:84; 17:38; 25:64,73; 31:19,20.

BYA BUFUZI

Enkolagana n'amawanga amalala. 16:93,95; 60:8-10.

- bitambulira ku kuteesaganya. 3:160; 42:39. Obuyinza bukwasibwe abantu abatuufu. 4:59.
- —bibeere ku musingi gwa bwenkanya. 4:59,106-108,136; 5:9; 16:91; 38:27; 42:16.
- ab'obuyinza bagonderwe. 4:60.

Okuwakula entalo kwaziyizibwa. 2:191-194; 4:76; 8:40; 22:40-42.

Emirembe, 8:60-62; 9:1-4.

BYA BUGAGGA

Mubifune mu ngeri entuufu 2:189: 4:30.

Emigaso egiri mu by'obugagga. 4:6.

Ekiseera ky'okubikwaasa ba nnyini byo. 4:6,7. Obwannannyini ku by'obugagga, 16:72.

— kigezo eri omuntu. 8:29; 64:16.

DĀŪD (OMUBAKA)

- yalwaana n'Abafirisuuti. 2:252.
- yawangula abalabe, yassaawo obwakabaka. 2:252.

Allah:

- yanyweeza obwakabaka bwe. 38:21.
- yamufuula Khalifa mu nsi. 38:27.
- yamuwa okumanya okwa waggulu. 27:16.
- yamuwa emikisa egiva gy'ali 34:11.

Yayigirizibwa okukola ekyambalo ky'ekyuma. 21:81; 34:11,12.

Abantu b'omu nsozi n'ennyonyi (abatuukirivu) baamugondera. 21:80; 34:11; 38:19,20.

Enkwe z'abalabe be zaagwa butaka. 38:22,23.

- yalamula ab'oluganda ku nkaayana z'endiga enkazi. 38:24,25.
- yasaba okusonyiyibwa. 38:25.

Ensonga y'okusaba kwe okusonyiyibwa teyali ya



kibi. 38:26.

— ne Sulaimāni baalamula ku nsonga y'ennimiro. 21:79,80.

Ekitabo kye tekyaali kya mateeka. 4:164;17:56, .

DDIINI YA ALLAH

Mugigoberere. 2:139.

DDIINI Y'OBUWANGWA

— y'Eddiini entuufu. 10:106; 30:31,44.

DHUL-KIFL (EZEKERI)

Ebimukwatako, 2:260.

DHUL- QARNAIN

Ebimukwatako. 18:84,99.

yakola olukomera. 18:96,97.

FARÁWO

Allah yawonya omubiri gwe. 10:93.

Abantu be baagoberezebwa ekikolimo.11:100; 28:43. \pmb{GGULU}

— lyatondebwa n'ekigendererwa. 3:192; 14:20; 15:86; 16:4; 29:45.

- Allah yennyini y'eyalitonda. 51:48.
- mu kusooka lyali ng'omukka, 41:12.
- n'ensi mu kusooka byali bikwataganye. 21:31. Emigigi gy'eggulu omusanvu gyatondebwa mu biseera bibiri. 41:13.
- n'ensi byatondebwa mu biseera mukaaga. 7:55; 10:4; 11:8; 25:60; 32:5.

Allah yalitonda ng'akasolya. 2:23; 23:18; 51:48; 78:13; 79:28,29.

— litutaasa era likuumibwa 21:33; 37:7,8; 41:13. Enjuba n'omwezi byetooloolera mu bwengula. 21:34; 36:41.

Eggulu (obwengula) lijjudde amakubo. 51:8.

- teliwaniriddwa na mpagi. 13:3; 31:11.
- lirina enkolagana n'ebyemmere. 10:32; 27:65; 34:25; 35:4.
- liri mu mukono gwa Allah. 21:105; 39:68.
- liriggulwa neriba milyango myeereere. 78:20.
- liriggyibwaako eddiba. 81:12.
- liriyuzibwamu. 77:10; 82:2.
- liriba ng'ekikomo ekisaanuuse. 70:9.
- lyawundwa n'emmunyenye. 37:7; 15:17; 41:13: 67:6.

Okugwa kw'ebitundutundu by'eggulu nga ekibonerezo. 17:93; 26:188; 34:10.

— y'ensibuko ya buli kimu. 15:22; 40:14.

GOG NE MAGOG

— mawanga g'Abazungu. 18:95,100; 21:97. Entalo za Gog ne Magog. 18:100; 21:97.

Okusaasaana kwa Gog ne Magog mu nsi yonna. 21:97.

Mu bufuzi bwa Gog ne Magog ensi eribaamu ebizibu bingi. 21:98-101.

Obusiraamu bujja kuwangula endowooza

n'enkola ya Gog ne Magog. 9:32; 21:98; 48:29; 61:10.

HĀMĀN

— y'eyali omuduumizi w'eggye lya Farawo.28:9. —yali mukungu avunaanyizibwa ku bakozi

28:39: 40:37.

HĀRŪN (NABBI)

Nabbi Mūsa yamusaba Allah abeere omubeezi we. 20:30-37; 28:35.

— yafuulibwa Nabbi. 4:164; 6:85; 10:76; 19:54; 21:49.

— yawakanya okusinza ennyana. 20:91.

Mūsa yamunyiigira olw'abantu be okusinza ennyana. 7:151; 20:93,94.

Mūsa yamusabira okusonyiyibwa. 7:152.

Ebyengera bya Allah ku ye. 37:115.

HĀRŪT NE MĀRŪT

— baali basajja batuukirivu ab'e Babuloni.2:103.

HUDAIBIYYAH

Ebikwaata ku ndagaano ye Ḥudaibiyyah. 48:19-30.

HUD-HUD

ebikwaata ku Hud-hud. 27:21-32.

IBILĪS

- yagaana okugondera Adamu. 2:35; 7:12,13; 15:31;17:62; 18:51; 20:117.
- okwekuluntaza kwamugaana okugondera Ādamu. 2:35; 38:74-77.
- teyali malayika. 18:51.

IBRĀHĪM (NABBI)

Amazima agamukwatako gali mu Kur'āni Entukuvu. 3:68;19:42.

- yali mu bantu ba Nabbi Nūhu. 37:84.
- yalabula kitaawe ku kusinza amasanamu.6:75.
- yatumwa eri abaasinzanga amasanamu n'emmunyenye. 6:77-79; 21:53.
- yakubaganya ebirowoozo n'abantu be ku kusinza amasanamu. 6:77-79; 37:89-91.
- yamenyamenya amasanamu n'ayoleka obuyenjebufu bwa go. 21:58-59; 37:94.
- yasuulibwa mu muliro. 21:69-70; 37:98.
- yasenguka. 21:72; 37:100.
- yasabira kitaaawe okusonyiyibwa. 9:114;19:48; 26:87; 60:5.
- yatuukiriza ekiragiro kya Allah. 2:125.
- yaweebwa amawulire g'okuzaala Ismāili. 37:101-102.
- yaweebwa amawulire g'okuzaala Is-hāq. 11:72; 37:113.
- yaweebwa amawulire g'okuzaalibwa kwa Ya'quubu.11:72; 21:73.

yalaba mu kirooto nga asala Ismāili. 37:103.

- yaleka Ismāili ne nnyina mu ddungu. 14:38.
- yasitula omusingi gw'Ennyumba ya Allah. 2:126-128.
- ne Ismāili baasaba Allah asitule Nabbi Amakula mu kibuga Makka. 2:128-130.
- yalagirwa alangirire Ḥajj 22:28.
- n'ababaka abaasindikibwa okubonereza abantu ba Nabbi Lūti. 11:70-71: 51:33.
- yabaleetera ennyama enkalirire. 11:70.
- yasaba Allah asonyiwe abantu ba Nabbi Luti. 11:75.
- yawakana ne kabaka. 2:259.
- yabuuza ku bikwata ku kuddaabululwa kw'abantu be 2:261
- yali wa mazima nnyo. 19:42.
- Isi-hāq ne Ya'qūbu baalina obuyinza era nga balabufu. 38:46.

IDRĪS

- yali mugumiikiriza.21:86.
- yali Nabbi wa mazima. 19:57.
- yagulumizibwa.19:58.

ILYĀS

- yali Mutume. 37:124.
- yalabula abantu be obutasinza masanamu. 37:126

Abantu be baamulimbisa, 37:128,

Ab'oluvannyuma. 37:130.

ILYASA'

— yali mu basinga obulungi. 38:49.

'ISA (YESU)

Amawulire g'okuzaalibwa kwe. 3:46; 19:20.

Maryamu yeewuunya nnyo eky'okuzaala nga tabadde na musajja. 3:48; 19:21

Maryamu yalagirwa okusirika oluvannyuma lw'okuzaala 'Isa. 19:27.

- yazaalibwa mu biseera by'okwengera kw'emitende. 19:26.
- yayogera eby'amagezi nga akyaali muto. 3:47; 5:111.

Maryamu yamutwala eri ab'ewaabwe. 19:28.

- yali Nabbi eri abaana ba Isirairi bokka. 3:50; 43:60; 61:7.
- yayigiriza abaali abaawansi mu by'omwoyo ne bafuuka abaawaggulu. 3:50; 5:111.
- yawonya abagenge, abatalaba; n'azuukiza abafu mu by'omwoyo. 3:50; 5:111.
- yayigirizibwa Taureti n'Enjiri byokka. 3:49; 5:47,111; 57:28.

Abayudaaya baamugaana. 3:53.

Abayigirizwa be baabikkulirwa. 3:53-54; 5:112. — yaweebwa obubonero obw'olwatu, era yawagirwa buwagirwa ne Mwoyo Mutukuvu. 2:88,254; 5:111.

Abalabe be beekoba okumuttira ku musaalaba. 3:55-56: 4:158.

— yabambibwa naye teyafiira ku musaalaba. 2:73; 4:158.

Enkwe z'Abayudaaya okumutta tezaatuukirira. 5:111.

- ne nnyina baawebwa obuddukiro, 23:51.
- mufu. 3:56,145; 5:76,117-120; 7:26; 16:21-22; 21:8,9,35;77:26,27.

Embeera ye eringa eya Ādamu. 3:60.

- okuba ekigambo kya Allah kitegeeza nti okujja kwe kwali kutuukiriza okulangibwa kwe. 4:172.
- yasitulwa mu madaala— so si mubiri. 2:254; 3:46; 4:159; 7:177;19:58;58:12;94:5.
- yakakasa ebyo ebyakulembera mu Taureti. 3:51; 5:47; 61:7.
- vali muweereza wa Allah. 19:31; 43:60.
- yali Mubaka bubaka 3:50; 5:76; 61:7.
- yalagirwa okusaala, okutoola Zaka n'okuyisa nnyina obulungi. 19:32,33.
- yayigiriza obwannamunigina bwa Allah. 5:118; 19:37; 43:65.

Abagamba nti 'Isa ye Allah batakkiriza. 5:18,73,74.

- ne nnyina tebaali bakatonda. 5:76,117-118.
- ne nnyina baalyanga emmere ng'abantu ba bulijjo. 5:76.

Abayudaaya n'Abakrisitaayo balowooza nti 'Isa yafiira ku musalaba. 4:160.

'Isa si mwana wa Allah. 17:112; 18:5-6; 19:36,89-91; 21:27; 25:3; 39:5; 72:4; 112:4 - 5. — teyalina kitaawe. 3:48; 19:21-22.

IS-HĀO

Amawulire g'okuzaalibwa kwe. 11:72; 21:73; 37:113; 51:29.

Nnyina yeekanga olw'amawulire g'okuzaalibwa kwe. 11:72.

Ibrāhīmu, Is-hāq ne Ya'qūbu. 21:73; 38:46.

ISMAILI

- yali Mubaka, Nabbi. 19:55.
- y'eyali omwana wa Ibrāhimu omukulu. 37:102. Ibrāhīmu yalaba mu kirooto nga asala Isimaili. 37:103-114.

Allah yawa Ismāili emikisa. 37:114.

— yali mwana muwulize nnyo era omugumii-kiriza. 37:103.

Allah yamuwa ettutumu mu b'oluvannyuma bonna. 37:109.

- yawangula ekigezo ekizibu. 37:107.
- y'eyalondebwa okuba ekiweebwayo so si Is-hāq. 37:103-106.

- yali wa mazima nnyo. 19:55.
- vakubirizanga nnyo ababe okusaala. 19:56.
- yali muganzi nnyo eri Allah. 19:56.

ISRĀ

-kwe kwolesebwa Allah kwe yayolesa Mutume (s,a,w) okuva e Masjidul-Harām okutuuka e Masjidul-Agsa, 17:2,

Okwolesebwa okwo kwali kwanjulukufu bulungi. 17:61

I'TIKĀF

Ebikwaata ku I'tkaf. 2:126,188; 22:26.

OKUGANYULWA N'OKUWONYA

 kwasuubizibwa abo bokka abeekuuma.2:3-6; 19:73:23:2-10.

JAHANNAMU (MULIRO)

Bonna ba kugituukako.19:72.

Tebalifiira mu gwo. 4:57; 43:78; 87:14; 35:37.

Abakkiriza baliguwonyezebwa. 19:73; 21:102,103. JĀLŪT (GOLĪATH)

Okuwangulwa kwe. 2:250 - 252.

JANNA (ENSUKU)

Obulamu n'ebibala byaamu. 2:26.

Obugazi bwaayo. 3:134; 57:22

Emvoyo gilifuniramu ebyo bye gyagala. 41:32,33.

 oluvannyuma lw'okufa n'eyoku nsi kuno. 19:62:55:47.

y'oku nsi 2:36

Ab'omu Janna tebaliggyibwamu11:109;15:49;18:109. Ebigikwatako biri mu ngeri ya kugereesa. 13:36; 47:16; 57:13.

Ebya Janna teri ayinza kubitegeera byonna. 32:18.

Abatya Allah balitwalibwa mu Janna. 39:74. Eddaala ly'abomu Janna liriba lya waggulu nnyo 83:19-24.

Abakkiriza ne mu nsi muno bafuniramu Janna 55:47.

JANNA. ENFAANANA YAAYO

Telibaamu:-

- musana gususse wadde obutiti. 76:14.
- bya swakaba. 19:63; 52:24; 56:26; 78:36.
- kufa wadde okubonerezebwa. 37:59,60; 44:57.

Abomu Janna baliraba Allah. 75:23,24.

Okusiima kwa Allah y'empeera elisinga byonna mu Janna. 3:16; 9:72.

JANNA, AMAKULA GAAYO

Ebibala n'ebisiikirize bya yo. 13:36.

Ekyengera ekirisinga obukulu mu Janna. 3:16; 9:72.

Amaka amalungi ennyo. 9:72.

Ggoloofa. 25:76; 34:38; 39:21.

Amazzi ,amata,omwenge n'omubisi gw'enjuki. 47:16.

Ensuku n'emigga. 3:16,196,199; 4:14,58,123;

5:13,86; 7:44; 9:72,89,100; 10:10; 13:36; 22:15,24; 25:11; 47:16; 58:23; 61:13; 64:10.

Nnamulondo za yo. 15:48.

Ebiwempe bya liiri. 55:55.

Ebiwempe n'emitto, 88:16,17.

Eky'okunywa ekituukirivu, 83:26-29.

Eky'okunywa ekitaleeta bya swakaba wadde okwonoona. 37:46-48; 52:24; 56:20.

Ekikopo ekiritabulwamu kaafuur. 76:6,7.

Ekikopo ekitabuddwaamu entangawuzi. 76:18.

Ensulo eyitibwa Salsabiil. 76:19.

Eky'okunywa eky'entabula ya Tasniim. 83:28. Okugabulwa .19:63.

Eby'okulya n'eby'okunywa. 77:43,44.

Emiti gya sidri n'ebitooke. 56:29,30.

Entende n'enkomamawanga, 55:69.

Emizabibu, 78:33.

Buli kika kya kibala.44:56; 52:23; 55:53.

Abakkiriza balifuna empeera v'ebibala, 37:42-43.

Ebirimba by'ebibala,76:15. Ennyama y'ebinyonyi.56:22.

Ebisiikirize, 13:36.

Engove. 18:32.

Ebikomo bya zaabu, 18:32.

Ebikopo bya zaabu. 43:72.

Ebikozesebwa ebya feeza. 76:16,17.

Abakyala abaatukuzibwa. 3:16; 4:58.

Abakyala abawombeefu ab'amaaso ag'endege. 37:49.50.

Abavubuka abatalikaddiwa. 52:25; 56:18; 76:20. Bamalayika baliramusa ab'omu Janna. 13:24,25.

JANNA. ABALIGIYINGIRAMU

Abakkiriza abakozi b'ebirungi. 2:26.

Abakozi b'ebirungi abafaayo ennyo ku biragiro bya Allah 3:134-137.

Abagumiikiriza, 13:23-24.

Abaakulembera mu buwulize eri Allah. 56:11-12. Abantu b'oku ddyo, 56:28.

elisembezebwa eri abawulize, 50:32.

JIBRIL (MALAIKA)

Ebiva mu butamukkiriza. 2:98,99.

JIHAAD (OKUTAKABANA MU KKUBO LYA ALLAH)

Abakkiriza balagirwa okutakabana. 2:219; 5:36; 9:41; 22:79.

Jihaad Akbar (esinga obukulu) kwe kulwanyisa obunafu bwo. 4:96; 8:73; 9:20,41,44; 49:16; 61:12.

Jihaad Kabiir (ey'okubiri mu bukulu) kwe kukozesa Kur'āni Entukuvu. 25:53.

Jihaad Swaghiir (entono) kwe kukozesa ekitala olw'okwetaasa. 2:191; 4:76; 8:40; 9:13; 16:91; 22:40; 42:40; 49:10; 60:9,10.

Okutakabana n'ebyobugagga. 8:73; 9:20; 61:12. Temusukka kigero mu kulwanyisa abalabe. 2:191

Alwana ku lwa Allah afuna empeera mu buwanguzi ne mu kufa. 4:75.

Okulagirwa kwa Nabbi Omutukuvu okulwana kuzingiramu abakkiriza. 4:85; 8:66.

JINN

Allah yatonda Amajinni n'abantu lwa kumusinza, 51:57.

Jinn be bantu ebikonge ate Ins be bantu ba bulijjo. 6:129:55:34.

Ibilis yali omu mu majinni 18:51.

Amajinni (i.e abatuuze b'omu nsozi) mu matwale ga Daudi.27:40.

Amajinni agaasisinkana Nabbi Muhammad (s.a.w) baali Bayudaaya b'e Nasiibiin.46:30.

Amajinni agaawuliriza Kur'āni Entukuvu nga esomebwa baali Bayudaaya abaava mu bifo ebweru wa Makka. 72:2.

Amajinni okutondebwa mu muliro kitegeeza nti gasunguwala mangu. 15:28.

KA'BAH

— ly'essinzizo lya Allah elyasooka. 3:97; 22:30.

kung'aaniro lya bantu, kifo kya mirembe.
 2:126.

Ekifo kya Ibrahimu. 2:126; 3:98.

Ka'bah nnyumba ya mizizo. 5:98.

Erinnya lya Ka'bah eddala. 17:2.

Nnyumba ya lubeerera. 52:5,6.

KAIN

— yali mutabani wa Ādamu. 5:28-32.

Omuntu tayinza kufa okuggyako nga Allah akkirizza, 3:146.

Buli mwoyo gwa kuloza ku kufa. 3:186; 21:36; 29:58.

Ku nsi tekuliiko bulamu bwa nkalakkalira. 2:97; 18:46; 21:35; 40:40; 55:27-28.

Abafa tebadda ku nsi 21:96; 23:100,101; 39:43. Obulamu bwa mirundi ebiri, n'okufa kwa mirundi ebiri. 40:12.

— kitegeeza eddaala ly'embeera y'ebyomwoyo elya wansi. 2:57.

Mu kufa n'obulamu mulimu amakulu g'ettutumu n'okugwa kw'abantu n'amawanga. 29:21.

Okuzuukiza abafu. 6:123; 75:38-41.

Abafu mu by'omwoyo. 6:37.

KAUTHAR (ÖBULUNGI N'EBIRUNGI MU BUNGI)

Nabbi Omutukuvu, yaweebwa Kauthar. 17:88; 108:2.

KAWUMPULI

— alibalukawo mu biseera by'oluvannyuma olw'okubonereza abo abalimbisa obubonero bwa Allah. 27:83.

KHĀTAMUN - NUBUWWAT

Allah y'amanyi w'asaana okussa obubaka. 6:125.

Obwa Nabbi bulimu amadaala. 2:254.

Nabbi asaana kugonderwa 4:65.

Obwa Nabbi kati bufunirwa mu buwulize. 4:70.

Obwa Nabbi kyengera. 4:70; 5:21; 6:90. Endagaano y'obwa Nabbi. 3:82; 33:8; 14:48.

Bannabbi ab' obulimba tebaganyulwa. 69:45-48. Mukkirize Allah n'abatume. 4:137,151-153.

Ebyengera bye by'omwoyo tabiwa batabyagala. 2:125; 6:84,90.

Okujerega Ababaka.17:95; 25:42; 28:48-49.

Ensonga egaanyisa Ababaka, 50:3

Bannabbi bawi ba mawulire ga ssanyu era balabuzi. 2:120; 2:214; 4:166; 5:20; 6:49;7:189; 11:3; 17:106; 18:57; 33:46; 34:29; 35:25; 41:5; 48:9.

Rasūl ne Nabbi ky'ekimu. 19:52,55.

Obwetaavu bw obwa Nabbi. 20:135; 5:20; 28:47; 32:4; 35:43; 67:9.

Khātaman-Nabiyyin kitegeeza Nabbi asinga banne bonna— so si Nabbi asembayo, 33:41.

Okujja kw'Ababaka oluvannyuma lw'Ekitabo. 2:88. Eng'ombo egamba nti obwa Nabbi bwakoma yava dda. 40:35; 72:8.

Mahdi alina kuba Nabbi 6:85-89; 19:59.

Bamalayika bakyakka. 22:76;41:31-33.

Obwa Nabbi bukyajja. 1:6;3:82;4:70;7:36;11:18; 16:3;22:76;23:52;39:72;40:35;62:3-4;72:8;77:12-15.

KHILĀFAT

Khilafat y'egatta Abasiraamu bonna.3:104,106; 8:47.

8:47. Allah yasuubiza okuwa abakkiriza Khilafat 24:56.

KIBONEREZO
— kijja luvannyuma lwa kutuma Mubaka. 6:132;

20:135; 26:209; 28:60. Allah tazikiriza bibuga mu bukuusa. 11:118.

Ekigendererwa ky'ekibonerezo kuddaabulula. 23:77,78.

Allah tayanguyiriza kubonereza.10:12;11:9; 22:48-52.

- kijja luvannyuma lwa bujeemu na bulyake. 4:31.
- ky'obubbi. 5:39.
- ky'obwenzi; 24:3
- ky'okuwaayiriza abakazi abeekuumi. 24:5.
- kiggyibwawo lwa kwenenya. 5:40; 8:34; 25:70-72.
- —kiba kya kulabirako era kya kuyiga eri abalala. 2:67.
- kyaggyibwa ku bantu ba Yünus. 10:99.

Allah akiggyawo olw'ekisa kye. 7:157. KIGENDERERWA KY'OBULAMU

— kwe kutegeera Allah n'okusisinkana naye. 6:32; 10:46; 30:9; 84:7; 89:28,29.

KIJJULO (MĀIDAH)

'Isa (a.s) asaba ekijjulo. 5:115.

KITĀBO NNYINĀ W'EBITABO (UMMUL-KITAB)

Kur'āni ye Nnyina w'Ebitabo. 3:8; 13:40; 43:5. Kur'āni kitabo kigulumivu, kijjudde eby'amagezi.

43.5

KIWUKA KY'OMU NSI

— ekyalya omuggo gwa Sulaimāni. 34:15.

— ekilissa ebiwundu ku bantu (AIDS). 27:83.

KKUBO EGGOLOKOFU

Engeri y'okulisaba. 1:6.

Nabbi Muhammad yalung'amizibwa eri ekkubo eggolokofu, 6:162; 36:5; 43:44.

Nabbi Muhammad alung'amya eri ekkubo eggolokofu. 14:2; 23:74; 42:53.

Kur'āni elung'amya eri ekkubo eggolokofu. 5:16,17.

KUBIKKULIRWA

kuweebwa ba Nabbi oluusi n'abatali ba Nabbi.4:164, 165; 5:112; 20:39; 28:8.

Buli bantu balina Omubaka 4:165; 10:48; 35:25; 40:79.

Buli Mutume aweebwa obubaka mu lulimi lw'abeggwanga lye. 14:5.

— kwa ngeri ssatu. 42:52.

— kukka ku mutima.2:98; 26:193-195; 53:11,12.

— kuwa obulung'amu, kusangula ebyonoono era kutereeza ensonga z'abakkiriza.2:39; 7:36; 14:2; 17:83; 41:45; 47:3.

— kufunibwa baweereza ba Allah abalondemu. 16:3

— kukyajja .41:31,32.

— kuyigiriza okufumiitiriza. 16:45.

— kwe kuyimiriddeko entegeka n'entambula y'obutonde bwonna,16:69.

KUBONERERA

 kusikiriza okuddirwamu kwa Allah n'ekisa kye. 2:161

kusoboka ekiseera kyonna. 3:89,90.

Musabe Allah okusonyiyibwa nga eno bwe mwenenya.11:4.

Allah asonyiwa ebyonoono byonna. 39:54.

kusaanye kuba kwa nnamaddala. 66:9.

Allah akkiriza okwenenya kw'abaweereza be. 9:104; 42:26.

Allah kw'asinzira okukyuusa ebibi by'abaddu be. 25:71.

okutuufu kuwerekerwa na bikolwa. 25:72.

— Allah kw'akkiriza. 4:18; 16:120.

Allah kw'atakkiriza, 4:19.

KUFA

— nga kiwa amakulu g'okuva mu bulamu buno obw'oku nsi. 19:24.

—nga kiwa amakulu g'obulumi n'okubonaabona. 14:18.

— nga kiwa amakulu g'otulo.39:43.

KUFIIRIRA ABŎONOONYI (ATONE-MENT)

Enzikiriza eno nkyaamu. 2:287; 6:165; 29:13; 35:19.

KUGERA KWA ALLAH (TAQDEER, i.e OKUGEREKA EKIGERO KYA BULI KIMU) Amakulu g'okugera. 7:35; 57:23,24. Allah buli kimu yakigerekera ekigero. 25:3; 54:50; 65:4.

Ebirungi biva eri Allah.4:79,80.

Buli mwoyo gwe guliba omusingo kw'ebyo bye gwakola.74:39.

Abakkiriza n'abatakkiriza bonna bayambibwa. 17:21.

KUGONDERA N'OKWEWAAYO

Allah akubiriza abakkiriza okumugondera n'Omubaka we, 3:133,173.

— eri Allah n'Omubaka we kulinnyisa omuntu mu madaala, 4:70.

— eri Allah n'Omubaka we kutuusa omuntu ku buwanguzi. 24:53.

Oyo agondera Mutume ddala aba agondedde Allah, 4:81.

Abakkiriza kibagwanira okugondera ab'obuyinza. 4:60.

Ababaka batumwa lwa kugonderwa. 4:65.

Abo abaagala Allah basaanye bagoberere Mutume. 3:32.

KUKUBAGANYA BIROWOOZO

Engeri y'okukubaganya ebirowoozo entuufu. 16:126; 22:4,9; 29:47; 31:21.

KUKULAAKULANA MU BY'OMWOYO

— Kulimu emitendera egifaanana n'egyokuku-laakulana kw'omubiri. 22:6,7.

Buli mutendera gw'okukulaakulana kw'omubiri gulina ogugufaanana mu kukulaakulana kw'omwoyo. 23:13-18.

KULANGA EBY'OMU MAASO

—kubaamu ekimu ku bibiri, mawulire ag'essanyu oba kulabula.18:57.

—okubaamu okulabula, kusoboka okukyuusibwa singa abantu beenenya.10:99; 43:50; 44:16.

—okutuukirira kwa kwo kwesigamizibwa ku bukwakkulizo bwa kwo.5:27.

Okufa kw'Omubaka tekukyuusa mu kulanga kwe. 13:41; 40:29.

KULUMIRWA ABANTU

— n'obuvunaanyizibwa bwe tulina gye bali. 4:37-41; 17:24-40; 25:64-73.

KUMANYA ('ILM)

Abamanyi n'abatamanyi tebenkana. 39:10; 40:39.

Abalina amagezi be bafumiitiriza. 2:270; 3:8; 13:20; 38:30; 39:10.

Okunoonya okumanya kya tteeka mu Busiraamu. 16:44; 96:2-6.

Okutambula olw'okunoonya okumanya. 3:98,138; 6:12; 16:37; 18:66,67; 27:70; 29:21. Abamanyi abatuufu be batya Allah. 35:29.

Allah asitula abamanyi mu madaala. 58:12.

Abakkiriza bakubirizibwa okuyiga Eddiini.9:122.

Mutume (s.a.w) yalagirwa okusaba okuweebwa obumanyi. 20:115.

Allah awa ba Nabbi obumanyi. 21:80.

Ba Nabbi basomesa ba nsi. 2:130,152; 3:165; 62:3.

Kur'āni Entukuvu ekubiriza okuyiga n'okwetegereza obutonde. 3:191,192; 10:6,7; 13:4,5; 16:11-17; 17:13; 35:28,29.

Kur'ān ekubiriza okuyiga ebikwata ku nsi ezitali zimu. 17:22; 22:46,47; 29:21.

Kur'āni ekubiriza okuyiga ebyafaayo ebikwaata ku nsi ezitali zimu. 12:112; 30:10; 33:63; 35:44,45; 40:22.

Omumanyi asobola okweyambisa obutonde. 17:71; 21:80-83; 45:13,14.

KUR'ĀNI ENTUKUVU

Ekigendererwa ky'okugissa empolampola mu bitundu. 17:107; 25:33,34

- esomebwa luvannyuma lwa kwewogoma eri Allah.16:99.
- bw'ebanga esomebwa, mugiwulirizenga.7:205.
- yadibya amateeka agaasooka. 2:207.

Erinnya lyayo eddala eyitibwa Kitabo. 15:2.

- by'ebiwandiiko ebitukuvu ebirimu amateeka ag'enkalakkalira. 98:3,4.
- elina obukuumi bwa Allah.2:3;4:83;15:10; 41:43;56:78-81;17:18;85:22,23.
- ewa amawulire ag'essanyu era elabula.19:98.
- kwe kubuulirira eri abo abatya Allah. 20:3,4.
- kwe kubikkulirwa okuva eri Omutonzi w'ensi n'eggulu. 20:5.
- eri mu Kitabo ekyekusifu. 56:79.
- y'eyawula ebirungi n'ebibi. 25:2.
- eyogerwako ne mu biwandiiko by'abaasooka. 26:197,198.
- elimu ekiwonya era kwe kusaasira eri abakkiriza. 10:58, 17:83, 41:45.
- ennyonnyola eby'okulabirako ebya buli ngeri. 18:55; 39:28; 59:22.
- ekubiriza abakkiriza ntakera okufumiitiriza n'okukozesa amagezi. 2:165,220,267;5:59,104; 6:51;13:5.
- ekubiriza okujjukira Allah nga tuyita :
- (i) Mu kwetegereza. 56:84-86.
- (ii) Mu kufumiitiriza. 2:220,267; 6:51.
- (iii) Mu kumujjukira. 13:29.
- (iv) Mu kukozesa amagezi. 16:13; 23:81.
- (v) Mu kunoonya okumanya. 9:112; 20:115; 29:44; 35:29.

- (vi) Mu bumativu bw'omwoyo. 7:199; 11:21; 28:73.
- (vii) Mu kwebaza. 14:8; 16:15; 23:79; 56:71. Okwemulugunya nti lwaki :
- (i) Kur'āni teyassibwa mulundi gumu? 25:33.
- (ii) Ekitabo tekyassibwa butereevu kuva mu ggulu? 17:94.
- (iii) Kur'āni teyassibwa ku muntu Ow'ettutumu? 43:32.
- —elimu Aya ennamuzi n'endala nga za nzivuunula za njawulo. 3:8; 39:24.
- —y'ennyanja y'ebyokuyiga eby'amazima n'obulung'amu. 18:110.
- —ewa ba Swahaba ba Mutume (s.a.w) ekitiibwa 80:17.

Ekigambo Kur'āni kitegeeza Ekitabo ekisomwa olunnye. 27:2.

- —ky'Ekitabo ekitangaaza, ekilung'amya mu makubo ag'emirembe. 5:16,17; 27:2.
- —tetuukwamu bya bulimba. 41:43.
- —elung'amya oyo yenna ayagala okukwaata ekkubo eggolokofu. 81:26-29.
- -ekuumibwa butiribiri. 85:22,23.
- ky'ekigambo ekisalawo. 86:14,15.
- elimu amateeka ag'enkalakkalira. 98:3,4
- eri mu bukuumi bwa Allah. 15:10.
- tewagira bakkiriza kubuuzabuuza ku buli nsonga. 5:102.
- teliimu kubuusabuusa. 2:3.
- bwe bulung'amu eri abatya Allah. 2:3.
- kwe kuwonya. 10:58; 17:83; 41:45.
- ettottola byonna ebyetaagisa mu bulamu bw'omuntu, ewa obulung'amu, kwe kusaasira eri abakkiriza. 10:58.; 16:90.
- ekubiriza kusinza Allah 2:22.
- ly'eggwanika ly'ebyamagezi elitakalira. 18:110;31:28.
- ky'ekyokulwanyisa ekisinga byonna mu kubuulira amazima. 25:53.
- tegerageranyizika, teri kitabo kigifaanana. 2:24; 10:39; 11:14,15; 17:89; 52:35.
- yassibwa mu kiro eky'ekitiibwa.44:4;97:2-6.teriimu bitatabagana. 4:83.

KUR'ĀNI, OKULANGA OKULI MU

Okusenguka kwa Mutume okuva e Makka n'okukomawo kwe. 17:81; 28:86.

Olutalo lw'e Badr n'obuwanguzi bw'Abasiraamu. 2:211;3:14,124;8:8-13,18; 32:30.

Amawanga ga Buwarabu okukkiriza Obusiraamu. 56:4-7.

Obwakabaka bwa Byzantine okuwangula obwakabaka bwa Persia n'oluvannyuma Abasiraamu ne bawangula Byzantine. 30:3-5.

Abayudaaya okusenga mu Palestine. 17:105. Abasiraamu okusikira Ensi Entukuvu omulundi ogwokubiri. 21:106-107.

Gog ne Magog n'ebibakwatako. 21:97-105. okusisinkana kw'ennyanja ebbiri i.e Emikutu gy'e Suez ne Panama. 55:20,21; 82:4.

Ebyombo ebigulumivu ku nnyanja. 55:25.

